



EQUIPPING CHURCH LEADERS
• EAST AFRICA •

EKKANISA: OBUTONDE, OMULAMWA, N'EBIGENDERERWA

Ekya

Jonathan M. Menn

B.A., University of Wisconsin-Madison, 1974

J.D., Cornell Law School, 1977

M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007

Equipping Church Leaders East Africa, Inc.

714 S. Summit St., Appleton, WI 54914

+1-920-2846841 (mobile and WhatsApp)

jonathanmenn@yahoo.com

www.eclen.net

Kyafulumizibwa mu Muzigo 2017; kyaddamu okuterezebwa mu, Kasambula wa 2017 ne mu Mutunda wa 2021

Ekkansa ky'ekitongole kyokka Yesu kye yatandikawo. Kkansa si kitongole butongole: naye gwe “mubiri gwa Kristo gwennyini”—era ekifaananyi mwe tulabira Kristo yennyini ku nsi. N'olwekyo, kkanisa ya mugaso nnyo. Ekitabo kino kinnyonnyola embala y'ekkanisa, obulombolombo bwayo, enteekateeka, obukulembeze, n'enzirikanya y'emirimo omuli (enneeyisa y'omu kkanisa, okubatiza, n'ekyeggulo kya Mukama waffe). Ekitabo kino era kinnyonnyola emiramwa n'ebigendererwa ebina ebikulu eby'ekkanisa omuli: okusinza; obuyigirizwa; okubuulira; n'obumu (okukolera awamu). Omuwandiisi afundikira ng'atunnyonnyola ebikozesebwa mu buyigirizwa n'amasomo agasangibwa ku bwereere ku mutimbaganano.

ENDAGIRO

I. <u>Ekkalisa: Ennyanjula</u>	3
A. <i>Kkanisa ebunye wonna ate ng'eriko okukugirwa, terabika ate ng'erabwa</i>	3
B. <i>Okugeraageranya mu Bayibuli eza, n'ennyinyonyola ezikwata ku, kkanisa</i>	4
C. <i>Engeri ez'enjawulo ez'ekkanisa</i>	5
II. <u>Ekkalisa: Ekikula kyaayo, Entekateeka, Obukulembeze, n'Enzirukanya y'emirimo</u>	6
A. <i>Entekateeka y'ekkanisa n'ennambika y'obukulembeze</i>	6
B. <i>Obukulembeze mu kkanisa</i>	9
C. <i>Okukangavvula kw'ekkanisa</i>	10
D. <i>Okubaliza n'Eky'eggulo kya Mukama waffe</i>	12
III. <u>Ekkalisa: Emiramwa n'Ebigendererwa byayo—Ennyanjula</u>	18
A. <i>Ekkalisa eriwo olw'kisa kya Katonda olw'ekitiibwa kya Katonda</i>	18
B. <i>Obulamu bw'Ekikristaayo—era n'obulamu bw'Ekkalisa—bujjudde</i>	18
C. <i>Katonda akugulumizibwa olw'Okukkiriza kwaffe ekirabikira mu bikolwa byaffe eby'okwagala eri Katonda ne bannaffe</i>	18
D. <i>Emirimu n'ebigendererwa eby'ekkanisa ebina ebikulu</i>	20
IV. <u>OKUSINZA</u>	20
A. <i>Okusinza okusingira ddala kuva mu mutima munda ne kusaasaanira omubiri gwonna so si kungulu</i>	20
B. <i>Okusinza kugazi ddala (gamba, okwesiga Katonda n'okumuweereza mu bulamu bwaffe bwonna) nga tetwerekeddeyo (gamba, bwe twetaba wamu mu mubiri gumu okusinza Mukama)</i>	20
V. <u>OBUYIGIRIZWA</u>	21
A. <i>Okwesigama ku byawandikibwa</i>	22
B. <i>Omusingi gw'obuyigirizwa: enjiri</i>	22
C. <i>Ekinyusi ky'obuyigirizwa</i>	26
D. <i>Embala n'eneeyisa y'abayigirizwa abakakase</i>	30
VI. <u>Ensonga entongole mu kutendekebwa obulungi mu buyigirizwa</u>	34
A. <i>Ebibinja by'abayigirizwa</i>	35
B. <i>Engeri z'ebibinga by'abayigirizwa ebirungi</i>	36
C. <i>Enkola y'okufuuka abayigirizwa</i>	40
D. <i>Enkolay'Obuyigirizwa erina okuba nga yeekubisa mu yokka</i>	42
E. <i>Obuyigirizwa: Okufundikira</i>	43
VII. <u>Obuweereza mu Kkanisa</u>	44
A. <i>Obukulu bw'ekkanisa, naddala abakulembeze b'ekkanisa, kwe kutendeka n'okusobozesa abantu mu kkanisa okukola obuweereza bwabwe</i>	44
B. <i>Obuweereza buzingiramu abantu bonna mu Kkanisa, so si basumba bokka</i>	48
C. <i>Obuweereza mu kkanisa bulimu “obw'omubiri” ate era “n'obw'omwoyo”</i>	48
VIII. <u>OBUMINSANI</u>	52
A. <i>Emisingi gy'ebyawandikibwa</i>	53
B. <i>Ekkalisa eyayitibwa okufuula abantu abayigirizwa mu nsi yonna</i>	53
C. <i>Kkanisa yayitibwa okuba omujulirwa wa Kristo ng'ebeera ekyokulabirako n'okuweereza abantu okuyita mu kukola obulungi mu nsi</i>	54
IX. <u>Ensonga entongole mu kutumibwa okulungi</u>	57
A. <i>Okusobola okuba n'obutume obusingako, ekkalisa yeetaga okukyusa endowooza</i>	57
B. <i>Okusobola okuba n'obutume obusingako, ekkalisa yeetaga okukyusa omutindo gwayo eri ekkalisa etwalibwa okuba ey'omutindo</i>	60
C. <i>Okusobola okuba n'obutume obusingako obulungi, ebintu by'ekkanisa byetaaga kukozezebwa mu kubuulira enjiri</i>	62
D. <i>Ebyokulabirako by'obutume mu ebitundu</i>	64
X. <u>OBUMU (OKUKWATAGANA)</u>	65
A. <i>Obumu n' okukwatagana mu kkanisa buva ku mbala zaayo</i>	66
B. <i>Obumu n' okukwatagana mu kkanisa buva kw'ekyo Kristo kye yakola</i>	67
C. <i>Obumu n'okukwatagana mu kkanisa bikulu nnyo eri obujulirwa bwayo mu nsi</i>	67
D. <i>Obumu n'okukwatagana mu kkanisa birina okulagibwa ku mitendera gyonna—mu muntu ssekinnoomu;</i>	

<i>mu nkolagana munda mu Kkanisa y'omu kitundu; ne wakati w'amakanisa n'enzikiriza ez'enjawulo.....</i>	<i>67</i>
E. Obumu n'okukwatagana mu kkanisa birabikira mu ngeri nnyingiko.....	68
F. Obumu n'okukwatagana mu kkanisa bisoboka singa kkanisa ekola ekyo ky'eteekeddwa okukola.....	68
XI. <u>Kkanisa: Okufundikira</u>	69
<u>ESENGEKA Y'EBITABO</u>.....	69
<u>OMUWANDISI</u>.....	77
<u>OKUFUNDIKIRA 1—EBYAFAAAYO BY'ENZIKIRIZA: EBIFA KU KKANISA</u>.....	77
<u>OKUFUNDIKIRA 2—EBIKOZESEBWA N'AMASOMO GY'OBUYIGIRIZWA</u>.....	82

I. Kkanisa: Ennyanjula

- “Ekkkanisa si kizimbe. Kkanisa be bantu. . . . *Ekklesia*, ekigambo ky’Oluyonaani ekyakyusibwa mu Ndagaano Empya, tekitegeeza kizimbe buzimbe. *Ekklesia* kyali kitegeeza ekkunjaaniri Naye nga kisingawo ku kuba ekkunjaaniri; kino kitundu ky’abantu kipya. . . . Bwe tufuuka abagoberezi ba Yesu, Tufuuka bantu ba mu kkanisaye—era tolina bw’oyawukanya kusalawo kwaffe okw’okwemaliza ekkkanisa ku kwemaliza Yesu [soma **Mat 16:15-18; 22:36-40; 25:31-46; Bik 20:28; 1 Bak 12:12-27; Bag 6:10; 1 Yok 3:14; 4:19-20**].” (Colson 1992: 64-65)
- “Enjigiriza ya Bayibuli esingawo ku muntu okukyuka obukyusi olw’okwefunira ekifo mu ggulu. Kitegeeza okukyuka n’okkiriza Yesu nti ye Mukama. . . . Enjiri ekyusa emitima gyaffe, endowooza, n’ebyenfuna era n’etufuula abantu abalala. Bwe tukyuka, tukyuka ne tudda eri Yesu, kkanisa ne tukyusa n’ebigendererwa. . . . Okulemwa okukyuka ku lw’ekkanisa n’okulemwa okukyusa ebigendererwa, kiba kitegeeza nti enjiri tetwagitegeera.” (Dodson 2012: 108, 116)
- “Abantu okusobola okukungaana awamu mu nsi muno okugabana ekigambo kya Katonda n’okufuna amasakalamentu, kisa kya Katonda kubanga kino Abakulisitaayo abamu tebafuna mukisa guno. Abasibe, abalwadde, abaalekebawo, ababuulira enjiri mu bifo gye batasibuka babaayo bokka. Bakimanyi nti okukungaana awamu mukisa gwennyini.” (Bonhoeffer 1954: 18)

A. *Kkanisa ebunye wonna ate ng’eriko okukugirwa, terabika ate ng’erabwa*

Kkanisa mwana wattu ya nkulu bbiri, ebunye wonna ate nga mu kiseera kye kimu ekugiddwa. Ye, “omubiri ogw’abo olw’okufa kwa Kristo abatabaganye ne Katonda mu bulokozi ne bafuna obulamu obuggya. Esangibwamu abantu ab’ebiti byonna abali mu ggulu n’abali ku nsi. Wadde ng’ebunye wonna, ogisanga mu bibinja by’abakkiriza eby’omu kitundu ekyaanja engeri ze zimu ng’omubiri gwa Kristo okutwaliza awamu bwe gukola.” (Erickson 1998: 1044)

1. Kkanisa ebuna wonna. Ebitundu bingi mu Bayibuli biraga obutonde bw’ekkanisa ebunye yonna. Mu **Mat 16:18** Yesu yaagamba nti, “*Ndizimba ekkkanisa yange ku lwazi luno: so n’emiryango egi’Emagombe tegirigiyinza*.” Kristo ayogera ku kkanisa nti “yiyi” era agyogera mu bumu, si mu bungu. Era eky’okuba nti kkanisa ebunye wonna tukirabira mu byawandikibwa nga **Beef 1:22-23** (“*N’ateeka byonna wansi w’ebigerebye, n’amuteekawo okuba omutwe ku byonna eri ekkkanisa, guno nga gwe mubirigwe, mwe tumulabira Kamalabyonna*”); **Beef 3:10** (“*Amagezi ga Katonda amasukkulumu galabikira mu kkanisa eri abafuga n’aboobuyinza ab’om ggulu*”); **Beef 3:21** (“*Aweebwe ng’ekitiibwa mu kkanisa ne mu Kristo Yesu okutuusa emirembe n’emirembe egitaggaawo. Amiina*.”); **Beef 4:4** (“*Omubiri guli gumu*”); **Beef 5:23** (“*Nga Kristo bw’ali pmutwe gw’ekkanisa*”); **Beef 5:25** (“*Nga Kristo bwe yayagala ekkkanisa ne yeewaayo ku lwayo*”); soma ne **Bak 1:18, 24; Beb 12:22-23**.

2. Kkanisa eri na wano. Yesu ayogera mu ngeri y’ebye’ekitundu ku bikwatagana n’okukangavvula kw’ekkanisa. Omuntu yenna bw’asobya naye n’atatwala mutawaana kuwuliriza oyo gw’asobeza wadde n’abajulizi abaabaddewo, oyo aba ajjulidde “*kukolebwako kkanisa*.” Bayibuli erina awalala w’eyogererera ku kkanisa mu mbeera eya bulijjo, ka tugambe, kkanisa eziri eyo ewala, mu bibuga, n’ez’awaka. **Bik 9:31** eyogera ku “*kkanisa ezibunye wonna mu Yuda e Galiraaya n’e Samaliya*.” **Kub 1:4** ayogera ku “*kkanisa omusanvu ez’omu Asiya*” (soma ne **1 Kol 16:19**). **Bag 1:2** eyogera ku “*kkanisa ez’e Galatiya*.” **1 Kol 1:2** ayogera ku “*kkanisa ya Katonda eri mu Kolinso*.” **1 Bas 1:1** ayogera ku “*kkanisa y’Abasasselonika*.” **Bar 16:5; 1 Kol 16:19; Bak 4:15**; ne **Firemoon 2** bonna boogera ku kkanisa ez’awaka.

3. Kkanisa terabika ate erabika. Ekkkanisa ebunye wonna ku nkomerero terabika. Guno guli gutyo kubanga bannakkanisa eno “*obwa mmemba bwabwe buli mu ggulu*” (**Beb 12:23**), ne “*Mukama amanyi ababe*” (**2 Tim 2:19**; soma ne **Mat 7:21-23; Lukka 13:25-27**). Wayne Grudem ye akyogerako bw’ati: “Ekkkanisa eterabika y’eyo Katonda nga bwagiraba [ne] kkanisa erabika ye y’okunsi nga Abakulisitaayo bo bwe bagiraba” (Grudem 1994: 855, 856).

Kino kitegeeza nti kkanisa zino zombi *ziteekwa* okukwatagana ng abwe kisoboka: abakkiriza abatuufu be bateekwa okuba bannakkanisa eno ey’okunsi erabika, ate bannakkanisa eno erabika bateekwa okuba abalokolebwa ebya ddala. Eky’ennaku, ebyawandiikibwa n’ebiriwo kati bitulaga nti okukwatagana kw’ekkanisa zino zombi si kyangu. Awo nno, Yesu kye yava atulabula ku “*bannabbi ab’obulimba abajja gye tuli nga bambadde amaliba g’endiga naye nga munda misege*” (**Mat 7:15**; soma ne **Bik 20:29-30** [“*Nze (Pawulo) mmanyi ng abwe ndimala okuvaawo emisege emikambwe giriyingira mu mmwe, tegirisaasira kisibo; era mu mmwe mmwekka muliva abantu nga boogera ebigambo ebikyamye, okuwalula abayigirizwa ennyuma*”

waaabwe”]). Yesu era yanyumya ku lugero lw’ngaano ennungi n’eyomu nsiko (Mat 13:24-30, 36-43) nga kitegeeza nti kkanisa eritukuzibwa ku lunaku olw’oluvannyuma, kubanga Katonda yekka y’amanyi emitima gy’abantu (soma 1 Kol 1:10-13; 3:1-4; 5:1-7; 11:17-22; 1 Tim 1:3, 19-20; 4:1-3; 6:20-21; 2 Tim 2:16-18; Yuda 12-13; Kub 2:14-15, 20-21; 3:3-4, 15-17 ezinyonyola enjawukana, okwekutulamu, obukaba, n’enjigiriza enkyamu mu kkanisa ez’enjawulo). Olw’embeera eno, abakulembeze mu kkanisa kibagwanidde okwegendereza “ebibala” eby’obulamu bwabwe n’obwabali mu kkanisa (soma Mat 7:16-20; 21:43; Lukka 6:43-44; Yok 15:4-5; Bag 5:22-23; 1 Tim 4:15-16); ebitundu bya bayibuli “okulabula” byetaaga okubulirwa (okugeza, Mat 7:21-23; Makko 4:1-29; 1 Kol 6:9-10; Bag 5:16-21; Beef 5:5; Beb 2:1-14; 13:4; Yak 4:4; Kub 21:8); era ab’ekkanisa bonna beetaaga okuyigirizibwa obulungi mu njiri n’ebigendererwa by’enjiri ku ngeri gye tulina okutambuzaamu obulamu bwaffe. Kkanisa erina okukola kyonna ky’esobola okufaananya ba mmemba baayo nga Kristo.

B. Okugeraageranya mu Bayibuli eza, n’ennyinyonyola ezikwata ku, kkanisa

Endagaano empya erimu okugeraageranya okunnyonyola kungiko okukwata ku kkanisa:

- Okugeraageranya okw’eby’obulimi: Ennimito ya Katonda (1 Kol 3:9); Omuti Omuzeyituuni (Bar 11:17-24); Omuzabbibu gwa Katonda (Yok 15:1-5); Amakungula ga Katonda (Mat 13:1-30; Yok 4:35; 1 Kol 3:6-8).
- Okugeraageranya ku bulunzi: Endiga za Katonda (Lukka 12:32; Yok 10:15-16; 1 Peet 5:2-3).
- Okugeraageranya ku byobufuzi: Olulyo lwa bakabona, obwakabaka, oba ggwanga ddonde (1 Peet 2:5, 9; Kub 1:6; 5:10); omukago gwa Yisirayeri (Beef 2:12, 19); Yisirayeri wa Katonda (Bag 6:16).¹
- Okugeraageranya ku by’obuzimbi: Ennyumba ya Katonda, okuzimba yeekaalu, oba taberennankulo (1 Kol 3:9, 16, 17; 2 Kol 5:1; 6:16; Beef. 2:21-22; 2 Bas 2:4; Beb 3:3-6; 1 Peet 2:5; Kub 3:12; 7:15; 11:1, 19; 13:6); empagi n’omusingi eby’amazima (1 Tim 3:15).
- Okugeraageranya ku maka n’enganda: Omugole oba omukyala wa Kristo (2 Kol 11:2; Beef. 5:22-32; Kub 21:2, 9); Batabani oba abaana ba Katonda (Bar 8:14, 16; 9:26; Bag 3:26; 1 Yok 3:1-2); Abantu ba Katonda (Bar 9:25; Tito 2:14; 1 Peet 2:9-10); Ab’enju oba ab’omu maka ga Katonda (Mat 12:49-50; 2 Kol 6:18; Beef 2:19; 1 Tim 3:15; 5:1-2).²
- Okugeraageranya ku Mubiri: Omubiri gwa Kristo (Bar 12:4-5; 1 Kol 10:17; 12:12-27; Beef 1:22-23; 2:16; 3:6; 4:4, 12, 15-16; 5:23, 30; Bak 1:18, 24; 2:19; 3:15).

Okugeraageranya okusinga ku kkanisa kukolebwa ku by’obuzimbi, amaka n’enganda, n’okugeraageranya ku mubiri. Okugeraageranya kuno kwonna kukolebwa n’ebigendererwa. Nga Kristo bw’atayawuddwamu (1 Kol 1:13), n’omubiri bwe gutyo bwe guli n’omutwe gwagwo, abantu mu maka agamu balina obumu bw’otolabanga, omwami ne mukyalawe bassa kimu, bwe gatyo “n’amayinja ag’omusingi” ag’omu yeekaalu. Engeri zino ziggumiza okwagala n’okwewaayo kwaffe okw’oku ntikko eri n’obumu bwaffe obw’okulusegere ne Katonda ne Kristo. (Mat 6:5; Mat 22:37-38; Makko 12:29-30; Lukka 10:27-28) ate naffe ffekka na ffekka (Leev 19:18; Mat 19:19; 22:39; Makko 12:31; Lukka 10:27-28; Bag 5:14). Ekiva mu kunyikira kuno kwonna tutuuka ne tufaanana Kristo yennyini (Bar 8:29) “*mube batukuvu, kubanga nange [Katonda] ndi mutukuvu*” (Leev 11:44-45; 19:2; 20:7, 26; 1 Peet 1:15-16). Ekikulu mu kino kiri nti, ekinyusi ky’endagaano ya Katonda n’abantube kiri nti “*Nze nnaabanga Katonda waabwe, nabo banabanga bantu bange*” (Lub 17:8; Kuv 6:7; 29:45; Leev 26:12; Yer 7:23; 11:4; 24:7; 30:22; 31:1, 33; 32:38; Ezek 11:19-20; 14:10-11; 36:28; 37:23, 27; Kos 2:23; Zek 8:8; 13:9; 2 Kol 6:16; Beb 8:10; Kub 21:3).

Okugeraageranya kwonna ne nyinyonyola z’ekkanisa zirina ebigendererwa eby’omugaso: “Olw’okubanga kkanisa eringa amaka, tuteekwa okwagala ennyo n’okunyweza obumu mu ffe. Endowooza egamba nti ekkkanisa eringa omugole wa Kristo etuyambenga bulijjo okuba abatuukirivu era abatukuvu, n’okwagala Kristo era n’okumwemaliza. Ekifaananyi ekitusiigirwa ku kkanisa eky’amatabi g’omuti kituyambe okuwummulira ddala mu Kristo. Okugeraageranya ku birime kutuyambenga bulijjo okukula mu

¹Kkanisa nga Yisirayeri omupya, omutuufu, ow’omwoyo erabibwa mu ngeri nnyingi. Okugeza, endagaano empya yeeyambisa endagaano enkadde, amateeka, obubonero, n’obunnabbi obwali bwekuusa ku Yisirayeri ne babukozesa mu kkanisa. Ebisingawo ku kkanisa okuba nga ye Yisirayeri omuggya, omutuufu, ow’omwoyo bisange mu kitabo kyange kye nnatuuma Menn 2016: 49-59.

²Dhati Lewis points agamba nti, “Mu bigambo byonna n’ebifaananyi wamu n’okugeraageranya ebyeyambisibwa okunnyonyola ekkkanisa, ekikyakize ge maka. Eky’amazima, amaka gafaananira ddala kkanisa era tegasaana kulabibwa ng’okugeraageranya. Okugeraageranya kukolebwa ku bintu ebiringa oba ebyefaaanyiriza ekkkanisa—ekitangaala, ekisibo, ennimito, ekizimbe—naye amaka goo si kugeraageranya; kunnyonyola kutuufu okw’ekigambo kkanisa kye tumanyi.” (Lewis 2015: n.p.; era kkanisa tusobola okugiyita abaana oba abantu ba Katonda)

bulamu bw'Ekikulisitaayo tusobole okukula n'okukuza bannaffe. Ekifaananyi ky'ekkanisa okufaananyirizibwa yeekaalu ya Mukama empya kitujjukizenga bulijjo okubeerawo kwa Katonda wakati mu ffe. Eky'okufaananyiriza kkanisa nga obwa kabona kituyambenga okulaba okubeerawo kwa Katonda mu ssadaaka ez'amatendo n'ebikolwa ebirungi bye tumuddiza (soma Beb. 13:15-16). Okugeraageranya kkanisa ku mubiri gwa Kristo yandibadde eyongerera okwagalana kwaffe n'okusiima ebirabo eby'enjawulo ebiri mu mubiri."

C. Engeri ez'enjawulo ez'ekkanisa

Akatundu akasembayo mu Nzikiriza ya Nicene-Constantinople (AD 325/381) kagamba nti, "Nzikiriza eklezia y'abatume katulika emu emutukuvu."³ kino kiraga engeri nnya ez'enjawulo ez'ekkanisa entuufu mu nsonga zaayo ez'ensi yonna n'ez'omu kitundu. Kkanisa yakula bw'eti: (1) eri emu; (2) ntukuvu; (3) nkatulika (oba gamba i, ebuna wonna); ate nga (4) y'abatume.⁴

- **Obumu.** Obumu bwe bulaga obutonde bw'ekkanisa ebunye wonna so nga terabika (nga bwe tulabye waggulu). Kyokka era, obumu buno tubulaba ne mu kkanisa eno erabika nga bwe guli mu **Beef 4:4-6:**⁴ *Waliwo omubiri gumu n'Omwoyo gumu, ng'era bwe mwayitibwa mu kusuubira kwammwe.*⁵ *Omukama omu, okukkiriza kumu, okubatiza kumu,*⁶ *Katonda omu era Kitaawe wa bonna asukkulumye bonna, ali wonna era mu byonna.* Bino bye bintu Abakulisitaayo bonna n'ekkanisa zonna entuufu bye zifaananya. Eky'enaku, mu kkanisa eno eya bulijjo erabwa, obumu kwasikizibwa enjawukana ezifumbekedde mu bibinja ebinene ebya makkanisa (enjawukana ey'amaanyi yagwawo eyo nga mu mwaka gwa 1054 wakati w'Abasoddokisi ab'omu bukiiko ddyo n'ekkanisa z'Abakatuliki kw'oteeka n'okuddizibwa obuggya okw'omu myaka gya wakati w'Abapulotesitante n'Abakatuliki ab'e Ruumi) n'enjawukana olw'enzikirikiza ate ne mu kkanisa munda mwenyini.
- **Obutukuvu.** Obutukuvu bujja lwakuba nti ebibi by'Abakulisitaayo byatwalibwa okufa kwa Kristo, era kaakano n'Omwoyo Omutukuvu atuula mu bakkiriza. Tulina "kuba batukukuvu" kubanga ne Katonda naye mutukuvu, ("*Nange [Katonda] ndi mutukuvu*" (**Leev 11:44-45; 19:2; 20:7, 26; 1 Peet 1:15-16**). Kyokka mu bulamu buno, tewali n'omu atuukiridde, era mulimu ebisusunku mu ngaano n'emisege mu ndiga mu kkanisa eno erabika.
- **Obukatulika (okubuna wonna).** Mu ndagaano empya, abantu ba Katonda tebakyali mu ggwanga limu lyokka erya (Yisirayeri) naye kaaakano babunye "mu buli kika na buli lulimi ne mu buli bantu era ne mu buli ggwanga" (**Kub 5:9; soma ne Kub 7:9**). Kkanisa kaakano ziri mu buli kitundu eky'ensi eno.
- **Y'abatume.** **Beef 2:20** agamba nti kkanisa "*ezimbiddwa ku musingi gw'abatume ne bannabi, nga Kristo yennyini ly'ejinja ery'omu nsonda.*" **Kub 21:14** era nawo wagamba nti "*ekisenge ky'ekibuga [Yerusalemi omuggya] n'amayinja ag'omu musingi ekkumi n'abiri, ku go kwe kwawandiikibwa amannya ekkumi n'abiri ag'abatume ekkumi n'ababiri.* Kkanisa ezimu (naddala ez'Abakatuliki ab'e Rooma, Abasoddokisi, n'Abapoto Abangirikaani) zisimba nnyo essira ku *ky'abasika b'abatume*, okugeza, Peetero n'abatume abalala abasooka balonda abasika baabwe, enkola eno ebase egererwa n;okutuusa leero.⁵ Amakanisa amalala agasinga obungi (Abapotesitanti n'abaPentekooti) gagoberedde obukulembeze bwa Luther ne Calvin, mu kuggumiza okwewaayo eri amazima g'abatume ng'obubonero obw'enjawulo obw'ekkanisa entuufu, Ekigambo kya Katonda kisomesebwa n'amasakramentu okuweebwa obulungi. Bwekityo, okwatula Augsburg ekyakubwa mu 1530 (ekiwandiiko ky'okukkiriza kw'abalokole) kwannyonyola kkanisa nga "y'abatume" "ebuulira enjiri mu butuufu bwayo n'okuwa amasakalamentu." (Augsburg 1530: Art. 7). John Calvin mu kitabo kye kyeyatuuma *Institutes of the Christian Religion mu ngeri y'emu agamba nti* "Bwe tulaba ng'ekigambo kya Katonda kibuuulirwa bulungi era ne kiwulirwa bulungi, n'amasakalamentu ne gaweebwa nga Yesu bwe yalagira, awo, awatali kuwannaanya, tukimanya nti kkanisa ya Katonda weeri" (Calvin 1960: 4.1.9).

³ Ekigambo "katulika" kitegezeza "ekibuna wonna," era kiteekwa okwawulwa ku Ekelezia y'Abakatuliki abe Ruumi. "Obukatoliki" ky'ekigambo okutwalira awamu ekikizesebwa okumala emyaka nga 1000 egyasooka mu byafaayo by'ekkanisa okunyonnyola enzikiriza y'ekikristaayo ey'obusodokilisi, naddala enzikiriza eyo etegezebwa mu Nzikiriza y'ensi yonna era n'ekulaakulanyizibwa mu nkiiko z'abantu bonna.

⁴ Timothy George ayogera ku nsonga zino ennya ez'ekkanisa mu kiwandiiko *Christianity Today* ekituumiddwa, "What I'd Like to Tell the Pope About the Church," ekisangibwa ku mutimbagano (George 1998).

⁵ Michael Holmes alaga nti, "Okuwoza nti abalabirizi bano n'abaasooka bayinza okulondolebwa emabega mu lujegera okutakutuse okutuuka ku batune bennyini kirabika bikiikirira kaweeefube eyakilebwa oluvannyuma lw'ensonga okulaga obutuufu bw'enkulaakulana empya mu nteekateeka y'ekkanisa abalabirizi bano ab'obwakabaka gye bakiikirira. . . . Kyewuunyisa nti Ignatius [Omulabirizi we Antokia; eyafa mu AD 110] awa ensonga y'eby'eddiini ku buyinza n'ekifo ky'omulabirizi era tagisinziira, nga Clemente ow Ruumi ow'omulembe gwe kumpi [Omulabirizi we Ruumi; eyafa mu AD 99] bw'akola ku ndowooza ow'okisikira kw'abatume." (Holmes 1989: 9, 81)

Obubonero bw'ekkanisa buno obubiri—okusomesa ekigambo kya Katonda n'okuwa amasakalamentu mu butuufu bwago—byombi bikulu nnyo: “Mu ngeri y'emu ekigambo kya Katonda bwe kitabuulirwa, naye enjigiriza z'abantu obuntu oba n'ezo enkyamu nga ze ziriwo, awo tewaba kkanisa ntuufu. Emirundi egimu tuyinza okukaluubirirwa okusalawo ddi lwe tulina okuwandukulula ekkanisa eyigiriza enjigiriza enkyamu mw'ezo entuufu, naye era tulina engeri nnyingi we tuyinza okugambira nti eyo si kkanisa ntuufu. . . . Akabonero k'ekkanisa ak'okubiri, ak'okuwa amasakalamentu mu ngeri entuufu (batisimu ne ukalisitiya) gaatekebwawo olw'okuwakanya Abakatuliki Abaruumi abaalina endowooza nti ekisa kyatuweebwa nga mu masakalamentu nti era kye gaava gatekebwawo 'olw'okutuweesa' obulokozi. Mu ngeri eno, kkanisa y'Abakatuliki yo yali ekalambira ku kya bisale mu kifo ky'okusomesa okukkiriza ng'ekisaanyizo eky'obulokozi. Naye waliwo n'ensonga endala efuula amasakalamentu akaboneri ka kkanisa. Ekitongole kyonna bwe kitandika okubatiza n'okusembera, kiba kigenda mu maaso era kiba *kigezaako okukola ng'ekkanisa* [obutafaananako, okugeza, n'ekitongole ekibuulizi ky'enjiri]. . . . Okubatiza n'okusembera nabyo bikolanga 'endagiriro' y'ekkanisa. Okubatiza y'engeri ey'okuyingizaamu abantu mu kkanisa, ate okusembera y'engeri abantu gye balagamu nti bakyali bannakkanisa.” (Grudem 1994: 865-66).

Abamu ku batereza baayongerako akabonero ak'okusatu ak'Ekkanisa entuufu ng'oggyeeko eky'okubuulira enjiri entuufu n'okuwa amasakalamentu mu ngeri entuufu, nga ke k'okukwatisa empisa mu kkanisa. Kino kyayogerwako mu ndagaano eyamanyibwa ennyo nga Scots Confession (1560) n'ey'e Bubirigi gye baatuuma Belgic Confession (1561): “Okusooka, okubuulira ekigambo kya Katonda mu ngeri entuufu, mu Mukama kye yeeraze gye tuli, ng'ebyawandiikibwa bannabbi n'abatume bwe bigamba; ekyokubiri, okuwa amasakalamentu ga Kristo mu ngeri entuufu, bino bye tulina okukwanaganya ekigambo kya Katonda n'ekisuubizo okubisiba n'okubikumira ku mitima gyaffe; n'ekisembayo, okukwatisa obulungi empisa mu kkanisa, ng'ekigambo kya Katonda bwe kigamba, ebibi birekebe ate eburungi bitinte.” (Scots 1560: Art. 18) “Obubonero, kwe tulabira ekkanisa entuufu, bwe buno: enjiri bw'eba ebuulirwa mu butuufu bwayo; bw'eba ewa bulungi amasakalamentu nga Kristo bwe yagamba; empisa bwe ziba nga zitwalibwa ng'ekikulu nga tewali kubikkirira kibi: mu bufunze, ebintu byonna bwe biba nga bikolebwa ng'ekigambo kya Katonda bwe kigamba, ebintu byonna ebikontana n'enkola nga biterezeddwa, era nga ne Yesu y'aweewba ekifo eky'okuntikko mu kkanisa.” (Belgic 1561: Art. 29)

II. Ekkanisa: Ekikula kyaayo, Enteekateeka, Obukulembeze, n'Enzirukanya y'emirimo

A. Enteekateeka y'ekkanisa n'ennambika y'obukulembeze

Bayibuli ng'ewandikibwa, kkanisa yali yakatandika.⁶ Abatume abaasooka (ekkumi n'ababiri) baali bakyaliwo. N'ekirala, ebbaluwa z'endagaano empya ezimanyiddwa ng'ebbaluwa “ez'oluusi n'oluusi” ekitegeeza nti, zaawandiikibwa eri amakanisa oba abantu ssekinnoomu olw'okwagala okugonjoola ensonga ezaali zibagulumbya emitwe. Newankubadde nga waliwo we tulaba nga boogera ntegeka y'ekkanisa, Bayibuli terina nnambika ya nkomeredde ku ngeri bintu gye binaakolebwamu mu kkanisa. N'ekirala, ebintu mu kkanisa wonna mu ttwale ly'e Rooma byalina enjawulo; Ebitundu ebimu byalimu okuyigganyizibwa, ate nga mu birala teri buzibu; kkanisa ezimu baasisinkananga mu maka g'abantu, ate ezimu nga z'abantu bangi; endala nga ziri mu bibuga, ate n'endala nga ziri mu byalo; kkanisa eyasookera ddala mu Yerusalemi okusinga yalimu Bayudaaya, n'endala nnyingi mu ttwale lyonna zaali z'Abamawanga. N'ekisembayo, mu byafaayo by'ekkanisa yonna entegeka n'ennambika ez'enjawulo zizzenga zikolebwa, era n'enzirukanya y'emirimo n'obukulembeze bizze bikyuka.

Bayibuli erambika ebifo oba emitendera gy'obukulembeze emikulu ebiri mu kkanisa ey'endagaano empya. Ebigambo by'Oluyonaani ebitegeeza omutendera ogw'oku ntikko ogw'obukulembeze bw'ekkanisa bye bino *episkopos* kivvuunulwa nti “omusumba” oba “omulabirizi” n'ekirala *presbuteros* ekivvuunulwa nti “omukadde.” Ebigambo byombi bino byagala okufaananya amakulu era bikozezewa kye kimu (soma **Bik 20:17, 28; Tito 1:5,7**). Bano be bantu okutwalira awamu abateekawo enkola era beenyigira mu buweereza bw'Ekigambo (okubuulira, okusomesa, okubudaabuda, okuyigiriza, okugunjula, n'ebirala).

Waliwo enkola ekwatagana ennyo ey'abakadde mu bungi ng'ekibiina ekikulu ekifuga mu Makanisa g'ndagaano empya” (Grudem 1994: 912). Buli ekigambo kkanisa lwe kyogerwako mu kitabo ky'Ebikolwa by'abatume, era na buli Pawulo ne banne lwe baatandikanga ekkanisa, bulijjo balondanga abakadde abawera (soma **Bik 11:30; 14:23; 15:2-6, 22-23; 16:4; 20:17-18; 21:18; Tito 1:5**). Mu **1 Tim 5:17** ne **Yak 5:14**

⁶ Kyokka ate abayizi abasinga bakikkiriza nti Endagano Empya yamalirizibwa eyo mu myaka AD 95-96 (kitwale nti, nga wayiseewo emyaka nkaaga mw'etaano 65 nga Yesu afudde), John A. T. Robinson atulaga nti endagaano empya yamalirizibwa nga yeekaalu tennamenyebwa mu mwaka gwa 70 nga Yesu ajenze, kino ne kitegeza nti, endagaano empya yamalirizibwa mu myaka ng'ana oba n'obutagiweza nga Yesu ajenzeh (soma Robinson 1976).

“abakadde” kiri mu bungi. Ky’ekimu ne, mu **1 Tim 4:14** Timoseewo bbwe yalondebwa okuba “bwanamukulu” (“olukiiko lw’abakadde”) ne lumussaako emikono. Eyo y’ennambika ya Bayibuli ey’abakulembeze b’ekkanisa: abakulembeze abawerako so si muntu omu. Obukulembeze obw’abantu abangi bulaga nti okusinzira ku Bayibuli, Abakulisitaayo bonna batwalibwa okuba ba “kabona” mu maaso ga Katonda (**1 Peet 2:5, 9; Kub 1:6**). Era kyoleka amagezi ga Bayibuli nti, “*mu bateesa ebigambo abangi mwe muli obuwanguzi [oba, amagezi]*” (**Nge 11:14; 26:4**) ng’era “*n’ekyuma bwe kiwagala ekyuma, n’omuntu awagala amaaso ga munne*” (**Nge 27:17**).

Okuba n’abakadde abawerako kiba kirungi. Buli omu alina ebirabo eby’enjawulo n’obusobozi obw’enjawulo—naye era balina obunafu n’obuteesobola obw’enjawulo. N’olwekyo, omuntu omu tasobola kukulembera kkanisa yekka. Abakadde abawera bavunaanyizibwa buli omu ku munne mu nneeyisa, mu by’omwoyo, n’eby’ensimbi. N’ekirala, singa obukulembeze bw’ekkanisa bwonna buba ku mutwe gw’omuntu omu, bw’afuna obuzibu ekkanisa yandisaanawo. Tulina okukijjukira nti kkanisa teriiwo ku lwaffe, eriwo ku lwa Kristo. Kkanisa mubiri gwe, naye si gyaffe. Tulina okukakasa nti abakazi n’abasajja abakulembera ekkanisa balina ebisanyizo (**1 Tim 3:1-13**). Mu ngeri eyo, ekintu kyonna bwe kituuka ku musumba oba omukulembeze omulala yenna, ekyo kireme okulemesa kkanisa okugenda mu maaso, kubanga yazimbirwa ku musingi omunyewu ogw’obukulembeze.

Ekgambo omusumba kirabika omulundi gumu gwokka mu Ndagaano Empya. Kiva mu Oluyonaani *poimēn* mu **Beef 4:11** egamba nti, era “*ye yawa abamu okuba abatume, era abamu okuba bannaabbi, era abamu okuba ababuulizi, era abalala okuba abasumba era abasomesa.*” Grudem ateegeza nti, olunyiriri luno osanga lusinga kuvvuunulwa nga,” omusumba –omusomesa (ekibinja kimu) okusinga “abasumba n’abasomesa” nga bayeesa ebibinja bibiri) olw’okuzimba kw’Abayonaani (Ibid.: 913). Okusingira ddala, buli kibinja ekyogerwako mu lunyirir kikulemberwa ne “abamu okuba” naye tewali “abamu okuba” kikulembedde basomesa mu kifo ky’ekyo, abasumba n’abasomesa bakunjaanyizibwa mu kibinja kimu. Okwangerako, “abasumba n’abasomesa” kirina “nakayunga eraga ekintu kimu ekikakafu nga ekulembera amanya abiri agagattibwa *kai* (‘ne’), enzimba bulijjo mu Luyonaani eraga nti amannya gombi gatunuulirwa omuwandiisi mu bumu mu ngeri emu oba endala.” (Ibid.: 913n.13). Grudem amaliriza nga agamba,” Akakwata akaliwo mu kusomesa kalaga nti abasumba bali bamu (oba mpozzi bonna) ku bakadde abagenda mu maaso n’omulimu gw’okusomesa, kubanga ekisanyizzo ekimu eky’okubeera omukadde kwe kuba, “n’obusobozi okusomesa” (1 Timoseewo. 3:2)” (Ibid.).

N’ekirala, ekgambo *poimēn* kye kivvuunulwa nti “omusumba,” era kikozezebwa *poimēn* (*poimainō*) kutegezeza bakadde ba kkanisa nga bwe kiri mu **Bik 20:28** (“*omusumba w’ekkanisa ya Katonda*”) ne **1 Peet 5:2** (“*omusumba w’ekisibo kya Katonda*”). Bino byonna bitegezeza nti, mu ndagaano empya, “omusumba” yenkana “n’omukadde.”

Omutendera ogw’okubiri ogw’obukulembeze mu kkanisa ogw’ogerwako mu Ndagaano Empya gwe gw’abadinkoni. Yaffiisi y’obudinkoni etandikira mu **Bik 6:1-7**. Omulimo gw’abadinkoni omukulu kwe kuyamba, okuweereza, n’okulabirira abakkiriza. Ekgambo “omudinkoni” kisibuka mu ky’Oluyonaani *diakonos* ekitegeeeza abaweereza abalala, abayambi, abammyuka (soma Danker 2000: 230-31).

Okumala ekiseera, ennambika ku bukulembeze bw’ekkanisa buzze bukyuka oba bukyuse. Mu mwaka gwa AD 55-65 “ennambika ez’enjawulo ku bukulembeze obw’omunda (okukungaana, obwa bwana mukulu, obwa ssaabasumba) byonna bigezeseddwa” (Holmes 1989: 5). Awo nga mu myaka gy’e AD 60-80 waaliwo kaweeefube “ow’okutereza n’okukyusa obukulembeze mu kkanisa. Ensonda ezikyaliyo tezitegeerekeka bulungi ku sipiidi entuufu n’obunene bw’enkyukakyuka, naye emitendera egyasooka mu kkubo eryo gyeyolekera mu kiseera kino naddala mu bbaluwa za Ignatius [Omusumba w’e Antiyookiya, eyafa mu mwaka gwa AD 110]. Ekkanisa zonna ezirina akakwate ku Pawulo omutume agasinga obungi gaali galabirirwa ensengeka ey’emirundi ebiri nga mulimu abakaadde/ abalabirizi (‘abalabirizi’) n’abagyankoni, tusanga mu Kkanisa z’e Ignatian ensengeka ey’emirundi esatu nga mulimu omulabirizi omu nga wansi we waliyo abakadde n’abadyankoni.” (Ibid.: 9) Emitendera emikulu esatu egy’obukulembeze mu kkanisa egy’olulango egimanyiddwa gye gino: (1) olukiiko lw’abasumba; (2) ba bwana mukulu; (3) n’obukulembeze obw’abagoberezi:

1. Olukiiko lw’abasumba. Erinnya lino liva mu ly’Oluyonaani *episkopos* (“omulabirizi” oba “omusumba”). Kino kye kifo ky’obukulembeze ekisinga obukulu mu kkanisa. Ekifo kino kiriko emitendera emikulu esatu egy’obukulembeze: abalabirizi, abakadde (omuli abasumba ne ba kabona), n’abadinkoni. Ennambika y’obukulembeze ey’ekikula nga kino egoberera ey’abatume etumbula obumu era erwanyisa enjawukana ezitera okuva ku bagobeezi. Enteekateeka y’obukulembeze eno ye yassokera ddala mu byafaayo by’ekkanisa; okugeza, Ignatius yafuuka omusumba w’ekkanisa ye Antiyookiya eyo ng’ekyasa ekisooka gye kyatandikira. Ensonga eno yayogerwako ne mu lukiiko lw’e Yerusalemi era erwanyisa enjawukana ezitera okuva ku bagobeezi. Enteekateeka

y'obukulembeze eno ye yassokera ddala mu byafaayo by'ekkanisa; okugeza, Ignatius yafuuka omusumba w'ekkanisa ye Antiyookiya eyo ng'ekyasa ekisooka gye kyatandikira. Esonga eno yayogerwako ne mu lukiiko lw'e Yerusalemi **Bik 15**; Yakobo ye yakubiriza olukiiko, bwe yamala okuwuliriza obujulizi, n'ayanukula era n'awa "n'ensala yange" (**Bik 15:19**). Ekyo kiraga ekifo eky'okuntikko okusinga abakadde b'ekkanisa z'omu kitundu. Yo Eklezia y'Abakatoliki ab'e Rooma ensonga eno egitwala nga nkulu nnyo, anti Paapa ye mukulembeze ow'oku ntikko alamula Eklezia katolika yonna, n'addirirwa ba kalidinaali, abasumba, ne ba faaza.⁷

2. Obwa bwana mukulu. Erinnya lino liva mu ly'Oluyonaani *presbuteros* ("omukadde"). Ennambika y'obukulembeze eno erimu emitendera ebiri: abakadde n'abadinkoni. Abakadde bayinza okuba "abakulembeze" oba "abayigiriza" (abasumba) (soma **1 Tim 5:17**). Wayinza okubaawo bwana mukulu ng'akulembera ekitundu ekinene ko, ka tugambe ekkansa etwala amakanisa ag'enjawulo mu kitundu ekyo. Ennambika eno ey'obukulembeze eva mu ndagaano empya (ng abwe tulabye waggulu) ng'abakadde bakulembera ekkansa nga bayambibwako abadinkoni. Bwana mukulu okuba n'obuyinza ku kkanisa eziri mu kitundukye kiviira ddala eri mu lukiiko lw'e Yerusalemi (**Bik 15**) tulaba kkanisa mu Antiyookiya ng'eweereza ababaka (Pawulo, Balunabba, n'abalala) e Yerusalemi (**Bik 14:26-15:3**), era bwe lutyo olukiiko lwayisa etteeka ery'okugoberera, nga naye si kiragiyo. Bwana mukulu "eyasinga mu bonna" ye Yak. mu lukiiko, kuba, yakubiriza olukiiko n'alaga n'ebisaliddwawo, naye ng'okusalawo kuno kwali kw'abakiise bonna ab'olukiiko (soma **Bik 15:22, 25, 27, 28; 16:4**).

3. Ennambika ey'abakkiriza okwekulembera. Bannakanisa wano be beerondera abakulembeze baabwe, ebiseera ebisinga omukadde omu (omusumba) n'abadinkoni abawerako, oba omusumba (ali ku ddaala "ery'omusomesa oba omukadde" mu nnambika eya bwana mukulu), abakadde abawerako (abali ku ddaala "ly'abakadde abakulembeze" mu nnambika eri eya ba bwana mukulu), era n'abadinkoni abawerako. Mu nnambika eno ey'obukulembeze mu kkanisa, kkanisa ey'ekitundu, y'eba n'enkizo so si ssaabasumba oba bwana mukulu, ababeera ku bufuzi obw'oku ntikko. Obuyinza obw'enkomeredde bubeera eri bannakkanisa, neewankubadde nga mu kkanisa ezimu ezirina enkola eno, obuyinza obw'enkomeredde babukwasa musumba oba abakadde. Obukulembeze obw'ekikula kino busimbye mu ndagaano empya anti yoo terina gw'ekikakaato nti ye mukulu wabula bannakkanisa b'erekera obuyinza ne bwe gutuuka ku kukwasisa empisa mu kkanisa (**Mat 18:15-17; 1 Kol 5:4-5; 2 Kol 2:6**). N'ekirala, mu **Bik 6** kkanisa yeerondera abakulembeze baayo (abadinkoni); ne bakkirizibwa abatume, naye ng'okusalawo kwakolebwa bannakkanisa bennyini. Ate era, mu nnambika eno eya bannakkanisa okwerondera abakulembeze. Erabika okukwatagana obulungi n'ennono ya "buli mukkiriza kabona" (soma **1 Peet 2:5, 9; Kub 1:6**).

4. Osobola okulabawo enjawulo ezimu wakati w'kkansa eyasooka mu Yerusalemi (ng'eno okusinga yali y'Abayudaaya abaaliwo) n'amakanisa ga Bannamawanga agasooka:

a. Kkansisa y'e Yerusalemi.

(1) Abatume (ekkumi n'ababiri). Abatume okusinga beemalira nnyo ku kusaba n'obuweereza obw'ekigambo (**Bik 1:14; 6:4**); okulonda abasika baabwe (**Bik 1:21-26**); baasomesa n'okubuulira (**Bik 2:42; 4:31, 33; 5:19-21; 6:4; 8:25; 10:42**); baakola obubonero n'ebyamagero, ne bawonya n'abalwadde (**Bik 2:43; 3:7; 5:15-16**); baategekanga n'okutuuzza enkiiko n'abakkiriza (**Bik 6:2**); bawanga abadyakoni omulimu (**Bik 6:6**); baasindikanga abatume n'abatandisi b'ekkanisa ku buweereza (**Bik 8:14; 11:22**); baasabiranga n'okuteeka emikono ku bakyuse, ne bafuna omwoyo omutukuvu (**Bik 8:15-17**); baakozesanga obuyinza bwabwe okukwataganya okwolesebwa kw'ekkanisa (**Bik 11:1-18**).

(2) Abakadde. Baamulungulanga ensonga ezikwata ku njigiriza ye ezikkiriza n'abatume (**Bik 15:6**); baafuna (ne Yak.) ebyafa ku Pawulo bwe yali mu bamawanga (**Bik 21:18-19**); baawandikanga ebyasalibwangawo ku njigiriza ye ezikkiriza n'abatume (**Bik 15:20; 21:25**).

(3) Abadinkoni. Abadinkoni baali bavunaanyizibwa ku by'endya (**Bik 6:1, 3**); baabuulira enjiri (**Bik 8:5, 40**); baakolanga obubonero, ne bagoba emizimu, n'okuwonya (**Bik 8:6-7**).

⁷ Ennambika y'obukulembeze eno ya luvannyumako. Ebbaluwa embereberye emanyiddwa nga *1 Clement*, eyawandiikibwa eyo nga mu myaka gy'e AD 95 oba 96 nga Yesu agenze nga yawandiikibwa abakulembeze b'ekkanisa mu Rooma eri ekkansa y'e Kolinsu, eraga nti "lobukulembeze bukabika okuba waliwo ba bwana mukulu abaali babukwasiddwa oba abasumba (era ebisamba bino byombi m bbaluwa eno birabika okuba nga bitegeeza kye kimu mu *1 Clement*; soma 44.1-6)" (Holmes 1989: 24)

(4) Eby'ensimbi. Abantu baatunda ebyabwe ne bagabana n'abeetaaga (**Bik 2:44-45; 4:32-37; 5:1-4**); ensimbi ezaavangamu nga ziterekebwa mu nsawo ey'awamu eyali ekuumibwa abatume (**Bik 4:34-35**).

(5) Obulamu mu kkanisa. Buli muntu yalinga mu kwewuunya (**Bik 2:43**); nga balina obumu (**Bik 2:46; 4:32**); baaba nga basanyufu era bamativu mu mitima (**Bik 2:46**); baakunjaana ku yeekaalu buli lunaku (**Bik 2:44**) n'okukunjaaniranga mu nnyumba ne basaba (**Bik 12:12**).

b. *Kkanisa z'abamawanga:*

(1) Abatume (ekkumi n'ababiri). Abatume baawandiikiranga amakanisa ebbaluwa (**Matayo, Yokaana, 1-2 Peetero, 1-3 Yokaana, Okubikkulirwa**); baasindikanga abatandisi b'ekkanisa mu buweereza (**Bik 11:22**); be baasalangawo eggoye ku nkaayana zonna ez'enzikkiriza (**Bik 15:1-29; 16:4**).

(2) Abaminsane (ne Pawulo nga mwali).⁸ Abaminsane baabunya enjiri (**Bik 11:26; 13:4-5, 14, 21, 42-44; 16:13; 17:17, 19; 18:4**); baawonya abalwadde (**Bik 14:9-10**); baasomesa, okuwa n'okuzzaamu kkanisa embavu (**Bik 14:22; 18:11, 23-28; 20:2**); baalondanga abakulembeze mu kkanisa ezaatandikibwanga (**Bik 14:23**); baatwalanga bbaluwa z'abatume mu kkanisa (**Bik 15:30; 16:4**); baabawanga ne ku ssente (**Bik 18:3**); baayitanga abakadde okubeegettako (**Bik 20:17**); baawandiikira kkanisa ebbaluwa (**Barumi-Filemoon**).

(3) Abakadde. Abakadde baalondanga n'okutuuzza abaminsane (**Bik 13:1-3**); baalina obuvunaanyizibwa obw'okulabirira kkanisa zaabwe (**1 Tim 3:5**); baatumanga ababuulizi (**1 Tim 4:14**).

(4) Abadinkoni. Abadinkoni baaweerezanag mu kkanisa era nga balondoolwa (**1 Tim 3:10**).

(5) Eby'ensimbi. Abantu bonna beekuumiranga ssente zaabwe (**Bik 11:29; 20:33-35; 2 Kol 8:1-15; Beef 4:28**); baasonderanga kanisa buli wiiki oba buli lwe wabangawo obwetaavu (**Bik 11:29; 1 Kol 16:1-2; 2 Kol 8:1-9:15**); n'olumu baakolanga obunsane bwa nju ku nju (**Bik 20:33-35**).

(6) Obulamui mu kkanisa. Buli muntu yalina amakaagagee naye nga buli Ssande basisinkana ne basaba (**Bik 20:7**); abantu baafunanga bulungi ekigambo era kkanisa ne zikula (**Bik 11:21-26; 13:48-49; 14:21; 16:5; 17:10-12**); baalinamu obutassa kimu, ng'abamu beeyisa bubi, ng' n'abandi tebasasira bannaabwe (**Bik 15:36-40; 1 Kol 1:11-13; 3:3-4; 5:1-5; 11:17-21; Bag 2:12-13; Kub 2:14, 20; 3:15-16**).

B. *Obukulembeze bw'ekkanisa*

Kkanisa kitongole ky'abantu, so si kya bantu ssekinnoomu bokka. Ekitongole kyonna kirungi, eky'amaanyi era ekiwanguzi, okusinziira ku bukulembeze bwakyo. Pawulo eri gy'atandikira ng'annyonyola ku bisaanyizo by'omukulembeze w'ekkanisa, agamba nti, “*Omuntu bw'ayagalanga obulabirizi, yeegomba mulimu mulungi [‘mulimu gw'amakulu’, ESV] ayayaanira okugukola*” (**1 Tim 3:1**). Awo nno, “Pawulo annyonyola eky'okuba omulabirizi n'obukulu bwakyo (‘mulimu mulungi’), si lwa bitiibwa butiibwa. Pawulo abantu abawa amagezi batunuulire obuvunnanyizibwa naye si bitiibwa.” (Liefeld 1999: 116) Mu **1 Tim 3:2-7**, Pawulo alaga ebisaanyizo bitaano ayagala obukulembeze obw'oku ntikko mu kkanisa, oba oli musomesa, musumba, oba mulabirizi oba mukadde. Ebisaanyizo bye bimu ebyetaagisa ku buli muntu yenna ali mu kifo eky'obukulembeze mu kkanisa. Ebisaanyizo ebyo bye bino: obutabaako kivume; okuwasa omukazi omu (muyite, “musajja wa mukazi omu”); mukakkamu; muwomBeef.u; wa kitiibwa; ayaniriza; asobola okusomesa; si mutamiivu; si muyombi; mwetowaze; wa mirembe; talina mululu gwa ssente; atambuza bulungi amakaage; aludde nga mukkkiriza; alina enkolagana ennungi n'abatali bannakkanisa. Ebisaanyizo okuba omukadde oba omudinkoni bye bimu (geraageranya **1 Tim 3:2-7** ku nsonga z'abakadde [soma ne **Tito 1:5-9**] ne **1 Tim 3:8-13** ku by'abadinkoni [soma ne **Bik 6:1-3**]), ng'ogyeeke eky'okuba n'obusobozi okusomesa (wadde nga abadinkoni bangi abaasooka baali basobola okusomesa (soma **Bik 7:1-53** [Siteefano]; **Bik 8:4-13, 26-38** [Firipi])).

⁸ Newankubadde nga Pawulo yali mutume (**Bar 1:1; 1 Kor. 1:1; 9:1**), endagaano empya (ne Pawulo kennyini) akkiriza nti ye ne “kkumi n'ababiri” baalina enjawulo mu butume bwabwe (soma **Bik 6:2; 1 Kor 15:5, 8**). Kino kyali bwe kityo kubanga obuweereza bwa Pawulo okusinga bwali ku Bannamawanga (**Bik 9:15; 13:46; 18:6; Bar 11:13; Bag 1:16; 2:7**), kyokka ng'ate ye Peetero, omukulembeze era omwozezi w'abatume ekkumi n'ababiri, ye okusinga yali mutume w'Abayudaaya (soma **Bag 2:7-8**).

Ensonga ziri bbiri ezeetaaga okwetegerezebwa. Ekisooka, Pawulo bw'agamba mu **1 Tim 3:2** nti omulabirizi *“ateekwa okubanga . . .”* tategeeza nti okuba omukulembeze omuntu atekwa okuba n'ekisaanyizo ekimu, oba ebitaano, oba ebisingako awo. Ekikulu, okuba omukulembeze mu kkanisa, omuntu atekwa okutuukiriza ebisaanyizo ebyo byonna. Ekyokubiri, ekikulu ku bisaanyizo bino kiri nti (ng'oggyeeko eky'okusobola okusomesa n'okuba ng'omukkiriza agundidde) ebisaanyizo bino byonna *buli Mukulisitaayo* yandibadde nabyo—ky'ova olaba ng'abakkiriza bonna beetaaga okuyigirizibwa. Ebintu ng'eggwanga ly'omuntu, obuyigirizibwe, obugaggabwe, n'ebiringa ebyo “ebirabika” byo si nsonga. Ekikulu, ye *nneeyisa y'omuntu* era kye kisaanyizo ekikulu. Ebisaanyizo byonna ekkumi n'ebitaano eby'omukulembeze biraga enneeyisaaye, mu ngeri emu oba endala. Ekisanyusa, mu **1 Tim 1:9-10** Pawulo yamenya ebika by'abantu abatali batuukirivu kkumi na bitaano abakolwako amateeka. Pawulo ky'agamba wano kiri nti omukulembeze yenna atekwa okuba *ng'ayawukanye* ku bantu abafugibwa amateeka, kubanga *tetukyafugibwa* mateeka makadde. Kaakano, tweyisa nga Yesu, kubanga kaakati tufugibwa “mateeka ga Kristo.” Enneeyisa yaffe yakyukira ddala. Olw'okubanga tulina okwawukanira ddala n'abatali batuukirivu, n'enneeyisa yaffe etekwa okwawukanira ddala kw'eyo eyogerwako mu **1 Tim 1:9-10**. Abantu abali mu bifo by'obukulembeze mu kkanisa be bakyikirira Kristo abalabikako mu bakkiriza n'eyo mu batannalokoka. N'olwekyo, kyetaagisa nnyo okuba n'empisa za Kristo era n'okumulaga mu ngeri gye tubeera mu.

Olw'okuba ng'obukulembeze mu kkanisa bwesigamiziddwa ku nneeyisa n'obusobozi okugasa, naye si kitiibwa, **1 Tim 5:22** agamba, *“Toyanguyirizanga kussaako mikono ku muntu yenna, so tossanga kimu na bibi by'abantu abalala.”* Ekyawandiikibwa kino “kivimirira eky'okupapa okutuuzza abakulembeze [kino nga] gwe mulamwa omukulu mu ssuula eno. N'okuteekakao emikono okulabikira mu bbaluwa zino kwabanga kwa kubasimba (soma 4:14; 2 Timosewo 1:7).” (Earle 1978: 381) Eky'“*okussa ekimu n'ebibi by'abalala*” akiringa ekitegeeza nti, bw'otuuzza omuntu, oba weekakasizza embala ye, n'obusobozi bwe era na bwe kityo, ovunaanyizibwa ku nsobi z'akola.⁹ Singa kkanisa zifa nnyo ku bisanyizo bino nga zironde abakulembeze baazo mu kifo ky'okutunula kungulu, zandibadde n'enkizo y'amaanyi nnyo mu bye zikola. N'abantu bangi bandisenze Yesu n'okusobola okukyusa abakkiriza okubafaananya Kristo, kubanga kkanisa ng'ezo Katonda z'ayagala.

C. Okukangavvula kw'ekkanisa

Nga bwe twalabye waggulu, waliwo abaayongerako akabonero ak'okusatu akalaga kkanisa entuufu okuva ku ky'okubuulira enjiri entuufu n'eky'okuwa amasakalamentu mu ngeri entuufu, kino nga, empisa mu kkanisa okukuumwa obutiribiri. Ekigendererwa ekikulu mu kukwatisa empisa mu kkanisa kwe kusobozesa asobeza okwenenya n'okuddizibwa obuggya ko n'okuzza enkolaganaye ne banne ate ne Katonda. Ebigendererwa bino bwe bitakuumibwa mu biwoozo, okukangavvula kw'ekkanisa kuyiza okuvaako okutuligunyizibwa.

Bino wammanga bye by'okulabirako eby'empisa mu kkanisa:

1. Ebyokulabirako mu Bayibuli ebyetaaga okukwasisa empisa mu kkanisa. Endagaano empya erimu ebyokulabirako bingi ku bikolwa ebyali byetaaga okukwatisaamu empisa mu kkanisa: obutakkaanya n'enjawukana (**Bar 16:17; Tito 3:10**); ebivve (**1 Kol 5:1-5**); abatagala kukola ne ba kyewaggula (**2 Bas 3:6-12**); okujeemera Pawulo bye yawandiika (**2 Bas 3:14-15**); obunnanfuusi (**1 Tim 1:19-20**); enzikiriza ezikontana n'obukulisitaayo (**2 Yok 10-11**). Wayne Grudem agamba nti waliwo ennono eri emabega w'ebibi bino ebyali byetaaga okutunulamu mu kkanisa: “Ennono erabika okuba ng'ekola: ebibi byonna ebyayogerwako mu ndagaano empya byabanga bimanyiddwa mu lwatu oba nga birabiaka, ate nga n'ebimu byali bifuuse bya lutentezi. Olw'okuba ng'ebibi bino byali bimanyiddwa kkanisa yali eteerddwako ekivume, Kristo nga takyawebwa kitiibwa, nga n'abantu abamu kyali kyangu okugoberera embeera enkyamu olw'okuba nga zaali tezoogerwako.” (Grudem 1994: 896-97)
2. Omutindo gw'okukangavvula kw'ekkanisa: okugeregeraanya. Mu **Mat 18:15-17**, Yesu yayigiriza ennono y'okugeregeraanya okuba empisa y'ekkanisa: ¹⁵ “*Mugandawo bw'akukola obubi genda omubuulirire ggwe naye mwekka: bw'akuwulira ng'ofunye mugandawo.*” ¹⁶ *Naye bw'atawulira, Twala omulala naawe oba babiri era MU KAMWA K'ABAJULIRWA ABABIRI OBA BASATU BULI KIGAMBO KIKAKATE.* ¹⁷ *Era bw'agaana abo buulira ekkkanisa: era bw'agaana okuwulira n'ekkanisa, abeera gy'oli nga munnaggwanga era omuwooza.*” Omusingi guno, nti ekibonerezo ekiweebwa kirina okukwatagana mu ddaala e'ekisa n'omusango gw'omukozi w'ekibi, era gumanyiddwa nga, okukangavvula okw'emitemdera.” Eno eviira ddala mabega mu **Kuv. 21:24-25**

⁹ Ekitabo kya ECLEA *1 Timothy: Outline, Commentary, Inductive Training Manual*

(<http://www.eclea.net/courses.html#timothy>) ayogera mu bujjuvu ku bisaanyizo by'okubeera omukulembeze mu kkanisa. Kye kintu ekirungi ekkkanisa ky'eyinza okukozesa mu kuwa bammemba baayo eby'okukozesa mu kitundu kino.

(“*eriiso olw’eriiso, erinnyo olw’erinnyo, omukono olw’omukono, ekigere olw’ekigere, okwokebwa olw’okwokebwa, ekiwonda olw’ekiwonda, okukubibwa olw’okukubibwa*”). Okugeregeraanya kye kikulu ekiyaayaanirwa mu kkooti z’amateeka era n’ekkanisa bw’erina okwettanira.

Ebintu ebikulu abakulembeze mu kkanisa bye balina okutunuulira nga bakwasisa empisa mu kkanisa bye bino: omusango ogwazziddwa gwa ngeri ki era ogwo mulundi gwa kumeka; ensobi eyo emanyiddwa abantu oba nedda; okwetonda kw’omusobya; ebibbe byo byazzibwayo akamu ku bubonero obulaga okwenenya); ebiyinda okuva mu nsobi eno eri ekkkanisa n’abali ebweru; n’ensonga endala (soma ekyokulabirako **1 Kol 5:6** [“*ekizimbulukusa ekitono kizimbulukusa ekitole kyonna*”]; **Bag 2:11-14** [Pawulo yanenya Peetero nga tayagala balala kumukopa]; **1 Tim 5:20** [“*Aboonoona obanenyezanga mu maaso g’abantu bonna, era n’abalala balyoke batyenga*”]). Abakulembeze b’ekkanisa balina okukimanya nti waliwo enneeyisa emu ng’abakulisitaayo tebakkiriziganya nayo. Pawulo ky’ava atukubiriza okugumiikiriziganya (soma **Bar 14:1-23**).

3. Enkola ey’okugeregeraanya mu kugunjula. Mu **Mat 18:15-17**, wano tulaba abakkiriza babiri abaayoonona nga bombi bannakkanisa. Yesu yagamba basooke batuule mu nsonga zaabwe bokka nabokka (**Mat 18:15**); ekyo bwe kigaana, atamatidde agezeeko, okwogera n’abantu babiri oba basatu babe abajulirwa (**Mat 18:16**); n’ekyo bwe kigaana, ensonga eba erina akuletebwa mu kkanisa, eno ng’eyali abakulembeze (**Mat 18:17**). Oluusi abantu tusobola okubalabula ne tukoma awo (soma **2 Tim 4:2; Tito 1:13; 2:15; 3:10; Yak 5:19-20**).

Ekibonerezo ekisingayo mu kkanisa kwe kuboola, twogera kubutasembeza muntu asobya ate nga mukakanyavu, ono agobwa mu kkanisa. Kisaanye kijjukirwe nti kuno okuboola omuntu y’embonereza *esembayo* ng’eno etuukibwako nga biri byonna ebisooka biremereddwa, ng’ekibi ekikoleddwa kinene, kya lwatu, ng’oba oli awo singa gwe mulundi ogusoose nga kiyinza n’okuwabya abalala mu kkanisa oba okwawulaayawuala mu bantu bwe kitafiibwako, ate ng’eyakikola mukakanyavu. Olw’okuba nga eky’okuboola omuntu kye kisémbayo mu mitendera gy’okugunjula abantu mu kkanisa ng’era kukolebwa ng’embeera emaze kusajjuka eky’amazima okuboola kuno, kwe kutuukiriza ennono y’amateeka ag’endagaano enkadde: “Ekyabaleevi 20:11 tulaba ng’omusajja yenna eyaganzanga mukakitaawe, ng’attibwa. Pawulo omutume, bwe yali ayogera ku nsonga y’emu mu 1 Kol. 5:1-13, yalagira ekkkanisa okubola omuntu ng’oyo, so si kumukuba bukubi.” (Johnson 2007: 281) Mu **1 Tim 1:20** Pawulo engunjula bw’eti gy’ayita “okuwaayo omwonoonyi ewa setaani.” Awalala ayogera ku muntu “*okuweebwayo [oba ‘okutwalibwa’ ewa setaani]*” we mu **1 Kol 5:5**, awali omusajja eyaganza muka kitaawe (era ky’ekimu n’ekyagawo mu **Leevi 20:11**). Wombi mu **1 Tim 1:20** ne mu **1 Kol 5:5** baalimu ebizibu eby’amaanyi ennyo munda mu Kkanisa: enjigiriza ey’obulimba ey’engeri ey’amakulu, i.e., okuvvoola (soma **1 Tim 1:3-4, 20; 4:1-7a; 6:3-5; 2 Tim 2:16-18**); n’obukaba obwakolebwanga mu lujjudde (**1 Kol 5:1**).

4. Ebigendererwa mu kugunjula mu kkanisa. Nga tukwasisa empisa mu kkanisa, abakulembeze balina okufuba okuziyiza ekibi obutalya balala. Awo nno, “emitendera gyonna egy’okugunjula mu kkanisa Yesu gye yakoonako (Mat 18:15-20) n’abatume be (1 Kol. 5:1-13; 1 Timosewo. 5:20-25; n’ebirala.) z’engeri Katonda z’ayagalamu abantu be ab’endagaano empya okukuuma obutukuvu bwayo” (Johnson 2007: 282). Newankubadde, ng’ekigendererwa mu kugunjula abantu mu kkanisa, ka kube okubaboola, kwe kwagala beenenye n’okubazza obuggya. Mu **1 Tim 1:20**, Pawulo agamba nti omugaso “gw’okuwaayo omuntu ewa setaani” kwe kuyigiriza ababi “*okwewala obunnanfuusi*.” Mu **1 Kol 5:5**, okuwaayo ewa setaani baayagala “*omubiri gwe gusaanyizibwewo, omwoyogwe gusobole okutaasibwako ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu*.” Omubi yenna bwe yeenenya n’akyuka, Pawulo agamba nti kkanisa eteekwa “*okumusonyiwa n’okumuzza, alinga oyo aleme okufa obuyinike obuyitiridde. Kye nva mbakuutira okumuddiramu n’okumwagala*” (**2 Kol 2:7-8**). Pawulo agamba nti obukulu bw’okugunjula mu kkanisa mu **Bag 6:1** w’agambira nti, “*Abooluganda, omuntu yenna ne bw’akwatibwanga mu nsobi, mmwe ab’omwoyoo, alinga oyo mumuzze mu mutima omuwombeefu; nga nammwe bwe mwekuma, obutakembwa*.” Kiri eri ekkkanisa okutegeera oba ng’omuntu yeemenye bituufu oba nedda (soma **2 Kol 7:10**). Eky’enkomerero, omuntu yenna mu kkanisa ne bw’abanga “aweereddwayo ewa setaani,” abakulembeze b’ekkanisa bateekwa okumuwalizanga, okumubuulirira, n’okufuba okumuzza ewa Mukama waffe (soma **Bag 6:1**).

5. Okugunjula abakulembeze mu kkanisa. **1 Tim 5:19-21** eyogera ku ku kukwasisa empisa abakulembeze b’ekkanisa. Nga kuno Pawulo agamba nti tekutaliza mukulembeze yenna alina ekifo mw’ali mu kkanisa oba Musumba, mukadde elder, musomesa, mudinkoni, oba omuntu omulala yenna ali mu buyinza. Eky’amazima, olw’okuba nga Pawulo ayogera ku ky’okugunjula abakulembeze mu kkanisa eyinza okuba ensonga eragiza kkanisa mu Bayibuli okuba

n'abakulembeze abasoba mu omu mu kifo ky'omuntu omu okukulembera ekkansa ennamba: abakulembeze okuba abangi kirina kuvaamu ebibala so si kuleeta mivuyo.

Ensonga y'okugunjula abakulembeze mu kkanisa erimu ebizibu bibiri: okwekubiira ku luuyi olumu oba okusalira amangu abamu omusango. “Obutakwasisa bulungi mpisa kiviiriddeko bangi obutagumiikiriza n'okupapa, naye ate n'okubivaako obuvi nakyo tekiyamba. Omukulembeze bw'aba y'asobezza okukangavvula kukalubamu.” (Guthrie 1990: 118-19) Abagabi b'obuyambi, abantu abava awamu ggwanga erimu n'omusumba, abantu b'omu maka g'omusumba, n'abo ab'okulusegere emirundi egisinga be baweebwa okuba abakadde, ne bwe baba tebasaanidde **1 Tim 3:1-7**. N'ekirala, ebibi by'abakadde abo bibuusibwa amaaso olw'okuba bawayo obuyambi, ba luganda lwa musumba, oba ba mikwano, so nga singa biba bikoledwa bannakkanisa abatali bagabi ba buyambi, ba luganda, oba ba mikwano. N'ekivaamu, “watondebwawo n ebibiina by'abakulisitaayo bibiri” —abasukkulumizibwa n'abatasukkulumizibwa —n'ekivaamu kkanisa kugwa. Pawulo atujjukiza nti, ng'abakulembeze b'ekkanisa, ekitiibwa kyaffe n'empisa bisimbye nnyo ku kusalawo kwe tukola. Kristo ajja kutubuuza buli kye tukola mu linnyalye ng'abakulembeze b'ekkanisa ye. Awo nno, tusaanye *“tukuume ennono zino awatali kyekubiira, era nga tukozesa bwenkanya”* (**1 Tim 5:21**) tulyoke tube *“n'omwoyo omulungi”* (**1 Tim 1:5**) n' *“omutima omulongoofu”* (**1 Tim 3:9**) bwe tulyesimba mu maaso ge (nga bwe gulibeera ku lw'oluvannyuma, era nga ne bwe tukikola bulijjo).

6. Obukulu bw'obujulizi. Pawulo bwe yali ayogera ku ky'okugunjula abakulembeze b'ekkanisa mu **1 Tim 5:19-21**, yagamba nti, *“Tokkirizanga kiroope ku mukadde awatali bajulirwa babiri oba basatu”* (**1 Tim 5:19**). Eyo y'ennono egobererwa wonna mu kkanisa mu kugunjula. Bulijjo kya nnono okuleeta obujulizi obuluma omuntu n'obukakafu obw'oyo awaawabiddwa nga taannabonerezabwa. Ennono eno Pawulo gy'agyayo eva mabega ddala mu **Ma 19:15** (soma ne **Ma 17:6**). Ennono ey'okumala okufuna obajulizi yatandikawo olw'okwewala okuwaayiriza. Kyokka, okwewozaako okwetaaga *“abajulizi babiri oba basatu”* bwe kukolebwa ng'abajulizi tebaweze, ffe ne tufa ku *kuwulira buwulizif* naye ne tutasengejja bye tuwulidde oba engeri gye byogerwamu, awo wabaawo obutali bwenkanya. Mu byafaayo ne mu buwangwa obuli mu **Ma 19:15**, Yisirayeri nga tennakulaakulana, ng'ekyali nnimi. Ne mu biro bya Pawulo bwe gutyo bwe gwali. Ebintu ng'ebifaananyi, esimu, obukwata amaloboozi, n'ebirala ebya tekinologiya ow'ekikugu tebyaliyo. Naye kati ebintu ebyo biri buli wamu. N'ekirala, ebibi bingi (ng'ebiyobwenzi) abikolebwa lunye kuba tewali bajulizi. Kuba soma, singa omuntu bamulanga ogw'obwenzi, tekiba na makulu, era kiyinza n'okuvvaamu obutali bwenkanya, omukulembeze w'ekkanisa omu asobola okwegaana ogw'obwenzi kubanga tewaliwo bajulizi bwa babiri oba basatu abamulumiriza. Emisango ng'eyo obukakafu bwagyo buyinza kufunika nga ku bubaka obuyita ku ssimu, ebifaananyi, mpozzi n'abajulizi abayinga okuba nga balabye omukadde n'omuntu atali mutuufu mu kifo ekikyamu ate mu budde obukyamu, n'ebirala. Obujulizi ng'obwo obwetoolooza busobola okuluma omukulembeze mu kkanisa bwe buba buleeteddwa mu mbuga z'amateeka. Ne Pawulo kennyini ennono eno eri mu **Ma 19:15** yagyogerako mu ngeri ya *“lusaago”* mu **2 Kol 13:1**. Ng'ayogera ku bibi n'ebizibu ebyali mu kkanisa y'e Kolinsu. Yajuliza ennono y'endagaano enkadde ng'agyayo amazima nti *“guno mulundi gwa kusatu nga nkomawo gye muli.”* Kye yali agamba nti enkyala ziri n'empandiika ezaasooka ze yabawandiikira zaali ziweza *“abajulizi ababiri oba abasatu”* ng'ekyo kimala bumazi okukoma ku bakozi b'ebibi mu kkanisa. Yesu naye yakola kye kimu mu **Yok 8:17-18** bwe yagamba nti, *“Era naye ne mu mateeka gammwe kyawandiikibwa nti okutegeeza kw'abantu babiri kw'amazima. Nze nneetegeeza nzekka, ne kitenge eyantuma ategeeza ebyange.”* Ennono eno ey'obujulizi n'obukakafu y'ekakasa *“eky'okukuuma] ennono ezo awatali kyekubiira, buli kintu okukikolera mu bwenkanya”* (**1 Tim 5:21**). Kkanisa bw'eba ya kusigala nga teriko bbala era ntukuvu, abakkiriza bokka si be balina okuba abatukuvu era abeerufu mu bye bakola, naye n'abakulembeze balina okuba abatukuvu era abeerufu mu ngeri gye *bakwasisaamu* empisa z'ekkanisa: nga tebalina kyekubiira na kusalira misango; nga bakola omulimo gwabwe “mu bwetowaze n'obukakkamu, nga nabo bamanyi nti balina obunafu bwabwe ate nti busobola okusobya kye kimu” (Grudem 1994: 899-900; soma **Mat 7:3-5; Lukka 6:42**); nga basalawo luvannyuma lwa kukakasa; nga bagenderera okukuuma erinnya ly'ekkanisa, okuziyiza ekibi okwegiriisa, n'okukkirizisa asobezza okwenenya n'okudda ku mugendo.

D. Okubatiza n'Eky'eggulo kya Mukama waffe

- “Kristo yalekera abayigirizwa emikolo ebiri bagigobererenga: okubatiza, guno gukolebwa omulundi gumu (Mat 28:19; Bag. 3:27), n'okusembera, guno gukolebwa lunye ng'ekijjukizo (1 Kol.

11:23-26). Gano ge 'masakalamentu' mu kkanisa ez'obukiika kkono, 'ekyewuunyisa' mu Buvanjuba bwa kkanisa ya Basoddokisi, oba 'emikolo.' Ebyawandiikibwa tebitulaga bigambo bya nkukunala bye tuyinza okuyita emikolo egyakolebwanga mu ndagaano enkadde, omuli, okukomola abasajja okulaga nti batuuse (Lub.17:9-14, 23-27) n'omukolo gw'okuyitako ogwa buli mwaka nga gwa kijjukizo (Kuv. 12:1-27). Bayibuli esomesa nti, emikolo gino gyombi bubonero era vvumbo ey'enkolagana ey'endagaano ne Katonda.

'Essakalamentu' kigambo kiva mu Lulattini nga kitegeeza kitukuvu. Abasoma ebikwata ku mikolo gy'ekikulisitaayo bannyonyola nti essakalamentu kitegeeza ekikolwa eky'obulombolombo ekyatandikibwawo Kristo kennyini nga mu kino obubonero obutegeerwa obusimu butulaga ekisa kya Katonda mu Kristo n'emikisa egy'endagaano ye. Amasakalamentu ge googera n'okunyweza omukisa ku bakkiriza, gano bwe bagafuna bayingira mu kisa kya Katonda ne baatula okukkiriza kwabwe n'okwewaayo gy'ali. Kyakolebwa mu nsobi abaatusoka okugamba nti amasakalamentu gaali gatwalira mu gano ataano (kkofirimansiyo, penetensia, matirimunyo, oludiini, ne kusiigibwa kw'abalwadde). Bino ebitaano si vvumbo za nkolagana ya'ndagaano ne Katonda. Tegaatandikibwawo Kristo, era go tegalina 'kabonero konna kalabika wadde omukolo gwonna nga gwa bwa Katonda' (*Thirty-Nine Articles*, XXV).

Amasakalamentu ngeri ya kisa, Katonda agakozesa okunyweza obwesige bw'okukkiriza mu bisubizo bye'okuyita ebikolwa eby'okukkiriza olw'okufuna ebirabo ebirungi ebiragiddwa. Obulungi bw'amasakalamentu tebuva mu kukkiriza oba mpisa nnungi z'omuwereza wabula kuva ku bwesigwa bwa Katonda, oyo, eyateekawo obubonero, ng'era nga kati musanyufu okugakozesa. Ng'okubuulira ekigambo bwe kuleetera enjiri okuwuulirwa, n'amasakalamentu gagireetera okulabika." ("Sacraments" 2005: 1411)

• "Essakalamentu si kintu ekitonde ekyatekebwawo ng'akabonero ak'ekisa (okugeza, musoke). Essakalamentu kabonero ka *kwenyigiramu* mu kisa *ekirokola*. Tekalaga bulazi kubeerawo na mirimo gya Katonda, naye obulokozi bwe eri ababi. . . . Obubonero buno obulabika bwe butekawo obumu nabwo obulabwako; Bulaga obumu obuli mu kkanisa ya Kristo. Okubatizibwa kwetaga omuntu okukkiriza okwegatta ku kibiina. Okusembera, ke kabonero akalaga okugenda mu maaso n'okussa ekimu, kutegeeza okuggyibwako kw'abo abakyuse okuva ku Mukama." (Clowney 1995: 271, 272)

1. Okubatiza. Okubatiza gwe mukolo oguyingiza omuntu mu kkanisa. Kukolebwa ng'akabonero ku mitendera egiwerako:

- Okubatiza kulaga nti omuntu ssekinnoomu okwemanyisa n'okwegatta ne Kristo (**Bar 6:3-5; Bag 3:27**);
- Okubatiza mukolo ogw'okutuuma erinnya ng'oyo abatizibwa bamubatiza mu linnya lya Katonda Nnabasatwe (**Mat 28:19**), gamba, "bafuna erinnya ery'abaana ba Katonda (Yisaaya. 43:6b-7)" (Clowney 1995: 278);
- Okubatizibwa kabonero ka kwenyeniya na kusonyiyibwa ebibi, amazzi gategeeza okutukuzibwa n'okuddizibwa obuggya (**Ezek 36:25; Bik 22:16; Bak 2:11-13; 1 Peet 3:21**);¹⁰ (**Mat 3:11; Yok 1:33; Bik 2:3, 38; 10:47; 11:16-18; 1 Kol 12:13; Tito 3:5**);

¹⁰ **Bar 10:9** wagamba nti, "*Kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwako, n'okkiriza mu mutimagwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka.*" **1 Peet 3:21** agamba, "*Era kaakano ge gaabalokola mmwe mu kifaananyi eky'amazima, kwe kubatizibwa, si kuggyawo mpitambi za mubiri, wabula okuddamu okw'omwoyo omulungi eri Katonda olw'okuzuukira kwa Kristo.*" John Piper annyonyola akakawate akali ku bulokozi n'okwatula okukkiriza wamu n'okubatizibwa mu nnyiriri zino bw'ati: "Okwatula n'akamwako [**Bar 10:9**] an'okunnyaika omubiri mu mazzi [**1 Peet 3:21**] birokola mu ngeri nti biwa ekifaananyi eky'ekikolwa kimu ekikulu, kuno ngs kkwe, kukkiriza (Bar. 3:28). Okubatizibwa ke kaboneroakooleka okukkiriza Katonda okuli mu mutima." (Piper 2013: 158)

Kisaanye kitegeerekeke nti embatiza y'Abakatuliki ku bwayo etegeza nti okubatiza omuntu kusobola *okumuyingiza mu kisa ekirokola* ("okubatiza okw'okuddizibwa obuggya"). Bayibuli ekirambika bulungi, kubanga, ttulokolebwa lwa kis kya Katonda olw'okukkiriza kwokka, naye si lwa kukola mikolo egyo ng'okubatizibwa (okugeza, **Bar 3:28; 4:1-5; Beef 2:8-9; Tito 3:5-7**). Kino kikakasibwa ebigambo Yesu bye yagamba omubbi ku musaalaba, "*Mazima nkugamba nti leero onooba nange mu Lusuku lwa Katonda*" [**Lukka 23:43**]; omubbi yasonyiyibwa wadde nga teyali mubatize). Andreas Kostenberger abifunza bw'ati, "Mu nzikiriza, *amazzi agabatiza tegamala, omuntu yeetaaga okusooka okuza obuggya omwoyogwe* guno nga gwe mulimo gwa Katonda omukulu era ogusooka okuyita mu bw'omuntu bwa mwoyo mutuukirivu. Kino kyajja oluvannyuma lw'omubatiza okulangirira nti Masiya alibatiza abantu mu mwoyo. nNa bwe kityo okubatizibwa kabonero ka kubatizibwa na mwoyo mutuukirivu, akola omulimo ogw'okujjuza n'okuzza obuggya Okwenyeniya olw'ekibi n'okukkiriza Yesu, nga kw'otadde okuddizibwa obuggya, bye bikulembera okubatizibwa okw'amazzi. kino, bw'okirba, kye kituukiriza okubatizibwa okw'amazzi. Ebyawandiikibwa tebituwa mwagaanya kuwa ndowooza ku kuddizibwa buggya okw'okubatizibwa." (Kostenberger 2006-2015: n.p.; soma ne Hunt 1995; White 2005-2006, ne Johnson 2016 okufuna ebisingawo ku

- Batisimu y'eraga omuntu munnakkanisa, emuyingiza mu kkanisa, era lye ssakalamentu eriraga obumu abakkiriza bwe balina (**Bik 2:41-42; 1 Kol. 12:13**);
- Batisimu eraga embala y'ekkanisa: “Batisimu wano kikola nga omukolo ogw'okuyingizibwa' okulaga embala ya kkanisa—nti mwo temuli bya kwawula mu langi, bugagga, kikula n'ebirala (1 Kol. 12:12-13; Bag. 3:27-29)” (Leithart 2012: n.p.).

Newankubadde abakulisitaayo bangi n'ekkanisa bakkiriziganya ne bye tulabye waggulu nti ge makulu g'okubatizibwa, emabega eyo na kaakano, wazze wabaawo entalo ng'entabwe eva kw'ani ateeddwa okubatizibwa, abato (okubaatulira) oba abakulu abeeyatulira (okubatizibwa okw'okweyatulira) be babba babatizibwa ate n'enkalu endala ziri ku ngeri y'okubatizaamu (okusammuliza, okuyiira, oba okunnyika).

a. *Okubatiza abato kwolekana n'okubatiza kw'abakkiriza.*

- Okubatiza abato. Abo abakkiriza mu kubatiza abaana abato okusinga bawakanya okuva ku kugeraageranya n'okugenda mu maaso kw'okukomolebwa mu Ngagaano Enkadde n'okubatiza mu Ndagaano Empya. **Bak 2:11-12** era nga okubatiza kw'omunju kwebeesigama ko okw'abaana (**Bik 10:46-48; 16:15, 33; 1 Kol 1:16**) (soma Clowney 1995: 280-84; Strawbridge 1998; Strawbridge, ed. 2003; “Paedobaptism” 2013 [ebikozesebwa ebingi eby'okubatiza abaana]).
- Okubatiza kw'abakkiriza. Abo abakkiriza mu kubatiza abakkiriza abeeyatulira bagamba nti wona mu ndagaano empya abakkiriza be babatizibwa (n'okubatiza okwakolebwa 'mu nnyumba' nakwo kwali kw'abakkiriza), okubatiza kwonn okulabikira mu ndagaano empya (ng'obaliddeko n'okwo okw'omu “nnyumba”) kulina akakwate n'okukkiriza n'okwenenya, naye si kulinda mwana oyo kukula alyoke akkiriza oba Okweyatulira (okugeza, **Makko 16:16; Bik 2:38; 10:47; 16:14-15; 16:31-33; Bak 2:12**). Ebyawandikibwa ebyo byogera ku kkomo eriri ku bantu ba Katonda ab'Endagaano Enkadde (ebyabangawo ku *kuzaalibwa* nga lyateekebwa ku baana ba Yisirayeri) n'abantu ba Katonda ab'Endagaano Empya (eriwo olw'okukkiriza kuno kw'abantu bonna okuva mu mawanga gonna, ensi zonna, n'abantu bonna, olulimi lwonna (**Bar 4:16; 9:7-8; Bag 3:7, 9, 25-29; Kub 5:9; 7:9**) (soma Piper 2013: 154-62; Welty 1996; Schreiner and Wright 2006; “Baptism” n.d. [ebitabo bino byogera ku kubatiza kw'abakkiriza]).

b. *Engeri y'okubatiza.* Ennono z'ekkanisa ez'enjawulo zikozesezza engeri ez'enjawulo ez'okubatiza omuli okumansuliza amazzi, okuyiira, oba okunnyika. Buli nnono erina ebyawandiikibwa ebiraga obutuufu bwakyo.

- Okunnyika. Abawagira okunnyika basinziira kumakulu g'ekigambo ky'Olyonaani mu Ndagaano Empya ekitegeeza “okubatiza” (*baptizō*): “Okubatiza kwa Yokaana n'okwa Yesu kwombi kwali kwa *kunnyika*. Nga kino kiteesebwako amakulu g'ekikolo ky'ekigambo *baptō*, 'okunnyika' Yos. 3:15 LXX; Luusi 2:14 LXX okubatiza, 'okubatiza,' kukolebwa mu bwangu ate nga kukolebwa bulijjo. Kulagibwa n'akabonero LXX ak'okubatiza nga kategeeza okunnyika (soma 2 Bassek. 5:14).” (Kostenberger 2006-2015: n.p.) Eky'okubiri, okunnyika (omubiri gunnyikibwa mu mazzi ate ne gunnyululwamu) kikwatagana bulungi n'okubatiza ate n'okufa, okuziikibwa, n'okuzuukira kwa Kristo (**Bar 6:3-5; Bak 2:12**). Eky'okusatu, ebyawandiikibwa bingi mu Ndagaano empya ebyogera ku kunnyika (**Mat 3:16** [“*Awo Yesu bwe yamala okubatizibwa, amangu ago n'ava mu mazzi*”]; **Yok 3:23** [“*Naye Yokaana yali ng'abatiriza mu Enoni kumpi ne Salimu, kubanga eyo ye waali amazzi amangi*”]; **Bik 8:36-39** [okusobola okubatizibwa, Owesiyopiya Omulaawe “*ne bakka mu mazzi*” ate bwe yamala okubatizibwa “*n'ava mu mazzi*”]). Biwandiiko bya kkanisa eyasooka *Ebbaluwa ya Balunabba* (c. 70-131) ate n'o *musumba w'e Hermas* (c. 95-154) nabyo binnyonyola okubatiza nti “tukka mu mazzi” ate ne “tubbulukuka (*Ebbaluwa ya Balunabba* 1989: 11.11) ne “twakka mu mazzi” (*Shepherd of Hermas* 1989: 31).
- Okumansuliza oba okuyiira. Abo abawolereza okumansuliza omuntu amazzi oba okumuyiira bagamba nti “wadde okubatiza n'emisosso gyakwo kitegeeza okunnyika oba okubbika, ebigambo bino era bikozezebwa okutegeeza onnyonyola okwoza

kuddizibwa obuggya okw'okubatizibwa) Batisimu nkulu nnyo kubanga ke kabonero akokungulu akalabika akalaga Katonda kye yakola eddamu kutuzza obuggya n'okutulokola; kino si kikolwa ekikolebwa olw'okuddizibwa obuggya n'okulokolebwa oba ekyetaagisa Katonda okutulokola.

n'okunaaza. Bwe kityo, tewali nsonga yonna eyinza kuggyibwa mu ngeri entuufu ngeri ebigambo bino gye bikozesebwamu” (Pipa 2003: 115) Bagenda mu maaso ne bagamba nti emu ku ngeri enkulu ey'okujulizaamu okuzza obuggya kwe kwogera ku kyo ng'okwoza oba okunaaba n'amazzi (soma **Ezek 36:25; Yok 3:5; Tito 3:5-6**): “Beb 9:13, 19 asomesa nti okwoza kwalinga kwa kusumuliza [soma ne **1 Peet 1:2** (“*n'okumansirwako omusaayi gwa Yesu*”). . . . Eri mu lunyiriri olwe 10, omuwandiisi okunaba kuno okw'emikolo akuvvuunula ng'okwoza. Ekigambo era akikozesa ng'ayogera ku *batisimu*. Akakwate akali wakati wa 'batisimu' eyogerwako mu lunyiriri olwe 10 n' omukolo gw'okumansuliza amazzi okuli mu lunyiriri olwe 13 ne mu 19 kalabika nga kategeerekeka bulungi.” (Ibid.: 124) N'ekirala, **Tito 3:5-6** ayogera ku kuddizibwa obuggya okukolebwa okuyita mu Mwoyo Omutukuvu *eyatufukibwako*.” Okuva okubatzibwa bwe kutegeeza okussibwako akabonero k'okwegatta kwaffe ne Kristo, okukolebwa okuyita mu mirimu gw'Omwoyo Omutukuvu, “engeri [y'okubatiza] erina okulaga eyo ey'okutukuza (okumansira) okw'emikolo oba omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu ogw'okuzza obuggya (okuyiwa)” (Ibid.: 126). Waliwo obujulizi ku nsonga eno, okunnya omuntu bwe kiba tekisobose, busangibwa miu kitabo ekiyigiriza eky'ekkanisa eyasooka ekiyitibwa *Enjigiriza Y'abatume* (c. 70-110), esomesa nti okubatiza kulina kukolebwa “mu mazzi agakulukuta. Naye bw'oba tolima mazzi gano agakulukuta, ng'awo obatiriza mu mazzi gonna g'osanze; era bw'oba tosobola kubatiriza mu mazzi agannyogoga, awo osobola okukikolera mu mazzi agabuguma. Naye bw'oba gombi ago tolima, awo gw'obatiza muyiweeko amazzi mu mutwe emirundi esatu.” (*Enjigiriza Y'abatume* 1989: 7.1-3)

c. *Ebiwoozo ebisembayo ku bukulu bw'okubatiza*. Amakanisa mangi gatera okubatiza omuntu naye ate ne beerabira. Kyokka, mu **Bar 6** Pawulo akuutira Abaruumi okwenaazaako ebibi byabwe babeere mu bulamu obw'obutuukirivu *okukuuma batisimu yaabwe*. Nga bwe tulabye waggulu, batisimu kabonero kakulu mu bulamu bwaffe abakulisitaayo. Kiragiro ekyatuweebwa Kristu yennyini nga gumu ku mikolo gye yeetandikira (**Mat 28:19**). N'olwekyo, abakulembeze b'ekkanisa balina okujjukizanga abakkiriza obukulu bwa batisimu gye baafuna, nti baafuuka ba Kristo mu lwatu n'ekkanisaye ko n'obukulu bw'ensonga eno mu bulamu bwabwe. Kkanisa ezimu zirina enkola nga buli mwaka bannakkanisa baddamu endagaano za batisimu yaabwe, oba, bwe wabaawo omulala abatizibwa, bannakanisa abalala nabo baddamu okukuba ebirayiro bya batisimu n'okusuubiza okusabira ababatiziddwa kw'olwo. Ebintu ng'ebyo bye biyamba okuzimba obumu mu kkanisa n'okuyamba bammemba okwebuulirira ku bulamu bwabwe mu Kristo.

2. Eky'eggulo kya Mukama waffe. Eky'eggulo kya Mukama (era eyitibwa Ukaristia mu makanisa agamu¹¹) gwe mukolo ogugenda mu maaso, oguddinjanwa ogw'ekkanisa. Nga bwe kiri mu kubatzibwa, Ekyeggulo kya Mukama kiraga okwekkaanya kw'omuntussekinnoomu ne Kristo era kirina kye kyogera ku butondebw'ekkanisia: “Ffenna bwe tulya omugaati ogumum ekkanisa eba eraga mu lujjudde n'emikolo nti nti yo mubiri gumu mu Kristo, bammemba baayo abangi nga bakolera wamu okuzimba ekintu kyonna. Omukolo gufuula omutindo gwe tupimira ko omutindo gw'obulamu bwaffe nga tuli wamu.” (Leithart 2012: n.p.)

a. *Eky'eggulo kya Mukama n'okufa kwa Yesu*. Yesu yatandikawo Eky'eggulo kya Mukama mu kiseera kye “Ekyeggulo ekisembayo” (ekijjulo ky'Okuyitako) (**Mat 26:26-29; Makko 14:22-25; Lukka 22:14-20; 1 Bak 11:23-26**). Mu ky'Eggulo, Yesu ageregeranya omugaati ku mubiri ggwe ogwali gugenda okumenyebwa, ekikompe (evvinyo) okuba omusaayi gwe ogwali gugenda okuyiibwa, n'agamba nti kino tulina okukikola “*mu kunzijukira*” (**Lukka 22:19; 1 Kol 11:24-25**). Mu **1 Kol 11:26** Pawulo agamba nti, “*Kubanga buli lw'olya omugaati guno n'onywa ekikopo, mulangirira okufa kwa Mukama okutuusa lw'alijja*.” Ebigambo bya Yesu okutandikawo Ekyeggulo kya Mukama era nga kikwatagana n'Okuyitako (okwajjukira malayika w'okufa okuyita ku Abayisirayiri era nga kizingiramu omwana gw'endiga oga ssaddaaka; soma **1 Kol 5:7**, “*Kristo okuyitako kwaffe naye yassaadaakibwa*”) kiraga bino wammanga ebikwata ku kufa kwa Yesu;

¹¹ Ekigambo Ukaristia kitegeeza “Okwebaza”. Holmes agamba, “Ekigambo *ukaristia*, ekiri mu Ndagaano Empya ekikozesebwa mu makulu aga bulijjo 'ag'okwesiima' oba 'ag'okwebaza' (cf., e.g., Bik 24:3; Firi. 4:6; 1 Sses. 3:9), mu bbanga ttono kyafuuka ekigambo eky'ekikugu ekitegeeza ekikolwa ekikulu 'eky'okwebaza,' kwe kugamba Ekyeggulo kya Mukama (cf. Ign. *Smyrn.* 6.2; Justin Martyr, *1 Apology* 65)” (Holmes 1989: 153-54n.29).

- Obukulu bw'okufa kwe. John Stott agamba, “Omugaati tegwategeeza mubiri gwe omulamu, kuba gweyalina bwe yagamira nabo ku meeza, wabula omubiri gwe nga bwe gwali gunaatera “okuweebwa’ ku lwabwe mu kufa. Mu ngeri yemu omwenge tegwategeeza musaayi gwe nga bwe gukulukuta mu musuwa gye ng’ayogera nabo, wabula omusaayi gwe ogwali gunaatera “okuyibwa” ku lwaffe mu kufa. . . . Okufa kwe kwe yali ayagala okusinga byonna okujjikirwa. Waliwo olwo, tekiba kya bulabe okugamba nti, tewali Bukristaayo butaliko musaalaba. Omusaalaba bwe guba nga si gwe guli wakati mu nzikkiriza yaffe, eyaffe teba nzikkiriza ya Kristo.” (Stott 1986: 68)
- Ekgendererwa ky'okufa kwe. Okusenziira ku **Mat 26:28; Lukka 22:20; ne 1 Kol 11:25** ekikompe kyali kitegeeza omusaayi gwa Kristo gwokka wabula ku Ndagaano Empya. Endagaano Empya ye ndagaano yokka Katonda mwe yasubiza okusonyiwa ebibi byaffe. (**Yer 31:34; Mat 26:28**). Okufa kwa Yesu yali “ssaddaaka eyatekebawo Katonda Endagaano Empya n’ekisuubizo kyayo eky’okusonyiyibwa kw’egenda okukakasibwa. Agenda kufa asobole okuleeta abantu be mu nkolagana ey’Endagaano Empya ne Katonda.” (Stott 1986: 70)
- Obwetaavu bw’okuwata okufa kwe kinnoomu. Okulya omugaati n’okunywa ekikompe kwe kutwala Yesu Kristo gye tuli (soma **Yok 6:53-58**). “Nga bwe kyali tekimala omugaati okuba nga gumenyeddwa n’omwenge okuyiibwa naye baalina okulya n’okunywa, bwe kityo tekyamumala kufa, naye baalina okutwala emigaso gy’okufa kwe kinnoomu. Okulya n’okunywa byali, era bikyali, olugero olulabika obulungi olw’okufuna Kristo ng’omulokozi waffe eyakomererwa era n’okulyanga ku ye mu mitima gyaffe olw’okukkiriza.” (Stott 1986: 70)

b. *Endowooza ez’enjawulo ku nkolagana ya Kristo n’ebintu ebiri mu kijjulo kya Mukama waffe.* Nga bwe kiri ku kubatizibwa, obulombolombo bw’ekkanisa obw’enjawulo bulina okutegeera okw’enjawulo ku kubeerawo kwa Kristo mu kukwatagana n’ebintu (omugaati n’ekikompe).¹² Mu bukulu waliwo endowooza nnya:

- Okukyusa omubiri. Ennyikira y’Abakatoliki aba Ruumi eri nti Yesu bwe yagamba nti, Guno gwe mubiri gwange (**Mat 26:26; Makko 14:22; Lukka 22:19; 1 Kol 11:24**), kye yakutte mu ngalo “ekyali endabika zonna ez’omugaati:’ ekika’ kyasigala nga tekukyuse. Wabula . . . *ekituufu ekisirikiddwa* (‘ekintu’) eky’omugaati kyakyusibwa ne kifuuka eky’omubiri gwe. Mu ngeri endala, mu butuufu gwali mubiri gwe. So nga ate endabika zonna eziggule eri obusiimu oba okunoonyereza kwa ssaayansi zaali zikyali za mugaati, ddala nga bwe kyali edda.” (“Transubstantiation” 2017: Roman Catholic Church). Mu ngeri y’emu leero, kabona eyayawulibwa bw/aweereza ekijjulo ekrungo ky’omugaati n’eviinyo kigambibwa nti kyikyusibwa (ekikyusiddwa) ne kifuuka omubiri n’omusaayi gwennyini ogwa Kristo newannkubadde nga “ekika” (endabika ey’okungulu) kisigala kye kimu.
- Okwegatta kw’essakalamentu (consubstantiation). Abaluthereni bakkiriza nti omubiri n’omusaayi gwa Kristo birowo ddala era mu ngeri ey’amaanyi ne era mu mbala y’omugaati n’evvinyo ebitukuziddwa (ebikozesebwa) kale abawuliziganya balya

¹² Essaala ya Ukaristia esinga obukadde emanyiddwa eragiddwa mu Didache (c.70-110) bweti:

“9 Kakano ku bikwata ku Ukaristia, webaze bwoti: Okusooka, ebikwata ku kikompe: Twebaza, Kitaffa, kulw’omuzabbibu ogwa Daudi omuddu wo, gwe watumanyisa okuyita mu Yesu omuddu wo, ekitiibwa kibe gyoli emirembe gyonna.

Ate ebikwata ku mugaati omumenye: Twebaza ggwe Kitaffe ku lw’obulamu n’okumanya gwe watumanyisa okuyita mu Yesu, omuddu wo; ekitiibwa kibe gyoli emirembe gyonna. Nga omugaati ogumenyese bwe gwasasaanyizibwa ku nsozi ate ne gukuŋgaanyizibwa wamu ne gufuuka gumu, bwe kityo ekkana yo ekuŋgaanyizibwa okuva ku nkomerero z’ensi mu bwakabaka bwo; kubanga ekitiibwa n’amanyi bibyo okuyita mu Yesu Kristo emirembe gyonna.

Naye toganya muntu yenna kulya oba okunywa ku Ukaristia yo okujjako abo ababatizibwa mu linnya lya Mukama, kubanga Mukama yayogera ku kiwata ku kino nti: “Temuwa kitukuvu mbwa.”

10. Era nga mumaze okulya n’okunywa ekimala, mwebaze bwe muti: Tukwebaza, ggwe Kitaffe omutukuvu, ku lw’erinnya lyo etukuvu lye wasalawo okutula mu miima gyaffe, era ne ku ly’okumanya n’okukkiriza era n’obutaagwawo bwe watumanyisa okuyita mu Yesu omuddu wo; ekitiibwa kibe gyoli emirembe gyonna.

Ggwe, Mukama waffe omuyinza w’ebintu byonna, watonda ebintu byonna ku lw’erinnya lyo, n’owa abantu emmere n’ebyokunywa banyumirwe, balyoke bakwebaze; naye ffe n’ekisa otuwadde emmere n’ ebyokunywa eby’omwoyo, n’obulamu obutaggwawo okuyita mu muddu wo. . . .” (*Didache* 1989: 9.1-10.3) Ekitono ennyo, kino kiraga nti enjigiriza y’Abakatuliki ey’Abaruumi (ey’okukyusa omubiri) ndowooza ya luvannyuma.

n'okunywa byombi ebikozeseddwa nga Omubiri n'Omusaayi ogwa Kristo yennyini mu Ssakalamentu ya Ukaristia oba bakkriza oba batakkiriza. Enjigiriza y'abalutherani ey'Okubeerawo Okutuufu era emanyiddwa nga okugatta kw'amasakramentu [oluusi kyitibwa consubstantiation].” (“Eucharist in Lutheranism” 2017: Beliefs)

- Okubeerawo mu Mwoyo. Amakanisa agalongooseddwa (Presbyterian n'amalala nga emirandira gyago giva mu John Calvin) gayigiriza nti, “Omubiri gwa Kristo n'omusaayi gwe webiri mu buliwo mu ssakalamentu, naye nti okubeerawo kuno kuwuliziganya mu ngeri ey'omwoyo okusinga omubiri gwe okuliibwa mu buliwo. Atwalibwa okubeerawo mu mwoyo we ng'omuntu alya n'okunywa mu kukkiriza. Bwekityo, mu kijjulo kya Mukama waffe abakkiriza balaba, bajaguza, era bawa obujulizi nti Kristowali era mulamu, n'olwekyo, ddala “kussa kimu” naye. Enjigiriza Enoongosemu ey'okubeerawo mu buliwo oluusi eyitibwa ey'namaddala okw'ekyama oba okubeerawo okw'omwoyo.” (“Lord's Supper in Reformed theology” 2017: Introduction). Kino mu bukulu ye nyimirira y'Abangereza n'abamethodist nabo.

- Okulaba kw'ekijjukizo. “Okujjikira ye nzikiriza ekatibwako amadiini agamu ag'Abapolotesitante nti eby'omugaati ne'enviinyo (oba omubisi) mu Ukalistia (ekitera okuyitibwa Eky'eggulo kya Mukama abo abajjukizi) nga biyita mu kujjukira bifaananyi bya kujjukira byokka eby'omubiri n'omusaayi gwa Yesu , embaga nga etandikibwawo yokka oba okusinga ng'omukolo gw'okujjukira. Ekigambo kiva mu Lukka 22:19: “kino kikola mu kunzijukira” n'omutaputa omuweereza nti ekijjulo kya Mukama ekigendererwa kwe kuyamba eyetabamu *okujjukira* Yesu ne ssaddaaka ye ku Musalaba.” (“Memorialism” 2016: n.p.) Ebigambo bya Kristo nga bitandikawo omukolo tebyayinza kuba nga bigamba nti omubiri gwe gwaliwo mu buliwo mu mugaati n'envvinnyo oba nti omugaati n'envvinyo byakyusibwa ne bifuuka omubiri gwe, nga bweyali mu mubiri ggwe nga abayigirizwa be webali, era nga tannalinya mu ggulu n'okiyiwa Omwoyo Omutukuvu ku Pentekooti Kristo teyali buli wamu (i.e., yaliwo buli wamu mu kiseera kye kimu); mu kifo ky'ekyo, ebigambo bye byali binyeeza obutabawo bwe era nga biyita abayigirizwa be okujjukira okufa kwe (okujjukira) n'okulinda okudda kwe nate (esuubi). Kino kye kifo ky'Ababatiza, Ababuulizi b'enjiri n'Abapentekooti abasinga obungi.

c. *Ebirowoozo ebisembayo ebikwata ku Eky'eggulo kya Mukama waffe.* Okwenyigiramu kwaffe mu Eky'eggulo kya Mukama kitegeeza: (1) *Tujjukira* okufa kwa Kristo (**Lukka 22:19; 1 Kol 11:24-25**); (2) *Tulangirira* okufa kwa Kristo (**1 Kol 11:26**); (3) *Tujjaguza* Kristo, okwenyigiramu kwaffe naye, era n'okuberawo kwe naffe; (4) *Tusuubira* okudda kwa Kristo n'embaga eyonkomeredde mu kubeerawo kwe (**Mat 26:29; Makko 14:25; Lukka 22:16, 18; 1 Kol 11:26; soma Kub 19:7-9**); ne (5) *Tujjaguza* era *twoleesa* okussa ekimu n'obumu n'abakkiriza abalala (**Lukka 22:17; 1 Kol 10:16-17**).

Amakanisa ag'enjawulo gajjaguza Eky'eggulo kya Mukama waffe emirundi egy'enjawulo (abamu bakikola buli ssaabiti, abamu buli mwezi abamu mu biseera). Si nsonga mirundi emeeka Eky'eggulo kya Mukama waffe gye kijjaguzwa, kubanga kabonero kakulu, Pawulo atugamba nti twetaga “okwekebera feeka” bwetutyo tulyoke twetabe ku kyeggulo mungeri tusanidde era tuleme okulya n'okunywa omusango gyetuli (**1 Kol 11:27-29**). (**1 Kol 11:27-29**). Nga twekebera ffekka na ffekka tusaanye twebuuzi nti: (1) Ndi mukkriza? (2) Nninayo ekibi kye sinnaba kwenenya? (3) Ntambula bulungi ne bannange mu kkanisa oba n'abantu abalala bonna? Bwe tusembera n'obwegendereza, kusobola okutuviiramu ekisa ekitusembeza okumpi ne Katonda.¹³

III. Ekkkanisa: Emiramwa n'Ebigendererwa byayo—Ennyanjula

A. *EKKkanisa eriwo olw'kisa kya Katonda olw'ekitiibwa kya Katonda*

1. Okuyita mu Kristo Katonda yatulokola n'atandikawo kkanisa olw'ekisaakye (**Mat 16:18; Yok 1:14-17; Bar 3:21-24; 5:14-21; 8:29-30; 11:5-6, 36; 1 Kol 15:10; Beef 1:5-6, 18-23; 2:8-10; 3:1-7; Bak 1:13-23; 2 Bas 2:16-17; 1 Tim 1:12-15; 2 Tim 1:8-11; Tito 2:11; 3:5-7; Beb 2:9**).
2. Enkomerero enkulu ey'ekkanisa kwe kugulumiza Katonda (**Yis 43:7; 44:23; 46:13; Mat 5:16; Yok 5:44; 12:27-28; 14:13; 17:22-24; Bar 11:36; 15:7-9; 16:27; 1 Kol 6:19-20; 10:31; Beef**

¹³ Ebifunze ku byafaayo n'embala y'ekkanisa n'amasakalamentu biteereddwa ku **Ekyongerezeddwaako 1—EBYAFAYO BY'ENZIKIRIZA: EBIFA KU KKANISA.**

1:3-14; 3:21; Baf 1:9-11; 4:20; 1 Tim 1:17; 2 Tim 4:18; 1 Peet 2:12; 4:11; 2 Peet 3:18; Yuda 25; Kub 1:6).

B. Obulamu bw'Ekikristaayo—era n'obulamu bw'Ekkansa—bujjudde

Yesu yagamba nti, “*Omubbi tajja wabula okubba, n'okutta, n'okuzikiriza; Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo obungi*” (**Yok 10:10**). Yesu atugamba nti, “waliwo engeri emu yokka ey'okufunamu obulamu obutaggwaawo . . . ensibuko emu ey'amagezi ga Katonda, ensibuko memu ey'emmere ey'omwoyo, ekigo kimu eky'eby'okwerinda eby'omwoyo— Yesu yekka” (Carson 1991: 385). Obulamu obutaggwaawo Yesu bw'atuwa “si bwa kutambulizibwa ng'obudde obusingawo okujjuza (si kuba 'bwa lubeerera'), naye obulamu obutamala gafunika, obw'okubeeramu” (Ibid.). Kwe kugamba, obulamu obutaggwaawo butandikira wano. Obulamu obutaggwaawo si bulamu obw'olubeerera naye bulamu bwa *kika* kya njawulo. Bulamu obufaananira ddala obwa Yesu bwennyini. Obulamu bwa Yesu tebwaliko kkomo ng'abantu abamu bwe balowooza nti bwali bukwata ku bintu “bya mwoyo” bwokka (nga essaala, okusoma Bayibuli, n'ebirala.). Naye, Yesu yalaga nti obulamu obutuufu, obungi bw'agaba, bulamu obujjudde era bukola mu mbeera zonna. Ng'omuwandiisi omu bwe yagamba, “Yesu yatambulira mu bulamu obungi nga buli omu amulaba. Obulamu bwa Yesu yabutambula ng'afuba nnyo okugaziya obuweerezaabwe n'okubulongoosa ng'afaayo ku beetaaga. Yesu yakikakasa nti entambuza y'obulamu eringa eno y'ebwanguya.” (McNeal 2009: 31) Yesu bwe yamala okunaaza abayigirizwa be ebigere, n'agamba, “*Mbawadde ekyokulabirako nammwe mukole ng abwe nkoze*” (**Yok 10:15**). Eky'okulabirako kya Yesu eky'obulamu obungi kirina okukoppebwa buli muntu amugoberera.

Okuva kkanisa yonna bw'eri “omubiri gwa Kristo” (**Bar 12:5; 1 Kol 12:12-27; Beef 3:6; 5:23; Bak 1 1:18, 24**), eky'okulabirako kya Yesu eky'obulamu obungi kikola ne mu kkanisa zonna. Jonathan Dodson agamba nti, “Bwe tusenga *Yesu*, tusingira *mu kkanisa ye*. . . . Bwe tulowooza ku njiri, tulowooza ku kukyusibwa okwa ssekinoomu. Ate eky'enjawulo, Bayibuli eyogera ku kukyusibwa okw'awamu. . . . Bwe tusenga Yesu Kristo n'aba Mukama waffe era Omukulu waffe (Bak. 2:6), tuba tuyungiddwa butereevu ku mubiri gwe (Bak. 1:18; 2:2). . . . Kkanisa eyeesigamye ku Yesu esikiriza, ewa amaanyi, esonyiwa, eweereza, erimu okwagala, ate eyaniriza abatannalokoka okubeegattako. Enjiri eddiganya abantu ne Katonda ne bannaabwe, n'etondawo ekika ky'abantu kimu era ekiggya erimu ab'emikago okuva mu buwangwa n'ennimi ez'enjawulo ne bafuuka omuntu omu omuggya (Bak. 2:15) Bwe tukolera wamu ng'ekkanisa ne tussa kimu, tulaga obufuzi bwa Yesu obw'ekisa n'obununuzi eri ensi. Obufuzi bwa Yesu obw'okununula buli lwe bubuna ensi eno, kkanisa efuukira ddala nga Kristo yennyini.” (Dodson 2012: 109-110, emph. in orig.)

C. Katonda agulumizibwa olw'Okukkiriza kwaffe ekirabikira mu bikolwa byaffe eby'okwagala eri Katonda ne bannaffe

1. Okukkiriza y'endowooza esinga okugulumiza Katonda kubanga, okukkiriza kunnyonyolwa nga, okuggya amaaso ku ggwe naye n'ogatonuliza Katonda. “*Awatali kukkiriza kizibu okusanyusa Katonda*” (**Beb 11:6**). “*Buli ekitava mu kukkiriza ky'ekibi*” (**Bar 14:23**). Okukkiriza kwe kwesiga n'okukkiririza mu Katonda mu byonna bye tuyitamu mu bulamu (**Beb 11**). Okukkiriza n'okwesiga Katonda kwe kuzuula omugaso, amakulu n'okumatira kwaffe mu ye, naye si mu bintu by'ensi eno (soma **Baf 4:10-13; Beb 13:5-14**). Nga John Piper bw'agamba, “Mukama agulumizibwa nnyo mu ffe bwe tuba bamativu mu ye” (Piper 2003: 288).

2. Okukkiriza okutuufa kweyolekera mu kugondera Katonda (Mat 7:13-27; Yok 14:21-24; 15:1-11; Yak 1:22-2:26), ate era okukkiriza okwa nnamaddala n'okugonda okutuufu eri Katonda kweyolekera mu mukwano gwe tulina ne Katonda n'abantu. Ensonga eno ntuufu kubanga okwagala kuwa wa Katonda anti ye kennyini kwagala (**1 Yok 4:7-8, 16**) ante tulina okumufaanana (**Bar 8:29; 1 Kol 15:49; 2 Kol. 3:18**). Eky'amazima, “*twagala, kubanga Katonda ye yasooka okutwagala*” (**1 Yok 4:19**; soma ne **Beef 5:2**). “Omuntu yenna bw'akubuuzanga nti, ‘Katonda okukwagala kikuleetera kitya ggwe okwagala abalala?’ muddemu nti: Okuzaalibwa obuggya kwe kuleetawo enkwatagano eyo. Okuzaalibwa obuggya kikolwa kya Mwoyo Mutuukirivu ayunga emibiri gyaffe egyafa, emitima egyeyagaliza n'ogwa Katonda omulamu, okwagala obulamu bwe ne bufuuka bwaffe.” (Piper 2009: 157) Awo nno, okwagala kye kipimo ekikulu ekiraga oba omuntu gundi yalokoka oba nedda. Obukulu bw'okwagalana mu Bakulisitaayo, eri ekkansa, ne ku bukulisitaayo bwennyini bulabikira mu ngeri zino wammanga:

- Yesu yagamba nti ebiragiro ebibiri, “*Yagala nga Mukama Katondawo n'omutima gwo gwonna n'emmeemeyo yonna, nebirowoozo byo byonna,*” ate “*Yagalanga muliraanwawo nga*

ggwe kennyini bwe weeyagala,” gwe musingi gwa Bayibuli yonna (**Mat 22:36-40; Makko 12:28-34; Lukka 10:25-28**).

- Yokaana omutume yagamba nti “*atayagala tategeera Katonda*” (**1 Yok 4:8**), era “*Omuntu yenna bw’agamba nti, ‘Njagala Katonda,’ ate n’akyawa mugandawe, oyo aba mulimba; oyo atayagala muganda we gw’alabako, tasobola kwagala Katonda gw’atalaba*” (**1 Yok 4:20**). Awo nno, engeri gye tugonderamu “*ekiragiwo eky’okubiri*” (gamba, engeri gye twagalamu abantu) y’ekakasa n’kipimo nti tugondera “*ekiragiwo ekisooka*” (twogera ku, kwagala Katonda).
- Okwagala tokwawula na kusonyiyibwa kwa bibi byaffe (**Lukka 7:36-50; 1 Peet 4:8**).
- “*Ekirubirirwa*” mu kuyigiriza kw’ekikulisitaayo “*kwe kwagala okutalina bukuusa n’omutima omulungi n’okukkiriza okutuufu*” (**1 Tim 1:5**).
- Amateeka gonna gatuukirizibwa mu kigamba nti, “*yagala muliraanwawo nga ggwe wennyini bwe weeyagala*” (**Bar 3:8-10; Bag 5:14**).
- Ekiro ekyakulembera okuttibwa kwe, Yesu yawa abayigirizwabe “*ekiragiwo ekiggya*” ekigamba nti, “*mwagalane, nga nze kennyini bwe nnabaagala*” (**Yok 13:34; 15:17**).
- “*Bwe munaayagalana*” ke kabonero Yesu ke yateekawo mu bwonna “*abantu bonna lwe banaamanya nga muli bayigirizwa bange*” (**Yok 13:35**).
- Okwagala “*ly’ekkubo erisinga ennyo obulungi*” (**1 Kol 12:31**). Kusinga okukkiriza n’essubi (**1 Kol 13:13**). Omuntu yenna bw’ataba na kwagala, nga “*tagasa*” ne bw’ayogera mu nnimi ez’abantu n’eza bamalayika, ng’alina n’ekirabo eky’obunnabbi, ng’alina n’amagezi mangi, ng’alina n’okukkiriza okutambuzwa ensozi (**1 Kol 13:1-2**). Naye omuntu oyo n’ataba na kwagala, talina “*ky’afuna*” ne bwawaayo byonna by’alina okuyamba abaavu ne bwawaayo omubiri gwe okwokebwa (**1 Kol 13:3**).
- “*Okwagala okungi ennyo*” mukulagenga “*okusinga byonna*” ebirala (**1 Peet 4:8**).
- Okwagala kwe kusooka mu “*bibala by’omwoyo*” ebyogerwako mu **Bag 5:22-23** era kwe kuzingazingako byonna “*ebibala by’omwoyo*” (kikulu okumanya nti, “*ebibala by’omwoyo*” kiri mu bumu si mu bungi).
- Okwagala kwe “*kunyweza obumu*” okulina okulagibwa okusinga ebirala byonna (**Bak 3:14**).
- Okwagala ebyawandiikibwa bikuyita “*kabaka w’amateeka*” (**Yak 2:8**).
- Okwagala okusinga kwekwo okw’okwewaayo: “*Tewaliyo kwagala nga kuno, omuntu okuwaayo obulamubwe olwa mikwanogyo*” (**Yok 15:13**).
- Etteeka ly’okwagala lyangu lya kuteeka mu nkola: “*Kale byonna bye mwagala abantu okubakolanga mmwe, nammwe mubakolenga bo bwe mutyo, kubanga ago ge mateeka ne bannabbi*” (**Mat 7:12; Lukka 6:31**).
- Abatume baakuutiranga abakkiriza okwagalana nga bulijjo na bulijjo (**1 Kol 8:1; 16:14; 2 Kol 2:8; 8:24; Bag 5:6, 13; Beef 3:17-19; 4:2, 15; 5:2, 25, 28; Baf 2:1-2; Bak 2:2; 3:14; 1 Bas 3:12; 4:9; Firemoon 9; Beb 10:24; 1 Peet 2:17; 4:8; 2 Peet 1:7; 1 Yok 4:7-11; 2 Yokaana 5**).

Nga twogera ku biruubirirwa n’ebigendererwa by’ekkanisa mu kwagala, tusaanye okujjukira nti: (1) lowooza ku kkanisa mu ngeri y’enkolagana; ate (2) n’obutatunuulira ebyo byokka *ekkanisa by’esobola okukola naye n’engeri gy’ebikolamu*

D. Emirimu n’ebigendererwa eby’ekkanisa ebina ebikulu

Emirimu n’ebigendererwa by’ekkanisa ebikulu bino wammanga bitegekeddwa okukwatagana era byonna bya kigendererwa kya kwolesa okukkiriza kwaffe n’okugulumiza ekitiibwa kya Katonda:

1. Okusinza Katonda. Okusinza *kwolesa* ekisa n’okwagala kwa Katonda gyaali. Okusinza si kikolwa bukolwa naye endowooza oli gy’awulira emuviirako okukola by’akola.
2. Okufuula abakkiriza abayigirizwa. Okufuula abakkiriza abayigirizwa kwe *kulaga* ekisa n’okwagala kwa Katonda mu kkanisa ya Kristo. Obuyigirizwa butwaliramu okukuza abakkiriza mu biti byonna mu “bulamu”, “mu mwoyo” n’ebirala.
3. Okubuulira enjiri abatannalokoka. Okubuulira (obuweereza, okutambula mu bantu) *kutuusa* ekisa n’okwagala kwa Katonda ku batannalokoka.
4. Obumu (okukolera awamu). Obumu n’okukolera awamu bye *byoleka* nti kkanisa kifo abantu mwe bafunira ekisa n’okwagala kwa Katonda. Kkanisa erimu obumu n’okukolera awamu eba yeeyolese lwatu nti esinza Katonda, ekwasisa abakkiriza empisa, era n’omulimo gwayo omukulu kwe kubuulira ekigambo kya Katonda ku nsi.

IV. OKUSINZA

Ekiruubirirwa ky'ekkanisa n'ekigendererwa kyayo kiviirayo mu kusinza Katonda. **Zab 29:2** etukubiriza okusinza: “*Mumuwe Mukama ekitiibwa erinnyalye kye lisaanira; mumusinze Mukama mu butuukirivu obuwooma*” (soma ne **Zab 96:7-9**).

A. Okusinza okusingira ddala kuva mu mutima munda ne kusaasaanira omubiri gwonna so si kungulu kuno n'ebikolebwako

“Ekisinga obukulu, omugaso, okwetaagisa, mu kusinza kwe kusobola *okuba abamativu n'ebyo Katonda by'akola mu Kristo*. Obumativu buno bwe bugulumiza Katonda, ate okugulumiza Katonda kwe kusinza kwennyini. . . . Okusinza tekutandikira bweru wa musinza; kwe kutwala okw'omuwendo okw'Omwoyo okw'empisa n'amakubo ga Katonda mu Kristo. Kikolwa ekiyimusa Kristo, tuba tusiima ebyo Mukama bye yatukolera okuyita mu Kristo. Ebintu ebyo bwe bitagobererwa, okwo kuba tekukyali kusinza, ka wabe nga waliwo ebirala ebikoleddwa.” (Piper 2010: 250-51, *emph. in orig.*)

1. Okusinza kwetoolola ku Katonda ne Kristo. Mu kusinza tuba *twanukula* Katonda olw'ekyo ky'ali, by'atukolera, bye yakola, ne by'anaatukolera. Ekinyusi ky'okusinza kwe kumatizibwa Katonda mu Kristo (soma **Zab 32:11; 37:4; 42:1; 100:2; Baf 1:20-21; 4:4, 10-13; Bak 3:4**).

a. *Okusinza Katonda mu ggulu kwetegereza bino*: Katonda y'ani (ekitiibwa kye; obutonde bwe obw'entiisa), ne bye yatukolera ng'ayita mu Kristo Yesu, by'akola kaanono, ne by'anaakola (obutonzi; obulokozi; obufuzibwe; n'olonaku lwe olw'enkomerero olujja)—soma **Yis 6:1-8; Kub 4-5; 7:9-17; 11:15-19; 15; 19:1-6**.

b. *Ebintu bino bye bimu*—embala ya Katonda n'emirimu gye—gwe mulamwa gw'okusinza mu nnyimba (Zaabuli) enkulu ezisinza (soma **Zab 8; 19; 24; 29; 33; 46-48; 63; 65-68; 76; 84; 87; 92; 93; 96-100; 103; 104; 111; 113; 115; 117; 135; 145-150**).

c. Okusinza tekukoma kubanga ne Katonda takoma.

2. Okusinza kugulumiza Katonda era kwe kutukyusa okutufaananya Kristo.

a. *Katonda yeefuula omuntu n'amugulumiza mu byonna*—obutukuvu, obulungi, okwagala, amazima, amagezi, obwenkanya, okulumirirwa, ekisa, obwesigwa, n'ebirala.

b. *Abantu basukkulumya gwe batendereza*. “Bwe tusinza Katonda olw'obwenkanya bwe, tubufuna. Bwe tumusinza olw'ekisaakye n'okwagala, tufunamu ekisa na kwagalibwa. Bwe tusinza Katonda olw'ebirungi ebyo, tubifuna era tubituukako.” (Dorioni 2001: 92)

B. Okusinza kugazi ddala (gamba, okwesiga Katonda n'okumuweereza mu bulamu bwaffe bwonna) nga tetwerekeddeyo (gamba, bwe twetaba wamu mu mubiri gumu okusinza Mukama)

Ebibiri bino birina akakwate—*bwe tuteemalayo nga tusinza Katonda tuba tusinzirizza bwereere* (soma **Sam 15:22-23; Zab 51:14-17; Yis 1:11-17; 29:13-16; Yer 6:16-20; 7:21-26; Ezek 16:48-50; Kos 6:6; Mik 6:6-8; Mat 12:1-8; 15:5-9; 23:23; Makko 12:28-33; Lukka 6:6-10; Bar 12:1; Bak 3:23-24; Yak 1:27**).

1. Okusinza kuzingiramu ebitundu byonna eby'obulamu bwaffe n'obulamu bwaffe.

a. *Okusinza okutuufu kukolebwa bulijjo mu ffe, naye si ku Ssande lwokka*. Okusinza tekwesigamizibwa ku bantu kye bagamba ob aebintu bye tuyitamamu mu bulamu (soma **Yok 4:21-24; Bar 1:9-10; 12:1; Baf 3:3**). Rick Warren agamba, “Tutera okusoomoozebwa okukola “ebintu ebinene” ku lwa Katonda. Mu butuufu, Katonda asanyuka bwe tumukolera ebintu ebitonotono olw'okwagala n'okugonda. Biyinda obutaba bikulu eri abalala, naye ye Katonda abisiima era atulaba nga tumusinza. Omukisa ogw'amaanyi guyinza okubaawo omulundi gumu mu bulamu, naye so bulijjo waliwo omukisa ogutujjira. Ebikolwa ebirabibwa ng'ebitono omuli okwogera amazima, okugirira abalala ekisa, n'okubagumya, bisanyusa Katonda bwe tubikola. Mukama asanyukira ebikolwa eby'okugonda n'okusinga essaala zaffe, okutendereza, ka bibe ebiweebwayo. Bayibuli etugamba nti, ‘*mukama asanyukira ebiweebwayo ne ssaddaaka okwenkana nga bw'asanyukira okugondera eddoozi lya mukama? Okugonda kusinga ssaddaaka*’ [1 Sam 15:22].” (Warren 2002:96, *emph. in orig.*) Ensonga eno ewumbibwako mu **1 Kol 10:31** awagamba nti, “*Kale oba nga mulya, oba nga munywa.oba nga mukola ekigambo kyonna, mukolenga byonna olw'ekitiibwa kya Katonda*” (soma ne **Beef 5:18-20; 6:7; Bak 3:17, 23**). John Piper ensonga eno agifunza bw'ati, “Endagaano Empya eyogera ku bikulu mu kusinza [1 Kol 10:31; Bak 3:17] awatali kujuliza bikwata ku kusinza. Wannonyonnyola obulamu. Kya mazima, ebigambo ebikulu biri nti ‘bulijjo’ ne ‘olwa byonna’—‘okwebazanga bulijjo

olwa buli kimu' [Beef 5:20]. Eky'amazima kino kye tuteekeddwa okukola nga tusinza, naye si buvunaanyizibwa bwa Pawulo okukitugamba. Ekimukakatako kwe kutukubiriza okukyuka, nga tutandikira munda okusobola okusinza mu ngeri esinga okuba ennungi." (Piper 2010: 245)

b. *Okusinza okutuufu kukolebwa omubiri gwonna (omutwe n'omutima; endowooza n'ebusimu, n'okwagala)*. Okusinza Katonda okutuufu kwekwo okukolebwa "mu mwoyo ne mu mazima" (Yok 4:21-24).

(1) "Omwoyo" kitegeeza nti tulina okusinza mu mitima gyaffe, endowooza, ne mu mwoyo nga bwe tulambikibwa omwoyo (soma Mat 15:8-9; 1 Kol 14:25).

(2) "Amazima" kiraga nti okusinza kwandyesigamiziddwa ku njiri ne ku kigambo kya Katonda (Bayibuli), kubanga Katonda agulumiza ekigambokye era yatweragira mu kigambo eyeefuula omuntu (Yesu) ne mu kigambo kye ekyawandiikibwa (Bayibuli), nga gano ge mazima (Zab 119; 138:2; Yok 1:1-14; 14:6; 17:17; Beef.. 1:13; 1 Tim 2:15; 3:16-17; Beb 1:1-2; Yak 1:18).

2. Okusinza kwe kulaga okwewaayo kwaffe eri Katonda mu ngeri zonna ze yatulagira. Awo nno, Katonda tumusinza mu ngeri zino:

a. *Okuyimba* (Zab 47:67; 95:1-7; 96:1-10; 98:1-6; Makko 14:26; 1 Kol 14:26; Beef 5:18-19; Bak 3:16; Kub 5:8-10).

b. *Okumutendereza* (Zab 111:1-10; 112:1; 135:1-4; 144:1-150:6; Lukka 24:52-53; Bik 2:46-47; Bar 15:7-13; Beb 2:11-12; 13:15; 1 Peet 4:11; Kub 4:8-11; 5:11-14; 7:9-14; 19:4-6).

c. *Okwatula n'okwenenya ebibi*. Okugulumiza Katonda kututuusa ku kwenenya ebibi. Bwe twenenya tuba bakakafu nti tusonyiyiddwa (soma Zab 34:18; 51:16-17; Yis 6:3-7; Lukka 5:8; 2 Kol 7:9-11; Yak 5:16; 1 Yok 1:5-9; Kub 5:2-5).

d. *Eky'eggulo kya Mukama waffe* (1 Kol 10:16-17; 11:23-26).

e. *Amasomo, okubuulira, n'okusomesa ekigambokye* (Bik 2:42; 5:42; 1 Kol 14:19; 2 Kol 4:5; 1Tim 4:6, 11, 13, 16; 6:2b; 2 Tim 2:2; 3:16-17; 4:1-4; Tito 2:1).

f. *Okusaba* (Bik 1:14; 2:42; 1 Tim 2).

g. *Okuwaayo* (1 Kol 16:1-2; 2 Kol 8-9).

h. *Okuwaayo obulamu bwaffe nga ssaddaaka ennamu* (Yok 10:27; 15:8; Bar 12:1; Beef 2:8-10; 4:11- 5:21; Bak 1:9-10; 2:6-7; 3:23-24)

V. OBUYIGIRIZWA

- Ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza "omuyigiriza" bakiyita *mathētēs*. "*Mathētēs* kigambo kirina amakulu ag'enjawulo mu ndagaano empya okuva ku musomi oba omuyizi. Kitegeeza omuntu akkiriza ebiragiro ebimuweereddwa era n'abitambulirako." (Zodhiates 1993: *mathētēs*, 936)
- "Yesu bw'aba annyonyola amakulu g'ekigambo omuyigiriza atunuulira ebintu bisatu omuli; ekigendererwa, enkolagana, n'obubuulizi. Ebintu bino byeyolekera mu kubuulira enjiri ey'amazima (ekigendererwa) ku nkolagana ne bannaffe (enkolagana) n'ekigendererwa eky'okubatiza abantu mu linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu (okubuulira). *Omuyigirizwa wa Yesu, y'oyo, ayiga ekigambo, n'akifumitirizaako, era n'akibuulira abalala*. Mu bufunze, abayigirizwa bazimbiddwa ku njiri." (Dodson 2012: 37-38, emph. in orig.)
- "Omuyigirizwa ye muntu: Agoberera Kristo (Mukama we). Omuyigirizwa obulamu abuwaayo eri Yesu Kristo kaakati, nga ye Mukama era omulokozi w'obulamubwe. N'akyusibwa Yesu (mu mutima). Yesu yagamba nti omuti tuguteegerera ku bibala byagwo (soma Mat 7:17-20). Yali tayogera ku kibala ekitukiridde; Yali ategeza ekibala ekikula. Bwe tugoberera Yesu, atukyusa kuva munda—Akyusa ekyo kyooli. Okwewaayo okwemaliza obuweereza bwa Yesu olokola abantu okuva mu kibi (emikono). Yesu yatulokola lwa kigendererwa. . . . Obutume bwa Katonda kati bubaka bwaffe, era tukimanyi nti tuvunaanyizibwa ku kutundu kyaffe eky'ebyafaayo. Emikono gyaffe gya kuweereza kwe. . . . Mirimo era buvanaanyizibwa bwa buli Mukulistaayo okuba omuyigirizwa wa Yesu, era buvanaanyizibwa bwa buli kkanisa okufuula abayigirizwa. (Putnam 2010: 32-33, 35).
- "Obuyigirizwa nkolagana enjenderere mwe tubambulira wamu n'abayigirizwa abalala okusobola okuzzaamu anaanyi, okussaamu eby'okukozesa n'okusomoozagana mu kwagala okukula okutuuka mu kukula mu Kristo. Mu kino mulimu okuyamba abayigirizwa okusomesa bannaabwe." (Ogden 2007: 4n.5)

- “Bw’oyigiriza abalala, oba ozimba kkanisa. Naye bw’osooka okuzimba ekkansa, ate abayigirizwa bakulema okufuna. Twetaaga okutegeera ekkansa nti mu yo abayigirizwa mwe *banywezebwa* naye si mwe bava. Bw’osalawo okuzimba ekkansa si kya tteeka nti ofuna abayigirizwa. Kiyinzika nnyo nti ojja kutondawo abaguzi abesigam ku mpereereza ey’eby’omwoyo abakugu mu by’eddiini gye bakola.” (Breen 2011: 11)
- “Ekkansa yo nnungi nga abayigirizwa baayo bokka. Ebyuma ebiboggola, okubuulira okw’amaanyi, ebifo eby’omulembe ne pulogulaamu ez’ekitalo tebifuula Kkanisa nnesinga abayigirizwa baba bakozeza bokka era nga tebeenyigira mu mulimu munene ogw’okufuula abayigirizwa. Naye abayigirizwa mu kkanisayo bwe baba bamanyi ekyokukola nga babbuulira enjiri, awo kkanisayo eba y’amaanyi era enywevu. . . . Ebbanga libadde ddene ng’ebintu tubikola ssambalasangala. Kaakano tuteekwa okukyusa enkola. Tusuubira nti okuba n’abayigirizwa abalungi kye kinaayamba okuzimba kkanisa eyeeyagaza, nga kino tukikola essira tulisimbye ku kuzimba abayigirizwa.” (Cole 2011: n.p.)
- “Mu kkanisa eri ku mulamwa, mu baamu okusinja ekireetera okubuulira, omwo mwe muva obuyigirizwa. . . . Okubuulira kuteekwa bulijjo okuluubirira okukyusa abantu b’ekitundu n’okubayingiza mu ekkansa, kati awo kiba kyangi okubafuula abayigirizwa. Omuntu bwabuulirwa enjiri naye n’ategatta ku kkanisa, aba tayambiddwa anti aba ng’omwana omuto ataneeyinza alekeddwa mu mpewo. . . . Ebigambo ebikulu: *Amakulu g’okubuulira, mu mulimo ogw’Obutume Obukulu, bwe buyigirizwa.*” (Colson 1992: 343-45, emph. in orig.)

A. Okwesigama ku byawandikibwa

Omulamwa n’obukulu bwa kkanisa buli mu kuteekateeka baweereza baayo mu buweereza bwe balimu kwe kugamba, okufuula abantu abayigirizwa. Okunnyonyola okusinga obulungi ku nsonga eno kusangibwa mu **Beef 4:11-16**: ¹¹*Abamu yabawa kuba abatume, abalala bannabbi, n’abamu babuulizi, abalala basumba n’abalala basomesa,* ¹²*olw’okutuukiriza abatukuvu, olw’omulimo ogw’okuweereza, olw’okuzimba omubiri gwa Kristo;* ¹³*Okutuusa ffenna bwe tulibeera n’okukkirize okumu, n’okumanya Omwana wa Katonda, tube bakulu mu by’omwoyo, abatuukiridde mu bulamu bwa Kristo.* ¹⁴*Olwo, nga tetukyali baana bato, abazibwa eno n’eri abatwalibwa mu muyaga gw’enjigiriza, y’abantu abakuusa, olw’enkwe ze basala;* ¹⁵*naye twogere amazima mu kwagala, tulyoke tukule mu byonna mu Ye oyo omutwe, era Kristo,* ¹⁶*okuvs gy’ali omubiri gwonna, okukwatagana n’okukwatibwa awamu n’ebyo buli nyingo gye kiwa, okusenziira kun kola entuufu eya buli kitundu kinnoomu, kireeta okukula kw’omubiri olw’okuzimba mu kwagala* (soma ne **Bar 8:29; Bak 1:28-29; 1 Bas 3:11-13; 2 Tim 2:2; 1 Yok 2:3-6**).

Emirundi mingi, Yesu tumulaba ng’ayita abantu okumugoberera era ng’abayigirizwabe ababuulira n’engeri omuyigirizwa bwe yandibadde (soma **Mat 4:18-22; 5:3-16; 10:24-25; 12:46-50; Makko 3:31-35; Lukka 6:40; 8:19-21; 9:23-24, 57-62; 14:25-33; Yok 8:31-32; 13:34-35; 15:1-8, 18-20**).

B. Omusingi gw’obuyigirizwa: enjiri

Katonda mutukuvu, mwenkanya, mutukuvu, era mulungi (**Lub 18:25; Kuv 34:6-7; Leev 11:44; Yob 34:10-12; Zab 5:4; 136:1; 145:17; Hak 1:13; Bar 1:18; Yak 1:13**). Newankubadde abantu abaasooka (Adamu ne Kaawa) baatondebwa nga tebaliiko kibi, baasalawo okugoberera setaani n’okujeemera Katonda era ne boonoona (**Lub 3:1-19**). N’ekyavaamu, buli muntu yenna azaalibwa n’ekibi kino ekisikire ekya Adamu ne Eva; ekibi kino ekisikire “tteeka” era maanyi agafugira munda mu buli muntu (**Bar 7:5, 8-11, 14-24; Bag 5:17; Beb 3:12-13**). Kye kyaviirako abantu okutambulira mu bulamu obw’ekibi (**Lub 8:21; Zab 51:5; 143:1- 2; Yer 17:9; Makko 7:20-23; Bar 3:9-18, 23; 5:12-14; 7:14-24**). Bayibuli etubuulira butereevu ekyava mu kino: “empeera y’ekibi kufa” (**Bar 6:23**; soma ne **Lub 2:17; Ezek 18:4, 20; Bar 5:12**). Kubanga Katonda mutukuvu, tasobola kugumiikiriza kibi (Kabakuuku 1:13; Bar. 1:18). Katonda era mwenkanya: “Olw’okubanga mutuukirivu era taliiko kibi Katonda tasobola kutunula butunuzi ng’omwana w’omuntu ayonoona aba alina okumutereza mu kkubo eggolokofu.” (Alexander 2008: 130, 131)

Abantu bwe baba ba kutambulira mu butuukirivu ne Katonda n’okufuna obulamu obutaggwaawo, awo ekibi kyabwe kinaafuuka lufumo. Wano we wava obuzibu. Kubanga Katonda mwerufu era mutukuvu, era eyo y’embeera naffe mw’atulabira (**Mat 5:48**). Ekizibu kye tulina ng’abantu kiri nti, tetusobola kufaanana Katonda mu butuukirivu n’obwerufu ku lwaffe. Okusooka, “omuntu bw’ayonoona, kimubeerera kizibu okuddamu okuba omutuukirivu” (Sproul 2002: 94). Ekyokubiri, eky’ennaku nti n’ebikolwa bya ffe ebirungi ate bisaabulibwa ekibi. Ekituufu, bwe tugamba nti tukola ebirungi nga tuluubirira okuwona okmusango ga Katonda ne Ggeyeena, kati ekyo kyennyini kye “kijjungulula” ebikolwa byaffe ebirungi kubanga bwe tuba twagala kuwona muliro nga tukola “ebikolwa ebirungi,” ebikolwa ebyo biba bifuuse bya kweyagaliza na kwegwanyiza mu kunnyonyola okutuufu, ate nga kino nakyo kibi. Ekyokusatu, tetumanyi

bikolwa bimeka ebirungi ebisobola okumalawo embala yaffe ey'ekibi n'ekibi eky'omu mutima. Awo nno, ebikolwa ebirungi tebikyusa muntu mulyake era omwonoonyi kuba mutuukirivu; basigala bonoonyi bennyini. Kyokka, Katonda kwagala era tayagala muntu n'omu kuzikirira (**Ezek 18:23; 33:11; 2 Peet 3:9; 1 Yok 4:8**).

Kakati enjiri kye ki? Ekigambo “enjiri” mu Luyonaani kye bayita (*euaggelion*) ekitegeza “amawulire amalungi” (Danker 2000: *euaggelion*, 402; Green and McKnight 1992: 282). “Ekigambo ky'Oluayonaani kino ‘enjiri’ (ev-angelion) kye kyateekawo enjawulo wakati w'amawulire ag'Ekikulisitaayo n'eddiini endala zonna. Amawulire ag'ebyaafaayo ng'agokutuuka ku buwanguzi mu lutalo, oba okutuuzza Kabaka omuggya ku nnamulondo, gano gaakyusa ng'embeeera z'omuntu agawulidde era ng'alina okubaako ky'ayogerako. N'olwekyo, enjiri mawulire g'ebyo Katonda bye yatukolera. Tewali kye tuyinza kukola okutuuka Katonda.” (Keller n.d.: 1) Enjiri ge mawulire amalungi ag'ebyo Katonda bye yatukolera ffe kye tutandisobodde kwekolera. Katonda yeefuula omuntu okuyita mu Yesu Kristo. Yesu yatambulira mu bulamu ffe bwe twanditambuliddemu *ng'omuntu*; yagondera Katonda Kitaffe mu buli kintu kyonna; bambi “*yakemebwa mu bintu byonna era nga ffe, kyokka teyalina kibi*” (**Beb 4:15**). Ekyo kye kyamusaanyiza okutuukirira, okwetikka ebibi byaffe n'asasula n'omutango ffe gwe twalina okusasula naye nga tetusobola (**Bar 8:1-4; 2 Kol 5:21; Bag 3:13; Bak 2:13-14; 1 Tim 2:5-6; 1 Peet 2:24**). Mu kiseera kye kimu, Yesu Kristo yali Katonda. “Obulumi Katonda teyabuteeka ku muntu mulala yenna, wabula ku musaalaba era wano we bwaggweera obubi n'obuvuyo bw'ensi n'abweteekako ye. . . . Katonda mwene ye yawayo omwana we n'afuuka omuntu okulwanirira obwenkanya n'okwagala olw'ekisa okusobola okusaanyaawo obubi bwonna ffe tutaasibwe. . . . Lwaki Yesu *yalina* okufa tulyoke tusonyiyibwe? Waaliwo ebbanja eryali lirina okusasulwa—Katonda mwene ye yalyesasulira. Waliwo omutango ogw'okuliwa—Katonda mwene n'aguliwa . . . bwe yali ku musaalaba ekisa n'obwenkanya byafunibwa—byombi byakolebwako lumu. Okufa kwa Yesu kwali kwetaagisa Mukama atuwe obwenkaya olw'okutwagala.” (Keller 2008: 192-93, 197)

Okuzuukira kwa Yesu okuva mu magombe n'okuddayo ewa Kitaffe kwe kwalaga Yesu kye yali era n'okutegeza ne kutegeza nti Kitaffe yali akkiriza ssaddaaka ye ey'okufa ku musaalaba ku lwaffe. Ekyavaamu, kyekyo Yesu kye yatukolera era ky'ali gwe mulamwa gw'enjiri gwennyini. Mirundi mingi mu Ndagaano Empya we kirabikira okugeza, **1 Kol 15:1-5**: “*Kale mbategeeza ab'oluganda, enjiri gye nnabuulira, era gye nnaweebwa, era gye munywereramu, era gye mulokokeramu; mbategeeza ebigambo bye nnagibuuliriramu, oba nga muginyweza, wabula nga mwakkiriza bwereere. Kubanga nnasooka okubawa mmwe era kye nnaweebwa, nga Kristo yafa olw'ebibi byaffe ng'ebyawandiikibwa bwe byogera, era nga yaziikibwa; era nga yazuukizibwa ku lunaku olw'okusatu ng'ebyawandiikibwa bwe byogera, era nga yalabikira keefa n'alyoka alabikira ekkumi n'ababiri*” (soma ne **Yok 20:30-31; Bik 10:36-43; 16:30-31; Bar 1:1-4, 16-17; 3:23-28; 10:8-13; 1 Kol 2:2; 1 Peet 3:18**). Obulokozi *butuweebwa* Katonda ffe abantu nga *ekirabo* ekiva mu *kisaakye; kiweebwa* abantu bwe baba n'okukkiriza mu Kristo. Nga **Beef 2:8-9** bwe wagamba, “*Ku lw'ekisa mwalokolebwa olw'okukkiriza; si ku lwammwe, mnaye kiorabo kya Katonda; si lwa bikolwa, walyoke wabule eyeenyumiriza*.” Okulokolebwa kutegeza okwenenya ebibi byaffe, okukkiriza Kristo bye yatukole olw'okukkiriza, tudde eri Kristo Mukama w'obulamu bwaffe (**Mat 11:28; Makko 1:14-15; Yok 1:12; 3:16; 17:3; Bik 26:20; 1 Yok 1:8-9**). Mu Kristo, tetuliiko musango gwonna na kya kunenyezebwa byombi yabitusalira nga tulinga ffe abesahasulidde (**Bar 6:3-7; Bag 2:20**). Mu mazima, bwe tudda eri Kristo mu kukkiriza, tatuggyako buggya bibi byaffe naye atuweerayo n'omutango ogwandibadde ogwaffe, n'atuwa obutuukirivube ffe tulyoke tusaanire mu maaso ga Katonda (**Yis 53:5-6, 10-11; Bar 10:4; 2 Kol 5:21; Beb 2:17-18; 1 Peet 2:4; 3:18**).

Bwe tukkiriza enjiri ne tudda eri Kristo nga Mukama waffe, obulamu bwaffe bwonna bukyuuka: (1) Abo bonna abaayungibwa ku Kristo olw'okukkiriza bakakafu nti baalokolebwa. Singa obulokozi bwali businziira ku bikolwa byaffe, tetwandibufunye kubanga twandikalubiriddwa okumanya nti “tukooze ekisaana” okulokolebwa. Kyokka, olw'okubanga Katonda yatukolera kye tutandiyinzizza ng'ayita mu Kristo, Abakulisitaayo balina era basobola okuba n'obukakafu nti baalokolebwa era ekyo tekigenda kuvaawo (**Yok 3:36; 6:37, 47; 11:25; 1 Yok 5:11-12**). (2) Okulokolebwa n'okuba obumu mu Kristo kye kye kiwonya Abakulisitaayo obufuge bw'amateeka. “Omusaalaba gwatuwonya amaanyi g'ekibi, gwe gumalawo obusungu bwa Katonda, gunaazaawo ekiswalo n'ebbala ly'ekibi, gutabaganya abakkiriza ne Katonda, ne guwangula emyoyo gyonna emibi” (Demarest 1997: 196). (3) Okulokoka n'okusemberera Kristo kye kikyusa Abakulisitaayo munda. Omuntu yenna ajja eri Yesu, afuna omutima omuggya (**Ezek 36:26; 2 Kol 3:3**), endowooza ya Kristo (**1 Kol 2:16**), n'omwoyo wa Kristo (**Ezek 36:26; Yok 14:17**). (4) Okulokoka n'okusemberera Kristo kye kiwa Abakulisitaayo enkolagana eya nnamaddala era ey'obuntu naye, enkolagana ey'obuntu ne Katonda olwa Yesu. Abakulisitaayobasobola “*okusemberera nnamulondo ya Katonda ey'ekisa n'obuvumu*” (**Beb 4:16; soma ne Beb 7:19**) kubanga Kristo ali “mu” bakkiriza (**Yok 14:20; 17:23; Bar 8:10; Bag 2:20; Beef 3:17; Bak 1:27; 1 Yok 3:24; Kub. 3:20**) n'abakkiriza ne baba “mu Kristo” (**Bar 8:1;**

12:5; 16: 6, 7, 9-10; 1 Kol 1:2, 30; 4:10, 15; 15:18, 22; 2 Kor 1:21; 5:17; 12:2; Bag 1:22; 3:28; 6:15; Beef 1:3; 2:6, 10; Baf 1:1; Bak 1:2; 1 Bas 2:14; 4:16; 1 Tim 3:13; 2 Tim 3:12; Firemoon 23; 1 Peet 5:14).

Okulokoka n'okudda eri Yesu Abakulisitaayo kye kibazza obuggya. Kubanga Yesu ali mu ffe twafuna obulamu obuggya, endowooza empya, n'emmeeme empya, by'ayagala ne bye yettanira naffe bye tugoberera. Akolera mu ffe ku lwaffe okuutufaananya nga ye (**Bar 8:29; Baf 2:12-13**). (6) Okulokoka n'okudda eri Yesu kukuzza buggya (**Yok 3:3; Bar 6:4; 2 Kol 5:17; Bag 6:15**); abakkiriza bayingizibwa mu maka ga Katonda ne bafuuka baanabe (**Yok 1:12; Bar 8:14-17, 23; 9:4; Bag 3:26; 4:5-7; Beef 1:5; 2:19; 1 Yok 3:1**) era ne bazimba n'enkolagana eya nnamaddala ng'abooluganda (soma **Mat 12:50; Bik 1:16; 6:3; 11:29; 12:17; 16:40; 18:18; 21:7, 17; Bar 14:10; 1 Tim 5:1-2**). (7) Olunaku lumu, Kristo wa kudda azze buggya ensi ensi yonna n'ebitonde byonna (**Bar 8:18-23; 2 Peet 3:3-13; Kub 21:1-11**). Mu kutwaliza awamu eyo y'enjiri.

Okutegeera obulungi n'okusiima enjiri n'ebigenderako bye bikola obuyigirizwa: "Enjiri ya bayigirizwa, naye si y'aboononyi;" erokola ate ekyusa abantu n'enkolagana yaabwe, nsi bantu buntu nga bo Omuyigirizwa alina okwesiga Yesu, n'okukkiriza enjiri. Ekintu kino kiyinza okulabika ng'ekyangu, ekizibu abasinga kye tulina kwe kulemererwa okutegeera ekikulu mu kwesiga Yesu n'okukkiriza enjiri [Obutume obukulu} bw bw'okubuulira enjiri eri abaafuuka edda abayigirizwa n'abatannalokoka. Yesu mu by'akola atandika na kubuulira njiri, kino kye kyamuyamba okufuna abayigirizwa. Abantu tasooka kubalagira kubuulira enjiri, ate n'alyoka abafuula abayigirizwabe. Byombi okubuulira n'obuyigirizwa bisimbye ku kubunya njiri Yesu yabuulira y'emu eri abantu mwe yaggya abayigirizwa. Ekkumi n'ababiri teyabalina nti bali ku bbali, nti yali yabategesewo nga yabasomesa dda. Eniri egatta abasoma n'abataasoma kubanga tewali atikkirwa mu njiri. Yesuenjiri y'emu ey'eggulu gye yabuulira aboononyi n'abatuukirivu. Lwaki yakola kino? Kubanga ekigendererwakye kyali kya kutuwa kisa ffe abaaali bamaze okwonoonebwa ekibi, Abakulisitaayo n'abatali. Bombi banno beetaagira dddala okusonyiyibwa, okutabana, n'okunnyikira amaanyi g'enjiri balyoke bamanye n'okweyagalira mu Katonda, si mulundi gumu naye bulijjo ne bulijjo." (Dodson 2012: 17, 19, 36, 38)

Abakulembeze b'ekkanisa bangi tebamanyi njiri: Bo baakwata bikwate, nti bw'obuuliramu awo eri aboononyi naddala, bo n'okulowooza balowooza nti waliwo ebisaanyizo omuntu by'aba nabyo "okusobola okulokolebwa." Kaakati abakulembeze ng'abo kikulga nti beesigama ku biragiro na mateeka ga bantu, bwe badda ku katuuti nga babuulira bakoona abakkiriza, nga bwe babatiisatiisa okubagoba' baleme okubaako kye boogera. Enkola eno y'eraga nti ka babe bakulembeze oba bakkiriza tekuli ategeera bya njiri. Ekituufu, "Enjiri [ya] bwakabaka obw'omu ggulu, ewa era erina obuyinza ku bulamu bw'abantu. Ebyetaago byonna enjiri ebizingira wamu, ate buli kyetaago enjiri esobola okukikolako." (Ibid.: 37)¹⁴

Enjiri etukyusa muli munda ne tutandika okubaawo olw'okukkiriza Yesu nga Mukama w'obulamu bwaffe. Darrow Miller ayogera ku lutalo olw'ebirowoozo olubeeera mu kkanisa "ku ki ekirina okusoosowazibwa ku kubuulira enjiri n'okukwasisa empisa. Enjuyi zombie entuufu, ate era enjuyi zombi nkyamu. Okukyusibwa kutegeera kukyusa ndowooza, mu mbeera zonna ez'obulamu, nga bw'olaba ekisaanyi bwe kifukamu ekiwojolo. kukyusa bukyusa ndowooza za ddiini naye okukyusiza ddala obulamu bw'omuntu. . . . Okukyusibwa kuno kutandikira eri munda, mu muntu by'ayagala ne by'akkiririzaamu, ne kutuuuka n'ebweru olwo omuntu n'akyusa enneyisaaye n'ebigenderako. Enjiri esingawo nnyo ku kubuulira. Abakulisitaayo bangi bali baaajungulula ekiragiro kya Kristo eky'okufuula abantu bonna abayigirizwa, kaakati beekolera byabwe; naye mu njiri Katonda mw'ayita okukola ku byetaago by'omuntu." (Miller 1998: 73) N'olwekyo omuntu bw'akyusibwa enjiri, teyeepankirwako:

- Okulokolebwa n'okuba obumu ne Kristo kye kiwa Abakulisitaayo enkolagana, ey'obuntu ne Katonda okuyita mu Kristo. Omuntu yenna bw'ajja eri Kristo, afuuka "kitonde kiggya" (**2 Kol 5:17**).

¹⁴ Mu *The Cost of Discipleship* Dietrich Bonhoeffer yamanyika okuwawukanya kye yayita "ekisa ekya laayisi" okolekana "ekisa eky'ebeeyi": "Ekisa ekya laayisi" kwe kubuulira okusinyiyibwa nga tekyetaagisa kwenenya, okubatizibwa awatali kukangavvulwa mu kkanisa, Okusembera awatali kwatula, okusonyiyibwa awatali kwatula kwa muntu ku bubwe. Ekisa ekya laayisi ye kisa ekitaliiko buyigirizwa, ekisa ekitaliiko musaalaba, ekisa ekitaliiko Yesu Kristo, ekiramu era ekifuuse omuntu. . . . Ekisa eky'ebeeyi ye enjiri etekwa *okunoonyereza* efunda n'efunda, ekirabo ekiteekwa *okusabwa*, oluggi omuntu lw'alina *okukonkona*. Ekisa ng'ekyo *eky'ebeeyi* kubanga kituyita okugoberera, era kye kisa kubanga kituyita okugoberera *Yesu Kristo*. Kya beeyi kubanga kifiiiriza omuntu obulamu bwe, era kye kisa kubanga kye kiwa omuntu obulamu booka obwa ddala. Kya beeyi kubanga kivumirira ekibi ate era kubanga kiweesa omwanoonyi obutuukirivu. Okusinga byonna, Kuba kya *beeyi* kubanga kyafiiriza Katonda obulamu bw'Omwana we . . . era ekyafiiriza Katonda ebingi tekiyinzira kuba kya laayisi gye tuli. Okusinga byonna, kisa kubanga Katonda teyabala Mwana we nga muwendo nnyo okusasula obulamu bwaffe, wabula yamuwaayo ku lwaffe. . . . Ekisa eky'ebeeyi kitutunuulira ng'omulanga ogw'ekisa okugoberera Yesu, kijja ng'ekigambo eky'okusinyiwa omwoyo ogumenyese n'omutima oguboneeredde. Ekisa kya ebeeyi kubanga kiwaliriza omuntu okugondera ekikoligo kya Kristo n'omugoberera; Kisa kubanga Yesu agamba nti: 'Ekikoligo kyange kyangu ate omugugu gwange si muzito.'" (Bonhoeffer 1963: 47-48)

OKulambikibwa okutuufu ku bulamu obw'obutuukirivu tekufunika kutyo (olw'okugondera amateeka n'obulombolombo) naye kuviira ddala munda; ensibuko y'amaanyi n'okulambikibwa ye Yesu yennyini, nga abeera mu bantube. Nga **Bag 2:20** bw'akirambika, *“Nnakomererwa wamu ne Kristo, naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu munze; era obulamu bw nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange.”* Yesu atuwa emitima emiggya (**Ezek 36:26; 2 Kol 3:3**), endowooza (**1 Kol 2:16**), n'emmeeme (**Ezek 36:26; Yok 14:17**). Ekigambokye akiteeka mu ffe era ne kikola ku lwaffe (**Yok 6:63; 68; 8:31-32; 14:26; 16:13-15; 2 Yok 9**). Olw'ekyo Krisro kye yawa abamukkiriza, abantube mpolaampola bagenda kutukuzibwa munda n'okukyusibwa basobole *“okugenda nga bakyusibwa batyo okutuuka okufaanana [Yesu Kristo]”* (**Bar 8:29**).

- Enjiri y'ekyusa enneeyisa yaffe. Omusaalaba gwe gwatununula mu maanyi g'ekibi; tetukyali baddu baakyo (**Yok 8:34; Bar. 6:16**) naye kati twekutte ku Kristo (**Beef 6:6**). Kino kye kiwa Abakulisitaayo obulamu obuggya n'amakulu mu bwo. “Eddini etambulira mu bikwate ‘Olw'okubanga ndi mugonvu nteekwa buteekwa okukkirizibwa Katonda.’ Naye ennono y'enjiri eri nti ‘Olw'okuba ebyo Yesu bye yankolera, Katonda yanzikiriza—nange ka ngonde.” (Keller 2008: 179-80) Nga bwe twalabye, omuntu yenna bw'asenga Yesu, n'akkiriza okuba n'enkolagana era okola naye, *awatali kuwannaanya* omuntu oyo afuna ebyetaagisa omulimo (omutima omuggya, endowooza empya, n'Omwoyo omupya) bino omukkiriza bye bimusobozesa okubeera n'obulamu obupya, obw'empisa, obuweesa Katonda ekitiibwa. *Ku bw'obuntu* “Okubonaabona kwa Kristo ku lwaffe kwe kutuwa eky'okulabirako ate naffe ekitukyusa mu ndaba y'ebintu, ebigendererwa n'enneeyisa,” (Demarest 1997: 196). Embeera eno efaananako n'okuganza omuntu: “Omukwano gw'olina gwe gukuyaayanyisa omwagalwawo akukkirize. . . . [Bw'owasa omuntu oyo] otandika okugamba nti, ‘Otyo kaakati nkimaze kye njagala kye nkola?’ Ekituufu kiri nti nedda. Awo otandika kwetuma wekka tolinda na kukulagira. Buli ky'olowooza nti kisanyusa gw'oyagala okikola. Awatali kuwalirizibwa oba kukakibwa kwonna, kubanga enneeyisayo yakyusibwa endowooza n'omutima gw'omwagalawo.” (Keller 2008: 183) Ky'ova olaba nga **Bar 6:1-2** agamba nti, *“Kale tunaayogera tutya? Tunyikirenga okukola ekibi ekisa kyeyongere? Kitalo. Abaafa ku kibi, tunaabeera tutya abalamu mu kyo nate?”* Ekikulu, “tuteekwa ffenna okutegeera obulungi n'ekitiibwa kya Yesu bulijjo wamu n'ekisa kye yatugirira, kye kinaatusindiikiriza okugonda n'okunywerera ku Kristo” (Dodson 2012: 74).

Ekyenkomerero, obuyigirizwa nkola ya kufuula omuntu omuyigiriza n'atuukira ddala *okukkiriza* enjiri n'eyingirira omutima gwe, endowooza ye n'okwagala kwe n'ensonga endala zonna mu bulamu. Mu mazima, nga Timothy Keller bw'agamba, “Ebizibu byonna, kibe kya ssekinoomu oba ky'awamu, bijja lwa kulemererwa kutuukiriza ekyo enjiri ky'egamba, okulemererwa 'okutambulira mu mazima g'enjiri' (Bag. 2:14). Okusoberwa kwonna mu kkanisa n'okulemererwa kuva kukwata bubu njiri n'ebuulirwa mu ngeri eya kifuula nnege. Singa enjiri ennyonyolwa era n'ekozesebwa mu bujjuvu bwayo mu kkanisa yonna, ekkkanisa eyo ejja kutandika okulabika nga ya njawulo nnyo. Abantu ebanguyira okugyesiga n'okugyenyumirizaamu.” (Keller 2000: 9) Embeera bw'eti Bayibuli eginnyonyolako ng'okukkiriza n'okutambulira mu njiri “ng'olutalo” oba “omulimo” oba “okulafuubana” (**Bak 1:29; 4:12; 1 Tim 1:18; 4:10; 6:12; 2 Tim 4:7**). “Tulwana okukuuma ekifaananyi n'ekitiibwa kya Katonda ekyakaayakana mu maaso ga Kristo. Okukkiriza kuno tetulwanirira kutuukirizibwa wabula okukkiriza. Tulwana okukkiriza nti Yesu wa muwendo nnyo, amatiza, asanyusa okusinga ekintu ekirala kyonna ekiri mu nsi. Kuno kwe kukkiririza mu njiri—okulangirira okusinga wonna nti Yesu yawangula ekibi, okufa, n'obubi okuyita mu kufaaawe n'okuzuukira kwe n'atuzza obuggya. Bwe tukkiriza enjiri, tweyalagira mu bisuubizo by'ekisa kya Katonda, emirembe gye n'essanyu lye. Bwe tulema okukkiriza enjiri, ebintu bino bitusuba. Ekikulu mu byonna, Yesu tumuvaako, ensibuko y'amaanyi gaffe, okwegomba kwonna n'okukkiriza.” (Dodson 2012: 60). Enjiri ky'eva ebeera omusingi gw'obuyigirizwa.¹⁵

¹⁵ Kw'olabira omuntu akkiriza enjiri, kwe kubatizibwa. Andreas Köstenberger okubatiza akuyita “ekitundu eky'omugaso ennyo mu bulamu bw'omuyigirizwa” (Köstenberger 2006: 33). Agamba nti mu “Tteeka ekkulu” (**Mat 28:18-20**), okufuula abantu abayigirizwa tokwawukanya na “kubatiza abo abalokose n'okubasomesa okugondera ebiragi bya Yesu (soma ne Yokaana 4:1). Kkanisa yonna eri ku mulamwa eteekwa ekiragi kya Kristo omuzuukivu eky'okubuulira enjiri n'okugibunyisa wonna okulaba ng'abalokoka beyongera, ne babatizibwa, ne bayigirizibwa n'okukula mu Bukulisitaayo. Nga bakula ng'aba ssekinoomu, abo bonna abasazeewo okukkiriza Yesu Kristo ne beenenya ebibi byabwe bateekwa okubatizibwa nga kino kitundu ku bulamu bwabwe obw'obuyigirizwa obw'obukulisitaayo. Wadde wayinza okubaawo ekiseera eky'okuyigirizibwa ekikulemba okubatizibwa, tewalina kuteekebwawo kiremwa yenna mu lugendo lw'omuntu alokose era ayaayaanira okubatizibwa.” (Ibid.)

C. Ekinyusi ky'obuyigirizwa

Omuyigirizwa yenna bw'akkiriza enjiri, n'agitegeera, obulamu bwe bwonna ebukyusa. Ky'ova olaba nga Peetero (ne Balunabba) baalekayo okulya n'abamawanga, era ye Pawulo “yamunenya maaso ku maaaso” (**Bag 2:11**) ng'agamba nti “tebaali balambulukufu ku bikwata ku mazima g'enjiri” (**Bag 2:14**). “Nga Bayibuli bw'erambika kikola mu bulamu bwonna, kkanisa kigikakatako okulambika bammemba baayo mu mbeera zonna” (Colson 1992: 287). Kino kitegeeza nti obuyigirizwa n'emitendera gyonna egiyitibwamu okubukola buteekwa okukuuma enjiri —n'ebikwata ku njiri olw'ensonga enkulu mu bulamu— ng'omulamwa omukulu bwe guli (soma Carter, Suh, and David 2014; Vanderstelt n.d.). Ensonga zino wammanga nkulu mu bulamu n'okukkiriza nga ziva mu njiri. Kkanisa erina okukulembeza ensonga zino ng'esomesa abayigirizwa:

1. Kkanisa erina okuyamba abakkiriza mu yo okumanya kye bakkiriza, lwaki bakikkiriza, n'okulwanirira okukkiriza kwabwe mu bantu. Bayibuli esomesa nti Yesu Katonda ddala ate era muntu yennyini, kwe kugamba, ye Katonda eyeefuula omuntu n'ajja ku nsi. Obukulisitaayo bwokka bwe bukkiriza n'okutwala ng'ensonga “okugwa” kw'omwana w'omuuntu, amaanyi g'ekibi, obutukuvu n'obutuukirivu bwa Katonda, Katonda n'ekibi obutassa kimu, kya mazima nti abantu bonna bayonna era babaliriwa omusango olw'okwonoona kwabwe, n'abantu okuba nti tebasobola kwerokola bokka na bokka. Awo nno, ekya Kristo okuba omuntu ajjudde ate era nga Katonda ajjudde tekikoma ku kuba kya mugaso bugaso naye era kyetaagisa olw'obulokozi. Gleason Archer agamba bw'ati, “Ye nga Katonda yali tajja kutusonyiwa singa ebibi byaffe tebasisuliddwa mutango; era ka tugambe yekennyini ate yandibaddde akkiriza etteeka ly'ettukuvu okuvvoolwa. Yali alina kwefuula muntu mu Kristo okusobola okunaazaawo ebibi by'omuntu byonna; wano waali weetaagawo omuntu asobola okukyikirira abantu banne. Kyokka ate omununuzi waffe yalina era alina okuba Katonda, kubanga Katonda yekka y'asobola okuwaayo sddaaka etuukana n'ebiyetaago, okuliwa omutango ogw'omuliro ogutazikira gwe twali twolekedde, okusinziira ku bwenanya bw'obutuukirivu bwa Katonda.” (Archer 1982: 323; soma ne Jadeed 1996-2015: 4). Yesu kye yakola ku musaalaba kwe kuliwa omusango, n'asasula n'ebisale byonna, ye kennyini n'akola n'ekibonerezo eky'ali eky'omwana w'omuntu omwonoonyi. Ekyaleeta Yesu kwe kutukolera ekyo ffe kye tutandiyinzizza—n'atambulira mu bulamu ffe bwe twandibaddemu n'asasula n'omuwendo gwonna ogwali ogwaffe wadde nga tetwandiguyinzizza ku lw'ebibi byaffe; bwe tumukkiriza ne tumusembeza mu bulamu bwaffe nga Mukama waabwo era omulokozi waffe, ayingira munda mu ffe ku bw'Omwoyo Omutukuvu n'atambuliza obulamu bwe mufte, n'atukyusa munda ne kungulu tulyoke tumufaanire ddala. Eyo y'enjiri¹⁶

Amazima gali nti Yesu ekyo kye yeeyogerako ky'ali (Katonda eyakka ku nsi) nti era ne ssaddaaka ye ku musaalaba yakkirizibwa Kitaffe byatuukirizibwa Yesu bwe yakola ekitakoleka mutonde yenna, nga kwe, kuzuukira mu bafu era n'addayo mu ggulu. Ekitabo kya ECLEA kye twatuuma *Christianity and Islam: Theological Essentials* (<http://www.eclea.net/courses.html#islam>) kinnyonnyola bulungi ebyafaayo ne Bayibuli by'eyogera ku bulamu bwa Yesu, okukomererwa kwe ku musaalaba n'okuzuukira, mulimo Yesu gwe yakola ku musaalaba, lwaki Yesu yalina okufa ku musaalaba, embala ya Katonda, Tuliniita, n'obwesige bwa Bayibuli. Ekitabo kya ECLEA ekiyitibwa *Biblical Theology* (<http://www.eclea.net/courses.html#theology>) kinnyonnyola akawonvu n'akagga ku bikwata ku Bayibuli, ne kikulaga engeri Endagaano Empya gy'etuukirizaamu Endagaano Enkadde, ne kyogera ne busukulumu bwa Katonda, obuvunaanyizibwa bw'abantu, n'entandikwa y'ekibi n'obubi bwonna. Ekitabo kya ECLEA *1 Timothy: Mu bufunze; Okuwumbaawumba; Okuteekateeka abaweerezal* (<http://www.eclea.net/courses.html#timothy>) kyogera ku bintu ebikulu mu kukkiriza kwaffe: obulokozi olw'ekisa olw'okukkiriza Yesu Kristo; obukulu bw'okusaba;

¹⁶ Wano weetaaga okuteekawo olutindo oluyunga obuyigirizwa, okubuulira, n'okukyusibwa. Setzer and Putman bagamba nti, “Wayiseewo emyaka mingiko, twatandika okwetegera ensonga enkulu eyali mu kkanisa zaffe ezisinga ezaali zikyali empya nga ye yali ereeta abantu abangi bwe batyo wadde nga baali tebabuulidde njiri. Kirabika kyali nti, ebbanga omuntu lye yamalanga nga tannagenda mu banne kubategeeza nzikiriza mpya gyalina, lye bbanga lye yamalanga nga tannafiibwako oba okukuta ng'obukukusi. N'ekirala, omuntu bwe yeesowolangayo amangu ago n'alaga nti ali ku lwa Kristo, ng'abuzibwawo mangu ddala. Emabegako katono, nnali njogera n'Omuminsane okuva e Malaysia ku ngeri ye gy'abuuliram enjiri. Nnakizuula nti eyo ye yali enkola yaayo, ng'omuntu bw'aba ky'ajje alokoke, ng'alambikibwa ng'ebyawandiikibwa bwe biri, ng'atandika kubeera na balala, n'okukola obuweereza bw'asobola mu kkanisa. Kiba kitegeeza nti mu mbeera bw'eti, obuyigirizwa omuntu abutandika tannakyuka, kubanga okukyuka kwo katundu butundu ak'obuyigirizwa.” (Setzer and Putman 2006: 104) Amazima gano gakakasibwa abakkiriza abaali Abasiraamu abakunavu abali eyo mu Middle East nga “bakulembeza eky'obuyigirizwa, si kukyuka Kye tuva tukulembeza obuyigirizwa. Tukakasa nti omuntu bw'ategeera amazima kimubeerera kyangu nnyo okukkiriza.” (Daniel 2010: 40) Kkanisa ziteekeddwa okuleka abantu ab'enjawulo ne beenyigira mu mulimo gw'okufuula abantu abayigirizwa, naye si abo bokka abasoma ebikwata ku nzikiriza.

ebisaanyizo by'omukulembeze mu kkanisa; n'obukulu bwa Kristo Yesu. Ekitabo kye kimu era kyogera ku bintu ebimu ebikulu mu bulamu: enjigiriza entuufu n'enjigiriza enkyamu; okutereza obulamu bw'omuntu obw'omwoyo; okunonya n'okubuulira abantu; obuvunaanyizibwa bw'ekkanisa eri abaavu n'abeetaaga; ensonga z'abakadde b'ekkanisa; enjiri wamu n'ensimbi. Ekitundu "Eky'okutekateeka abaweereza" (ekitundu ekisembayo mu kitabo kino ECLEA, *1 Timothy*) kijjuddemu ebibuuzo ku buli nkomerero ey'ekitundu kya 1 Timothy, nga byatekebwaatekebwa okukozesebwa abantu abatonotono, okuyambako Abakulisitaayo n'abakulembeze mu kkanisa okwetunulamu mu bulamu obw'omwoyo n'embeera y'ekkanisa zaabwe. Ebitabo bino birungi okweyambisibwa kkanisa nga ziyigiriza abantu baazo ku nsonga ezo. Mu butuufu, abayigirizwa abalungi bandisomeseddwa, okwerinda okukkiriza kwabwe (*okuwolereza*), naye si kumanya bikwata ku njigiriza ya Bukulisitaayo.

2. Kkanisa eteekwa okusomesa bammemba baayo okukozesa okukkiriza kwabwe basobole okubeera eky'okulabirako mu nsi. Bayibuli abakkiriza ebasomesa lunye okweyisa nga Yesu bwe yeeyisa, gambanga "*mukolererenganga obulokozi bwamme*" **Baf 2:12**). Kino kikola wonna mu bulamu. Pawulo agamba nti, "*Kale oba nga mulya, oba nga munywa, oba nga mukola ekigambo kyonna kyonna, mukole nga byonna olw'ekitiibwa kya Katonda*" (**1 Kol 10:31**). Yak. ayogera n'agamba nti "*okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu*" (**Yak 2:26**). Tuteekwa okuba eky'okulabirako mu nneeyisa yaffe n'okuweesa Katonda ekitiibwa "*mulemenga okubaako kye munenyezebwa newankubaddeettima, abaana ba Katondat, abatalin amabala wakati w'emirembe egyakyama emikakanyavu, gye mulabikiramu ng'ettabaaza y'oku nsi,*" (**Baf 2:15**); "*Kubanga ekisa kya Katonda kirabise nga kireeteraabantu bonna obulokozi, nga kitubuulira okugaananga obutatya Katonda n'okwegomba okw'omu nsi, tulyoke tubeerenga abalamu mu mirembe egya kaakano mu kwegendereza n'obutuukirivu n'okutya Katonda*" (**Tito 2:11-12**). Yesu yasimba nnyo essira ku ky'okulaga okukkiriza kwaffe mu lujjudde: "*Kale omusana gwammwe gwakenga bwe gutyo mu maaso g'abantu balabenga ebigambo ebirungi bye mukola, balyoke bagulumizenga kitammwe ali mu ggulu*" (**Mat 5:16**). Pawulo naye mu ngeri y'emu yatulabula nti okukkiriza kwaffe kuteekwa okufuga obulamu bwaffe kubanga "*okuyitirira kwo kulabikenga eri bonna*" (**1 Tim 4:15**). Okukyusa emize egyaasimba emirandirira egy'amaanyi egy; endowooza n'enneyisa olwo abakkiriza "*okufaananyizibwa n'engeri y'omwana we [Kristo]*" (**Bar 8:29**) nkola ya bulamu bwonna. Y'ensonga lwaki abakkiriza abakakase basaana okuyigiriza n'okuba ekyokulabirako mu bulamu eri abo abatanakula.

Walter Henrichsen ye agamba nti, "Ng'oggyeeko eky'okukozesa namuziga ng'ekyokulabirako ng'osomesa abayigirizwaabo [kiri wansiko awo, ekitundu **V. D. Embala n'enneyisa y'abayigirizwa abakakase**], ng'onookulaakulanya abantu mu mbeera nga, obulamu obw'obwerufu, okukkiriza, okwagala, n'okwebwa ekitiibwa. Kyokka, tuteeka okukimanya nti, bulijjo okusobola okuteeka mu nkola ebyo ebituyigirizibwa ebigendererwa mu kyo biteekwa okutuukana n'ebjetaago by'omuntu. Ku nsonga y'ebjetaago eno, kola enteekateeka. Weebuuzo ebibuuzo bino ebisatu bulijjo: (1) Omuntu ono yeetaaga ki? (2) Ayinza kukifuna atya? (3) Kati olwo nze mmanya ntya nti akifunye?" (Henrichsen 1988: 103)

3. Kkanisa eteekwa okuyigiriza abantu baayo okulwanyisa ekibi mu bulamu bwabwe. Abayigiriza n'abayigirizwa bateekwa okumanya okulwanyisa obulungi *ekibi* mu bulamu bwabwe. Omulamwa gw'enjiri guli nnyo ku kibi (ekibi kyaffe kye kyaleeta Kristo ku nsi era n'afa ku lwaffe, okugeza, **Mat 1:21; 9:13; 26:28; Lukka 5:32; Yok 1:29; 8:24; Bik 2:38; 10:43; Bar 6:23; 8:3; 1 Kol 15:3; 2 Kol 5:21; Bag 1:4; Bak 1:14; Beb 1:3; 2:17; 10:12; 1 Peet 2:24; 3:18; 1 Yok 2:2; 3:5; 4:10; Kub 1:5**). N'okumanya bwe tulwanyisa ekibi, nayo nsonga enkulu nnyo mu bulamu bwaffe (soma **Mat 6:12; 18:15-35; Lukka 11:4; 15:7; 17:3; Yok 5:14; 8:11, 34; Bar 2:12; 3:9, 23; 6:1-2, 11-22; 7:14-24; Beef 4:26; 1 Tim 5:20; 10:26; 12:4; Yak 2:9; 4:8, 17; 5:16; 1 Yok 1:8-10; 3:6-9**). Awo nno eyo y'emu ku nsonga lwaki abantu bonna abali mu buyigirizwa obumu bateekeddwa okukkiriziganya ku nnono enkulu ey'obwerufu n'okwesigangana, obutuufu bw'ekigambo kya Katonda mu kitundu ekyo, n'okuvunaaniganwako mu kukyusa obulamu nga bwe tunaalaba mu maaso eyo. Ekintu kino mu bitundu ebimu nga Obuvanjoba bwa Africa kizibuwalamu kubanga abakulembeze mu kkanisa zaayo naddala abasajja, si beerufu era bakaluubirizibwa okukkiriza ensobi zaabwe mu bannaabwe. N'ekirala, ensonga y'okulwanyisa ekibi mu bulamu bwaffe y'esazisaawo abasajja okusisinkana bokka n'abakazi bwe batyo ne boogera ku nsonga ez'ekikula kyabwe nga tebeekwekerredde n'omu.

Olw'okuba waliwo obuwangwa obw'enjawulo, okutya, n'obuteesigangana, okuba abayigirizwa tulina kutunuulira Bayibuli ky'etugamba nti, "*kale mwatulireganenga ebibi byammwe mwekka na mwekka, musabiraganenga, mulyoke muwone*" (**Yak 5:16**). Dietrich Bonhoeffer ayogera

ku bukulu bw'ensonga eno: “omuntu bw'ayatula afuna obumalirivu. Lwaki twanguyirwa okubuulira Katonda ebibi byaffe ate ne tukaluubirizibwa okubigamba bannaffe? Wano we tusaanira okwebuuzza oba bulijjo tubaddenga tetwerimba nti tubuulira Katonda ebibi buyaffe, oba tubadde nga tetubyebulira nga ffe era ne twewa n'ekisonyiwo. Teyandibanga y'ensonga eviirako okuseebengerera mu Bukulisitaayo n'okuggwaamu amaanyi n'obutagondera Katonda olw'okuba nti ffe tweyanguyiza obulamu nga twewa ebisonyiwo ne tatalinda kusonyiyibwa Katonda mwene? . . . Kubanga weebuuzze, obukakafu tubugya wa nti, bwe tweyatulira nga ffe era ne twewa n'ebisonyiwo ku bibi byaffe, tetwekolera nga ffe wabula tukikola ku lwa Katonda omulamu? Katonda atuwa obukakafu buno ng'ayita mu bannaffe. Ow'oluganda ono y'aggyawo okwerimba. Omuntu yenna ayatula ebibi bye ng'abigamba ow'oluganda akimanya nti takyali yekka ku lulwe; okubeerawo kwa Katonda akuwulirira mu muntu ono omulala. . . . Nga bwe mba mumativu nti seerimbye olw'okuba njatudde waliwo owooluganda, na bwe kityo, bwe mba n'obukakafu nti, ekisonyiwo kimpeereddwa ng'owooluganda y'akikola mu linnya lya Katonda God. Katonda atulagira okwatuliragana ebibi tulyoke tube bakakafu nti eggulu litusonyiye.” (Bonhoeffer 1954: 115-17)

Okuwangula ekibi mu bulamu bwaffe, kyetaagisa okusooka okutegeera ebibi ebiriwo mu kiseera kino mu bulamu bwaffe. “Okutegeera ebibi byaffe twetaaga okumanyiira ebikemo ebitali bimu ebitulumba, ne tutegeera obunafu bwaffe we buli. Ebikemo bino n'ebibi biyinda okuba nga birabika oba ng' tebirabikae, nga bya lwatu obanga bya nkiso.” (Dodson 2012: 122) Kya mazima, tulina okufumiitiriza n'okusaba ku kino, awamu n'okufumiitiriza ku *ddi* era mu mbeera ki gye tukembwa okwonoona. Tusaana era okwebuuzza na *lwaki* tugwa mu bikemo ebyo. “Teri muntu n'omu akakibwa kwonoona. Ffenna twonoona tweyalidde, olw'okuyaayana kw'emitima gyaffe. Olw'obutasooka kutubuka butego obubeera mu bibi byaffe, tetubwekkenneenya bulungi, nga tukyusizza empisa zaffe, so si mitima gyaffe. Katonda tayagala kulongoosa mu nneeyisa yokka; ayagala obuwulize obw'omukwano!” (Ibid.: 124) Kubanga Katonda yatuwa omubiri gwa Kristo gutuyamba, gutukubirize, gutulabule, n'okutubeera, okuwangula ebibi byaffe okusobola okubaawo mu nkolagana ey'okwesiga n'obuvunaanyizibwa. Ebibinja ebitonotono eby'abayigirizwa bwe bityo bwe byandibadde. N'olwekyo, tusobola okusaba bannaffe mu bibinja by'abayigirizwa ebirala “okunokolayo ebibi bye batulabamu. Kubanga emirundi mingi tuzibuwalirwa okweronda emize. Baganda baffe basobola okutuyamba okutukwatira endabirwamu nga ky'e kigambo kya Katonda ne tweraba bulungi.” (Ibid.: 123)

Okusobola okulwanyisa ekibi tuteekwa okutegeera enjiri. Naddala, nga tuli mu lutalo nga “*omubiri gulwanagna n'omwoyo, ate nga n'omwoyo gulwanagan n'omubiri*” (**Bag 5:17**; soma ne **Bar 7:14-23**), olutalo lwaffe lutandikira ddala mabega eri ku musaalaba, amazima gali nti Kristo omutango yaguwaayo, amaanyi n'obuyinza bw'ekibi. “Ffe tetukyabanjibwa kantu konna kubanga Yesu yayasula omutango gwaffe ng'awangula okufa. Amaanyi g'ekibi gamenyebwa kubanga Yesu yatuwa obulamu obugya. Okubeerawo kw'ekibi kujja kugobwa emirembe gyonna nga tumaze okufa oba nga tuli bumu ne Yesu mu kudda kwe.” (Ibid.: 126) Bwe tutegeera enjiri, kitwanguyira okutegeera nti Yesu yatusumulula okuva mu maanyi g'ekibi; awo nno, tetusaanye ate kuddamu kutambulira mu bulamu bwaffe obw'ekibi. Tuba tukitegeera nti Mukama atwagala, singa bwe tuli ffe naye nga bwe tuli mu Kristo; n'olwekyo, tulina ensonga nnyingi okulwanira ekitiibwa kyaffe ekiggya, nga tukimanyi nti mu Kristo tulina embala empya, entukuvu n'olwekyo tetusaanye kwonoona tuli batukuvu (**1 Yok 3:6, 9; 5:18**), kyokka ate okulemera mu kibi, ne tulema okwenenya kiyinza okutuggyisa mu bwakabaka kubanga olwo “okukkiriza” kwaffe kuba kufuuse kwa bikwate bukuate (**Bag 5:19-21; Beef 5:5; Beb 3:7-13; 6:4-6; 10:26-27; 1 Yok 3:6, 10**). Tulwanyisa ekibi kyaffe kubanga twagala Yesu eky'ensusso, olw'ekyo kye tuli mu Kristo, olw'omulimo gwe yakola mu ffe ne ku lwaffe, ku lw'ebyo by'atukolera n'eb'y'akola ku lwaffe, ne ku lw'ebyo by'anaatera okutukolera ne by'anaakola ku lwaffe. Ebintu byonna “*abizza buggya*” (**Kub 21:5**; soma ne **2 Kol 5:17**), naffe ffennyini atuzza buggya. Ensonga eno bwe tugikkiririza dddala—ne tuyamba, nga tukubiriza, n'okulabula wamu n'okwagazisa bannaffe mu buyigirizwa bwaffe nabo okugikkiriza—tuba bakutuuka ku buwanguzi nga tuwangula ekibi mu bulamu bwaffe. Obuwanguzi buno tubutuukako olw'okuba nti tetulwana nga ffe naye tukkiriza Mukama waffe okukola mu ffe (**Yok 14:16-17, 26; Bar 8:13-14; Baf 2:12-13**). Nkola ya bulamu bwonna, naye Katonda akakasizza obuwanguzi.

Ekintu ekikulu eky' ekibi y'engeri gye tweyisaamu ng'abalala batusobeeza n'okutuluma. Ekyo kibaawo lunye era twetaaga okubasonyiwa wamu n'okutabagana. Bwe tutasonyiwa bannaffe, kikalubya emitima gyaffe ate ne kiviirako n'ebizibu ebirala bingi. Eno ensonga ekwata ku buli muntu. Ekitabo kyaffe ekikwata ku *kusonyiwa n'okutabagana* (<http://www.ecllea.net/courses.html#forgive>) kyogera ku byawandiikibwa ebikulu ebikwata ku

kusonyiwa n'okutabagana. Kinnyonnyola okusonyiwa n'okutabagana kye bitegeeza n'ebitali bituufu ku nsonga ezo. Twawandiikamu n'ebirala ebikulaga bw'oyinza okusonyiwa n'okutabagana ne banno. Kkanisa ekyetaaga okuyigiriza abantu baayo ku nsonga zino.

4. Kkanisa esaana okuyigiriza abantu baayo okuzimba amaka amanywevu n'obufumbo obutebenkedde. Amaka gwe musingi okuzimbira abantu mu kitundu. Obufumbo n'enkolagana wakati w'abazadde n'abaana bwe biba teriiwo, embeera z'abantu zisasika. Ekitabo kyaffe kye twatuumu *Biblical Marriage and Parenting* (<http://www.elea.net/courses.html#marpar>) kinnyonnyola akawonvu n'akagga ku ngeri Kristo gy'asomesaamu obufumbo mu Bayibuli n'enkuza y'abaana eweesa Katonda ekitiibwa, kyogera ku ntambuza y'amaka, obukulu bwago, obuvunaanyizibwa n'emirimo gy'abagabeeramu ng'essira lisimbiddwa ku nkolagana, empuliziganya, okwegatta, okukuza abaana, okuteekateeka amaka, n'okwawukana. Kkanisa ekyetaaga okusomesa abantu baayo ku nsonga z'amaka.

5. Kkanisa eteekwa okuwa bammemba baayo eby'okukozesa okutuukiriza emirimu gyabwe mu ngeri ennungi ennyo era essa ekitiibwa mu Katonda. "Mu mulembe gw'Enkyukakyuka okuyamba abakkiriza okufuna emirimu gyabwe kyatwalibwanga ng'eddaala erisooka buyigirizwa. Okuva, omulimu gwaffe bwe guli ogw'okuleeta ekitiibwa eri Katonda, ekkansa yeetaaga okuyigiriza endowooza ey'ekika waggulu ku mulimu n'engeri z'empisa z'Ekikristaayo ez'obunyiikivu, okukekkereza, okuyiia, n'okukola obulungi. Kkanisa bw'etesomesa bantu baayo kukola bulungi, olwo ani aba anaakikola? Kkanisa ky'ekifo ekituufu ekirina okusomesa abantu okumanya okuyitibwa kwabwe." (Colson 1992: 292-93) Pawulo yakimanya mangu nti kikulu okuba n'empisa ku mirimo ng'omujulirwa wa Yesu yawandiika bw'ati, "Abali mu bufuge abaddu balowoozenga bakama baabwe bennyini nga basaanidde ekitiibwa kyonna, erinnya lya Katonda n'okuyigiriza kwaffe biremenga okuvumibwa. Era abalina bakama baabnwe abakkiriza tebabanyoomanga, kubanga ba Luganda; naye beeyongere okubaweezanga, kubanga abassa ekimu mu kukolwa obulungi bakkiriza era baagalwa, yigirizanga ebyo obibuulirenga." (1 Tim 6:1-2)

6. Ekkansa eteekwa okuyigiriza abantu baayo okukozesa obulungi emibiri gyabwe, obutonde bw'ensi, obudde, n'ebirala. Emibiri gyaffe yeekaalu ya mwoyo mutuukirivu (1 Kol 6:19-20; soma ne Yok 14:16-17; 1 Kol 3:16-17; 2 Kol 6:16). Eno ensi ya Katonda ka tugambe, ebitwetooldde) n'ebirala byonna ebiri mu nsi (Yobu 12:7-10; Zab 24:1; 50:10-12; 104:1-30; Yis 66:1-2a; Mat 5:34-35; Bik 7:49-50). "Obudde bukulu nnyo mu bulamu. Tewali asobola kubuzza mabega era obugenze tebudde. Obuddebwo bw'oyonoona oba oyonoona bulamubwo, naye obuddebwo bw'obukozesa bulungi, obulamubwo oba obuwadde ekisinga." (Lakein 1989: 1) Okutuuka ku bino byonna, tulina okuba nga tulowooza bulungi; n'olwekyo, Bayibuli ky'eva etusomesa nti "mukyusibwenga nga muza buggya endowooza zammwe" (Bar 12:2). Ekitabo kyaffe kye twatuumu *Biblical Stewardship* (<http://www.elea.net/courses.html#stewardship>) kinnyonnyola byonna ebikwata ku buwanika bw'omubiri, obutonde bw'ensi, obudde, n'endowooza. Kitabo kirungi nnyo kkanisa okukyeyambisa ng'esomesa abantu baayo ku nsonga ezo.

7. Kkanisa eteekwa okusomesa abantu baayo okumanya enzirikanya y'ebyenfuna. Sente za mwoyo. Engeri gye tukozesaamu eby'obugagga bwaffe n'ensimbi y'eragira ddala ekyo kye tuli mu Katonda (soma Yak 2:14-18; 1 Yok 3:17). Ensimbi zaffe bwe tutazikozesa bulungi, n'obulamu butukaluubirira. Ekitabo kyaffe ekiyitibwa *Biblical Stewardship* (<http://www.elea.net/courses.html#stewardship>) kirimu bingi ebikwata ku nsimbi n'engeri y'okuzikozesaamu wamu n'obugagga, n'ebirala ebigya mu bulamu obwa bulijjo ebikwata ku by'enfuna. Kkanisa yeetaaga ekitabo kino ng'eyigiriza abakkiriza ensonga za ssente.

8. Kkanisa eteekwa okuyigiriza abantu baayo okutambuza amawulire amalungi nga batuuka eyo mu bantu abeetaaga okubeerwa mu mubiri ne mu mwoyo. "Abakkiriza bonna baayitibwa okuba abajulirwa, mu bigambo ne mu bikolwa. Awo nno, kkanisa yeetaaga okuyigiriza abantu baayo okukozesa obulungi ebirabo byabwe eby'okubuulira mu bantu abeetaaga." (Colson 1992: 294) Ebikolwa byaffe n'ebigambo biteekwa okukwatagana. Yesu yakkaatiriza eky'akakwate akali wakati w'okukkiriza kwaffe bwe yagamba nti engeri gye tuyisaamu "abali mu bwetaavut" y'emu yennyini, gye tuyisaamu Yesu (Mat 25:31-46). Buli kyalo na buli kitundu eriyo abantu abatyoobolebwa bannaabwe: abamu kiva ku mawanga, abalwadde ba mukenenya, bamulekwa, ba malaaya, abasibe, abatamiivu n'abakozesa ebiragalalagala, abatalina waabwe, abasiyazi, abawejjere, abalwadde, abafa. Ebikolwa byaffe eby'okwagala eri abatalina ayagala bye bituyamba okubategeeza amawulire agafa ku Yesu ("Twagala, kubanga naye yatwagala," 1 Yok 4:19) ne kituyamba n'okukkaatiriza bye twogera.

N'ekirala, abaana abato abali mu kkanisa, ebibinja ebitonotono, ebibinja by'abayigirizwa, n'ebintu ebirala ebisangibwa mu kkanisa (omuli ebyuma n'abayimbi) balina okuba n'obumanyirivu obusaanidde ku bigenda mu maaso. “Okuwereza abalala kye kisookerwako okulaga obw'omwoyo. Tumanyi bulungi ffenna nti tusinga kukula nga tuyamba n'okuwereza bannaffe. Mu buwereza, bangi ku ffe mwe tuyigira ebitukwatako n'okutuuka okulaba Katonda ng'akola mu ffe. Bwe tulizwa abantu bamale 'kukula balyoke bawereze' tuba tubalemesezza okuwereza, okuva lwe kiri nti bangi ku ffe tukola bwe tuyiga buli lwe batubuza we tutuuse so si kuyiga nga bamaze kutugoba ku mirimo. Yesu yasooka n'atuma abayigirizwa be nga tebannaba na 'kutuusa.' Yakimanya nti engeri ennyangu ey'okubakuzaamu kwe kubamanyiiiza mangu obuwereza. Kye yakola nga ng'abeera ababuza okulaba we batuuse basobole okumanyiira buli kimu.” (McNeal 2009: 105-06) Abantu bwe beenyigira mu buwereza bw'ebitundu byabwe oba mu kubuulira enjiri, beetaaga okukuumira eriiso. “Ebibuuzo nga, 'Oyizeeyo ki? Ekikwata ku bantu? Ekikwata ku Katonda? Ekikukwatako? Abantu balina engeri gye baakusoomoozezzaamu mu ndabayo ey'ebintu? Kaakati ebyo ebikoleddwa n'ebigambiddwa, oyinza okubyeyambisa otya mu bulamubwo obwa bulijjo? Obulamu bwo ogenda kubukyusa otya okusinziira ku by'olabye?’ Abantu okubakuumirako eriiso nga bawereza kibayamba okukula mu mwoyo anti batandika okulaba nga Katonda mulamu mu bulamu bwabwe obwa bulijjo. Guno omulimo gwa Kkanisa okulaba ng'abantu baayo babeera n'ebigendererwa mu bulamu ne mu njiri.” (Ibid.: 103) Wano kkanisa tesaanye kusuulayo gwa naggamba anti ensonga zino nkulu nnyo. Obukulu bw'emikwano n'okwagalana twongera ne tubugaziya mu kitundu ekiyitibwa “Enkuuma y'emikwano” mu kitabo kyaffe ekywa *Biblical Stewardship* (<http://www.ecllea.net/courses.html#stewardship>).

D. Embala n'neeyisa y'abayigirizwa abakakase

Abayigirizwa bonna bateekwa okuba “*abeesigwa [Gr. = anthrōpois tugambe, abantu ab'ebikula byombi, ba nkulubirye; abantu balamu]* abasobola okusomesa bannaabwe” (2 Tim 2:2). “Omuntu olulokoka bw'ati, atandika ku lugendolwe olw'obuyigirizwa” (MacDonald 1975: 4). Kyokka, Yesu “tanoonya bantu ba kumufissizaawo kawungeezi—oba nkomerero ya wiiki—oba emyaka gyabwe egy'okuwummula. Ye b'anoonya beebwa abamuwa ekifo ekisooka mu bulamu bwabwe.” (Ibid.: 5) Bayibuli ekulaga ebintu eby'enjawulo kw'olabira omuyigirizwa ayakakata:

1. Omukwano gwa Kristo ogusukkulumye ne ku gw'abantu be tubeera nabo ku lusegere. “*Omuntu yenna ajja gye ndi, n'atakyawa kitaawe ne nnyina ne mukyalawe n'abaana ne mugandawe ne mwanyina, ka bube obulamubwe kennyini, tayinza kuba muyigirizwa wange*” (Lukka 14:26; soma ne Mat 19:29; Makko 10:29-30; Lukka 18:29-30). Yesu bw'ayogera ku muntu “okukyawa” abantu be mu Lukka 14:26 tekitegeeza nti aba takyafa ku babe oba okubayisaamu amaaso naye atandika okusooosowaza ebya Kristo.¹⁷ Ekintu ky'ayogerako, kisoko kya Lwebulaniya ekirimu okugeraageranya nga kitegeeza nti “bw'ogeraageranya okwagala kw'onninako, omukwano gw'olina ku bantu abalala bonna, omuli ababo ab'okulusegere, olina okuba ng'eyabakyawa nze nteekwa okuba ekikulu era ow'enkizo gy'oli.” Okwagala okungi ennyo eri Yesu kujja buli lwe twetunuulira ne tulaba ekyo kye tuli, nga kyeky'okuba nti tuli bantu banafu era abajjudde ebibi, abatasobola kwekyusa ne bwe tufuba tutya, ne tukikakasa nti Yesu ye bulamu. Henrichsen agamba nti, “Obukulisitaayo ddiini ya kuwummuliramu. Yajjirira babonaabona. Y'abantu abo abalina kye bayaayaanira mu bulamu naye nga tebasobola kukyetuusaako nga bo. . . . Ekimu ku bintu ebikulu mu buyigirizwa obutuufu gwe mwoyo guli ogupika omuntu gw'aba nagwo munda.” (Henrichsen 1988: 36-37)

2. Okweresa byonna okugoberera Kristo. “Omuntu bw'anajjanga gye ndi, n'atakyawa kitaawe ne nnyina ne mukaziwe, n'abaanabe, ne bannyina era n'obulamu bwe ye, taayinzenga kuba muyigirizwa wange.” (Lukka 9:23-24; soma ne Mat 10:38-39; 16:24-25) Yesu bw'ayogera ku buli muntu “okwetikka omusaalabawe” aba ateggeeza nti n'omuyigirizwa kennyini obulamu bwe tebulina kumusingira Yesu era alina okugondera Yesu. Jonathan Dodson yagamba nti, “Mu bwakabaka bwa Baruumi kyali kiweebuula omuntu asaliddwa ogw'okufa okwetwalira omusaalaba gwe. Omuvunaanwa yenna bwe yakkirizanga okwetikka omusaalaba gwe kyalaga nga nti, agonedde ebiragiro by'abakulu. . . . Omuyigirizwa okwetikka omusaalaba gwe ye, nakyo, si kikolwa kya kwereza bwereza naye, ekikulu mu byonna, kwe kwewaayo eri Yesu ye n'aba omwami ow'oku ntikko akufuga, era Mukama wo. Kaakati n'obanga si ggwe weefuga, tokola

¹⁷ 'Jjukira nti tulina “okwagala baliraanwa baffe nga ffe kennyini bwe tweyagala” (Mat 19:19; 22:39; Makko 12:31) ate “n'okwagala abalabe baffe” (Mat 5:44-47). Ekyo kye kiraga okwagala kwaffe eri Kristo bwe kulina okuba; tulina okwagala abantu bonna, naye nga Kristo gwe tusinzaawo, nga bw'geraageranya omukwano gwe tumulinako, tubanga abakyawa abalala.

kwagala kwo, naye nga Kristo y'akufuga—n'olema kukola nga ggwe naye n'okola okwagala kwe.” (Dodson 2012: 160n.17) George Ladd ayongerako nti, “Yesu bwe yali asomesa nti, omuntu yenna okubera omuyigirizwawe atekwa okwera byonna ne yeetikka omusaalaba gwe (Mattayo 10:38; 16:24), yali tayogera ku kya kwevaako oba okwebinika emigugu emizito; yali ayogera ku muntu oyo okufuuka omujulizi. Omusaalaba kabonero ka kufa. Buli muyigirizwa wa Yesu aba mujulizi.” (Ladd 1972: 104) Newankubadde nga abakulistaayo abasinga tebajja kutibwa nga bajulizi, balina okuba nga beetegefu okubonyabonyezebwa ku lw'okukkiriza kwabwe. (e.g., **Mat 5:10-12; 10:22; Makko 10:30; Lukka 6:22; Yok 15:18-19; 2 Kol 4:8-12; Baf 1:28-30; 2 Tim 2:3; 3:12; 1 Peet 4:12-16; 1 Yok 3:13**)

Mu bulamu bwe bwonna ku nsi Kristo yakola ekyo kyokka Kitaffe kwe yayalina okukola. (**Yok 5:19, 30; 6:38; 8:28; 12:49; 14:10**) Mu ngeri y'emu Yesu yagamba nti., *Bwe munanjagala, mujja kukwata ebiragiro byange* soma ne **Mat 12:50; 28:19-20; Makko 3:35; Lukka 17:10; Yok 14:21, 23-24; 15:10, 14; 1 Yok 5:3; 2 Yokaana 6**) Oku “goberera” Kristo kitegeeza okukulemberwa omwoyo omutukuvu okulowooza nga Kristo bwe yalwoozanga, okuwuliranga ye bwe yawulira, n'okukola nga bwe yakola. Obulamu obw'ekikula ng'ekyo busoboka oliko “*ebibala eby'omwoyo*” (“*okwagala, okusanyuka, emirembe, okugumikiriza, ekisa, obulungi, obwesimbu, obuwombeefu, [ne] okwegendereza*”) (**Bag 5:22-23**). Byonna Kristo by'ayagala ne bye yettanira naffe bye tulina okusoosowaza. Ekigendererwa ky'omuyigirizwa ekikulu mu bulamu kiteekwa okubeerera ddala ekyo Katonda kye yalagira mu Bayibuli, nga kyekyo, “okusooka okunoonya obwa kabaka n'obutuukirivubwe” (**Mat 6:33**). Bwe tutambulira mu bulamu bwe buti, kye kiraga nti twagondera eddoboozi ly'omwoyo wa Katonda. Kino bwe kituukirira mu bulamu bwaffe, gamba, bwe tumala “ne tumugondera” (**Yok 15:4-7**), tutuuka ne “*tutuukana n'embeera za [Yesu Kristo]*” (**Bar 8:29**) awo tuba “*ba kubala bibala biwerako, n'okukakasa okuba abayigirizwa bange*” (**Yok 15:8**).

3. Okuleka byonna ebyaffe ne tugoberera Kristo. “*Kale bwe kityo buli muntu yenna ku mmwe ateefiirizenga byonna by'ali nabyo, taayinzenga kuba muyigirizwa wange.*” (**Lukka 14:33**; soma ne **Mat 19:16-26, 29; Makko 10:17-25, 29-30; Lukka 18:18-27, 29-30; Bik 2:44-45; 4:32, 34-35; 2 Tim 2:4**). Bwe tuba ba kwagala Kristo okusinga kw'abo abatuli ku lusegere n'okusinga bwe tweyagala ffe, kiba kitegeeza nti tewali kiyinza kutusingira Yesu ka bibe eby'obugagga byaffe bye tulina. Neewankubadde ng'okwagala Kristo okukyira bwe twagala abantu baffe n'okukyira bwe tweyagala ffe kiyinza okuba ekizibu bw'ogeraageranya bwe twagala ebintu byaffe, Yesu akebera mutima munda (**Yok 2:24-25**) era kye yava agamba nti, “*obugagabwo gye busula, omutima gwo gye gubeera*” (**Mat 6:21; Lukka 12:34**). Ekikulu mu kino, okumala emyaka nga 150 egiyise J. B. Wakeley alina kye yagamba nti “omuntu asobola okukyuka naye bwe bamugamba okuleka ebibye n'akaluubirirwa” (Wakeley 1858: 152). Awo nno, **Lukka 14:33** “walabika okuba nga we wali ebigambo bya Kristo abayigirizwa bye basinga okukyawa, ate luyinza okuba lwe lunyiriri olusingayo obutaagalwa mu Bayibuli Kubanga okuleka byonna kitegeeza ki? Kitegeeza okuleka byonna omuntu by'alina nga birabika si bya mugaso nnyo era tabyetaaga ng'abuulira enjiri. Omuntu aleka ebibye byonna tafuuka munafu lugojjamy; akola n'amaanyi okusobola okukola ku byeetago by'amaka ge ebiriwo kati ne ye keenyini. Naye olw'okubanga okuluma kw'obulamu bwe kwe kugenda mu maaso n'ensonga ya Kristo, buli kimu ekisukka ku byetaago mu mulimu gwa Mukama era ebiseera eby'omu maaso abirekera Katonda.” (MacDonald 1975: 9) Yesu kye yava yaggumiza obukulu bw'okubala n'obwegendereza omuwendo mu kubeera omuyigirizwa nga tonnaba kwewaayo (soma **Lukka 14:28**). Amakulu ag'eby'omwoyo ag'endowooza yaffe ku ssente n'ebintu tegayinza kukunguwazibwa. Pawulo agamba bw'ati, “*Kubanga bangi abatambula be nnababuulirako emirundi emingi, ne kaakano mbabuulira nga nkaaba amaziga, nga be balabe ab'omusaalaba gwa Kristo, enkomerero yaabwe kwe kuzikirira, Katonda waabwe lwe lubuto, era ekitiibwa kyabwe kiri mu nsonyi zaabwe, balowooza bya mu nsi*” (**Baf 3:18-19**; soma ne **Yak 4:4; 1 Yok 2:15**). N'ekirala, abo bonna “*abeemaliza ku by'ensi*” be ba “*balabe b'omusaalaba gwa Kristo,*” ate era “*n'enkomerero yaabwe kwe kuzikirira.*”

4. Okwagala okwa nnamaddala eri bonna aba Kristo. “*Etteeka eriggya mbawa nti mwaganenga; nga bwe nnabagalanga mmwe, era nammwe mwaganenga. Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga mwagala mwekka na mwekka.*” (**Yok 13:34-35**; soma ne **Yok 15:12, 17; 1 Yok 2:9-10; 3:14**) Charles Colson agamba nti, “Bwe tukkiriza Yesu, tufuuka ba mu kkanisa ye—era tewaba kintu kyonna kirowoozebwa kutwawula na kwagala kwe [soma **Mat 16:15-18; 22:36-40; 25:31-46; Bik 20:28; 1 Kol 12:12-27; Bag 6:10; 1 Yok 3:14; 4:19-20**]” (Colson 1992: 64-65). Ensonga eri nti, abakkirizaa bonna bazaalibwa mu maka ga Katonda (**Bar 8:15, 23; 9:4; Bag 4:5; Beef**

1:5; 2:19). N'olwekyo, kkanisa *ge* maka (**Bag 6:10; 1 Tim 3:15; 5:1-2; Beb 3:6; 1 Peet 4:17**). Dhati Lewis agamba bw'ati, "Kkanisa tefaanana bufaananyi *nga* maka; naye yo yennyini *ge* maka. . . Kino tukirabira mu makulu g'ekigambo *omuyigirizwa*, nga kino kirabika nnyo ku ntandika y'Endagaano Empya, ne kibula ng'ekitabo ky'Ebikolwa kiweddeko. Kisikizibwa ekigambo *owooluganda* mu bitundu byonna ebisigadde mu Bayibuli." (Lewis 2015: n.p.)

Abantu mu maka baagalana era buli omu afa ku munne. Kyokka, kkanisa ezimu *tezeeyisa* ng'amaka. Obusosoze mu mawanga, enjawukana wakati w'abagagga n'abaavu, entalo n'enkaayana eziva ku bintu eby'enjawulo bye byefuze kkanisa zaffe. Ekizibu si kya njawukana eziri mu kkanisa z'ebitundu. Kale wandibayo n'ekirala, naye enjawukana zaayitirira mu ddiini ez'enjawulo. Kino kye kikyasyibe kkanisa okunnyikira mu nsi. Obumu bwaffe oba enjawukana birina engeri gye birabwamu abantu ne bakkiriza oba ne babuusabuusa nga Yesu ye Masiya wa Katonda (soma **Yok 17:21, 23**). Kkanisa bw'eremwa okulaga abantu baayo, n'ekkanisa endala omukwano ng'abawamu, awo ab'ensi (buterevu) baba balina kusekerera kkanisa nga beebuza: "Ye kaakati nga tulokoka ki, nga nammwe mwennyini temwagalana?"

5. Omutima ogw'obuweereza. "*Naye Yesu n'abayita gy'ali, n'agamba nti mumanyi ng'abaami b'amawanga babafuga, n'abakulu baabwe babatwala n'amaanyi. Tekibenga bwe kityo mu mmwe: naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe anaabanga muweereza wammwe, na buli ayagala okuba ow'olubereberye mu mmwe anaabanga muddu wammwe; nga omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ekinunulo ky'abangi.*" (**Mat 20:25-28**; soma ne **Makko 10:42-45**) "*So temuyitibwanga balagirizi: kubanga omulagirizi wammwe ali omu, ye Kristo. Naye mu mmwe abasinga obukulu anaabanga muweereza wammwe.*" (**Mat 23:10-11**; soma ne **Makko 9:35-37**) "*Mmwe mumpita muyigiriza era Mukama wammwe: era mwogera bulungi; kubanga bwe ndi. Kale oba nga nze Mukama wammwe era omuyigiriza mbanaazizza ebigere, era nammwe kibagwanira okunaazagana ebigere.*" (**Yok 13:13-15**)

Yesu yagamba nti, ebiragiro ebibiri omuli—yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme, n'ebirowoozo byo byonna, oyagalanga muliraanwawo nga ggwe kennyini bwe weeyagala (**Mat 22:36-40; Makko 12:28-34; Lukka 10:25-28**)—gy'emisingi gya Bayibuli yonna. Katonda tasiriwazibwa bigambo byaffe. N'olwekyo, yatuwa ekigezo nga ku kyo, ffe, na buli muntu yenna, ne Katonda mwene asobola okulabirako oba tukolera, mu mazima, nga twagala Katonda n'omutima gwaffe gwonna, n'emmeeme, n'ebirowoozo. Ekigezo kye kino: mu ngeri gye tutuukirizaamu "ekiragiro eky'okubiri" (ngamba, engeri gye twagalamu abantu) y'ekakasa nti ddala tugoberera "ekiragiro ekisooka" (gamba, okwagala Katonda). Ne Yesu bwe yagasimbagana ne Petero n'amubuuza emirundi esatu "*Onjagala?*" Yesu teyamala gakkiriza kuddamu kwa Petero, "*Ye, Mukama wange; Naawe okimanyi nti nkwasala.*" Wabula, Yesu ate yagamba Petero, "*Labirira endiga zange*" (**Yokaana 21:15-17**). Yesu kye yali agamba Petero kye kino: "Bw'oba nga ddala onjagala, okwagalakwo kulage ng'olabirira endiga zange."

Ensonga namutayika lwaki Katonda yagaba ebirabo eby'enjawulo eby'omwoyo n'ebifo eby'obukulembeze "*olw'okutuukiriza abatukuvu, olw'omulimu ogw'okuweereza, olw'okuzimba omubiri gwa Kristo*" (**Beef 4:12**). Abo abalina omutima ogw'obuweereza "bassa essira ku balala, naye si kwefaako bokka. Kuno kwe kwetowaza okutuufu: si kweroowoza ng'abatasaanidde naye *obuteegulumiza*. . . Okufiirwa obulamu bwo' kitegeeza kino—obuteekulembeza naye n'okulembeza okuweereza abalalala. Bwe tulekerawo okussa essira ku ebyetaago byaffe tutegeera ebyetaago ebitwetoolodde." (Warren 2002: 265) Amakulu mu kino gali nti, Nge za Yesu nyingi ezikwata ku bwakabaka obw'omu ggulu ziraga nti olunaku olw'omusango lujja kwesigama nnyo ku bye tukola, naddala mu ngeri gye tuyisaamu bannaffe n'okubaweereza mu bulamu (**Mat 18:23-35; 21:28-32; 21:33-44; 24:45-51; 25:1-13; 25:14-30; Makko 12:1-12; Lukka 12:42-48; 16:1-9; 19:12-27; 20:9-18**). Ensonga enkulu wano eri nti ebo bye tukola, embeera mwe tutambulira, engeri gye tuyisaamu n'okuweereza abalala y'eraga bye tulowooza ku Yesu. Yesu yagamba nti, "*mbagamba nti nga bwe mwakola [gamba, mwalaga okufaayo n'okulumirirwa] ku omu ku abo baganda bange, abasinga obuto, mwakikola nze*" (**Mat 25:40**), ne "*mbagamba nti nga bwe mutaakola omu ku abo abasinga obuto, temwakikola nze.*" (**Mat 25:45**). "Tewali kintu kirala kiyinza kunnyonyola okusinga ebikolwa *eby'omuntu* akkiriziddwa Katonda olw'enkolagana gy'alina naye. Ekyo omuntu ky'akola nga taluubirira kuwaanibwa kye kimulaga ky'ali kyennyini." (Travis 1982: 191)

Omutima guno ogw'okuweereza n'enneeyisa y'omuyigirizwa akakase, y'oyo aweereza

nga tanoonya kusiimibwa, yeeyongerera okukula n'okwagala Yesu ra n'asanga nga alina embala ya Yesu. Omuyigirizwa amaanyi nti, akageri ke kiri nti buli muntu yatondebwa mu “kifaananyi kya Katonda” (**Lub 1:26-27; 5:1-3; 9:6; Beef 4:24; Bak 3:10; Yak 3:9**), engeri gye tuyisaamu ekifaananyi kya Katonda y'eraga nti tumulowoozaako. Amaaso gaffe bwe tugamalizaku Yesu, tutandika okulowooza nga ye n'okukola nga ye. N'olwekyo, *ng'omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza*” (**Mat 20:28**), so naffe bwe tutyo—ne Katonda alijjukira n'okugulumiza bayigirizwa be abaweereza abalala n'omutima ogwagala (**Zab 100:2; Yok 12:26; Beb 6:10**). Henrichsen awunzika ng'agamba nti, “*Omuyigirizwa ye muntu abeera ennyo ku lusegere lw'abali mu bwetaavu*. Mmwe abayigirizwa ba Yesu, mufa ku bantu abali mu bwetaavu?” (Henrichsen 1988: 32, *emph. in orig.*)

Engeri ennyangu ennyo, nga ya buwangwa, okugeza abasajja naddala bateekwa okuyambako bakyala baabwe ku mirimo gy'awaka, kubanga **Beef 5:28** agamba nti “*abasajja kibagwanidde okwagala nga bakazi baabwe ng'emibiri gyabwe bennyini*.” Mu buwangwa bungi, abakyala be bakola emirimo gy'awaka egisinga obungi (okugeza, okutyaba enku, okukima amazzi, okulongoosa awaka, okufumba, okuzaala n'okulabirira abaana). Emirimo gino gyonna gikooya n'okumenya omubiri gw'omukazi. Abasajja bwe babanga ddala “*baagala bakyala baabwe ng'emibiri gyabwe*,” tebandiresse bakyala baabwe kumenyeka na mirimo, gino gyonna. Naye, bandibadde nabo bakola ku mirimo egimu. N'abakyala ne bawummulako, ate n'emirimo giba giggwa mangu, kino kiba kibyambako omwami n'omukyala okufuna obudde obubeerako bombi mu mukwano.

6. Okweyongerayongerera mu kigambo kya Katonda. “*Bwe munywera mu kigambo kyange, nga muli bayigirizwa bange*” (**Yok 8:31**; soma ne **Yok 14:26; 2 Yokaana 9**). Ekigambo kya Katonda mazima (**Yok 17:17**). Ekigambo kya Katonda “*bwe bulamu eri abo ababiraba*” (**Nge 4:22**). Lye, “*essaanyu n'okusanyuka kw'omutima gwange*” (**Yer 15:16**). Ekigambo kye ye ttabaaza eri ebigere byange, n'omusana eri ekkubo lyange (**Zab 119:105**). Katonda yateeka waggulu w'ebintu byonna erinnyalye n'ekigambo kye (**Zab 138:2**). “*Buli ekyawandiikibwa kirina okulungama kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu, omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi*” (**2 Tim 3:16-17**). Olw'okubanga Kristo “*bwe bulamu bwaffe*” (**Bak 3:4**), tulina “*okubeera mu ye*” n'ebigambo bye birina “*kubeera mu ffe*” (**Yok 15:7**). Okubeera mu Yesu kyetaaga obugumiikiriza. Kino tukirabira ne ku Yesu yennyini eyamanya ebyawandiikibwa “*obuvo n'obuddo*.” Yesu yajuliza ebyawandiikibwa okuva mu nnyiriri nga 60 ez'enjawulo (gamba, mu Ndagaano Enkadde) y'akikola waakiri emirundi 120 ng'ajuliza ebyawandiikibwa ebyo n'ebirala bingi (Moyise 2010: 3-4). Ne bwe yali afa, Yesu yajuliza ebyawandiikibwa (**Mat 27:46; Makko 15:36**, okujuliza **Zab 22:1; Lukka 23:46**, okujuliza **Zab 31:5**). Kubanga bw'atyo Yesu bwe yali, ate ku ffe kirina kusingawo nnyo okutuukirira. Awo nno kye tuva tulina okwebuuzza: Tuwulira Bayibuli ng'ennyonyolwa bulungi mu kkanisa? Tulina entegeka ey'okusoma Bayibuli buli lunaku? Ebyawandiikibwa tubisoma n'obwegendereza? Ebyawandiikibwa bye tusoma tubikwata? Tuterako okubifumiitirizaako? Tulina okuyaayaana okumala okusoma Bayibuli? Ba Navigators bafuunza endowooza yaffe ku Bayibuli n'enkolagana yaffe nga bagigeraageranya ku ngalo ettaano ez'omukono. Twetaaga: *okuwulira* ekigambo nga kibulirwa (**Bik 10:17**, akagalo ka nasswi); *okusoma* ekigambo (**Kub 1:3**, engalo eddirira nasswi); *okusoma* ekigambo (**Bik 17:11**, engalo eya wakati); *twejjukanye* ekigambo (**Zab 119:9, 11**, olunwe); ate *tufumiitirize* mu kigambo (**Zab 1:2-3**, eggalo essajja) (Navigators 2004: “The Word Hand”).

“Okubeera mu kigambo kya Katonda kitegeeza okuwuliriza lutetezi, okusoma, okuyiga, okujjukira, n'okufumiitiriza ku byawandiikibwa; okubeera mu kigambo kitegeeza okukitambuliramu. Mu ngeri endala, Bayibuli eteekwa okututereza emitima gyaffe, endowooza, n'ebikolwa—n'engeri gye tulabamu ebituufu n'ebikyamu kye tuteekwa okukola ne kye tutateekwa kukola. Henrichsen agamba nti, “*Omuyigirizwa y'oyo eyesigama ku Bayibuli mu buli ky'akola nga y'emulaga ekituufu era n'atambulira kw'ekyo bulijjo n'atalinda nsi kumwekolerako nga yo*” (Henrichsen 1988: 32, *emph. in orig.*). Yesu yagamba nti, “*buli muntu awulira ebigambo byange ebyo, n'amala abikola, ky'aliva afaananyizibwa n'omusajja ow'amagezi eyazimba enjuye ku lwazi. Enkuba n'etonnya, mukoka n'akulukuta, kibyaga n'akunta; ne bikuba enju eyo; so n'etegwa, kubanga yazimbibwa ku lwazi. Na buli muntu awulira ebigambo byange n'atabikola, alifaananyizibwa n'omusajja atalina magezi, eyazimba enjuye ku musenyu: enkuba n'etonnya; mukoka n'akulukuta, kibuyaga n'akunta; ne bikuba enju eyo; n'egwa: n'okugwa kwali kunene.*” (**Mat 7:24-27**; soma ne **Lukka 6:47-49**) Yak. agamba nti, “*naye mubeerenga bakozi ba kigambo, so si bawulizi bnuwulizi, nga mwerimbalimba Naye atunula mu mateeka amatuukirivu ag'eddembe n'anyiikiriramu, nga si muwulizi eyeerabira naye mukozi akola, oyo anaaweebwanga omukisa mu*

kukolakwe.” (Yak. 1:22, 25; soma ne Bar 2:13)

Ekitongole kya ba Navigators kifunzaafunza obulamu bw'omuyigirizwa wa Kristo obulambuluddwa nga nnamuziga, mu ngeri bw'eti:



Omusingi ye Kristo (ekifo ekikulu)—okwetoolerwa ebintu byonna, naddala okuwaayo obulamu bwaffe eri obwakabaka bwe n'obuyinza bwe. Olupanka bwe bugonvu bwaffe eri Kristo mu nsonga zonna ez'obulamu (ebirowoozo, ebigambo, n'ebikolwa). Oluwaggi olwambuka (ky'ekigambo n'essaala) biraga enkolagana gye tulina ne Katonda. Oluwaggi olw'obukiika (Bwe bujuluzi n'okukungaana) y'engeri gye tukolaganamu ne bannaffe (Navigators 2006: “The Wheel”).

VI. Ensonga entongole mu kutendekebwa obulungi mu buyigirizwa

“Abayigirizwa tebabaawo mu butanwa. Okufuuka abayigirizwa kwe kugoberera mu bugenderevu. . . Ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza 'omuyigirizwa' [kiri] *mathetes*. Bwe kikyusibwa buterevu, kitegeeza *omuyizi*. Wano ebyawandiikibwa birina kye byogera, biba bituteekateeka okuba mu bulamu *nga tuyiga ebifa ku Yesu*. . . . Waliwo engeri ez'enjawulo ssatu mwe tuyita okuyiga, naye awatali kubuusabuusa, tuyiga bulungi nga waliwo enkolagana ey'amaanyi wakati wa byonna ebisatu omulundi gumu:

- 1) Okusoma okw'omu kibiina
- 2) Okutendekebwa
- 3) Okwenyigiramu

Okusoma okw'omu kibiina nga amawulire, enkola n'ensonga bisomesebwa okuva ku musomesa okutuuka muyizi mu mbeera y'omusomo ogwa kalasi. Okutendekebwa kwe kuyiga obukugu obumu ng'otendekebwa omuntu eyayiga edda obukugu obwo. Okwenyigiramu kwe kuba omuntu bw'atekebwa mum mbeera oba obuwangwa n'ayiga ng'alonda mu ngeri ey'amagezi by'alaba n'ebyo by'ayitamu.” (Breen 2011: 20-21, *emph. in orig.*)

Okuyiga ensonga, enjigiriza, amawulire agakwata ku Kristo n'Obukulisitaayo *kyetaagisa* nnyo, naye ekyo *tebimala* kufuula bayigirizwa balungi. “Bwe tuwuliriza omusomesa wa bayibuli omulungi n'omwozezi omulungi, ebigambo byabwe bituzzaamu amaanyi n'okutukumaakuma. Era ne mu mbeera bw'eti tuliko bye tuyigiramu. . . . Naye jjukira, obuyigirizwa tebukoma ku kuwagala buwagazi mutwe. Yesu yagamba mu Mat 4:19 nti asobola okutufuula ekintu eky'enjawulo—n'atukyusa mu mutima ne mu bikolwa. . . . Abantu abasinga si bayizi ba kuwulira era balwana okusigala nga bassa essira okumala ekiseera kyonna naddala kati mu mulembe gw'okufaayo akatono. Abayigiriza abalungi tebaggyako kuyigiriza mu butongole, naya bategeera nti kikoma.” (Putnam 2010: 48)

Eri Yesu, enkolagana kye kyali ekikulu mu kufuula abagoberezi be abayigirizwa. “Yesu yafaayo nnyo ku nsonga y'enkolagana bwe yalinga asomesa abayigirizwa ... Yayogera nga mazima bwe baabanga balya obanga beebase. Yesu yali nga n'abayigirizwa *be* kubanga enkolaganaye nabo gwe gwali omwagaanya okubatuusaako buli kye betaganga Obulamubwe bwonna yabumalira ku ekkumi n'ababiri.

Yasalawo okukolagana n'abayigirizwabe kubanga yamanya nti baamuyigirangako bingi okusinga okusoma obusomi anti 'mbuulira gw'oyita naye” (Ibid.: 48-49) Okulabira ku budde bwe yamala nabo, ng'abasomesa mu ngeri ez'enjawulo, n'okubateekateeka, abayigirizwa ba Yesu baalwa ddaaki ne bamufaanana “*ne bakyusa ensi by'otolabanga*” (Bik 17:6, NKJV). Nga ekkumi n'ababiri, abayigirizwa abalungi beebo abateeka mu nkola ebyo bye basomye ne babitambulirako mu bulamu obwa bulijjo. Breen agamba bw'ati: “Oyinza okwesiga omusawo okukulongoosa omutima nga yasoma bisome naye bulijjo tabikolangako? *Kubanga abantu bangi obuyigirizwa bwaffe buli bwe butyo!*” (Ibid.: 26, *emph. in orig.*)

Okufuna abayigirizwa abalungi, abakulembeze mu kkanisa eteekwa okulaba nga kikulu nnyo okukola abayigirizwa era bwetyo ne yeenyigira mu kuwagira mu mulimo gw'okukola abyigirizwa. Ng'ekitongole kya Churches Alive bwe kigamba, “Obuwanguzi bw'obuweereza bwo obw'okungavvula ku nkomerero bukwatera ku kakiiiko akafuzi n'obwannannyini bwabwe ku buweereza. Singa bulabibwa ng'ensonga lwaki ekkansa weeri, ejja n'okuleera okutuufu, okukula, n'okukulakulana, era n'okukyusa ekkansa. Okufuuka ekkansa ekola abayigirizwa kizingiramu okukyusa okuva ku kussa essira ku

kukuuma ekkansa okudda ku kussa essira ku kufuuka ekifo ekifuula abayigirizwa. Eno nkyukakyuka ya maanyi nnyo. Si kyawukana ku nkyuka kyuka okuva mu yeekalu ya Ndagaano Nkadde nga essira liteekeddwa ku by'emabega n'amaanyi g'abatono, okutuuka ku kkanisa ey'ekyasa ekisooka enkyukakyuka mwe yali enkola era ng'amaanyi g'Omoyo omutukuvu galiwo eri abakkiriza bonna.” (Churches Alive 1996: 1.8) Kino kitegeeza nti abakulembeze b'ekkanisa beetaga okwenyigiramu butereevu, okuyambako, (n'ebintu ebikalu, okuyita mu kusaba, n'engeri endala), mubeere mu nkolagana ey'okumpi n'abo abakulembera obuweereza bw'obuyigirizwa,¹⁸ n'okubuulira abakkiriza mu kkanisa ebikwata ku buyigirizwa buli kiseera.

A. Ebibinja by'abayigirizwa

Obuyigiriza busobola okukolebwa mu mbeera zonna: omu kw'omu; ebibinja ebitonotono by'abantu nga babiri ku bana; ebibinja ebineneko by'abantu nga mukaaga ku kkumi n'ababiri¹⁹; oba n'ebibinja ebinene mu mbeera z'omusomo oba mu kibiina. Kyokka, ekyokulabirako kya Yesu eky'obuyigirizwa bwali bulamu naye si buli muntu nti yamufuna kyenkanyi. Yalonda ttiimu y'abasajja kkumi na babiri, naye ne mu ttiimu eyo yawaayo omutendera ogw'omukwano ogw'amaanyi eri Peetero, Yak. ne Yokaana. Okusuka ku kkumi n'ababiri waaliwo ensanvu mu ababiri, oluvannyuma ekikumi mu abiri, okuvannyuma ne wabaawo enkuyanja..... mu ngeri ennyangu, tuyita abantu batono nnyo mu nkolagana ey'okukangavvula naffe. Singa Yesu yayita abantu kkumi na babiri, tugenda kulowooza [nti] tetusobola kukola bangi nga ye bwe yakola.” (Breen 2011: 38) Kino kiraga nti kkanisa ya bulijjo eteekwa okuba n'ebibinja eby'enjawulo olw'ebigendererwa ebitali bimu. Okugeza, waliwo kkanisa emu eyasobola okukula n'okugaziwa mu ngeri ey'ejawulo oluvannyuma “lw'okutandikawo ebibiina by'abayigirizwa” eby'abantu nga basatu oba bana”. “nga Yesu bwe yakola” ‘abakulu abasooka’ baali basatu (Petero, Yak. ne Yokaana), ekibinja ky'abayigirizwa ekisookerwako kikolebwa abantu nga basatu oba obutasukka bana bano nga baba bakkiriza ab'ekikula ekimu abasalawo okuzimba enkolagana yaabwe ne Katonda ate ne mu bo bennyini. Ekikulu kwe kukozeza Bayibuli okukyusa obulamu, obuyigirizwa obw'omwoyo n'obumu mu kkanisa nga tewali yeemalirira, n'okulwana yekka, okukulaakulana n'okukula yekka. Kino kye tuyita emagi essatu okuzimbirwa obuyigirizwa (C3 = abantu + ekifo + ekigambo). Enkola eno ey'empagi essatu si mpya. Obuweereza bwa Kristo bwalimu abantu abangu, ekkumi n'ababiri n'abasatu, (abantu + ekifo + ekigambo).” (Core Discipleship n.d.: “Core 3 Strand”) Kkanisa yonna ennene eba n'ebibinja eby'enjawulo, okufaanako na kino (Mosaic 2016: 7-12):

Omulamwa	Ekipimo	Essira	Okuyiga okuva ku Yesu	Okwolwsbwba kw'ekkanisa	Ebivaamu
Olujjudde	100s	Okubuulira, Amazima, Okusinza	Yesu n'Ebibina by'Abantu	Enkunjjaana n'emikolo	Okubudaabudibwa, Okujaguza, Omugendo
Ebibinja	20-70	Okusumba, Okutendeka, Okukubiriza	Yesu n'ensanvu	Ebikunjanyizibwa, Abaweereza, Ebibiina by'okutendeka	Okukubisamu, Enjiri, Ebiuddemu
Obwassekinoomu	12-18	Okuyamba, Okusoomooza, Okugezesa	Yesu n'ekkumi n'ababiri	Enjiri y'ekitundu, Ebibiina bya abakazi oba abasajja Ebiina ebiyambi	Okwewaayo, Enjiri, Ekitundu
Obwakatonda	Wekka ne Latonda	Okubeera n'Omutonzi era Omununuzi wo	Yesu ne Kitaffe	Olugendo lwa ssekinoomu	Omwano ogw'omunda, Ekikula, Okwewaayo
Obwerufu	2-5	Obutesobola,	Yesu n'abasatu	Omwano	Omwano

¹⁸ Obukulembeze bw'ekkanisa buteekwa okwenyigira mu mu mirimo gye gimu egikolebwa abayigiriza ng'abakulembeze b'abayigiriza bwe bakola nga basisinkanye (soma aka 23, wansi awo).

¹⁹ Kkanisayo bw'eba n'ebibinja ebineneko nga bisukka mu bantu abasatu oba abana, naddala nga bombi abakazi n'abasajja bali mu kibinja ekyo, mulina okubaayo n'abalala ababayambako. Obumanyirivu butugamba nti okukozesa abafumbo nga abakulembeze abayamba mu kukuula okuywalira awamu kisinga nnyo okukola. Kirina ebirungi byonna eby'okukoppa emboozu y'Oluberebery ey'obujjuvu awamu n'okyokulabirako ky.Endagaano Empya eky'okusindika abayigirizwa babiri babiri. Naye n'omukazi n'omusajja abatali bafumbo nabo basobola bulungi okukulembera. Omulamwagwo guba gwa kulondayo abakulembeze abasinga obulungi. Bw'oba n'abakulembeze babiri kikuyamba okumanya ebifa mu b'osomesa amangu. Omu bw'aba ayogera, omulala aba alaba bigenda maaso. Omu bw'aba akubiriza okuteesa, omulala ye aba agoberera ebiteesebwa ko n'okuwabula. Ababiri bano buli muntu asobola okuwabula munne ate buli muntu aba n'ebirwoozo ebibye. Basobola okusabirigana na buli omu n'agumya munne.” (Churches Alive 1996: 4.3)

		Embalirira, Okukula		ogw'ebuziba, Obufumbo, Obuyigirizwa obugenderere	ogw'omunda, Okukyusibwa, Obukulu
--	--	---------------------	--	---	--

Okunoonyereza okusukka mu kumu kulaga nti *embeera esinga* obulungi mu bulamu okukyusa obuyigirizwa ye muyigirizwa n'abayigirizwa 2-3 (abayizi)²⁰

1. Bayibuli eyogera lunye ku bulungi bw'okuba “ababiri oba abasatu.” Bayibuli erina ebyokulabirako bingi ebiraga obukulu bw'okukolera awamu abantu babiri oba basatu: mu kitundu (**Omubuulizi 4:9-12**); embalirira (**1 Tim 5:19**); enzirikanya y'ensimbi (**2 Kol 8:16-24**); obwekusifu (**Mat 18:15-17**); obwangu (**Mat 18:20**); ebyempuliziganya (**1 Kol 14:26-33**); endagiriro (**2 Kol 13:1**); obukulembeze (**1 Kol 14:29**); obutume (**Lukka 10:1; Bik 13:2-4**) (soma Cole 2011: n.p.)

2. Emiganyulo egiri mu bantu abatono (basatu oba bana) gye gino wammanga:

- “Waliwo okukyuka okuva ku kunyigirizibwa okutali kwa butonde okudda ku kwetaba okw'obutonde okw'omuyigirizwa. Bwe tugattako omuntu owookusatu oba owookuna, omuyigiriza aba awewuseeko, kubanga emirimo baba bagikolera wamu.”
- “Waliwo enkyukakyuka okuva mu nkolagana y'abalala okudda mu nkolagana ya bannabwe. Omuntu owookusatu oba owookuna awewulako ku mulimo. Essira terisinga kulissa ku muyigirizwa nga bwe liri ku Kristo wabula oyo bonna gwe balaga obulamu bwabwe.”
- “Esonga ziva mu bigambo ne zidda mu bikolwa. Ebiseera ebyasoka nga nsisinkana abantu abasatu, nnabanga nneebuuza munda mu nze, ‘Kiki ekiviirako enkyukaakyuka ezo ez'omuggundu?’ Omwoyo omutukuvu y'akola bino byonna. Obulamu n'amaanyi byeyolekera wano. Amaanyi g'abantu nnatuuka ne ngategeera, emboosi ey'omuntu omu kw'omu tekiba kibiina. Bwe muwera abasatu olwo ekibiina kiba kiweze nga Mugenda mu maaso (Lowooza Triniita).”
- “Abantu bwe baba awamu bagabana amagezi. Ekitabo ky'Nge kyogera ku magezi agasalwa abantu abawerako (Nge 15:22). Abantu abatwalibwa ng'abato oba abatannakula mu kukkiriza ekyewuunyisa be boogera eby'amagezi, oba ekintu ekitono ennyo mu bulamu oba ebibuuzo ebikulu.”
- “Buli lunaku wabaawo okweyongera mu miwendo. Ku lwange tewali kinyuma ng'okulaba ng'Omukulisitaayo akula. Ebyo byonna bye bimwongera embavu. Emyaka ng'abiri egiyise, ndabye ng'abayigirizwa ebitundu nga 75% beeyongedde nga nkozesa enkola ey'abasatu mu kuyigiriza.”
- “Mu bufunze, abantu abatono banguwa okuwera kubanga eby'olukungukungu ebyo tebibaawo ne kyanguya omulimo gw'obuyigiriza. Ennambika entuufu ekwata ku buyigiriza, kino kyanguyaako ku mirimo, ne gigaziwa, nga buli mukkiriza yenna ne bw'aba akyakula asobola okubakulembera. Obukulembeze mu bibiina bino buba bwanguwa okukola kubanga abantu batono banguwa okubayitaayitamu ate ekirungi n'ennambika ebaawo.” (Ogden 2007: 4-5)

3. Ebibina ebitono (byabantu basatu oba bana) bisinga ku buyigiriza obw'omuntu omu kw'omu olw'ensonga zino wammanga:

- Mu kuyiga okw'omu n' omu kw'omu, obuvunaanyizibwa bw'obulamu obw'Omwoyo obw'omuyigirizwa buba ku ye.
- Enkola y'omu kw'omu eteekawo embeera y'olukungukungu ate evaamu okunyuunyunta.
- Tewabaawo kukubaganya birowoozo kutuufu.
- Tewabaawo buyiia bumala mu kuyigiriza.
- Abayigirizwa tebawera mangu mu nkola eno (Ogden 2007: 3).

4. Ebibina ebitono (abantu basatu oba bana) bisinga ku bibiina ebinene kubanga ekibiina gye kikoma okuba ekinene n'okulwawo okukyusibwa olw'ensonga zino ssatu ezikalubya obuweereza:

- *Amazima*—“Okuyiga kubaawo singa ng'amazima gaggyiddwayo, kino kizibuwala abantu

²⁰ Nga bwe kiri mu bitundu **B. Ebitabula mu bibiina by'abayigirizwa ate D. Omulimo gw'obuyigiriza guteekwa okwetambuza gwokka**, enkolagana ebaawo wakati w'abayigirizwa n'omuyigiriza teyeetaagamu kwegulumiza. Wabula nkolagana ey'okukwasiza awamu n'okulumiriraganwa nga wano n'abayigirizwa balina omukono mu kigenda mu maaso.

bwe baba bangi nga buli omu alina ndowooza ye. Kizibuwalamu n'okumanya oba ng'omuntu ategedde, olw'obunene bw'ekibiina.”

- *Enkolagana erimu obwerufu*—“Omuntu yenna bw'aba asobola okweyabya kyangu okukyuka, n'omuntu okuba omwerufu kikalubamu abantu bwe baba bangi. Bwe tuba tetusobola kweyabya bitutawaanya, omwoyo akaluubirizibwa okukozesa abantu b'ekibiina okuba abaweereza abalungi nga bwe kyetaagisa.”
- *Okulumiriraganwa*—“Ekibiina bwe kiba kinene, kiba kizibu okukola. Wano omuntu aba alina okumanya banne kye baliko ne webatuuse, n'okumanya oba nga ebyateesebwako bikyagobererwa. Abantu bwe baba bangi kino kikalubamu.” (Ogden 1998: 11)

B. Engeri z'ebibinja by'abayigirizwa ebirungi

1. Enkolagana mu buyigirizwa ekolebwa mukwano gwa buziba, kyokka entegeka zitera okussa essira ku mawulire. “Abasomesa baba n'endowooza nti omuntu bw'aba asomeseddwa ebintu bingi aba atekwa butekwa okukyusibwa. N'ekirala, enjigiriza entuufu etuusa ku bulamu obweyagaza. Abantu bwe bapakirwamu ebyawandiikibwa mu mitwe n'ennono za Bayibuli kija kukyusa empisa zaabwe, ebyettanirwa n'omutima ogwagala Katonda.” (Ogden 2007: 6) Kirungi era kyetaagisa okutegeera ebyawandiikibwa n'ennono za Bayibuli; kyokka, tekimala kutondawo bayigirizwa balungi. Obuyigiriza bwetaaga enkolagana. Yesu teyannyonyola bunnyonnyozi bayigirizwabe Bayibuli naye yalina enkolagana nabo era bye yabasomesanga okuva mu Bayibuli ng'abiteeka mu nkola. Robert Coleman agamba bw'ati: “Okubuulira abantu enjiri, kiyinza okubanga kyetaagisa, naye tekusobola kuteekateeka babuulizi ba enjiri abaddako. 'Essaala eza buli kaseera nazo ko n'okusomesa abakozi Abakulisitaayo. Okuteekateeka omuntu si kintu kyangu. Kyetaagisa abantu okuba mu bumu, nga bw'olaba tata n'abaanabe. Ekyokulabirako kya Yesu kitumala okutusomesa nti omukulembeze yandibadde kumpi n'abantu b'akulembera.” (Coleman 1964: 47)

Ekikulu mu kino kiri nti ggwe (omuyigiriza) wetaaga okuwa abantu mu buyigirizwa bwo “omwagaanya okutegeera ebikwata ku bulamu bwo nga kino kiyinza okukukaluubirira olw'okuba ggwe obeera omukulembeze. . . . Obayita buyisi kukwegattako okukola kye watandikako edda. Bayite n'ab'omu maka gaabwe balyeeko naawe eky'eggulo n'ab'omu nju yo. Emirundi mingi twerabira nti olumu tetukitwala ng'ekiseera eky'okuyigiriza' tekitegeza nti tetusomesa bantu bukulu bwa kugoberera Yesu. Bwe tukyaza abantu mu maka gaffe, balina bye batuyigirako mu ngeri gye tukuzaamu abaana, engeri gye twagalana mu, engeri gye tutambuzaamu obulamu. Tuba tubatendeka obulamu bwaffe. Okutendeka abantu obulungi, tulina okubaganya ne batutegeera bye tuyitam. *Bwe bukulu bw'okutambulira mu bulamu obulambulukufu!*” (Breen 2011: 40, emph. in orig.) Mu bufunze, “Okuyigiriza abayigirizwa tekukoma ku 'kwogera ku kukkiriza,' naye okwogera ku bulamu bwaffe—okulemererwa n'obuwanguzi, obukakanyavu n'okugonda” (Dodson 2012: 15).

2. Enkolagana mu kuyigiriza eruubirira ku kukula kw'omuntu ssekinnoomu, ate bo abasomesa balumiriza kya kutambuliza bintu wamu na kulondoola. “Enkolagana mu kuyigiriza esaana n'eba ya njawulo mu budde, kubanga tewali bantu babiri bakulira ku misinde gye gimu. Ekikulu si kye ky'okusomesa ku misinde gye gimu, naye enkola ey'omuntu kinnoomu etunuulira ensonga ez'enjawulo ez'okukula kw'abo abakwatibwako.” (Ogden 2007: 7) Abayigiriza abalungi bateekwa okumanya oba ng'abakkiriza mu bibiina byabwe oba ngabakula mu mwoyo. Jim Putnam agamba nti, newankubadde Abakulisitaayo bonna *bamuwendo*, si nti Abakulisitaayo bonna benkanya *omugaso* mu mirimo gya Mukama. Enjawulo eri ku mutendeera *gw'obukulu bwabwe*. (Putnam 2010: 42) Putnam ye agamba nti omuyigiriza ayita mu mitendera etaano okukula (Ibid.: 41-42; soma ne Followers 2010: “Obulamu obwa nnamaddala” kikino ekipande ekifunziddwa ku bikulu, enzikiriza, enneeeyisa, endaba y'ebintu, ebyetaago by'omwoyo, n'ebigambo ebikiirira buli mutendera kw'egyo etaano egiyitibwamu okukula mu mwoyo):

- Omutendera ogusooka: *Okufa mu mwoyo*. Omuntu aba tannazaalibwa gwa kubiri. Abantu nga bano baba bajjudde obutakkiriza, bayinza n'okumanya olulimi lw'Ekikulisitaayo nga bagenda ne ku kkanisa, naye ebimu ku bye boogera bye biraga obutakkiriza bwabwe, okukkiriza kwe balina, n'ebintu bye bakola.
- Omutendera ogwokubiri: *Obuto mu mwoyo*. Abakulisitaayo bonna abapya batandika bato mu mwoyo. Baba n'okwagala kye bayiniddemu mu mitima gyabwe naye nga bingi tebabimanyi. Omukulisitaayo yenna omupya aba akyali muto mu mwoyo ne bw'aba amaze ebbanga ng'agenda ku kkanisa naye nga tannalokoka. Abantu bwe bati babba bamanyi bingi ebikwata ku Bukulisitaayo, naye nga bye bamanyi tebabiteeka mu nkola mu bulamu bwabwe,

okusobola okubukyusa.

- Omutendera agwokusatu: *OKuba omwana mu mwoyo* Obuto mu mwoyo atuuka n'abuvaamu, ne bafuuka abaana mu mwoyo abategeera ebikulu n'ebigambo by'okukkiriza. Emirundi mingi bababeerwanako nga bakola ebintu ebituufu okufunaa bye baagala oba okwewala okutuukibwako bye batayagala.
- Omutendera ogwokuna: *Okuvubuka mumwoyo.* Ababadde abaana mu mwoyo bafuuka abavubuka. Baba bakuze nga n'okuweereza basobola naye baba tebannasobola kufuula balala bayigirizwa.
- Omutendera ogw'okutaano: *Okuba omuzadde mu mwoyo.* Guno gwe mutendera ogusembayo mu kukula mu mwoyo. Obutafaananako n'abavubuka mu kukkiriza abalabikanga *basobola* okuvaamu abalala naye ne batakikola, abazadde mu mwoyo baba bawaddeyo obulamu bwabwe okutambuza enjiri ya Kristo n'ekigendererwa eky'okufuna abayigirizwa abapya.²¹

Olw'okubanga omulimo gw'obuyigiriza gwonna guluubirira kukkuza bayigirizwa mu mwoyo. Omuyigiriza atekwa okwetegereza ko n'okumanya abantu mu kibiina kye we batuuse mu kukula mu mwoyo. Ekintu tekirina kuba kizibu: abasomesa batunuulira abayizi ne balaba enkola yaabwe; ba nampala ku mirimo balondoola enkola y'abakozi; abazadde balondoola abaana baabwe ne babalaga ekituufu. Abayigiriza bateekwa okulondoola "enkulu y'abayigirizwa mu mwoyo" okusobola okulambulula ensoma y'abayigirizwa abali mu kibiina ekyo. Okulondoola kwesigamizibwa ku nambika eyo gye tulabye waggulu **V.C. Ekinyusi ky'obuyigiriza** ne **D. Embeera n'obulombolombo bw'abayigirizwa abakakase** n'ebintu ebirala omuli empuliziganya ne banne n'ebisaanyizo eby'obuntu (okukwata by'asoma, okulumirirwa, enkolaganaye ne banne, n'ebirala, bino byeyoleka ng'ayigirizibwa). Yinvensulo ng'eyo ejja kulaga ebitundu by'amaanyi n'okukulaakulana omuyigirizwa asobole okuzibwamu amaanyi; era ejja kuzuula ebitundu we kyetaagisa okulongoosaamu.

3. Enkolagana mu kuyigiriza abali mu mulimo okukwatira awamu, okwenyigiramu, kyokka mwo mu kusomesa wabaawo omu abo abantu nga baabo abakola ku lw'abalala. "Enteekateeka nnyingi zeesigamizibwa ku muntu omu oba ab'olubatu ab'omuzinzi abateekateeka abalala bo ne baja buzz inga buli kimu kyawedde dda Mu kuyigirizaa okulimu enkolagana abakwatibwako ensonga bakolera wamu okuteekateeka, nga beeyabya, n'omulamwa ogw'okukyusa obulamu. Wano omusomesa taba omu nti kuba y'aasobola yekka, ate abalala nga bayizi abagendera obugendezi ku magezi ag'omuntu omu agabasukkulumako. Ate n'ekirala, abantu tebenkana mu kuba abakulu mu Kristo, naye ekikulu kyandibadde nti mu kugabanya obuvunaanyizibwa, omusomesa n'abayizi bakyukakyuka buli kaseera." (Ogden 2007: 6)

"Abato mu mwoyo baba tebannamanya kye baayingiramu. Tebamanyi nti waliwo olutalo olw'omwoyo nti era waliwo n'omulabe omuggya ayagala okubatta n'okubazikiriza (soma Yokaana 10:10; 1 Petero 5:8)." (Putnam 2010: 53). Ekituufu, abayigirizwa, naddala abakkiriza abakyali abapya, baba beetaaga omusumba, omuyambi, omuyigiriza ababeerako, n'abalambika, n'abasomesa, n'aba nabo, n'abalambika, n'okubalondoola. Mu kiseera kye kimu, *abayigirizwa basomesebwa nabo bayigirize abalala n'okukulemba ebibiina byabwe.* N'olwekyo, basaana okukwasibwa obuvunaanyizibwa nga bakatandika okusomesebwa obw'okukubiriza bannaabwe n'okuteekateeka ebikozesebwa mu kusoma.²² Putnam annyonyola bw'ati enkola yonna: "Abayigiriza ab'amaanyi tebelema kuyisa bayizi baabwe mu mitendera. Enkola etandika 'naawe nga weetegereza; nkola' n'edda ku 'ka tukolere wamu' ate n'edda ku 'ggwe kola; nze ndabe.' ekisembayo, omuyigiriza naye akozesa enkola eno y'emu ng'aliko gw'atendeka—oyo y'aba abadde alaba ebigenda mu maaso." (Ibid.: 59)

4. Okuyigiriza okulimu enkolagana essira eriteeka ku buvunaanyizibwa okwetoololera ku nkyukakyuka mu bulamu, so nga pulogulaamu zissa essira ku buvunaanyizibwa obwetoololera ku birimu. "Okukula n'okufaanana Kristo gwe mulamwa omukulu. Mu kusomesa kyangu okumanya

²¹ Hammond and Cronshaw bannyonyola enkola eyo mu ngeri eno (okutandikira ddala omuntu lw'akyuka/ng'akyali muto mu mwoyo): (1) *Obutamnya kya kukola.* Abantu ku mutendera guno baba tebamanyi na kigenda mu maaso; tebasobola ate n'okumanya tebamanyi. Omukulembeze y'alina okuleeta ensonga ate n'agisomesaako. (2) *Obuteekakasa bulungi.* Abayizi bamanya ku kintu naye ate nga batya nti bayinza okuba nga tebakisobola bulungi. Okwegezangamu n'o "okwerabira" eby'edda kyetaagisa bwe tuba ba kugenda mu maaso. (3) *Okwekakasaamu.* Abantu ku mutendera guno baba bategedde kye baayingiramu nga beetaayo bwetaazi budde okukola obulungi; 'tekinnatuulira ddala' tmu bo bulungi. (4) *Okwekakasiza ddala.* Ku mutendera guno abantu baba basomye nga n'okutegeera bategedde obulamu obuggya nga babumanyidde n'okubumanyiira. Baba basobola okusomesa n'okukyusa bannaabwe. (Hammond and Cronshaw 2014: 7-8)

²² Kino kyogerwako mu bujuvu wansi mu kitundu **V.I.D. Enkola y'okufuuka abayigirizwa erina okuba nga yeekoppa.**

ebituukiddwako, ebintu ebirabika ng'okujjukira ebyawandiikibwa, okumaliriza ebyokukola ebya buli wiiki, n'okukola eby'omwoyo. Mu kuyigiriza okw'enkolagana essira erisimbibwa ku kuyiga okw'o 'okwetegereza oba okugondera byonna [Yesu] bye yalagira' (Mat. 28:19). Okugeza, waliwo enjawulo nnene wakati w'okumanya nti Yesu yatusomesa okwagalanga abalabe baffe, n'okwagalira ddala abalabe baffe. Okuyigiriza okw'enkolagana kuluubirira kuyingiza bulamu bwa Yesu mu byonna bye tukola ne bye tutambuliramu." (Ogden 2007: 7)

5. Awatali kufaayo ku bunene, ebibinja byonna eby'abayigirizwa byesigamiziddwa ku misingi egimu emikulu. Newankubadde okuyigiriza kukolebwa mu ebibinja ebitono, "ebibinja si bye bikola abayigirizwa; abayigirizwa be bavaamu abayigirizwa" (Cole 2011: n.p.). N'ekirala, "abayigirizwa bafunibwa lwa nkolagana, si lwa bisomesebwa" (Ogden 2007: 5). Okusobola okuwangula, abantu bonna mu kibinja ky'abayigirizwa bateekwa okukkiriziganya ku nsonga enkulu ssatu:

- Obwerufu n'obwesiga eri buli omu. "Enkolagana ey'awamu, erumiririrwa buli omu gwe musingi gw'obuyigirizwa obukula. . . . *Ekigero kye tuli abeetegefu okubeera nga tubikkulira abalala ebitundu ebyo eby'obulamu bwaffe ebyetaaga okukwatibwako kwa Katonda okukyusa, kye kigero kye tuyita Omwoyo Omutukuvu okutufula abagya.* Okwagala kwaffe okuyingira mu mukwano ogw'okwebungulula oba ogw'enkolagana oba ogw'enkolagana kigambo ky'okwagala kwaffe okuwa nnamaddala mu maaso ga Katonda okw'okwagala kwaffe okuyita Mukama okukola enkyukakyuka ye mu bulamu bwaffe." (Ogden 2007: 8, emph. in orig.) Obwesige tebubaawo mu kaseera ako wabula bufunibwa era bukulaakulana okumala akaseera. Abantu bwe baba batono kiba kyangu okukuteekamu obwesige kubanga bonna oba obamanyi. **Yak 5:16** agamba nti, "*mubuliragane ebibi byammwe, era musabiragane musobole okuwona.*" "Bwe tubuulirako bannaffe be twesiga ku bibi byaffe ebituswaza bwe tuli mu ekimu mu mubiri gwa Kristo kisobola okutusumulula. Ekintu kyonna bwe kimanyibwa abantu, amaanyi gaakyo gakiggwamu mpola. Ekibi kyagala nnyo enzikiza, naye tekirina maanyi mu kitangaala." (Ibid.)
 - Amazima g'ekigambo kya Katonda mu kitundu. "Kikulu nnyo mu kiseera kyaffe omuyiyigirizwa okufuna omukisa okuyiga ku njigiriza enkulu ez'obulamu bw'Ekikristaayo mu ngeri ennambulukufu. Ebiseera bye tulimu omuntu wa bulijjo yeetaaga okufuna omusingi omunywevu mu nzikiriza y'Ekikulisitaayo." (Ogden 2007: 9) Omuntu omu mu kibiina ky'abayigirizwa yagamba nti, "Nnakizuula luvannyuma nga tumaze okusoma ku nnambika y'okukkiriza entuufu, nti nnalina endowooza efaananira ddala ey'omulembe gwa Musa. Nnalina bingi bye simanyi. Enkola eno ennyambye nnyo okumanya bye nnali mbulamu. Kaakano ebintu eby'Ekikulisitaayo mbitegeera mu ngeri ya njawuloI era binkoledde." (Ibid.: 9-10)
 - Okulumiriranjana okukyusa obulamu. "Enkolagana wakati w'abantu abali mu lugendo olw'obuyigirizwa etambulira ku ndagaano. Endagaano kye ki? Endagaano kiba kiwandiiko, ekikolebwa wakati w'abantu babiri n'okusingawo nga buli omu ayogera by'asuubira ne by'asuubiza mu nkolagana eno. Ekikulu mu ndagaano eno kye ky'okuba nti abagikola buli omu awa munne obuyinza okunywerera ku bisaliddwawo." (Ogden 2007: 10) Okulumiriranjana "kye kitulaga amakulu g'ekigambo muyigirizwa ate owa Yesu" kubanga "omuyigirizwa y'oyo aba aweereddwa obuyinza" (Ibid.).
- "Obuvunaanyizibwa si kya kulonda ku nkola y'okukangavvula. Tewali abeera mu Kibinja ky'Abakula, okujjako abo abegatako nga bamanyi nti beetaga omuntu okubayambako atambula obulungi mu olugendo lwe olw'omwoyo. Abantu bw'okkiriza okubakulembera, baba bakuwadde obuyinza, ddembe lyabwe okukubanja obukulembeze obulimu okutya Katonda. . . . Omuntu bw'ayitiriza okwoosa oba n'atamaliriza misomo gya Bayibuli, omuntu oyo oba weetaaga okulaba mu ngeri ey'enjawulo gy'oyinza okumuyamba. . . . Ekizibu bwe kikolebwako ng'obudde bukyali kye kiba kyangu okujaawo. Abantu abasigadde mu kibiina bwe bakimanyaako nti munnaabwe ayosaayosa ate naawe n'otobaako ky'okola mangu, n'abasigadde batandikira awo. Obutaba na bumalirivu kijja kusaanyaawo obumu bw'ekibiina n'enkola y'okukangavvula. . . . Ekikolwa eky'okutereza oba okugoolola kikulu nnyo mu kuyigiriza abakulembeze. . . . Ekikolwa eky'okutereza oba okugoolola kye kintu kyetukolera abantu so si ku bantu. . . . Mu nnyinnyonyola ennyangu, ekikolwa eky'okutereza oba okugoolola kye kikulwa omuntu ky'akola okuyamba abooluganda okukola bye bamalirira okola edda." (Churches Alive 1996: 4.6-7) Okuvunaanyizibwa ku balala kuyinza okukolebwa ng'okwengugirawo ebipande ebiriko amannya oba alipoota abakulembeze b'ebibinja ze bajjuza

okukozesebwa nga basisinkanye ng'abakulembeze era n'olukiiko olufuzi olw'ekkanisa.²³

C. Enkola y'okufuuka abayigirizwa

Ebibinja by'abayigirizwa bisaana okusisinkana buli wiiki oba oluvannyuma lwa wiiki nga bbiri ne boogera ku bibatwala mu maaso. Ebibinja by'abayigirizwa bisisinkana okuzza mu amaayi abayizi n'okubannyikiza buziba mu njiri. Mu byonna, ebibinja by'abayigirizwa bisisinkana si kwogera ku bibakwatakyokka, ebizibu, oba obuwanguzi, n'ebituukiddwako okuva lwe baasemba okusisinkana. Ekya kiba kirina okubaawo. Kyokka, okuzza mu amaanyi n'okunnyikiza abantu mu njiri, enkiiko zirina okwogera ku nnambika abakiise bonna ne bagyetegereza n'okugikubaganyaako ebirowoozo. Ennambika eno eyinza okubaamu okusoma ebitabo bya Bayibuli eby'enjawulo oba okusoma ebirala byonna ebikwata ku buyigirizwa. Bino bye bimu ku biteeso:

1. Okukozesa Bayibuli. "Buli muyigirizwa yeetaaga okukyusa endabaye ey'ebintu (gye yalina edda) n'engeri Katonda gy'abirabamu. Twetaaga okulaba ebintu nga tusinziira ku Bayibuli. Bayibuli kye kyangwe kya Katonda, ky'akozesa okututukuza (okuyonja) ffe (soma Yokaana 17:17). Ekigambo kye era y'emmere ey'omwoyo ebeezaawo obulamu bwaffe obw'omwoyo (soma Mat 4:4). Kimulisa ekkubo lyaffe (soma Zab. 119:105), ekigambo kya Katonda kino tukikumira mu mitima gyaffe ne kituyamba obutayonoono mu maaso ge (soma Zab. 119:11). Era ky'ekitala kyaffe eky'omwoyo, kye tukozesa okulwanyisa omulabe (soma Beef... 6:17)." (Putnam 2010: 52)

Bammemba b'ekibinja ky'abayigirizwa (naddala omukulembeze oba omuyigiriza) bwe baba tebasomanga kitabo kyonna oba okusoma ku bikwata ku ntaputa ya Bayibuli (oluusi be bayitibwa abataputa), kyalibadde kya makulu nnyo okukikola kubanga kimuyamba okutegeera Bayibuli obulungi ate n'okufuna entegeera ya Kristo eya Bayibuli. Ebitabo byaffe ebikwata ku ntaputa ya Bayibuli ECLEA (<http://www.elea.net/courses.html#interpretation>) ne *okubuulira okw'okunnonnyola* (<http://www.elea.net/courses.html#preaching>) byombi biraga engeri y'okusoma mu n'okutegeera Bayibuli obulungi n'okuteeka mu nkola ky'egamba. Ekitabo kyaffe ekiyitibwa *Biblical Theology* (<http://www.elea.net/courses.html#theology>) kirambulula ebikulu ebiri mu Bayibuli era ne kiraga engeri endagaano empya gy'ekwataganamu n'enkadde. Ebitabo bino birungi okukozesa mu bibiina by'abayigirizwa.

Bwe tuba tukozesa Bayibuli okulambika bye tusomesa, "buli muntu alina okwewaayo okusoma essuula y'emu eyo okuva mu kitabo kya Bayibuli buli wiiki. Buli lw'osoma, saba Omwoyo Omutuukuvu akuyambe okutegeera ky'ayagala okukumanyisa. Omwoyo ayinza okuba ng'akulumiriza okwenenya ekibi, okusanyukira mu kisuubizo, okwefumiitiriza ku kintu kyonna, oba okutendereza Katonda olw'ekyo ky'akoze. Buli wiiki, nga musisinkanye, mwogere ku ngeri omwoyo gy'atambuddemu okuyita mu kigambo n'abakyusa." (Dodson 2012: 137). Ekibiina kiteekwa era okuddamu okuyita mu byasomesebwa, okusobola okutegeerera ddala obubaka obuli mu ssuula. Bannakibiina balina okwebuuzo, "Enjiri erabikira wa mu bye tusomye?" ng'ekibiina kiyita mu bubaka, batekwa okulaba we bagwa mu mboozu amaanyi gaabwe n'okulafuubana we biri. "Mubuuze ebibuuzo. . . . N'ekisa banyigirizagane okutegeera ebikubiriza ebitali bya Katonda n'okutuuka ku bigendererwa by'enjiri. . . . Mugabane obulamu bwammwe, so si kutegeera kwamwe kwokka Byonna nga biwedde, mwogere amannya g'abantu abo be mwagaliza enjiri. Musabire wamu, nga musaba Katonda abayambe okwesiga ebisuubizo bye n'okukyusa abatakkiriza abali mu mmwe bafune ekirabo eky'okukkiriza!" (Ibid.: 138).

David Garrison anyonnyola engeri Kkanisa ng'ogwayo Gwa Kuzimba ndala mu Bangalore, India gyeteekateekamu okusomesa Bayibuli buli wiki nga yeesigama ku "bibuuzo bya Pawulo ebina ebiyamba mu kusomesa abayigirizwa [okuva mu **2 Tim 3:16-17**]:

- 1) Katonda atusomesa ki (njigiriza oba nsonga ki Katonda gy'atulengeza mu kitundu kino)?
- 2) Katonda atunnenya ki (butali butuukirivu ki oba obutakkiriza Katonda bw'atunnenya mu kitundu kino)?

²³ Churches Alive egamba, "Olw'omuze gw'okuteekawo ebiuubirirwa nga tolowooza ku mulimu gwonna ogwetaagisa okutuukiriza ebiuubirirwa lipoota zeetaagibwa...okukakasa enkulaakulana okutuuka ku bigendererwa ebikkaanyiziddwaako. Enkola y'okukola lipoota terina kuba nzibu. Okumanya kwokka nti lipoota weetaagibwa ffe emirundi mingi okusikirizibwa okwetaagisa okukubiriza ekikolwa ekyetaagisa okutuuka ku bivaamu ebikkaanyiziddwaako." (Churches Alive 1996: 5.3)

Abakulembeze mu bibina by'abayigirizwa batekwa okusisinkana mu banga eggere bateese ku ntambuza y'emirimo, okutunula mu mulimo we gutuuse n'ekyetaagisa, buli muntu okumanya ekimwetaagisa, okukola enteekateeka, okubuuzo ebibuuzo, okuwabulagana, okusalira ebibasoomooza amagezi, okusalira amagezi ebizibu bye bayita mu bwe biyinda okukolebwa okwetereza, okusabiragana, okugabana obuvunaanyizibwa, okutendeka n'okukugula bannaffe okusobola okutereza omulimo gw'obuyigiriza nga bwe kisoboka.

- 3) Katonda ayagala tutereze mu ki (kiki ekiri mu bulamu bwange nga kyetaaga okutereza okusenziira ku bye nsomye oba bye mpulidde)?
- 4) Wano nneetukuza ntya (Katonda kiki ky'ayagala nteeke mu nkola wiiki eno, okusenziira ku bye nsomye mu kyawandiikibwa)?

Oluusi bino twandibijuliza nga 'Ebibuuzo ebituufu.'

- 1) Kiki ekituufu? – *okusomesa*
- 2) Kiki ekitali kituufu? – *okunenya*
- 3) Nneetereza ntya? – *okugoolola*
- 4) Mbeera ntya omutuufu? – *okwekuumira mu butuukirivu*

Okubuuzo ebibuuzo bino ebituufu eby'ebyawandiikibwa ebitukuvu nga muli wamu ng'abooluganda mu Kristo kibayambira ddala okutambulira mu kkubo ly'okukuula mu kumufaanana. Nga munaakola obuyigiriza obw'omuzinzi, kikulu nnyo okutendeka 'abasajja (n'abakazi ba Katonda) n'okubategeka obulungi ku lw'emirimo emirungi.' (Garrison 2010: n.p.)

2. Embooji za Bayibuli. Jim Putnam alina ebibiina by'abayigiriza bingi mu miwendo emitonotono ku ttendekerolelye eriyitibwa Real Life Ministries (Obuweereza b'obulamu obwaddala) beeyambisa Bayibuli ng'ennambika y'ebisomesebwa, naye engeri gye bakikolamu enyuma nnyo y'eyitibwa "embooji za Bayibuli." Buli kitundu kya Bayibuli, abasomesa mu bibiina bino ebitonotono bayinza okusoma ekitundu (olugero) oba okulagira omu ku bali mu kibiina okusoma n'oluvannyuma n'anyumiza banne nga embooji ng'ajjiggya mu mutwe—si nti nga banyumya kigambo ku kigambo nga bwe kiri naye ng'ekitundu takikyusizza wadde okululimbiramu. "Nga oli anyumya embooji, abasigadde babeera basoma ekitundu okulaba oba anyumya talina ky'abuuse. Nga embooji eweede, ssekanyumiza oba omukulembeze mu kibiina addamu n'anyumya embooji ng'anakolayo oli bye yeerabidde. Omukulembeze addamu n'alondayo omuntu omulala n'amulagira naye anyumize banne ekitundu kino ng'akiggya mu mutwe. Olw'okubanga buli omu aba atamanyi ani gwabanaabuza, buli muntu afaayo okuwuliriza tebalwa kumulonda nga tabijjukira." (Putnam 2010: 158). Nga kino kiwedde okukola, omukulembeze abuuzo ebituufu okujaayo amazima amakulu agali mu lugero, okugeeza nga:

- Kiki ekipya kyoozudde mu lugero ky'obadde tomanyi?
- Kiki ky'oyize ku bukwa ku Katonda?
- Kiki ky'oyize ku bantu?
- Muntu asinga okuba nga ggwe mu lugero?
- Kiki ky'oyize okuva mu mbooji eyo?
- Kiki kyogenda okukola ne ky'oyize?

Putman amaliriza nti embooji za Baiyibuli ngeri nnungi nnyo okutuusa amazima ga Bayibuli kubanga: (1) Kiyamba abantu okumanya Bayibuli (tekitiisa ate Nge zisigala mu mutwe); (2) Kiyamba okufuna abakulembeze(abantu bangi bayinza okuba nga tebalowooza nga basanidde okusomesa Bayibuli kubanga tebalina bukugu bwa kusomesa by'Bayibuli mu butongole, naye buli omu amaanyi okunyumya Nge n'okubuuzo ebituufu); (3) Kisingako ku kuyiga okwa nnamaddala (kubanga abawuliriza beenyigiramu, ne bajjukira olugero); (4) Kiwa abantu embavvu olw'obuweereza (embooji zisobola okukozesebwa mu mbeera nnyingi ez'obulamu); (5) Kiyamba abantu okufuula abaana baabwe abayigirizwa baabwe(abazadde bwe banyuma Nge eri abaana baabwe, kirina engeri ey'omugundu gye kikwa ku maka); (6) Kiyamba abakulembeze okumanya wa abantu bebakulembeera we batuuse mu by'omwoyo(enkola y'okunyumya embooji eggyamu abantu ekifuula okwekenneenya we bali mu lugendo lwabwe olw'omwoyo okwanguyira); (7) Kikuuma ebibinja ebitonotono obutaboowa (obudde butera okutambula amangu ng'embooji zinyumizibwa okusinga emisomo); (8) Abantu bamanyigana (enkolagana y'embooji n'ebibuuzo etumbula okumanyigana). (Ibid.: 159-62). Engeri eno ey'embooji za bayibuli esinga kutunuulira kitundu kya Bayibuli eky'ennyonyola, ekitundu ekinene eky'Endagaano Enkadde, Enjiri n'ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume.

3. Bikozesebwa n'emisomo gy'obuyigirizwa. Waliwo ebitabo n'ebikozesebwa ebirala ku mutimbagano, eby'okugula oba eby'obweere. Waliwo n'emisomo egy' obuyigirizwa egy'obweere ku mutimbagano, nga girimu eby'okuyiga, okusoma n'ebibuuzo eby'okubaganyako ebirowoozo ebiyinda okuzesebwa ng'rkitundu kun kola y'okufuuka abayigirizwa mu bibinja ebitono. Ku nkomerero y'ekitabo kino, **OKUFUNDIKIRA 2—EBIKOZESEBWA N'AMASOMO GY'OBUYIGIRIZWA** biwandiikidwa bingi ku bino eby'obuyigirize ku mutimbagano n'amasomo amakanisa gayinza okukozesa okukuza n'enteekateeka yaayo ey'obuyigirizwa. Kiba kiyamugaso okuzesa ebintu nga bino, naddala nga essira liteekeddwa ku nsonga

ezimu eziteeseddwako waggulu eky' okulabirako nga, engeri enjiri gy'ekwatagana mu n'okuddukanya ssente, okuzaala, okusinyiwa, n'okutabagana. ECLEA balina ebitabo ebikwata ku nsonga zino zonna n'ebirala, ebiyinzira okuwanulibwa ku bwereere okuva ku mukutu gwa ECLEA (<http://www.eclea.net/courses.html>). Bw'oba okozesa ebikozesebwa ng'ebyo oba olyawo kya magezi okukyusakyusa mu ngeri y'okuyita mu bitabo bya Bayibuli n'ebitabo ebirala eby'obuyigirizwa n'ebikozesabwa Bayibuli n'enjiri bisigale nga bikulu mu bulamu bw'abayigirizwa.

D. Enkola y'Obuyigirizwa erina okuba nga yekubisa mu yokka

Waliwo ebitundu bisatu okubisaamu obuyigirizwa mwe kubaawo: (1) munda mu kkanisa y'omu kitundu; (2) wakati w'amakanisa g'ekitundu; ne (3) mu kusimba ekkkanisa.

1. Okubisaamu obuyigirizwa munda mu kkanisa y'omu kitundu. “Enkola y'okutendeka [abayigirizwa] tekoma ku kugabana mawulire. Wabula, kizingiramumu okuyamba abantu ku 'engeri' y'obuyigirizwa basobole okussa mu nkola okwolesebwa. N'endowooza eno, ku mukisa ogusooka kubiriza omuyigirizwa wo okutandika okuyigiriza omulala.” (Henrichsen 1988: 104). Okugeza, Mike Breen agamba nti oluvannyuma lw'ekiseera ekikkaanyiziddwaako [okusinga mu myezi mukaaga oba kkumi n'ebiri] emirundi mingi abayigirizwa batandika okwekolera ebibinja byabwe eby'abayigirizwa n'okuyigiriza abalala. Breen 2011: 39) Mu ngeri y'emu, Jonathan Dodson (awa amagezi ku bibinja by'abayigirizwa ebya bammemba babiri ku basatu) agamba nti, “singa ekibinja kikula okusukka ku basatu, kikulu nti mmemba omupya yeetabamu emirundi nga ebiri gyokka okufuna ekirowoozo n'oluvannyuma n'atandika ekibinja ekipya. Kino kikuuma enkolagana ey'omukwano n'obwesige ebizimbibwa mu kibinja ekyasooka, ate nga era kikuza okuzaala.” (Dodson 2012: 136) Mu bufunze, ‘Okubeera omuyigirizwa kitegeeza okufuula abayigirizwa’ (Ibid.: 15).

Okufuula okw'ekubisaamu ekitundu ekiri wakati w'enkola y'obuyigirizwa kirina waakiri ebintu bisatu bye kikola ku muyigirizwa:

- Kijja kunyweza enzikiriza y'omuyigirizwa yennyini. “Omuyigirizwa bw'atandika okunyumya n'omulala amazima g'Omukristaayo, abuuuzibwa ebibuuzoebiyingira mu mutima. Okukola eby'okuddamu kwe kutera okusiba amazima ku mutima gwe nga kw'otadde n'okuyamba munne.” (Henrichsen 1988: 105)
- Kiyambako omuyigirizwa okukula. “Buli lw'atunuulira obulamu bw'abalala, kimuyamba okulaba oba nga by'akola bituukana n'omulembe,” (Henrichsen 1988: 105).
- Omuyigirizwa kimwanguyiza by'asoma n'okubyagala. Omuyigirizwa bw'akimanya nti alina okuyigiriza abalala, ate naye mu butuufu bw'aba ng'abadde ayigiriza abalala ate nga naye akyali muyigirizwa, ennambika y'ebisomesebwa egonda n'eva mu kuteebereza; n'efuuka ya “buliwo” Omuyigirizwa alina okumanya nti yeetaaga okutegeera ebimusomebwa ate ebya ddala “n'akyagala” kubanga omuyigirizwa aba akimanyi budde bwonna by'ayize ajja kubiyigiriza banne.

3. Enkolagana wakati wa Kkanisa. Ekikulu ekiri mu buyigirizwa okwekola bwokka ate ng'oba oli awo kkanisa zikibuusa amaaso kwe kuyamba kkanisa endala n'eddiini endala nazo okufuuka amatendekero g'abayigirizwa. “Amakanisa agassa essira ku birala gafuna enkyukakyuka etatera kutuukirirwa mu ngeri ndala yonna. Ebyawandiikibwa tebiraga njawulo ya ddini oba bitundu bya nsi bwe bitugamba 'okufuula amawanga gonna abayigirizwa.’ Kkanisa eziri mu kitundu kyo nga mulimu n'ekkanisa ez'enzikiriza endala ziyinza okuba ezimu kw'ezo Katonda z'ayagala kkanisa yo ekomeko. Mu ngeri y'okuteekamu ku ssente, kisikiriza kkanisa endala nayo okutandika okutendeka abayigirizwa okusinga ate okudda mu kusendaasenda, okugatta abantu, n'okuyigiriza ate abantu bennyini abali mu kkanisayo.” (Churches Alive 1996: 1.13)

4. Okusimba kkanisa. Okutonda abayigirizwa abawerako, twetaaga Abakulisitaayo abawerako n'ekkanisa ez'omuzinzi. Timothy Keller agamba nti, “Okuzimba kkanisa eziwerako obutakoowa, y'emu ku nkola ez'amaanyi (1) abantu okweyongera okukula mu mubiri ggwa Kristo mu kibuga ne (2) okwongera okugaziya n'okuzza obuggya ekkkanisa ezisangiddwawo mu kibuga. Tewali kintu kirala omuli —enkuŋŋaana, okubuulira enjiri mu byalo, kkanisa okwegatta okuweereza, okuzimba kkanisa, enkuŋŋaana ez'okwebuza, wadde okuzza obuggya kkanisa—ejja kuba na kyukakyuka ya muggundu mu kisimba ekkkanisa mu ngeri ey'amaanyi n'obugazi. Ensonga eno nkulu nnyo, naye abantu bangi abasomye ku nsonga zino, naye tezibuzaabuza.” (Keller 2002: 1) Ekitundu ekisigadde ku by'awandiika byongereza ku nsonga ezo.

Katonda, eky'amazima, akuza Emiggendo gy'Okusimba Ekkkanisa (ebiyitibwa CPMs mu bufunze) okwetoolola ensi yonna. Omuggundu kwe “kweyongere okw'amangu era 'okukubisaamu

kw'amakanisa enzaalwa ezisimba amakanisa mu kibinja ky'abantu oba ekitundu ekiweereddwa" (Garrison 1999: 7). David Garrison yannyonyola n'okwekenneenya emigendo gino (CPMs) mu kitabo kye ekya 1999 (Garrison 1999; soma ne Garrison n.d. [emiko 2- mu bufunze]) era yaddamu okunoonyerezakwe mu kitabo kye ekya 2004 (Garrison 2004). Mu kaweeefube w' emigendo CPMs), "obuyigiriza bukwata nnyo ku bulamu okusinga eby'okutuula mu kibiina" (Garrison 2010: n.p.). Ebintu ebikulu mu kuzimba kkanisa n'okukola obuyigirizwa "kwe Kwenyigira mu Kusoma Bayibuli n' okusinza mu bibinja, Okugondera Bayibuli nga y'engeri enkulu ey'okuyitamu okukulaakulana, okukozesa abakulembeze Abatali ba Musaala n'okusisinkana mu bibinja eby'obubondo oba mu Bisimbe ebya kkanisa" (Garrison 1999: 36).

Waliwo emitendera egy'enjawulo egiri mu kuzimba kkanisa ng'oggyeeko ogwa CPMs (soma, eky'okulabirako, Stetzer 2015; Discipleship Ministries 2017). Kusukka obugazi bw'ekitabo kino okukubaganya ebirowoozo ku kusimba ekkkanisa mu bujjuvu. Kyokka, waliwo ebintu ebirala bingi ku mutimbagano, nga mwemuli: Church Planting Movements 2015; Rapidly Advancing Disciples 2011; Rapidly Advancing Disciples 2016; e3 partners Ministry 2011; Cheney, Putnam, and Sanders 2003; Shank 2014; Exponential.org 2017; T4Tonline.org 2017.

E. Obuyigirizwa: okufundikira

"Okufuula abantu abayigirizwa kitwalako ku budde. Tebava mukusomesa okwo okw'omujjirano wadde emisomo egy'okutendeka egibeera mu kkanisa, ate era tebava mu kusoma kitabo. Tekupapirwa. Abayigirizwa bakolebwa bukwata, naye tebazaalibwa bantu ba bulijjo. Buli omu abumbibwa n'okuterezebwa nga ye nga kikolebwa Omwoyo Omutukuvu. Obudde bwe kitwala bwa njawulo okusinziira ku muntu, nga byonna bitandikira ku we batandikira okutendekibwa. Naye ng'ekikulu mu byonna kiri nti; kitwala obudde. Mukama waffe Yesu yatandika n'abasajja kkumi na babiri abasinza Katonda omu, nga batya Katonda, Nga bano bava mu maka amalungi. Yawaayo obudde bwe bwonna n'abatendeka n'okubakuzi. Yali mukugu mu kutendeka, era kino kyamutwalira emyaka esatu egijjudde. Ffe tuyinza okulowooza obutagituusa." (Henrichsen 1988: 107; soma ne Coleman 1964: 48) Ekituufu, omuntu okukula mu buyigirizwa kitwalako ku budde. Kubanga ebibiina by'obuyigirizwa bizimbibwa ku bwesigwa, omukwano, n'okulumirirwa bannaffe, ekiseera kye bimala tekimanyiddwa.

VII. Obuweereza mu Kkanisa

Ekkkanisa tetukwatako; kikwata ku Kristo. Kkanisa mubiri ggwe, si gyaffe. Twetaaga okukakasa nti kkanisa ekulemberwa abantu abalina ebisaanyizo (**1 Tim 3:1-13**). Mu ngeri eyo, ekintu kyonna bwe kituukawo ku musumba oba omukulembeze omulala, kkanisa eba erina obusobozi okugenda mu maaso, kubanga yazimbirwa ku musingi omunywevu ogw'ekitongole. Kkanisa okusobola okutambula obulungi, obuweereza mu kkanisa, n'okukuzi abakulembeze abaggya, byonna bikwatagana n' obuyigirizwa: "bwe kuba ng'okutendeka abayigirizwa mu Bayibuli ye bizineesi y'ekkanisa, ate kirungi okuba ne bizineesi, buli kyeetaago ky'ekkanisa kituukibwako. Bwefuula abantu baffe abayigirizwa, abakulembeze mu butonde bakulaakulana era ne bavaayo. (Putnam 2010: 23)

A. Obukulu bw'ekkanisa, naddala abakulembeze b'ekkanisa, kwe kutendeka n'okusobozesa abantu mu kkanisa okukola obuweereza bwabwe

Obulungi bw'omukulembeze okusinga kulabikira mu *bagoberezibe*: Bayiga? Baweereza? Bakola nga bwe bateekeddwa? Bakyusa era bamanyi engeri y'okukwatamu obutakkaanya mu ngeri ey'ekisa? Balina embala ey'abayigirizwa aba Kristo bakakase? Balina "ebibala eby'omwoyo" (**Bag 5:22-23**)? Bayigiriza bannaabwe n'okuteekateeka abakulembeze abaggya?

Ng'amazima bwe gali nti obukulembeze bw'ekkanisa bulina kubanga *bukola* era nga bwe bukwatibwako *obuvunaanyizibwa*, bw'omukulembeze naye si kifo kye ky'alimu, tukirabira mu **Beef. 4:11**, awagamba nti, "Era oyo n'awa abalala okubeera abatume, n'abalala bannabbi, n'abalala abajulizi n'abalala abalunda n'abayigiriza." Buli kimu ku birabo ebyo kirina *omulimo omukulu* gwe kikola. Emirimo gino giba na kakwate n'ekifo ky'obukulembeze omuntu ky'abeeramu ng'omukadde, omulabirizi, omusumba, n'omudyankoni, naye nga tebafaanagana.²⁴ Awo nno, ng'abasumba bonna, mu nnyinyonyola, nabo basomesa,²⁵ n'abakadde bonna balabirizi era balina obusobozi okusomesa (**1 Tim**

²⁴ Ensonga ya gavumenti y'ekkanisa eyogerwako waggulu mu kitundu **II.B. Obukulembeze bw'ekkanisa** era ebisaanyizo by'abakulembeze byogerwako mu kitundu **II.C. Okukangavvula kw'ekkanisa**.

²⁵ Jjukira Grudem's okukubaganya ebirowoozo ku kino waggulu mu kitundu **II.B. Obukulembeze bw'ekkanisa**, gye yagamba nti, "olunyiriri osanga lusinga kuvvuunilwa nga." Omusumba – omusomes (ekibinja kimu) okusinga: 'abasumba n'abasomesa" (okuteesa ebibinja bibiri) olw'okuzimba kw'Abayonaani" (Grudem 1994: 913).

3:2), ate si buli alina ekirabo eky'okusomesa nti asobola okuba omusumba; mu ngeri endala, abasumba bonna era basomesa, naye si nti buli basomesa bonna ate basumba. N'ekirala, si kituufu nti buli ali mu kifo eky'obukulembeze mu kkanisa (gamba nga, abakadde, abalabirizi, abasumba, n'abadinkoni) basobola okuba n'ebirabo eby'okuba abatume, bannabbi, oba ababuulizi b'enjiri. Ennyinnyonyola ennyimpimpi ku mirimu egyawandiikibwa mu **Beef 4:11** nga basengekeddwa bulungi:

- **Omutume.** “Omutume ye muntu alagidwa n'asinddikibwa n'obuyinza olw'ekigendererwa ekirambuluuddwa. Waliwo ekigambo kino kya Luyonaani *apostellō* (“okutuma”). Amakulu g'ekigambo “omutume” gaviirayo mu bigambo nga “omubaka,” “omukiise,” oba “katumwa.” Endagaano Empya eyogera ku batume ba bika bibiri: (A) *abatume abaasooka*; ne (B) *abatume abatumbwa ekkana*. “Abatume abaasooka” bano baali batume ba Kristo abaayitanga naye, baamulaba ng'azuukidde, era bano baayitibwa Kristo yennyini okuba abatume era abajulirwa be (soma **Mat 10:1-5; Makko 6:7, 30; Lukka 6:13; Yok 15:27; Bik 1:21-22**). Basobobola okukakasa obutume bwaabwe obw'enjawulo nga bakola obubonero (soma **Mat 10:1-8; Makko 6:7; Bik 2:43; 2 Kol 12:12**). Abatume bano abaasooka be baali abakulembeze mu kkanisa eyasooka era “omusingi” gw'ekkanisa (**Beef 2:19-20**). Awo nno, abatume abo abaasooka tebakyaliwo kubanga abaaliwo baafa dda (n'ekizimbe kiba n'omusingi gumu). “Abatume abatumbwa ekkana” bano bakazi n'abasajja abatumbwa ekkana okugenda okubuulira enjiri mu bitundu, okutandika kkanisa, n'okuzimba ekkana (oma **Bik 13:1-3; 14:14; Bar 16:7; 1 Kol 9:5-6; 12:28; 1 Bas 1:1; 2:6**). Abatume bano bombi basangibwa mu basajja nga Pawulo (soma **Bik 9:1-16; 13:1-3; 1 Kol 9:1; 15:6-10; Bag 1:11-17; 1 Tim 2:7**). Abatume bano abatumbwa kkanisa bwe baba tebatumiddwa kkanisa tebaba na manyi ku lwabwe. Kkanisa gwe mubiri gwa Kristo ku nsi (**1 Kol 12:27; Beef 1:22-23; 4:15-16; Bak 1:18**). Kkanisa yo ye yekalu ya Mwoyo Mutukuvu (**1 Kol 3:16-17**). Kristo yasimba kkanisa n'agiwa obuyinza bwe (**Mat 16:18-19**). N'olwekyo, Kristo asuubirwa okola ng'ayita mu kkanisaye, tebaawo ku lwayo. Mu kusindika abatume, kkanisa era ebawa embalirira n'amaanyi, ekiweesa kkanisa ekitiibwa ne mu maaso g'ensi.

Kkanisa yeetaaga okukema abantu abeeyita abatume okumanya oba ba bulimba oba batuufu (**1 Yok 4:1-6; soma ne 2 Kol 11:3-4, 13; Kub 2:2**). Abantu bangi ensangi zino baggala okweyita “abatume.” Nga kino kikontana n'ekiri mu Ndagaano Empya (Abatume b'Endagaano Empya tebeetuma bokka). Bangi ku bantu bano abeeyita “abatume” bagamba mbu bakola eby'amagero. Kyokka, ate n'okukola ebyamagero *si* kye kiri awo nti kiraga omuntu eyayitibwa Katonda (**Mat 7:15-23; 2 Tim 3:1-9** [soma **Kuv 7:10-12, 20-22; 8:6-7, 16-19**]). Mu Africa, “wameruseeyo bannabi Abafirika n'abatume abakkirizibwa okuweereza mbu kireetewo obwenkanya wakati w'abaddugavu n'abeeru mu kukkiriza ne mu buweereza (Bag 3:28; Bak. 3:11). Kyaleetawo n'enkola ey'okwawula mu Obukulisitaayo ku bufuzi bwonna obulala obw'amatwale.” (Ouedraogo 2006: 1434) Eky'ennaku, kyokka, “Bannabbi bangi n'abatume Abafirika okukkiriza kwabwe n'enneeyisa yaabwe tebabyesigamya ku Bayibuli. . . . Bo kye bakulembeza [kyekyo kye bagamba nti bafuna okubikkulirwa okujja butereevu okuva ewa Katonda] nga bino bye bagattiriza ku Bayibuli. Kyokka, Bayibuli etugaana okwetantala okutabiikiriza akantu **n'akamu** ku kigambo (Kubikkulirwa 22:18-19). . . . Bannabbi Abafirika bangi n'abatume nabo benyigira mu kusinzibwa. . . . N'Abamu bagamba mbu be basika ba Kristo ate oluusi nti be ba Kristo yennyini. Ebigambo ng'ebyo bye bibafuula ab'okusinzibwa. Eby'embi, bangi ku bo batuuka n'okwefuga ebiwoozo by'abagoberezi babwe. Endagaano Empya ky'eva etulabula okwerinda abantu ng'abo (Mat 24:11; Yuda 4-16).” (Ibid.) “Abatume” abaliko basaana kulondoolwa nnyo n'okulamulwa olw'ebyo bye basomesa (soma **Bik 17:11; 1 Tim 6:3-5**) n'embeera z'obulamu bwabwe (soma **Mat 20:25-28; Makko 10:42-45; Lukka 22:24-27; Yok 13:12-17; Bik 18:3; 1 Kol 9:11-18; 2 Kol 11:7; 12:13**).

- **Nabbi.** Waliwo ebifaanagana wakati wa bannabbi n'abatume, waliwo *abatume abaasooka* (**Beef 2:20**), ate ne Grudem b'ayita *abatume ab'enkuŋŋaana* (Grudem 1994: 1055; soma **Bik 21:9; Bar 12:6; 1 Kol 11:5; 12:28-29; 14:29-33, 37-38; 1 Bas 5:19-21; 1 Tim 4:14**). Newankubadde wabaddewo enkaayana ezikwata ku bannabbi ab'ekiseera n'obunnabbi (soma Grudem 1994: 1049; Hodge 1993: 388-89; Kell 2006: 11-13), “obunnabbi bwonna mu byawandikibwa buba bw'anjawulo era nga burimu ekigendererwa” (Kell 2006: 46). Ekigendererwa ky'obunnabbi kyogerwako mu **1 Kol. 14:3** awagamba nti “*Naye abuulira ayogera eri abantu ebizimba, n'ebisanyusa, n'ebigumya*” (soma ne **Bik 15:32** awagamba nti, Yuda ne Siira, kubanga nabo baali bannabbi, ne *babagumya* [oba *babazimba*], ne *bazaamu amaanyi* abooluganda”; ne **1 Kol 14:31** [“*Kubanga mwenna muyinza okubuuliranga kinnoomu, bonna bayigenga, era bonna basanyusibwenga*]). Mpozzi ennyinnyonyola esinga obulungi ku nnabbi ow'omulembe guno n'obunnaabbi obw'omulembe guno eweebwa Charles Hodge: “Ekirabo

ekyo Pawulo ky'ayogerako wano, si kye, n'olwekyo, enkola y'okuteebereza ebinajja mu maaso, naye ekigwa embagirawo nga ky'amangu, kye kiyamba omuwuliriza okwogera, ng'omuzindaalo gwa Katonda, ebighambo byennyini bye yawulira, oba nga kyali kya kulagira, kugumya oba kuzzaamu maanyi." (Hodge 1993: 389-90; soma ne Kell 2006: 53 [bannabbi baba "babaka abafuna amazima okuva ewa Katonda ne bagatuusa ku babawuliriza"]; Grudem 1994: 1057-58 ["obunnabi bubaawo ng'obubikkulirwa okuva ewa Katonda kuweebwa mu bigambo bya nnabbi (bya buntu). . . . Okuggyako ng'omuntu afunye okubikkulirwa okwambagirawo okuva eri Katonda, tewali bunnabbi"])

Ndwooza, okulemesa abantu okweyita "bannabbi" okusobola okufugirako abantu (ba okubaggyako ssente zaabwe), Endagaano Empya bulijjo erabula abantu ku "bannabbi ab'obulimba" (**Mat 7:15; 24:11; Makko 13:22; Lukka 6:26; Bik 13:6; 2 Peet 2:1; 1 Yok 2:18; 4:1; Kub 2:20**). Bayibuli eraga nti, "bannabbi babangawo kiseera ate nga bavawo mangu" (Hodge 1993: 389) era agamba nti, nabbi n'obubakabwe bwe obw'obunnabbi balina *okugezesebwa* olukunjaana (**1 Kol 14:29-33; 1 Bas 5:20-21; 1 Yok 4:1**).

1. *Obukulu bw'okusala omusango*: Bannabbi bw'ayimirira wakati wa Katonda n'abantu be, byonna ebyogerebwa biweebwako embalirira. Omuntu gundi bw'akakasibwa nti ayogera 'ekigambo ekiva ewa Katonda' talina kusalirwa musango gwonna nga waliwo okukubagana empawa n'ensonga enkulu ey'okuwa embalirira eyogerwako mu byawandiikibwa Amazima g'okubaawo bannabbi ab'obulimba n'obbulimba obuli mu bubaka kireetawo obwetaavu bw'okwetegereza abantu abagamba nti balina 'ekigambo ekiva ewa Katonda.' (1 Basessalonika 5:20-21 ne Kol. 14:29). Katonda bw'aba tayogedde na muntu, awo tuba tulina okuba n'obusobozi okuwabula n'okubaako kye tukola okutereza embeera n'okugolola awasobye." (Kell 2006: 9, 23) "Ensala yali ya kutunuulira nnyo okusinga obunnabbi, newankubadde ennekkenyanya yaabwe eyinza okutunuulira ennyo nabbi n'emikisa gye egy'omu maaso egy'okwogera okwolesebwa mu kitundu. Ensala yali erina kuba ya kitundu kyonna, nga n'okusinga ekulemberwamu bakadde, bannabbi abalala, oba abatume bwe baba nga weebali." (Ibid.: 31-32)

2. *Omutindo g'okusala omusango*: Eky'enkomerero, omutindo omutuufu kunsonga y'okukeema "nabbi" ye Bayibuli, Kubanga nnabbi omutuufu tasobola kukontana na Katonda kye yabukuulira edda mu kigambo kye. Ye nsonga lwaki bakulembeze b'ekkanisa kye kiva bagwanidde okumanya Bayibuli obulungi n'abantu abali mu kkanisa beetaaga okuyigirizibwa obulungi. Nga omutindo guwereddwa, "Okubikkulirwa kwonna okutali kwa Bayibuli abantu tebandikukkiriza. . . . Omuntu yenna oba abantu abeeyita bannabbi bwe boogera ebivvoola Katonda kitaffe omwana we Yesu Kristo, oba Omwoyo Omutukuvu; baba boogera nga bannabbi abobulimba . . . bwe wabaawo okubikkulirwa okukontana n'ebyawandiikibwa kye bigamba, obunnabbi obw'engeri eyo bulina kugobebwa nti bw'abulimba [**Bik 17:10-11; 1 Kol 14:37-38; 1 Yok 4:6**] Okubikkulirwa kwonna bwe kutaba kwa mugaso nga 'okuzimba, n'okubuulirira, n'okubudaabuda' (Bik.15:32, 1 Kol. 14:3), okwo tekulina kukkirizibwa. . . . Omuntu bw'alagula nti waliwo ekigenda okubaawo] ate ne kitatuukirira, ebyo ebighambo biba bifuuse bya bulimba." (Kell 2006: 41, 43, 45, 46) Bayibuli bulijjo nga gw'emutindo ogw'enkomeredde olukozesebwa okwekenyanya "okwolesebwa" oba "obunnabbi," tuteekwa okukitegeera nti "Bayibuli tesemberera kukola mu bujjuvu ku mbeera exitali zimu abantu ze bagamba nti bafuna okubikkulirwa " (Ibid.: 47). Mu mbeera bw'etyo, "okulindirira, okusaba ennyo, n'okubuulirira okutuufu byonna bikulu nnyo nga waliwo agamba nti yafunye okwolesebwa. Omuntu yenna nga tannagamba nti alina obunnabbi, atekwa okutwala obudde n'asabira embeera eyo olwo n'agibuulira banne, ayinza n'okugamba abakulembeze b'ekkanisa, ne bamuwa ku magezi agava mu Bayibuli. Obunnabbi bwe buba nga bwogera ku binaabaawo, kkanisa eba erina okulindako okulaba oba kituukirira oba nedda." (Ibid.: 48)

Bayibuli era eraga empisa, embala, okuyaayaana, ebigererwa, ebiwoozo, n'enneyisa y'Abakulisitaayo abatuufu (ate, era, ne bannabbi abatuufu) ebyo bya kubeerera. *Enjigiriza y'abatume* (c. 70-110) eggumiza obukulu bw'okwekenyanya ebigererwa by'omuntu n'engeri gy'abeeramu okusobola okutegeera obanga nnabbi oba mutume ow'obulimba oba nedda. Enjigiriza esomesa bw'eti: "Kaakano ku bikwata ku batume ne bannabbi, mubakoleko bwe muti ng'amateeka g'enjiri bwe galagira. Buli mutume ajja gy'oli mwanirize nga bwe wandikikoze ku Mukama waffe. Naye talina kulwawo kusukka mu lunaku lumu, okuggyako nga kyetaagisizza, awo asobola okusulawo olunaku olulala. Naye bw'amalawo ennaku ssatu, oyo aba nnabbi wa bulimba. Era nnabbi bw'agenda, talina kugenda na kintu kirala kyonna okuggyako omugaati okutuuka lw'atuuka gy'anaasula. Kyokka bw'asaba ssente, aba nnabbi wa bulimba.

Ate era temukema oba okugezesa nnabbi mu mwoyo, buli kibi kisonyiyibwa, naye kino kyo tekisonyiyibwa. Kyokka, si buli muntu ayogera mu mwoyo nti nnabbi, okuggyako bw'aba atambulira mu makubo ga Mukama. N'olwekyo, nnabbi yenna omutuufu n'omukyamu tubalabira

okwo kukontana ne Kristo kye yagumuza “okubala omuwendo” n’okuteeka ebirowoozo byonna ku ye (soma **Mat 10:37-39; 16:24-25; Makko 8:34-35; Lukka 9:23-24; 14:26-33**).

• Omusumba-omusomesa. Ensonga y’omusumba okuba omusomesa eyogeddwako waggulu mu kitundu **II.B. Enteekateeka n’obukulembeze mu kkanisa.** Omusumba alina emirimo mingi. Alina ogw’okubuulira, okusomesa, okwenyigira mu bukulembeze bw’ekkanisa n’okuwa amasakalamentu, okukwasisa empisa, okubuulirira, okulambula abalwadde, okugumya abalumwa, okugatta abagole n’okuziika abafu, ate n’akola n’emirimo emirala. Obuvunaanyizibwa bunu bwonna bufunzibwa mu kigambo ky’Oluyonaani ekitegeeza “omusumba” (*poimēn*) ekikozesebwa mu **Beef 4:11.** *Poimēn* bulijjo kye kivvunulwa nti “omulunzi.” Yesu ye musumba omukulu. Yagamba nti, “*Nze musumba omulungi; awaayo obulamubwe okubeera endiga. . . Endiga zange ziwulira eddobozi lyange, era nzimanyi, nazo zingoberera.*” (**Yok 10:11, 27**) Nga Yesu, omusumba atekwa okumanya abantu b’akulembera—alina okubafissiza obudde; muweereza waabwe, awaayo obulamubwe ku lwabwe, naye si kubeewanikako (soma **Mat 20:25-28; Makko 10:42-45; Yok 13:5-15**).

Olw’okubanga obukulembeze bw’ekkanisa bulina okufaayo n’okulondoola obuvunaanyizibwa bw’abakulembeze, naye si kifo, tukiraba ne mu **Beef 4:12**, awagamba nti *ensong* eyaweesa Kristo abantu abamu ebirabo n’ebifo eby’obukulembeze yali nti “*olw’okutuukiriza abatukuvu, olw’omulimo ogw’okuweereza, olw’okuzimba omubiri gwa Kristo.*” Ka tugambe, bannabbi, abatume, ababuulizi, n’abasumba abasomesa bateekwa okukola wamu ne bannakanisa, era be balina okutendeka n’okutegeka bannakanisa nabo okufuuka abatume, bannabbi, ababuulizi, abasumba abasomesa. Kino kitegeeza nti, ng’Omwoyo Omutukuvu bw’agaba ebirabo bye “*eri buli muntu nga bw’aba ayagadde*” (**1 Kol 12:11**), era bonna si batume, bannabbi, basomesa, n’ebirala. (**1 Kol 12:29**), ebirabo n’obusobozi bw’abasumba, bannabbi, ababuulizi, n’abasumba abasomesa bisobola okusomesebwa n’okuyigibwa era birina okuyaayanibwa (soma **1 Kol. 12:31; 14:1**). Eky’ “*okutuukiriza abatukuvu*” kirimu ebintu bingi:

1. Okuzuula ebirabo, ebitone, n’obusobozi bw’abantu bonna, n’okubayamba okukuza ebirabo bino, ebitone, n’obusobozi (soma **Bar 12:6-8; 1 Kol 12:7-31; 14:12; 1 Peet 4:10-11**).

2. Okusomesa, okulagira, okuwabula, okugumya, n’okulabula omubiri okuva mu Kigambo kya Katonda ku bikwata ku bikulu mu nzikiriza n’obulamubwe bw’Ekikulisitaayo—mu bimpimpi, okufuula bannakanisa *abayigirizwa abakakase* (soma ebitundu **V. OBUYIGIRIZWA ne VI. Ebikulu mu kuteneka abayigirizwa abalungi**, awo waggulu; soma ne **Bik 2:42; 5:42; 1 Kol 14:19; 2 Kol 1:34; 4:5; 10:8; 1 Bas 4:1; 5:12-14; 1 Tim 4:1-6, 11, 13, 16; 6:2b; 2 Tim 2:2; 3:16-17; 4:1-4; Tito 2:1**).

a. Okusobola okusomesa obulungi, omusumba atekwa okuba n’ebikozesebwa bya Bayibuli ebawera, omuli ebinyonyola, ebigambo ebizibu, okugenda nga mu misomo, n’okwetaba mu misomo gya bayibuli n’enzikiriza, byaba asobola okufuna

b. Olw’okubanga ebyo byonna byetaaga ssente, kkanisa etekwa okubiteeka mu mbalirira.

c. Olw’okubanga kkanisa ezisinga naddala mu byalo, ziba ne ssente ntono ddala, abakulu abavuunanyizibwa ku nzikiriza eyo bateekwa okukola embalirira era ne bateekawo etterekero ly’ebitabo ng’abasumba bonna abaagala bajja ne basomera awo.

3. Okuzuula n’okutendeka abakulembeze abaggya mu kkanisa (soma **Kuv 18:17-26; Ma 34:9; 2 Bassek 2:1-15; Yok 17:18; Bik 1:15-25; 6:1-7; 14:23; 2 Kol 8:16-22; 1 Tim 3:1-13; Tito 1:5**).

Kino kyetaagisa abakulembeze abasangiddwawo okumanya abantu baaabwe obulungi ne okutwaala obudde naabo abalina obusobozi obw’okukulembera abalala, ne babasome n’okuzimba mu bukulembeze obw’Ekikulisitaayo.

4. Okukangavvula abaleeta enjawukana, abasomesa ebikontana n’amazima, oba abeetaba mu mize gy’obugwenyufu obw’emivuyo (soma **Mat 18:15-17; Bar 16:17-20; 1 Kol 5:1-8, 12-13; 1 Tim 1:3; 2 Tim 2:14-18**). Olukiiko lw’ekkanisa olufuzi, n’ekkanisa nga omubiri basaana okwenyigira mu kukwasisa empisa (soma **2 Kol 2:6**). Okugunjula kubaawo ku lw’obulungi bw’omuntu asobeza (**1 Kol 5:5; 1 Tim 1:20**) era ne ku lw’obulungi bw’ekkanisa nga yo. Kkanisa bwe yeenyigira mu mulimo gw’okukwasisa empisa, abantu bawulira bulungi buli lwe bamanya ebigenda mu maaso mu kkanisa, nga bakola obuvunaanyizibwa bwabwe ng’Abakulisitaayo, nga basembezeddwa mu kkanisa.

5. Engeri y’okutebenkezaamu ababa bakangavvuddwa, ne beenenya, ne bakyusa amakubo gaabwe (soma **2 Kol 2:5-11; 7:8-12; Bag 6:1**).

B. Obuweereza buzingiramu abantu bonna mu Kkanisa, so si basumba bokka

1. Kkanisa nnyingi obuvunaanyizibwa obusinga bubeera ku musumba—y'aba n'obuyinza obw'okuntikko era y'asalawo ekikolebwa n'ekitakolebwa. Abantu babeera ba gwa nngamba—bajja buzzi ne “basinza” ku Ssande. Enkola eno Bayibuli si gy'eragira mu kkanisa kubanga:

a. Newankubadde mu ndagaano enkadde waaliwo abaali balina okubeera ba kabona, mu Ndagaano Empya abakkiriza bonna baba “ba kabona” (**1 Peet 2:9; Kub 1:6**)

b. Abakkiriza bonna baaweebwa ebirabo eby'omwoyo nga bya kweyambisibwa ku lw'obulungi bwa kkanisa (**Bar 12:6-8; 1 Kol 7:7; 12:7-11, 28; 14:12; Beef 4:7-8; 1 Pet 4:10-11**).

c. Newankubadde Endagaano Empya ewa buli muntu mu kkanisa ebbeetu okuba omukulembeze, ate nga buli muntu teyayitibwa kuba mukulembeze, obukulembeze mu kkanisa butera kutwalibwa bakadde oba abakulembeze abawerako, naye si muntu omu yekka (**Bik 11:30; 14:23; 15:2-6, 22-23, 28; 16:4; 20:17-18; 21:18; Baf 1:1; 1 Tim 5:17; Tito 1:5; Yak 5:14; 1 Pet 5:1**).²⁶

2. Amakulu gennyini “ag'obuweereza” kwe “kuweereza.”

a. *Ekigambo ky'Oluyoanaani ekikulu ekitegeeza “obuweereza” mu Ndagaano Empya kiri diakonia nga kitegeeza “okuweereza”* (soma **Bik 1:17, 25; 6:4; 12:25; 20:24; 21:19; Bar 11:13; 12:7; 1 Kol 16:15; 2 Kol 4:1; 6:3; 8:4; 9:1; Beef 4:12; Bak 4:17; 1 Tim 1:12; 2 Tim 4:5, 11**).

b. *Ekigambo ky'Oluyoanaani ekikulu ekiri mu Ndagaano Empya ekitegeeza “abaweereza” kye ki diakonos nga kitegeeza “omuweereza”* (soma **Mat 23:11; Makko 9:35; 10:43; Yok 12:26; Bar 16:1; 1 Kol 3:5; 2 Kol 3:6; 6:4; Beef 3:7; 6:21; Bak 1:7, 23, 25; 4:7; 1 Bas 3:2; 1 Tim 4:6**), n'ekigambo *doulos* ekitegeeza “omuddu” (soma **Mat 24:45, 46, 48, 50; 25:14, 19, 21, 23, 26, 30; Makko 10:44; Lukka 17:10; Yok 13:16; 15:20; Bik 2:18; 4:29; Bar 1:1; 2 Kol 4:5; Bag 1:10; Beef 6:6; Baf 1:12; Tim 2:24; Tito 1:1; Yak 1:1; 1 Pete 2:16; 2 Pet 1:1; Yuda 1:1; Kub 1:1**).

c. *Obukulu bw'ebigambo bino ebikozesebwa ku bakulembeze bwa mirundi ebiri, bwe buno:*

(1) Naddala Endagaano Empya yeewala eky'okuyita abakulembeze amannya agakangakanga, nga galaga obuyinza, ekitiibwa n'okukola obwa “kabona”.

(2) Kristo yagumiza nti abakulembeze b'ekkanisa, nga mw'otwalidde n'abatume be, baweereza mubiri gwe (**Mat 18:1-4; 20:25-28; 23:8-12; Makko 9:33-35; Lukka 9:46-48; 22:24-27**).

d. Ebigambo bino era bikkaatirza nti abakkiriza bonna baweereza oba baddu ba Kristo, n'olwekyo bonna “baweereza” abalina “obuweereza” obw'okukola mu bwakabaka.

C. Obuweereza mu kkanisa bulimu “obw'omubiri” ate era “n'obw'omwoyo”

“Okuweereza kikontana n'ekintu ffe ekyatutondebwamu. Emirundi egisinga twagala nnyo 'okutuweereza' okusinga okuweereza abalala. Tugamba nti, 'Nnoonya kkanisa enempa omukisa n'etuukiriza n'ebjetaago byange,' naye si nti 'Njagala ekifo gye nnaawerereza era ne mba mukisa.' Tuba tusuubira balala okutuweereza, naye si ffe kuweereza balala. Naye buli bwe tugenda tukula mu Kristo, tulina okutunuulira ennyo eky'okuweereza abalala mu bulamu bwaffe. Omugoberenzi wa Kristo akakase ava ku ky'okubuuza nti, 'Ani anaakola ku byetaago byange?' naye n'abuuzza nti, 'Ani gwe nnyinza okuyamba ku byetaagobye?' Wali weebuuzizzaako ekibuuzo ekyo *olumu*?” (Warren 2002: 213)

1. Yesu n'abatume, bombi mu bye baasomesa n'okukola, baasimba nnyo essira ku bukulu bw'okufa ku bulamu bw'abakkiriza obw'omubiri, ate wamu n'obw'omwoyo.

a. *Ekiragiyo kya Yesu ekiggya” ekigamba nti “mwagalane, nga nze bwa nnabaagala” kyaweebwa bayigirizwa (Yok 13:34).* Omukwano buli omu gwe yalina eri munne kaali kabonero akalaga nti “*abantu bonna lwe balimanya nga muli bayigirizwa bange*” (**Yok 13:35**).

b. Ekintu Yak ky'agamba nti “*okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu*” (**Yak 2:26**) yakyogerera mu mbeera ya “*ba Luganda [abo] abatalina kya kwambala na kya kulya*” (**Yak 2:15**).

c. *Pawulo yakowoola abantu mu kkanisa okusonda ssente bakolenga ku byetaago bya banaabwe (2 Kol 8-9).* Mu kkanisa eyasooka abakkiriza baafangayo okulaba nga bannaabwe balina ebyetaagisa mu bulamu (**Bik 2:44-45; 4:32-37**). Na bwe kityo, kkanisa eyasooka ye yatandika ekitongole ky'abadinkoni nga n'ekigendererwa kye ky'okukola ku byetaago

²⁶ Ensonga eno yayogeddwako dda mu **II.B. Entekateeka n'obukulembeze mu kkanisa.**

by'abakkiriza eby'obulamu (**Bik 6:1-6; soma 1 Tim 3:8-13**).

c. *Okukola ku byetaago by'abakkiriza kirina kye kitegeeza mu nsi ey'omwoyo. Bik 4:33-35* agamba bw'ati, ³³ *N'amaanyi mangi abatume ne boogeranga okutegeeza kwabwe okw'okuzuukira kwa Mukama waffe Yesu. N'ekisa kingi ne kibeeranga ku bo bonna.* ³⁴ *Kubanga tewali mu bo eyeetaaganga; kubanga bonna abaalina ensuku oba ennyumba baazitundanga ne baleeta omuwendo gwazo ezaatundibwanga.* ³⁵ *ne baguteeka ku bigere by'abatume ne bagabiranga buli muntu ng'abwe yeetaaganga.* Abatume baasobolanga okubuulira enjiri *"n'amaanyi mangi mu bo,"* era *"n'ekisa ekitakoma ne kigendanga nabo,"* olw'o (oba kubanga) *"tewaaliwo muntu yeetaaga mu bo."* Ky'ova olaba nga tewaaliyo beetaaga mu bakkiriza (yali nti) olw'okuba abantu bonna abaalina eby'obugagga baabitunda, n'ensimbi ezaavaamu ne *"zigabanyizibwa kyenkanyi okusinziira ku bwetaavu bwa buli omu."* Awo ne kiba nti, abakkiriza buli omu afudde ku munne okumuwa ebyetaago. Ekitegeeza nti abatannakkiriza bali basobola okulaba nti mu Kkanisa, Abakulisitayo baali mu bulamu mu ngeri ya njawulo—ate nga nnungi. Abakulisitaayo n'ekkanisa bwe beeyisa nga bwe balina okuba, kikola enjawulo erabibwa buli omu. Ekikolwa ky'abakkiriza okutunda ebintu byabwe ne bayamba baganda baabwe abali mu bwetaavu kyakkaatiriza enjiri abatume gye baali babuulira, ne kyongerera amaanyi mu bujulizi bw'abatume. Ekintu kye kimu kisobola okubaawo na kati singa kkanisa ekola ng'eyasooka.

2. "Ebirabo by'Omwoyo" bitwaliramu n'ebirabo eby'omubiri ebikola butereevu mu bulamu. "Ebirabo eby'omwoyo" bitwaliramu ebintu nga: obuweereza n'okuweereza (**Bar 12:7**); okugaba (**Bar 12:8**); okulaga ekisa (**Bar 12:8**); okuwonya (**1 Kol 12:9, 28**), okuyamba (**1 Kol 12:28**), n'obukulembeze (**1 Kol 12:28**). Kino kye kiraga nti Katonda afaayo ku mbeera zaffe zonna ez'obulamu. Awo nno, naffe tuteekwa okufaayo ku mbeera z'abakkiriza bannaffe zonna ez'obulamu. Kiba kikulu nnyo okujjukira nti "Olw'okubanga ebirabo byammwe byava wa Katonda, byonna bya mugaso era 'bya mwoyo' ng'ebirabo byammwe eby'omwoyo. Enjawulo eri emu nti byo mwazaalibwa nabyo." (Warren 2002: 242)

3. Ebintu ebikulu mu buweereza mu kkanisa mu bulamu "obw'omubiri". Abantu mu kkanisa balina ebyetaago, ate era abantu mu kkanisa balina eby'obugagga. Kkanisa kye kifo ekisooka abantu kye balina okulowoozaako nga bali mu bwetaavu oba bwe baba baagala okukola ku byetaago by'abalala. Okuyamba abaavu, abalwadde, abalina obulemu ku bwongo ne ku mubiri, n'abajolongebwa byonna bikulu ddala: "Okuboola abateeyinza n'abatalina maanyi, n'abatwalibwa ng'abatalina makulu, ate mu bulamu bw'Abakulisitaayo kiba kitegeeza kuboola Kristo; mu wooluganda oyo omwavu, Kristo akonkona ku luggi. Tuteekwa, n'olwekyo, okwegendereza ennyo ensonga eno." (Bonhoeffer 1954: 38) Omulamwa guno ogw'obuweereza Kristo wamu n'abatume baagusa ko nnyo essira era n'ekkanisa eyasooka yakilaga (soma **Mat 25:31-46; Bik 2:44-45; 4:32-35; 11:27-30; Bar 12:16; 15:26-27; 1 Kol 16:1-2; 2 Kol 8:1-9:15; Bag 6:10; Yak 1:27; 2:14-17**). Abaavu n'abeetaaga batwaliramu abalina obwetaavu bw'ebintu naye n'abeetaaga mu mwoyo, enkolagana, n'ebjetaago ebirala. Bino wammanga bye bimu ku biteeso:

- Okuyamba abaavu n'abeetaaga nabo okweyimirizaawo:

(A) *Abantu bangi abalina obwetaavu ba nd'eyimirizaawo okusinga okusabiriza buli kamu.*

Kkanisa esobola okubayamba okweyimirizaawo. Ebimu ku biteeso mwandibademu: (1) Okuwa obubanja obutonotono abantu abali mu bwetaavu. Mu kino, abatwala ssente baba balina okulaga pulojekiti ekiriziganidwaako. Ne balondoolwa n'okusabibwa embalirira. Obuzibu bwa ssente eneewola buli mu kuzzaayo. (2) Okuwa emirimo abantu abali mu bwetaavu. Oba olina okumanya mu bantu bo bameka abalina emirimo, obwetaaga obuyambi awaka, oba abayinza okuwa abalala emirimu. N'ekkanisa yennyini esobvola okusalawo okusasula abayonja ekizimbe n'okusiimuula oba okukola emirimo emirala ku lw'ekkanisa. Enkola eya 'ba nnamwandu okuyambibwa' nayo nsonga nkulu. (3) Okuwaayo obuyambi obutali bwa nsimbi. Kkanisa esobola okufuuka "etterekero" nga yeekaalu ey'edda bwe yali (soma **Malaki 3:10**) ery'engoye, eby'okulya ebitavunda, oba ebintu ebirala byonna ebyetaagibwa. Kkanisa eteekwa okukimanya bannakkanisa abasobola okuwa bannaabwe emmere, engoye, oba ekintu ekirala kyonna eri abeetaaga. Kkanisa emu kw'ezo eza PAG mu Uganda yalimu bannamwandu 43. Mu kifo ky'okubawa ssente, yabagulira embuzi. Nga wayise emyaka ebiri, embuzi 43 zaali ziweze 281. Bannamwandu baatandika okweyimirizaawo nga tebakyasabiriza. Baafuna amata. Baatundanga embuzi ne bafuna ssente. Bannamwandu abamu beegulira ente era kati "basabi" balungi ddala era bawo n'ekiweebwayo mu kkanisa. Protais Nshogoza Ow'e Rwanda naye alina ekyokulabirako: "Nze n'abantu bange twava e Kigali mu 2008 ne tudda e Gicumbi nga Mukama

atuyise. Abantu be nnasooka okusisinkana baali bakyala abalwadde ba mukenenya. Ng'essuubi lyabaggwaamu nga tebalina ayamba. Twaatandika okusaba nabo n'okubasomesa ekigambo kya Katonda; ekyabazaamu essuubi. Bwe nnakizuula nti ekizibu ekibalesa okweyimirizaawo bwali bwavu. Nnawa obubizzi obuto kkumi era kkumi ku bo, nga wayise emyezi mukaaga, zaazaala obubizzi kinaana. Buli mukazi yalina okutoolako obwana ekitundu 1/4 n'awaako munne. Nga wayise emyaka munaana, abakazi abasoba mu 150 baaganyulwa mu mulimo guno era kati basobola bulungi okulabirira abaana baabwe, ne baddaabiriza ennyumba zaabwe, baasasula ssente z'abaana ku masomero, ne beesasulira ne ssente ez'eddwaliro. Kaakati kye njagala, kwe kubafunira endyo z'embizzi ez'omulembe ezisobola okuzaala ennyo ekisibo ne kyala mangu. Guno gujja kuba mulimo mulungi nnyo ogw'obuyigiriza eri abakyala abeetaaga ne bannamwandu mu kitundu kino.”

(B) *Kkanisa eteekwa okumanya awali obugabirizi awo w'eri.* Kkanisa ey'ekitundu terina busobozi kutuusa ku bantu bonna byetaago byabwe. Kyokka, eyinza okukola oba okulagirira abantu abeetaaga mu bitongole, gye basola okufunira obuyambi yo kkanisa bw'tasobola kubatuusaako. (1) Ebintu ebirala ebiyinda okuvaamu obuyambi mulimu: ebitongole bya gavumenti; ebibiina bi nnakyewa; ebitongole eby'Abakulisitaayo n'ebigabi byobuyambi. (2) Eddiini ez'enjawulo zirina ebitongole ebiyambako abeetaaga. Abapulotesitante balina ekya “Mothers Union.” Aba PAG mu Uganda balina “PAG Planning and Development Secretariat.” (3) Kkanisa ez'enjawulo, ate n'ekkanisa ez'enzikiriza ez'enjawulo, zirina okukola awamu okutuukiriza ebyetaago by'abantu b'ebitundu baabwe. Ekya kyennyini kiraga obumu, nga gwe mulamwa n'ekigendererwa kya kkanisa ekikulu.

- Okuyamba abatalina mirimu okufuna eky'okukola—nga tubawa emirimo egivaamu ssente n'okubawa obuweereza mu kkanisa. “Okukola kuyitibwa kwa Katonda mu bulamu bw'omuntu. Okukola y'engeri yokka, si bya kusaaga, Omukulisitaayo gy'aweerezaamu Yesu n'obwa kabakababwe. Ogwo gwe mulimo—ogw'ennono mu bulamu bw'omuntu obw'okukola—omuntu mw'ayita okugaziya obufuzi n'okubwogerayo (Lukka 19:13) ku bwa Yesu Kristo.” (Miller 2002: 9) Bayibuli ekubiriza Abakulisitaayo okukola emirimo egivaamu ensimbi (**Beef 4:28; 2 Bas 3:10**). “Mu bulamu bw'Abakulisitaayo kusinzira oba nga buli muntu ssekinnoomu ye njango eyeetaagisa mu lujegera. Okujjako nga n'ennango esingira ddala obutono nga enyweede olujegera lwe lufuuka olunyweevu. Ekitundu ekikkiriza bammemba abatalina mirimu okubeerawo munda mu kyo kijja kusaanawo olw'abo. Kiba kirungi, n'olwekyo nga nga buli muntu alina ky'akola ku lw'obulungi bwa banne, alyoke ategeere munda mu ye nti, naye alina omugaso.” (Bonhoeffer 1954: 94) Bwe wabaawo abantu abatalina mirimo mu kkanisa, ate wandibayo bannakkanisa abalina kkampuni nga beetaaga abakozi. Abakulembeze mu kkanisa bateekwa okumanya abantu baabwe era ne bafuba okuyunga abalina obwetaavu ku balina bye beetaaga.

- Okusabira n'okwegayiririra abalala. “Abakulisitaayo babaawo lwa kusabiragana n'okwegayiririra, era bwe batakola batyo nga bawedde. Kiba kizibu okusalira omusango oba okukyawa owooluganda ate gwe nsabira, ne bw'ansobya ekyenkana wa? Ka mbe nga bulijjo mbadde mmulaba bubi, naye olw'okumusabira, akusibwa n'afuuka owooluganda Kristo gwe yafiirira, n'afuulibwa omuntu ey'asonyiyibwa. . . . Okusaba okw'okwegayiririra kye kinaabiro ekitukuza omuntu ssekinnoomu n'ekibiina ky'abakiriza mwe balina okuyingira buli lunaku. Olutalo lwe tulwana n'abooluganda mu kwegayirira luyinza okuba olunene, naye olutalo olwo luliko ekisuubizo nti lujja kuvaamu ebibala.” (Bonhoeffer 1954: 86; soma **Yak 5:16**) Henry Blackaby ne Claude King nabo bagamba nti, “Kkanisa zaffe ezisinga tezimanyi kusabira wamu. Eky'obugagga ekisinga obunene ekitannaba kukozezebwa kye mmanyi ye ssaala ey'omukao ey'abantu ba Katonda. Yesu, yajuliza mu Yisaaya 56:7, n'agamba nti “ennyumba yanga eneebanga nnyumba ya yakunsinzizaamu.” (Lukka 19:46). Bw'oyamba kkanisayo n'efuuka ensabi oba okoze kikulu nnyo. Buli kkanisa yeetaaga okuba ensabi!” (Blackaby and King 1994: 308-09)

- Okusonyiwagana. **Beef 4:32** ne **Bak 3:13** zombi zitulagira okusonyiwagana. Yesu n'okugamba yagamba nti, “Naye bwe munaasonyiwanga abantu ebyonono byabwe, kitammwe anaabasonyiwanga ebyonono byammwe, naye bwe mutaasonyiwanga abantu ebyonono byabwe, kitammwe ali mu ggulu taasonyiwanga byonono byammwe.” (**Mat 6:9-15**; soma ne **Mat 18:21-35**; **Makko 11:25-26**) Obutasonyiwa buwa setaani omwagaanya n'ebbeetu

okutukozesa n'okutulemesa, ng'abantu ba ssekinoomu ate n'ekkanisa yonna (**2 Kol 2:10-11**). Okusonyiwa kugendeera ddala ku mutima gwa Katonda Kitaffe ne Kristo anti y'embala n'omulamwa gwabwe (**Kuv 34:6-7; Mat 9:2-8; Makko 2:3-12; Lukka 5:17-26; 7:48-50**). Awo nno, okuva lwe tulina “*okutambulira mu kifaananyi kya [Kristo]*” (**Bar 8:29**), bwe tusonyiwa bannaffe, kiraga nti *twatukuzibwa*. Ke kabonero akalaga nti omwoyo omutuukirivu akola mu ffe okutufananya Kristo n'okututukuza. Kristo kye yava akwataganya okusonyiwa wamu n'okwagala (**Lukka 7:36-50**) wamu n'okusaba (**Makko 11:23-26**). Ekitabo kyaffe ekikwata ku *kusonyiwa n'okutabagana* (<http://www.eclia.net/courses.html#forgive>) kyogera ku kusonyiwa n'okutabagana mu ngeri esingako awo, nga tukuteereddeko n'ebirala ebikulaga bw'oyigamu okusonyiwa n'okutabagana. Kitabo kirungi nnyo kkanisa okukikozesa ng'esomesa banmmemba ku nsonga ezo.

- Okugumya, okubeeragana, oba oli awo n'okusituliraganako emigugu. “*Mubeeraganenga emigugu mwekka na mwekka, mutuukirizenga bwe mutyo etteeka lya Kristo*” (**Bag 6:2; soma ne Bak 3:13**). “Etteeka lya Kristo lye ly'okubeera. Okubeera kitegeeza okubeerana n'okusitulirako. Owooluganda aba mugugu eri Abakulisitaayo, olw'okubanga naye Mukulisitaayo. . . . Bw'aba omugugu omuntu omulala aba ddala wa luganda wo so si kintu kyokka ekigenda okukozesebwa. Emigugu gy'omuntu gyali mizito nnyo eri Katonda nga yalina okugumira omusaalaba. Katonda mwene yagumira emigugu gy'abantu mu mubiri gwa Kristo. Naye yagisitula nga maama bw'asitula omwana we, ng'omusumba bw'asitula endiga gy'azudde ng'ebadde ebuze. . . . Ly'etteeka lya Kristo ery'atuukirizibwa ku musaalaba. N'Abakulisitaayo ku tteeka lino kwe bagabana. Batekwa okubonaabona ku lwa bannaabwe, naye, ekikulu mu byonna, kaakano kubanga eteeka lya Kristo lyatuukirizibwa, baba *basobola* okubeeragana n'abooluganda. . . . Bwe bumu bw'omusaalaba bwe butuyamba okusituliraganako emigugu. Omuntu atasobola kukola kino, oyo taba Mukulisitaayo. Mmemba yenna bw'agaana okugumira omugugu ogwo, etteeka lya Kristo aba alyegaanye.” (Bonhoeffer 1954: 100-101)

- Okubeerako awamu, okukunjaana ne bannaffe, n'okufuba okukyusa kkanisa okufuuka ey'amazima, erimu okwagala, etuukirikika buli omu. **Bik 2:42, 46-47** wannyonnyola bwe wati kkanisa eyasooka: “*Obudde bwayo bwonna bwali nga bwa kwebuulirira ku kuyigirizibwa kw'abatume n'okukunjaana, mu kusembera ne mu kusaba buli lunaku mu mwoyo gumu mu yeekaalu, nga basembera nju ku nju, nga baliira wamu mu kusanyuka mu mutima gumu, nga batendereza Katonda n'okubeera n'abantu bonna mu bumu.*” N'ekirala, obubonero bw'omwoyo amaamidde bulabikira mu bangi, naye si muntu omu. **Beef 5:19-21** (ESV) wannyonnyola obubonero bw'omuntu ajuziddwa omwoyo omutukuvu nti “*nga mwogeragananga mu Zab. n'ennyimba n'ebiyiye eby'omwoyo, nga muyimbanga, mumukubiranga ennanga mu mutima gwammwe Mukama waffe; nga mwebazanga ennaku zonna olwa byonna Katonda Kiaffte mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo; nga muwuliranga mu kutya Kristo.*”

Endagaano Empya ekuutira lunye abakkiriza okwagalana (**Yok 13:34-35; Bar 13:8; 1 Bas 3:12; 4:9; 1 Peet 3:8; 4:8; 1 Yok 3:11, 23; 4:7, 11-12; 2 Yokaana 5**), okugumyagana (**1 Bas 4:18; 5:11; Beb 3:13; 10:24-25**), okusomesa n'okubeeragana ne bannaffe (**Bar 15:14; Bak 3:16**), okuweerezaganya (**Yok 13:14-15; Bag 5:13; 1 Peet 4:10**), okugumiikiriza, okuganya, n'okukkirizaganya (**Bar 15:7; Beef 4:2**), okuba ab'ekisa, abalumirirwa, abatuukirikika, ate abafaayo ku bannaffe (**1 Kol 12:25; Beef 4:32; 1 Peet 4:9**), okubeera mu ddembe ne mu mirembe ne bannaabwe (**Makko 9:50; Bar 12:16; 1 Peet 3:8**), n'okuwa bannaffe ekitiibwa nga tubatwala ng'abantu ab'omugaso n'okutusinga (**Bar 12:10; Baf 2:3**). Mu bufunze, abakkiriza balina “*okwagalana ng'abooluganda*” (**Bar 12:10**). Endagaano empya kkanisa eginnyonnyola ng'amaka (soma **Makko 10:29-30; Bar 8:14-17; 2 Kol 6:18; Beef 1:5; 2:19; Bag 3:26-4:7; 1 Tim 3:15; 5:1-2**). Byonna ebyo; bwe bubonero bw'amaka amalungi, era agatambula. Kkanisa kye yeetaaga kwe kulaga, munda mu yo n'ensi yonna, nti mazima, maka malungi, agatambula. Buno buweereza; bulamu obw'omwoyo; n'ekkanisa mu

VIII. OBUMINSANI

- “Ani yandikkiriza Katonda alowoozebwa obulowozebwa okukyusa ebintu byonna ‘mu dda’ bwe biba nga tebirina kakwate konna n'ebiy'oyo abantu gwe basubira okujja ng'atandise n'okukyusa ebintu byonna ng'abifuula biggya *kaakano*—mu butuufu, bwe kiba kityo, essuubi lino erijjudde terikwatagana n'ebyaafaayo era terisobola kukyusa bulamu mu bulungi *kaakati*? . . . Okuba nga kweyoleka bulungi okuva mu nkola entuufu ey'obulamu bw'omukristaayo nti Katonda [mu mazima] yeeraga

ng'owamaanyi agasobola okuleeta wo enkyukaakyuka empya mu biseera eby'omu maaso.” (Schillebeeckx 1968: 183-84)

- “Omusaalaba gwa Kristo tegutegeeza bulokozi bw'abantu bwokka, naye era guwa okunnenya okw'amaanyi ku bitongole by'embeera z'abamtu, ebyobufuzi n'ebyenfuna ebitali bya bwenkanya mu bantu. Okuzza obuggya n'okwenenya kw'abantu ssekinnomu KITEEKEDDWA okuleetawo okutereza obuwannnga n'okuddamu okuzimba ebitundu byaffe.” (Miller 2001: 22)
- “Mu ngeri ey'enjawulo, Ekkanisa erangirira ensi okukyuse ng'kiva mu bantu abakyusiddwa. Omuntu ng'amanyi okwekkeneenya ensonga buli kaseera avumbula ebipya; omuntu yekka akusiddwa y'asobola okutambulira mu nsi ekyusiddwa.” (Rees 1964: 9)
- “N'olwekyo ye kye yava [Kristo] ajja, okuleeta emirembe mu balabe ba Katonda. N'Omukulisitaayo bw'atyo, tabeera eyo yekka mu kazinga ke naye alina we yeekweka omulabe.” (Bonhoeffer 1954: 17) “Kkanisa eba kkanisa olw'okuba ebeerawo ku lw'abalala. Ekkanisa erina okugabana mu bizibu by'ensi eby'obulamu bw'omuntu obwa bulijjo, si kufuga, wabula okuyamba n'okuweereza. Kkanisa eteekwa okubuulira abantu bonna aba buli ngeri kye kitegeeza okubeera mu Kristo, n'okubeerawo bannaffe.” (Bonhoeffer 1971: 382-83)
- “Abantu mu kkanisa basala amagezi agayingiza abalala mu kkanisa; Abantu b'obwa kabaka bafuba okuggya abantu mu nsi babayingize ekkanisa. Abali mu kkanisa beeraliikirira nti ensi eyinza okukyusa ekkanisa; Abantu mu bwakabaka bakola butaweera okulaba nga kkanisa y'ekyusa ensi.” (Snyder 1996: 11).
- Engeri y'okugenda mu maaso eri amakanisa agaagala okuddamu okunnyonyola ekifo kyago mu kitundu ligenda kuyita mu muweereza n'okwewaayo. Kkanisa embuulizi y'enjiri ky'ekola kwe kuba *abantu ba Katonda abakwatagana naye mu mulimo gwe ogw'okununula ensi. . . . Omulimo gwaffe “si kukola”* kkanisa bulungi wabula kubeera bantu ba Katonda mu ngeri etabuusibwabuusibwa mu nsi. . . . Tulina okuba ab'enjawulo abazza essuubi mu balala, mu kisa kye tubalaga, n'omukwano ogwa nnamaddala gwe tulaga bannaffe. . . . Endowooza yonna egamba nti kkanisa esobola okuwangula ng'ensi teteredde eraga okuva ku mulamwa gwa Katonda era n'eteekawo n'okwebuuzza oba ng'abantu abalina endowooza bw'eti oba ddala Katonda abamanyi nti nabo bantu be.” (McNeal 2009: 6,24,37, emph. in orig.)
- “Okusinza . . . ge mufuta era kyekigendererwa ky'obutume. Kye kigendererwa ky'obutume kubanga mu buminsani tugenderera okuleeta amawanga gonna mu kwenyumiririza okw'amaanyi ekitiibwa kya Katonda. . . . Singa okugoberera ekitiibwa kya Katonda tekusukkulumizibwa waggulu okusinga okugoberera ebirungi by'omuntu mu kwagala kw'omutima n'ebintu ebikulembezebwa ekkanisa, omuntu tajja kuweereza bulungi era ne Katonda tajja kuweebwa kitiibwa mu ngeri esaanidde. . . . Ennimi z'omuliro ez'okusinza bwe zinaayaka n'ebbugumu ly'omuwendo gwa Katonda, ekitangaala ky'obuminsani kijja kumulisa abantu bonna abali mu kizikiza eky'omunsi. . . . Obwagazi eri Katonda bwe buba nga bunafu, n'obunyiikivu eri okubuulira enjiri kuba kunafu.” (Piper 2010: 35-36)
- “Omuntu okuyitibwa mu bulokozi kuba kuyitibwa kudde eri Katonda nga bw'atabagana n'ensi eyabula okuyita mu Kristo. . . . Bw'oba n'enkolagana eyeebuziba ne Katonda, akulaga bulungi ky'akola. Omulimo gwo ng'omuweereza kwe kugoberera eky'okulabirako kya Yesu: Kola nga Kitaffe kyali mu kukola—*buli Katonda w'ali ng'akola naawe w'oba olaga!*” (Blackaby and King 1994: 58, 84, emph.in orig.)

A. *Emisingi gy'ebyawandiikibwa*

Obutume ne ebigerendererwa bya kkanisa bisangibwa mu kuweereza n'okutuuka ku bantu abali ebweru w'ekkanisa. “Obutume obukulu” obwa kkanisa tubusanga mu **Mat 28:18-20**: ¹⁸*Yesu n'ajja n'ayogera nabo, nti, “Mpereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne mu nsi. ¹⁹Kale mugende mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'omwana n'omwoyo omutukuvut, ²⁰nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe; era, soma, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo.”*²⁷

²⁷ Robert Coleman agamba nti, “Ebigambo ‘mugende,’ ‘mubabatize,’ era ‘mubasomese’ byonna birina ekikolo kwe bisibuka nga kye kikolwa eky'o ‘okufuula abantu abayigirizwa.’ Kino kiba kitegeeza nti omulimo gw'ekkanisa omukulu si kugenda bugenzi ku nsomda z'ensi okubuulira enjiri (Makko 16:15), wadde okubatiza abantu bangi abakyuka mu linnya lya Katonda Nnabasatwe, oba okubasomese amateeka ga Kristo, naye ‘okufuula abantu abayigirizwa’—okuzimba abasajja abalinga bo abataliiko kkomona nga bakola omulimo gwa Kristo anti tebugoberera nga bugoberenzi, naye baakulemberangamu bannaabwe okubatuusa mu kkubo lya Kristo. Abayigirizwa nga bamaze okufunibwa, emirimo gya

N'ebyawandiikibwa ebirala bingi ebifaananako ebyo ebikkaatiriza obukulu bw'okujulira Kristo mulimu: **Mat 9:35-38; Makko 16:15; Yok 17:18-21; Bik 1:8; 5:27-32; 10:34-43; Bar 10:14-17; 15:18-21; 1 Kol 1:21-25; 2 Kol 4:4-13; 2 Tim 4:1-2; 1 Yok 1:1-3.** Ekitabo kya **Bikoolwa byabatume** kitulaga ebyokulabirako bingi ng'abakkiriza bawa bannaabwe obujulizi obw'engeri ezitali zimu mu mbeera zonna. Ng'era obuyigirizwa bwe bubeera nga butwaliramu obulamu obw'omubiri n'obw'omwoyo, awo nno omulamwa gw'ekkanisa kwe kutuusa obuweereza ku bantu mu mbeera zonna ez'obulamu. (**Mat 5:13-16; 22:36-40; 25:31-46; Yok 13:4-15,34-35; 20:21; Bag 6:10; Beef 2:10; 1 Tim 6:17-18; Yak 1:27; 2:14-26; 1 Yok 4:20-21**).

B. Ekkkanisa eyayitibwa okufuula abantu abayigirizwa mu nsi yonna

Enjiri n'obuyigirizwa birina akakwate k'amaanyi. Abantu bwe bafuulibwa abayigirizwa, ebirabo byabwe eby'obuweereza byeyoleka era basikirizibwa okwegatta ku buweereza obuliwo, oba okutandika obupya, mu kkanisa munda ate n'ebweru waayo, "N'olwekyo, obuweereza bwo obw'obuyigirizwa bujja kwagala okuzuula n'okuwa obuyambi obw'engeri emu obw'okutegeera eby'omwoyo. Muli mukkiriza yawebwa ekirabo eky'omwoyo wakiri kimu oba n'okusingawo ku lw'okuzimba omubiri gwa Kristo n'okuweereza banne. Bino bikozezebwa bya muwendo nnyo – ebirabo bya Katonda ebya Ssekukkulu ebitannasabukululwa – ebirindiridde okusabukululwa n'okukunyumirwa." (Churches Alive 1996: 6.2)²⁸ Mike Breen ye agamba bw'ati: "Tetulina kizibu mu 'njiri' oba eky'obukulembeze mu kkanisa z'e Bulaaya. Obuzibu bwe tulina bwa buyigirizwa. Bw'oba omanyi okufuula abantu abayigirizwa obulungi, oja kuba nga bulijjo olina obutume. *Bulijjo*. . . Bw'oba omanyi okutegeka abayigirizwa, kiba kyangu okutuuka ku bantu abatamanyi Yesu. Kubanga abayigirizwa ekyo kyennyini kye bakola. Eyo ye yali enteekateeka ya Yesu yonna. Abantu bw'obayigiriza, bo bennyini batandika okubuulira enjiri buli we babeera, nga bayambibwa omwoyo omutuukirivu, kkanisa eyo eba ya kugenda mu maaso. Buli muyigirizwa abaako banne. Tosobola kuba muyigirizwa nga toyagala kuyigiriza balala n'okubalwanirira. Ogwo gwe mulimo omukulu ogwakuyisa." (Breen 2011: 12, 39) Gye biggweera ng'abantu bakusiddwa: "Ebiokolwa by'okuweereza n'okuddizibwa obuggya bye tukola [byombi] biba mukisa eri bannaffe ate n'okulaga ekifaananyi eky'omulimo ogw'okutuzza obuggya Katonda gw'akola. Naye amaka agakolagana, emiriraano, emirimo, ebibuga oba ensi ziddizibwa buggya Yesu buli lw'alokola n'okuzza abantu abalimu obuggya. Ng'abayigirizwa ba Yesu mulimo gwaffe okutendeka abayigirizwa nabo batendeka abalala. Bwe tukola bwe tutyo, abantu n'ebintu biddizibwa buggya. Naye ekinyusi kyennyini kiri wano—ensi yeeyongera okujuzibwa Yesu!" (Kalinowski and McBee 2013:

1. Obukulisitaayo y'enzikkiriza eya "genda obuulire". Abakkiriza bonna baayitibwa okuba abajulizi ba Kristo.

a. *Obuvunaanyuzibwa bw'okujulira tebukoma kw'abo bokka abali ku gw'okubuulira enjiri oba abalina ekirabo ky'okubuulira.* Y'ensonga lwaki, mu **Beef 4:11-16**, abo bonna Katonda be yayita okuba "babuulizi," balina okukozesa ebirabo byabwe n'okuyitibwa kwabwe okusobola "okutuukiriza abatuukirivu" basobole, nabo, okubeera abajulizi abalungi.

b. *Ekkkanisa eweereddwa omulimu gw'okusindika abantu okulangirira enjiri n'okufuula abalala abayigirizwa (Bar 10:14-15).* Bwe kityo, ssente okusobola okwanguyiza okutuuka ku bantu zeetaaga okuba ekitundu ku mbalirira y'ekkanisa

2. Kkanisa yayitibwa kufuula bantu "bayigirizwa," naye si "abakyuka obukyusi" (Mat 3 28:18-20).

a. *Omuyigirizwa aba muyizi, akyali mu ttendekero nga yasalawo okuba n'omuyigiriza we oba omusomesa (nga ne mu mbeera eno, ye Yesu), ng'aluubirira okumufaanana.*

Omuyigiriza afaananya mukamaawe oba omusomesa we embala n'embeera, era n'akolera ddala ebyo mukama we oba omusomesa we by'akola (soma Willard 1997: 282-310).

b. *Olw'okubanga tulina okufuula abantu abayigirizwa, naye si kubakyusa bukyusa, ab'amawanga gonna kiraga nti "omulimo omukulu" gusingawo nnyo ku kubuulira obubuulizi enjiri.* Okukyuka kuba ntandikwa ya bulamu bwa muyigiriza. Obuyigirizwa butwaliramu obulamu bwonna. Obuyigirizwa mwe tutwalira okutukuzibwa kw'abantu, naye si kutuukirizibwa kwabwe kwokka. Obuyigirizwa buba mu bulamu bwa muntu bwoona. Awo

3. Omulimo gwa Kristo ogw'okufuula abantu "abayigirizwa" gulimu "okubasomesa, okugoberera ebyo byonna bye yatulagira." Ensonga eno erimu ebintu ebikulu bibiri eri ekkanisa:

Kristo egisigadde kwabanga kumenya mu jjenje kkalu Ekikulu mu byonna ekituyamba okukola omulimo gwaffe bwe bwesigwa. Nga n'abakyuka bwe bagenda nabwo ne mu kulonda abakulembeze mu bantu abakyuse, naye si bagoberezi bugoberezi." (Coleman 1964: 108- 10)

²⁸ Ekitongole kya Churches Alive kitulabula ku nsonga "y'okuzuula ebirabo eby'omwoyo", ekituufu biyinda okuba eby'amaanyi, tuteekwa bulijjo okulowooza ku kya mwoyo mutuukirivu okwerondera abayigirizwa abalala nabo n'abawa ebirabo, ate abatabikozesa n'abibaggyako" (Churches Alive 1996: 6.2).

a. *Abali mu bukulembeze bw'ekkanisa basaana okuba abasomesa abalungi, era beetaaga n'okutambula ng'enjiri bw'egamba.* Bannakkanisa basaana okutegeera obulungi Obukulisitaayo kye butegeeza, ennono enkulu ez'enzikiriza eno, n'engeri Abakulisitaayo gye balina okweyisaamu. Ky'ova olaba ng'ekimu ku bisaanyizo by'okubeera omukulembeze mu kkanisa mwalimu “*okuba n'obusobozi okusomesa*” (1 Tim 3:2; 2 Tim 2:24). Okusomesa okw'engeri ez'enjawulo era okusendaasenda, “enneeyisa y'omuntu [empisa] y'esinga obukulu” (Cooper 1932: 9). Awo nno, tukiddamu nti, obuyigirizwa butwaliramu byonna; butambulira mu bulamu bw'omuntu bwonna.

b. *Kkanisa y'ekitundu erina okuteekawo enkola ez'enjawulo omuyitwa “okufuula abantu abayigirizwa” abakkiriza abapya—nga babasimba mu nzikiriza n'okunyikiza okumanya kwabwe.* Mu kifo ky'okwematiriza awo mu kubatiza obubatiza abakkiriza abaggya n'okujjanga ku kkanisa buli Ssande, wateekwa okubaawo “amasomo g'abayigirizwa” abakkiriza abaggya basobole okufuulibwa “abayigirizwa abatuufu.” Okusengeka bantu mu kkanisa mu bibinja ebitonotono nga basisinkana lunye ne basaba, okuyiga Bayibuli, n'okugaayagaaya mu nsonga nalyo kkubo ddungi nnyo eriyamba Abakulisitayo okukula mu kukkiriza kwabwe n'enkolagana yaabwe ne bannaabwe era n'ekkanisa.

4. Mu kaweeefube w'okutuukiriza “omulimo omukulu” kikulu okutandikawo kkanisa empya mu bitundu. Kkanisa si ntabiro butabiro ey'Abakulisitaayo mu nsi yonna naye era erimu n'ekkanisa ez'ebitundu. Embooji eyawandiikibwa mu kitabo kya **Bikolwa by'abatume** eyogera ku bakkiriza abaabulira enjiri mu bifo eby'enjawulo; baafuula abakkiriza abapya abayigirizwa, okubanyweza mu kukkiriza; n'oluvannyuma ne batandikawo kkanisa mu bitundu ebyo (soma **Bik 14:21-23**).

C. Kkanisa yayitibwa okuba omujulirwa wa Kristo ng'ebeera ekyokulabirako n'okuweereza abantu okuyita mu kukola obulungi mu nsi

1. Ebintu bye tukola bitegeeza kinene okusinga ebyo bye twogera era bye biragira ddala ekyo kye tukkiriza. Mu **Mat 5:13-16** Yesu yatugamba nti mu buli kye tukola, tube kya kulabirako kya kwagalakwe eri ensi: “¹³*Mmwewe muli munnyo gwa nsi; naye omunnyo bwe guggwaamu ensa, balirungamu munnyo nnabaki? Tegukyasaana nate, wabula okusuulibwa ebweru, abantu okugulinnyirira.* ¹⁴*Mmwewe muli musana gwa nsi. Ekibuga bwe kikubibwa ku lusozi, tekiyinzika kuukisibwa;* ¹⁵*so tebakoleeza itabbaaza okugivuunika mu kibbo; wab ula okugiteeka waggulu ku kikondo kyayo' nayo ebaakira bonna abali mu nju.* ¹⁶*Kale omusana gwammwe gwakenga bwe gutyo mu maaso g'abantu balabenga ebigambo ebirungi bye mukola, balyoke bagulumizenga Kitammwe ali mu ggulu.*”

Kubanga buli muntu yatondebwa mu “kifaananyi kya Katonda” (**Lub 1:26-27; 5:1-3; 9:6; Beef 4:24; Bak 3:10; Yak 3:9**), engeri gye tukozeesamu ekifaananyi kya Katonda y'eraga ekituufu kye tumulwoowaako. Era ne mu ngeri endala: “Ky'okola kye kiraga ky'oli.” Awo, Yokaana omutume akalambira nti “obulamu obw'omwoyo tebusoboka kwawukanya kw'obwo *obulamu obw'omubirio*. Yokaana, kyamazima, akiggumiza nti abantu ab'omwoyo balabirwa ku bikolwa byabwe eby'omubiri, bwe kitaba bwe kityo, awo obulamu obw'omubiri buba tebuliyo. Ekyo kye twalaba mu 1 Yokaana 3:7: ‘Abaana abato, omuntu yenna tabakyamyanga; *akola obutuukirivu ye mutuukirivu, nga ye bw'ali omutuukirivu.*’ Kuba kulimba okulowooza nti: Osobola *okuba omutuukirivu naye n'otokola butuukirivu*. Yokaana agamba nti: Abantu bokka *abatuukirivu* beebo bokka *abakola* obutuukirivu. Ebikolwa bye biraga ky'oli.” (Piper 2009: 146-47) Kino tukiraba enfunda nnyingi mu ngeri nnyingi wonna mu Bayibuli:

- Engeri gye *tukolamu* Katonda gy'atulagira nkulu nnyo okusinga ebikolwa byaffe ebya bulijjo eby'okusinza (**1 Sam 15:22-23; Zab 51:14-17; Yis 29:13-16; Yer 6:16-20; 7:21-23; Kos 6:6; Bar 12:1; Bak 3:23-24; Tito 1:16; 1 Yok 5:3; 2 Yokaana 6; Kub 19:7-8**).
- Bwe *tukola* ekyo Kristo ky'alagira kaba kabonero akalaga nti mazima ddala tumwagala (**Yok 14:15, 21, 23; 15:9-10**);
- Akabonero akakulu akalaga okukkiriza n'okugonda kwaffe eri Katonda y'engeri gye tuyisaamu abantu (**Nge 14:31; 19:17; 21:3; Mik 6:6-8; Mat 25:34-40; Makko 12:28-34; Yok 13:34-35; Yak 1:27; 2:18-26; 1 Peet 3:7; 1 Yok 2:10; 14, 18-19, 23; 4:7, 11-12, 21**).
- Mu ngeri endaala, akabonero ak'enkukunala akatulaga obutakkiriza n'obujeemu bwaffe eri Katonda y'engeri gye tuyisaamu abantu (**Nge 14:31; Yis 1:10-17; Ezek 16:48-50; Mat 12:1-8; 15:3-9; 23:23; 25:41-46; Yak 2:14-17; 1 Yok 2:9; 3:10, 15, 17; 4:8, 20**).

2. Ekyokulabirako kya Yesu “eky’omunnyo” ne “kitangaala” mu **Mat 5:13-16** kiraga nti kkanisa erina okwenyigira mu buli nsonga yonna mu bulamu, naye si kwesiba ku “kubuulira na kutendereza kwokka” ku Ssande.

a. *Omunnyo gwe gukuuma enva obutagaga.* Kkanisa erina okukola ekikuuma obuli bw'enguzi mu by'omwoyo n'empisa. Omunnyo era gwe *guwoomesa enva*; kkanisa eteekwa okuloza abantu ku buwoomi bw'obulamu obutaggwo n'okubaaloza ku bulamu obutagwaawo era n'okulooza ku ggulu mu nsi eno ejjudde enzibu era enzibu. Ku lw'ensonga ezo ebbiri, “Abakulisitaayo balina ‘okunnyikizibwa’ mu buwangwa [nga, mu lunaku lwa Yesu, omunnyo bwe guteekebwa mu nnyama okugikuuma n'okugirunga], okuyingira mu buli mbeera yonna mu bulamu balyoke bakuume n'okulunga ebitundu gye babeera. (Ebintu biri bibiri ebyetaaga okwegendereza: Emirundi mingi Abakulisitaayo babeera mu kuzimba matendeekero galabika—ebizimbe, amakungaaniro n'ebifo byokunjaanira mu—nga n'okubeera tuli mu kabi akafuuka empagi ey'omunnyo. Ekikulu si kya nsi kulaba kitiibwa kya matendeekero ge tutaddewo; naye ekikulu ensi kwe kutwenyumirizaamu. N'ekyokubiri, tuteekwa okuba abeegendereza tuleme okuggwaamu ensa. Okusobola okukuuma enva, kikulu nnyo omunnyo okusigalamu ensa yaagwo nga ekyali y'amaanyi [**Makko 9:50**].)” (Colson 1992: 366)

b. *Ekitangaala kirina kulabibwa.* Kkanisa erina okubaawo mu bulamu era ng'ekola mu ngeri abantu nga balaba enjiri n'obulanu obuggya obw'okwagala, ekusaasira, emirembe, obwenkanya, n'amazima Kristo gaaleeta. Ekitangaala era kuwa abantu ebuggumu; kigobawo enzikiza; ne kitereeza embeera; kikuza; kiyamba okumulisa amakkubo g'abantu; kitiisa abakola ebya mbyone ne beekweka; kireeta essanyu. N'ekkanisa bw'etyo eteekwa okukola ebintu ebyo byonna ate nga n'abantu babiraba bulungi. “Ekintu ekikulu ekiri ku kitangaala kiri nti obutangaavu bwakyo ate bulabikira nnyo mu bifo eby'ekizikiza. Kikalubamu okulaba akasubbaawa nga kaka mu kisenge omuli ekitangaala, naye ne bw'osaza akabiriiti kamu kokka mu nzikiza, buli muntu aba akalaba bulungi.” (Colson 1992: 352-53)

3. Mu byawandiikibwa byonna waliwo akakwate wakati w'ebigambo byaffe, ebikolwa byaffe, ne bye tulowooza. Akakwate kano tukalabira bulungi mu **Beef 2:8-10**; **Beef 2:8-9** awalaga nti obulokozi bwaffe tebuva mu bikolwa byaffe naye kisa kya Katonda yennyini olw'okukkiriza kwaffe; kyokka, **Beef 2:10** agenda mu maaso n'agamba nti, newankubadde obulokozi bwaffe tebuva mu bikolwa byaffe naye omulimo gwa Katonda, obukulu n'ekigendererwa ky'obulokozi bwaffe kiri nti, tulokolebwa *olw'ebikolwa* ebirungi: “*Ffe tuli mirimo gya mikono gye, abaatondebwa mu Kristo Yesu ku lw'emirimo emirungi, Katonda gye yategekera ffe okugyeyagalira.*” Mu ngeri endala, buli kimu Katonda yakikola, n'atufuula mirimo gya mikonogyo, ng'ekitundu ku mulimo ogw'okulokola gwe yatukolera, yatutegekerawo emirimo emirungi ffe tugikole era n'atuwa n'obusobozi okugikola. N'olwekyo, omuntu tasobola kwawula kukkiriza na mirimo, nzikiriza na bikolwa. Enjiri ke kabonero akalabika ak'okungulu akalaga ekiri mu munda mu kukkiriza kwaffe okw'omwoyo.

a. *Yesu yafangayo ku bulamu bw'abantu obw'omubiri ate n'obw'omwoyo.* Era bw'atyo, yaliisa abayala n'awonya n'abalwadde. Mu mazima, obuweereza bwa Kristo mu nsi ey'omubiri bwe bwalaga obuyinza bw'alina mu nsi ey'omwoyo (soma **Mat 8:5-13**; **9:1-8**; **11:2-6**; **Makko 2:1-12**; **Lukka 5:17-26**; **7:1-10, 18-23**). Okuva bwe tulina “*okutambulira mu kifaananyi kya [Kristo]*” (**Bar 8:29**), tulina okweyongera mu kukula mu ndowooza ye n'okukola nga ye bye yakola.

b. *Kkanisa eteekwa okulaga okwagala kwa Kristo, okulumirirwa abaavu, okuyamba abeetaaga n'abali mu bizibu, n'ebirala.* Bw'eba ya kutuukiriza kigendererwa kyayo eky'okubunyisa enjiri n'okuweereza abantu (soma **Mat 5:38-48**; **Lukka 10:25-37**; **Bar 12:9-21**; **15:1-3**; **2 Kol 8:21**; **Bag 6:9-10**; **Bak 4:5**; **Tito 2:7-8**; **Yak 1:27**; **1 Peet 2:12**). Ky'amazima, kye tukkiriza bwe kiba tekigendeddeko bikolwa bulungi, awo okukkiriza kwaffe kuba “kuffu” (**Yak 2:14-26**).

c. *Okuwa Omukisa abantu ku byetaago byabwe eby'omubiri n'okufaayo ku byebeeta giggula enzigi ez'okubuulira enjiri n'okukola ku byetaago by'abantu eby'omwoyo.* “Okuwa abantu mu bulamu bwaabwe obwa bulijjo emirundi mingi kibaleetera okwebuuzza ebibuuzo nga ‘Lwaki akoze bw'ati?’ Ebibuuzo bino byonna biiba nga luyimba eri abantu abaaba babyeetegekede. ‘Ndi mugoberezi wa Yesu, era nkuwa omukisa kubanga ekyo kye kyamuleeta okukola.’ Eky'okuddamu kino kiba kiggula luggi mu mboozzi ey'omwoyo.” (McNeal 2009: 32-33) Kino kyakakasibwa dda mu byafaayo. Rodney Stark munnabyafaayo

agamba nti, mu byasa by'ekkanisa ebyasooka “abantu bangi abaali tebamanyi Katonda baakyuuka ne bakkiriza Obukulisitaayo kubanga kkanisa yabawanga ebintu (si bya mwoyo byokka’) n’omukisa eri abawagizi baayo. Ekikulu mu bino ebiraka kwe kuba nti, mu nsi etaliimu ddala mpeereza ya bantu, Abakristaayo be baali abakuumi ba baganda baabwe. Ku nkomerero y’ekyasa ekyokubiri, Tertullian yawandiika nti ng’abatamanyi Yesu basaasaanya ssente zaabwe okukola obubaga n’okugula ebyokulya n’ebiyokunywa,’ Abakulisitaayo ssente zaabwe baazikozesaanga ‘okuyambako mu kuziika, okuwa abaana ebyetaago n’abazadde baabwe, n’abakadde abaabeeranga bakonzimbide mu nnyumba.’ n’okufaananako, mu bbaluwa y’omusumba w’e Antiyoikiya mu 251, omusumba w’e Rooma yagamba nti ‘bannamwandu abasoba ne mu 1,500 n’abalina ennaku’ bonna kkanisa nga y’ebavunaanyizibwako. Ebintu bino byonna ebyakolwa ng’Abakulisitaayo ate abatali bakkiriza be basinganga okubyetegereza.” (Stark 1998: n.p.)

4. Bye tukola mu bulamu bunu—naddala engeri gye tuyisaamu abantu—kuliba mutindo ku lunaku olw’oluvannyuma nga tusalirwa omusango. Tetusobola kukola bitutuusa mu ggulu naye tulokolebwa olw’ekisa kya Katonda olw’okkiriza Kristo (**Yok 3:16-18; 6:28-29; Bar 2:16-17; 10:8-13; Beef 2:8-9; Bag 3:1-14**). Kyokka, “Ebikolwa by’omuntu bye bimulaga ky’ali mu mutima. Tebatubuulira oba ng’ebitabo bino [mu **Kub 20:11-15**] birimu ebikolwa ebirungi n’ebibi oba bibi byokka. Naye ate omusango nga gusalibwa tekiba nti ebikolwa ebirungi bigeraageranyizibwa ku bibi. Wabula, ebikolwa birabibwa ng’obujulizi obutabuusibwabuusibwa obulaga obuwombeefu bw’omutima; biraga enzikiriza oba obutaba nayo, okukkiriza oba obutakkiriza. Ensala y’omusango y’eriraga oba ng’abantu baali bakkiriza Katonda n’omwana gw’endiga oba nedda oba baali ku lw’abalabe ba Katonda.” (Ngundu 2006: 1576) Ng’omutume Yak. bw’agamba nti, “*Naye omuntu alyogera nti, ‘Ggwe olina okikkiriza, nange nnina ebikolwa; ndaga okukkiriza kwo awatali bikolwabyo; nange olw’ebikolwa byange ndikulaga okukkiriza kwange. . . . Kubanga ng’omubiri bwe guba nga gufudde, era n’okukkiriza bwe kutyo awatali bikolwa nga kufudde.*” (**Yak 2:18, 26**) N’olwekyo, nga bye tukola—naddala engeri gye tuyisaamu abantu—kye kigeezo mu bulamu bunu okulaga ekituufu kyennyini kye tulwooza ku Katonda, ekigeezo ekyo kyennyini kye kiri kozesebwa ne ku lunaku olw’oluvannyuma. Ensonga eno erabibwa emirundi mingi era mu ngeri nyingi mu Bayibuli.

- Mu byawanikibwa ne mu by’okulabirako Katonda asalira abantu n’ensi omusango ate era abasasula “okusenziira ku bikolwa byabwe [oba “amakubo” oba “ebikolwa”]” (**Balam 1:6-7; 9:22-24, 56-57; 2 Sam 12:9-12; 1 Bassek 2:32-33; 20:35-42; 21:17-19; 2 Byomu 6:23, 30; Yob 34:11; Zab 18:24; 31:23; 62:12; Nge 24:12; Mub 12:13-14; Yis 59:18; Yer 17:10; 25:14; 32:19; Ezek 7:3, 8-9, 20, 23-24, 27; 9:10; 11:21; 16:43, 59; 18:30; 22:31; 24:14; 33:20; 35:6, 11, 15; 39:24; Kos 12:2; Yow 3:5-7; Oba 15; Zek 1:6; Mat 16:27; 25:14-30; Lukka 12:47-48; Yok 5:28-29; Bar 2:1-6; 12:19; 1 Kol 3:8, 11-15; 2 Kol 5:10; 11:15; Bag 6:7-8; Beef 6:8; Bak 3:25; 2 Tim 4:14; Beb 10:26-27; 1 Peet 1:17; 2 Peet 2:20-22; Yuda 14-15; Kub 2:23; 14:13; 20:11-13; 22:12**).
- Okusalirwa omusango omuvannyuma ku “bikolwa byaffe” kutwaliramu n’ebigambo byaffe (**Mat 5:21-22; 12:36-37; Lukka 12:2-3; Yuda 14-16**), nga mw’otwalidde n’ebiyama “ebintu ebikwekeddwa” ebirowoozo byaffe, endowooza, omutima, bye tuyiseemu, ebigendererwa byaffe (**1 Sam 16:7; 1 Byomu 28:10; 29:17; 2 Byomu 6:30; Nge 21:2; Yis 29:13-14; Yer 17:10; Mat 5:21-22; 6:4, 6, 18; 10:26; Makko 4:21; Lukka 2:34-35; 12:2; Bar 2:16; 1 Kol 4:5; Beb 4:12; Kub 2:23**).
- Engeri gye tuyisaamu bannaffe mu bulamu kijja kuba kya kwesigamako kikulu nnyo nga batusalira omusango, mu kutuwa omugabo n’okutubonereza, kubanga ekyo kye kiraga embeera entuufu ey’emitima gyaffa n’enkolagana yaffe ne Yesu (**Mat 6:1-4, 12, 14; 10:42; 24:45-51; 25:31-46; Makko 9:41-42; Lukka 6:35; 12:33, 41-48; 14:13-14; 16:1-9; Bar 2:1-6; 1 Tim 6:18-19; 2 Tim 4:14; Beb 6:10; 1 Peet 5:1-4**).

IX. Ensonga entongole mu kutumibwa okulungi

A. Okusobola okuba n’obutume obusingako ekkkanisa yeetaga okukyusa endowooza

1. Ekinyusi ky’obutume bwe kkanisa kwe kuli ekibuuzo kino eky’omwoyo ekikulu ennyo: Katonda atwagaza ki? Kkanisa yonna eteekwa okusooka “okubuuza ekibuuzo kino eky’omwoyo: ‘Katonda kiki y’ayagaza kkanisa yaffe? Kiki ekiri ku mutima gwe?’ ekyo era kiteekawo ekibuuzo ekirala eky’amangu: ‘Kiki ky’ayagala tukole, ng’abantu ssekinnoomu ate era nga omubiri?’ olwo n’olyooka obuuzo: ‘Tusoobola tutya okuzimba mu obuweereza obulungi okusoobola okutuukiriza

obuvvunaanyizibwa obwo?" (Minatrea 2004: xviii)²⁹ mu ngeri endala, omulamwa ogusinga gwa mwoyo; okumanya Katonda n'okwagala kwe eri ekkansa *eno* n'abantu *bano* mu kitundu *kino* mu mbeera *zino* n'ebiyetaago *binu* n'ebikozesebwa.³⁰ Kino kye kiyambako okulondobayo embeera ez'enjawulo n'ebiyetaago by'abantu mu kyalo kino, mu kitundu, oba ekifo n'okuzuula nti *ebintu birina okukyuka*. Ekyo, oluvannyuma, kye kireetawo ekibuuzo: Kiki kye tusobola okukolera awamu nga tekyandisobose ku muntu omu? Mu butuufu, tuteekwa okwebuuzo: Kiki kye tuyinza okukola kkanisa yaffe bwe yeegatta n'endala bwe tufaananya endowooza nga ku lwaffe tetwadibisobodde?

Olw'okubanga Katonda ayogerera n'okukolera mu mubiri gwe, ekkansa, engeri emu kkanisa gy'eyinza okutegeeramu okwagala kwa Katonda gy'eri, abakulembeze kwe kutegeera obulungi abantu be bakulembera—bye basubira, ebiruubirirwa, bye bayaayaanira, ebiyetaago, ebitone, n'obusobozi bwabwe. Kkanisa emu yatandika ku ntekateeka y'okubuulira ku "nkulaakulana y'abantu" ng'abakulembeze boogera ne bannakkanisa. Embooji ze baayogeranga zaalingamu ebibuuzo ebikulu bitaano (soma McNeal 2009: 124-26):

- Kiki ky'onyumirwa okukola? Mw'ekyo abantu kye baagala eyinza okuba engeri Katonda gy'ayagala okuwaamu abalala omukisa ng'ayita mu bo.
- Wa wolaba Katonda nga akola mu kiseera kino? Mu buli kifo kyonna ku budde bwonna Katonda abaako ky'akola. Ekibuuzo kino kiyamba abantu okulaba Katonda mu baana baabwe, baliraanwa baabwe, ku mirimo gye bakolera, n'awalala.
- Kiki ky'oyagala Katonda akole mu bulamu bwo mu myezi mukaaga oba kkumi n'ebiri (6-12) egijja? Wa we weetaaga okuyambibwa? Kino kikwatagana n'enkulaakulana y'omuntu era kiyamba abantu okumanya nti *bo*, naye si miwendo gy'abantu, bya bugagga, n'ensimbi, nti bye biraga kkanisa n'obuwanguzi bwaayo. Ekibuuzo kino kisobozesa abakulembeze okulagirira abantu awali bye beetaaga ebweru w'ekkanisa n'okumanya emikisa gy'okwekulaakulanya bye beetaaga nga bakola entegeka.
- Wandyagadde kuyamba otya abantu? Tukuyambe tutya? Abantu abasinga bakulira mu buweereza. N'ekirala, kino kipimo engeri Omwoyo gy'ayita ekkansa mu kitundu (bw'oba n'abantu abawerako nga bonna baagala okusomesa abaana mu ssomero, oba okuyamba ba mulekwa, oba abantu abalwadde ba mukenenya, ekyo kikuyamba okumanya ekituufu ky'olina okukolera mu kitundu ekyo). Kino era kiraga abantu bye balina okukuggukamu okusobola okuweereza obulungi.
- Tuyinza kusabira tutya? Kino kiraga nti mazima abakulembeze bafa ku bantu baabwe. Abasabi nabo baba batandikira awo buterevu

Okumanya Katonda n'omutima gwe, okumanya ebitwetoolodde, n'okubuuzo ebibuuzo kitutuusa ku *kwolesebwa*. **Nge 29:18** (KJV) wagamba nti, "Awatali *kwolesebwa*, *abantu baasuula okuziyizibwa*." Okwolesebwa kwe kuyamba okukola entegeka, enkola, enteekateeka, n'ennambika ezireetawo enkyukakyuuka.

²⁹ Kino kiyinza okuba enkola empanvu era nga yeenyigiddemu. Edward Setzer yasabibwa okusumba Kkanisa ya bantu 35, emyaka gyabwe egya wakati gyalu 68. Ekkansa yali egenda eseebengerera era nga n'ekiundu kikyuse nnyo okuva ekkansa lwe yatandikibwawo. Wadde kiri kityo, ssentebe w'olukiiko olufuzi yagamba nti, "Tujja kukola ekyetaagisa okutuuka mu kitundu kino." (Setzer and Putman 2006: 41). Setzer agamba, "Twagenda maaso nga tusaba ne tunoonya Katonda ne tumusaba akole ku nsonga okumala emyezi mukaaga. Mu kiseera ekyo nga tusaba, Katonda yatandika okutukyusa ng'ekkanisa. Twafuna enkyukaakyuka nnyingi ng'ekkanisa, naye byonna nga kusalawo kwa kkanisa." (Ibid.) Twasalawo nga kkanisa nti olw'amazuukira lubeere olunaku olw'okutuuka mu bantu. Bannakkanisa baayita abaana, abazukulu, baliraanwa, n'ab'emikwano. Abantu abasoba mu 200 be bajja, mu myaka ng'ebiri egyaddirira kkanisa yali ekuze ng'erimu abantu nga 200. Setzer awunzika agamba nti, okuyitibwa kwa kkanisa kw'alinga kwa kitundu ekyo. Kkanisa bwe yalaba ng'ekitundu kikyuse, "baddayo era ne babuulira, enjiri n'etandikira ddala okusimba amakanda. Kkanisa yakyuka, n'obulamu bw'abantu ne bukyukira ku yo." (Ibid.: 42) Tuyinza okukkiriza Katonda okukyusa kkanisa zaffe, nazo, nga tunoonyeza ddala omutima gwe ne tutuukirira bannaffe n'ebitundu ebituliraanye.

³⁰ Kikulu nnyo okumanya nti nti ekikola mu kifo gundi ate kiyinza obutakola mu kitundu ekirala. Buli kitundu kiba kisaawe kya njiri *ekyawufu* nga kirina ebiyetaago ebyakyo, ebikozesebwa, ebizibu, ensonga, obuwo, ebyafaayo, obuwangwa, n'ebirala. Newankubadde enjiri tekyuka, engeri gye tutuukiriramu abantu n'engeri gye tubabuuliramu enjiri (nga mw'otwalidde n'engeri gye tusinzaamu) byonna bikyuka okusinziira ku kitundu kye tuba twagala okutuukamu. Bwe batyo Setzer ne Putman kye bava bakkaatiriza nti okubuulira okw'omulamwa kutandika na kuyitibwa Katonda. Kyokka, okutuukiriza okuyitibwa okwo, ffe tuteekwa "okunnyonyola abantu," okutunuulira Katonda by'akola mu bitundu ebifaanagana, okuzuula okwolesebwa kwa Katonda okw'enjawulo ku lw'ekkanisayo, n'okutambulira mu kwolesebwa okwo ng'ebiiantu bwe bigenda bikyuka, nga kkanisa ya Setzer bwe yakola kye tulabye waggulu awo mu 29 (soma Setzer and Putman 2006: 21-28).

- Okugeza, William Carey, amanyiddwa nga “kitaawe w’obuminsani obw’omulembe guno,” yamala emyaka anamu gumu (41) mu Buyindi eyo nga gye yakusiza Bayibuli okugizza mu nnimi z’e Buyindi enkulu, n’atandikawo amasomero, n’akyusa n’embeera z’abantu bangi (“William Carey” 2007: n.p.). By’yakola byaava mu kutegeera Katonda n’enteekateekaze yalina ku bulamu bwe, okumanya ebimwetolodde, n’okulaba engeri ebintu gye *bitambulamu*: “Carey we yalabanga enkajje, teyaddanga mu kwekubagiza, naye mangu nnyo ng’alooza ku bya kusimba kibira. Yasoma ebikwata ku miti, n’agisimba, era n’asomesa eby’ebibira. We yalabanga omuddo, ng’akuba ekifaananyi kya nnimiro, ng’agulima, n’awandiika ebitabo, n’atandikawo n’ebitongole nga Agri-Horticultural Society of India okusobole okuyimirizaawo emirimo gye yali atandise.” (Mangalwadi 1999: 115).
- Okufaananaako, mu Yisirayeri ow’omulembe guno alimu ekibira awantu ddala awaali eddungu. “Waaliwo okwolesebwa kwa mirundi ebiri ku ttaka. . . . Abayisirayeri, abasinza Yakuwa, bakkiriza Katonda bwe yagamba nti, ensi eno yali ekulukuuta amata n’omubisi gw’enjuki. Abapalesitiina bakkiriza nti Katond (Allah) ensi yagikolimira. Abo abantu baba babiri nga buli omu alina okwolesebwa kukwe ku ttaka lye limu.” (Miller 1998: 116) Okwolesebwa okw’enjawulo era kuvaamu ebibala bya njawulo.
- Ate mu ngeri endala, “abantu abali mu nsi awatatuuka mangu njiri nabo balina obwetaavu. Kino si kyaantanya. . . . Lwaki abantu ne baavu ate nga bayala? Okuggyako ebintu ebiteebereka ng’entalo, ekyeya, oba amataba, obwavu bwo tebugwa bugwi. Kiva mu ngeri abantu gye beerabamu n’ensi. . . . Obwavu bw’omuntu busibuka mu ndowooza ye ey’ekyavu, ekibinja ky’ebirowooza ebikwatibwa mu nkolagana ne bivaamu enneeeyisa ezimu. . . . Abalina endowooza y’obwaavu ensi bagirabira mu bitangaaza eby’obwavu. Boogera, oba ebikolwa byabwe ne biboogerera nti, ‘Ndi mwavu. Nja kubeerera ddala mwavu, ate sirina kya kikolera’ (okufa). Oba, ng’abasinga bwe boogera ensangi nzino, ‘Ndi mwavu kubanga waliwo abanjawuwa. Be balina okukola ku bizibu byange. Nze sibisobola. . . . Ekizibu kiviira ddala ku bwongo ebiremesa n’okukoozimbya enkulaakulana, ne bisibira abantu mu bwavu obususse.” (Miller 1998: 65-67)
- Endowooza eno “ey’ekyaavu” erabikira mu mbeera bweti mu bitundu bingi mu Africa (n’awalala wonna) entuumu za kasasiro nnene nnyo ne kazambi, ebisawo ebya pulasitiika, n’ebikyaafu ebiri awo bingi obisanga byonna bisaasaanidde mu bifo abantu gye babeera. Kino bubeera butalaba era kiraga obutafaayo ku bulamu bw’abantu n’obutabawa kitiibwa. Kasasiro yeekwekamu ensiri ezirwaaza omusujja ne zizaala, enswera, ebiwuka eby’obulabe, n’ebintu ebirala bingi ebiviirako endwadde. Femi Adeleye annyonyola akali mu kino nti era si nkola ya Bayibuli: “Waliwo ekisulo ky’abayise kye mmanyi nga ky’Abakulisitaayo mw’emu ku nsi zaffe [Eya Africa] nga kyetooloddwa kasasiro. Nnatunuulira abantu abaliraanye ekisulo n’abalala abayitawo nga basuula kasasiro wonna ng’akoze entuumo n’okuwunya ng’awunya. Ekivundu kyali ky’amaanyi kuba kyayitanga mu madirisa ne kituuka mu bisulo. Nnatwala omutawaana okubabuza avunaanyizibwa ku kuyoola kasasiro ono. Banziramu nti ‘mulimo gwa gavumenti naye yali etutteko ebbanga nga tejjja kubiyoola’. Nnatunula awo wonna ng’entuumo za kasasiro ze zikwaniriza mu kitundu, nga n’ezimu zituuse ku miryango gy’abantu. Nga kirabika nti abatuuze abasinga baali balinze gavumenti ejje ebayoolere kasasiro. . . . Endowooza eno eyongerezebwamu amaanyi olw’omuze gw’okussaawo enjawukana ensongovu wakati w’ebyo ebitekuvu n’eb’ensi oba wakati w’ebyo bye tutwala ng’eb’omwoyo n’eb’omubiri. Tulowooza nti okuyoola kasasiro, okukuuma obutonde bw’ensi n’okukozesa obulungi ebintu bya gavumenti byonna ‘bya nsi’ okwemaliza, ne tutafaayo. Obulamu bwaffe tusalawo okubumaliza ku bintu bye tulowooza nti bitukuvu oba bya mwoyo. . . . Twetaaaga okulaba ebintu nga tusinziira ku Bayibuli. Okusinziira ku Bayibuli, buli kintu mu bulamu kitukuvu.” (Adeleye 1999:127)
- Kkanisa zirina okukola omulimo ogw’ettendo nga zisomesa abantu ebikwata ku bulungi bwa nsi n’okuyonja ebyalo nga babiggyamu kasasiro ne kazambi. Singa Kkanisa zikola bwe zityo, ziba zigamba abantu nti: “Obulamu bwammwe, embeera, n’omutindo gw’obulamu bwamme bwa muwendo nnyo gye tuli. Muli ba mugaso nnyo gye tuli, tetusobola kubaleka kubeera mu kasasiro. Tubafaako, n’omutindo gw’obulamu obw’ekitundu kino.” Gavumenti y’e Rwanda ensonga eno egikutte kannabwala era erina amateeka amakakali. Abantu bayonja we babeera buli lunaku. Era bw’etyo, Rwanda nnyonjo okusinga ensi endala zonna ez’Ebuwanjuba bw’Africa. Ffe Abakulisitaayo tetuteekeddwa kulinda gavumenti kutukwasisa mateeka ku bye tulina okukola n’obutakola tuteekwa okweragira nga ffe.
- Ate era, “[ne mu kaalo eyo mu Tanzania] waaliyo omuti gw’omuyembe nga mutonotono,

naye nga gulina amatabi ag'amakoola agawerako. Gwalina ekisikiirize nga kineneko wansi waagwo. Wansi awo waali watuddewo abantu amakumi asatu, nga Beef utiise buli omu asobole okufuna ekisikiirize, wabali waaliwo embuzi ng'ebatunuulidde n'obunyiikaavu olw'okuba mu musana. Ekintu kino abantu bano baakikolanga buli kawungeezi nga batuula ne babaako emizannyo gye bazannya. Ekyanzijira mu nze kyali nti abantu bano bannakyalo abatuula nga Beef utiise mu kasikiirize kimu tekuli n'omu alowooza ku kya kusimbayo miti mirala ng'ate omusana gwabalinga bubu. Okusimba omuti kyali kyangu —guno omuyembe gwennyini gwaliko enkumi n'enkumi z'ensigo—naye nga tewali yazisimba, ate bwe wabaawo eyali asimbye omulala, baali baagutema. Endaba y'Abafirika bano ey'ebintu mu masekkati ga Tanzania abaalwananga okufuna akasikiirize yandeetera okulowooza nti abantu babulamu okuyiia.” (Theroux 2003: 248)

2. Endowooza y'ekkanisa ku ky'eri yeetaaga okukyuka. Okuyiga ekiri ku mutima gwa Katonda eri ekkkanisa yo kijja kuvaamu enkyukakyuka eziwerako okuva ku mpisa n'ebintu ebikulu amakanisa agasinga bye galabika nga galina n'ngeri amakanisa agasinga gye gakolamu. “Okufuuka kkanisa embuulizi y'enjiri weetaaga okukyusa ebintu ebikulu bisatu, mu by'olowooza ne mu nneeyisaayo:

- Okuva mu byomunda okudda mu by'ebweru ku nsonga z'obuweereza.
- Okuva ku kulaakulanya ya pulogulaamu okudda ku kukulaakulanya abantu mu nsonga z'emirimu emikulu.
- Okuva ku musingi gwe kkanisa yo okudda ku musingi gwa kkanisa ey'obwakabaka mu nsonga by'obukulembeze obulina ekirubirirwa.

Enkyukaakyuka zino bubonero obulaga okuba kkanisa embuulizi y'enjiri.” (McNeal 2009: xvi) McNeal atemaatema ky'ategeeza mu nkyukaakyuka zino essatu, bw'ati:

- Okukyuka okusooka: Okuva mu by'omunda okudda ku by'ebweru. Ekikulu si kya kkanisa kwenyigira mu bumu ku buweereza bwa mu kitundu.” Naye, okukyuka ne okuva mu by'omunda okudda mu kwekaliriza eby'ebweru “kubaamu okukyusiza ddala endowooza gye tulina ku ki kkanisa ky'eri, naye si ekyo kyokka ky'ekola, newankubadde nakyo kirwa ddaaki ne kikyuka. Okufa ku by'ebweru kye kikyusa ekkkanisa okuva ku kubuulira enjiri okutuusa omukolo naye n'etandika okulaba okubuulira enjiri ng'ekkubo ly'obulamu. . . . Kino tuyinza okukifaananya ku nkyukaakyuka ezajjawo mu ndowooza z'abantu eyabaawo anti, bwe kyazuulibwa nti enjuba, naye si ensi, y'eri mu masekati ng'ewa kitangaala ensi w'esobola okugirabira obulungi, . . . mu ndowooza y'ensi eyesigamiziddwa ku bwakabaka, ekigendererwa ky'okwagala kwa Katonda okununula y'ensi, so so kkanisa ('Mu bwe yayagala bw'atyo *ensi*, 'Yesu ky'agamba; naye si 'Katonda bwe yayagala bw'atyo *ekkanisa*'). . . . Mu nkola ey'okubuulira enjiri, nga kkanisa yenjjaansi ensi, ezuula Yesu, ng'ono amakaage gali ku nguudo na buli wamu wonna gy'agenda okusisinkana n'abantu beyajjirira, nga kino kitegeeza buli muntu. . . . Kkanisa weewo abagoberezi ba Yesu we bali. Abantu tebagenda ku kkanisa: Naye *nabo* kkanisa. Tebaleeta bantu eri Kkanisa; batwaala kkanisa eri abantu.” (McNeal 2009: 42, 44-45) Bino byonna okubituukakao abakulembeze b'ekkanisa ne bannakkanisa bwe bakitegeerera ddala nti “kkanisa y'emu ku bitongole ebitono ebiri mu nsi nga yo tebaawo lwa bulungi bwa bammemba baayo” (Setzer and Putman 2006: 44).

- Okukyuka okwokubiri: Okuva mu kukulaakulanya kkanisa okudda ku kulaakulanya abantu. Reggie McNeal bwe yali aweereza ng'omusumba omukulu mu kkanisa emu, Katonda yayogera naye, n'amubuuzi nti, “Okuva abantu lwe beegatta ku kkanisa eno, obulamu bwatereera oba beeyongera kuba bakoowo na kwavuwala?” Ekibuuzo kino kyamuzitowerera, kuba yakizuula nti “sirina ngeri gye ngeraageranyaamu nkulaakulana y'abantu; nsobola kumanya ngeri gye beenyigira mu bikolebwa mu kkanisa. Mmanyi nti bulijjo balabika nga kkanisa eriko ky'ekola, naye simanyi bwe beeyisa eyo ne baliraanwa baabwe. Ntegeka okusaba okwa buli wiiki, naye sisobola kumanya bufumbo bwa mirundi emeka obuli ku mulamwa. N'ekirala: manyi nti abantu bano bakola nnyo ku nsonga z'ekkanisa naye simanyi bye bayitamu mu bulamu bwabwe.” (McNeal 2009: 89) N'okweyongera ko, “embeera za bannakkanisa ez'obulamu ziraga kye bali”; n'olw'ekyo “emirimu gya kkanisa si y'eraga nti omwoyo afuga mu yo” (Ibid.: 93).

Ensisinkano ya McNeal ne Katonda kwakyusa essira ly'ekkanisa ye mu buweereza. Kkanisa yakyusizaawo enteekateeka zaayo, entegeka zaayo, n'ekinyusi ky'obuweereza okusobola okufuuka egenderera okulaakulanya abantu. Okukyuka kuno kuzibu okusinga ku kwasoose, n'obuwanguzi tebuba bwangu bwa kugeraageranya. Ekisumuluzo ekimu kiri nti, “okukulaakulanya abantu kyetaagisa okuzimba enkolagana, so si kutuusa kintu oba mpeereza

yokka (Ibid.: 90). Kino kye kitundu ebibinja by'abayigirizwa ebitonotono, ebisinziira ku nkolagana we bikwataganira n'obutume.

- Okukyuka okw'okusatu: Okuva ku musingi gwa kkanisa yo okudda ku musingi gwa kkanisa ey'obwakabaka mu bukulembeze. “Okukyuka okuva ku kkanisa nga kye kiri wakati okudda ku bwakabaka bwa Katonda gwe mutima mu nzikiriza n'obufirosofo ndowooza ereetawo okukyuka okuva ku nsonga ey'omunda okudda ku nsonga ey'ebweru. . . . [Abakulembeze b'obuminsani] banoonya engeri y'okuyigirizaamu abantu mu kkanisa okwenyigira mu buminsani (okubuulira enjiri). Bakakasa nti bajaguza okufuba kw'abo naabalala mu kkanisa basobole okwenyigiramu. . . . So nga ekkkanisa eya kalasi ejaguza enzivuunula z'ebiwandiiko. Ekibinja ky'abaminsani kyegomba bannamawulire abasobola okutubuukira katonda ky'aliko leero. Abakulembeze b'obuminsani balaba Katonda by'akola oluvannyuma be babibuulira abalala. Mu ngeri eno, bakola nga bannamawulire okutuyamba naffe okukifuna, tutyo. Kino kitegeeza nti batwalako obudde ne Katonda nga basaba, nga bamusaba okubalaga ky'akola. . . . Era kitegeeza nti bennyika mu bulamu. . . . Abakulembeze b'obuminsani, nga bakwatagana ne Katonda n'ensi, boogera mu ngeri ematiza ku bantu ba Katonda kye balina okukola. Tojja kubeera na bakulembeze ng'abo ebbanga ddene nga toyize nti omutima gwabwe gubumbibwa okusisira ku kyebayiseemu.” (McNeal 2009: 42, 138, 141, 143)

B. Okusobola okuba n'obutume obusingako, kkanisa yeetaga okukyusa omutindo gwayo eri ekkkanisa etwalibwa okuba ey'omutindo

Mu budde buno, kkanisa ezisinga ez'omu bitundu zirabibwa nga “ekifo aw'okugenga” era nga “akatale k'ebintu by'eddiini n'obuweereza.” “Abantu abafiiriddwa okutumibwa kwaabwe baba basuubira kkanisa yaabwe okutuukiriza ebisuubizo byayo okukola ku byetaago byabwe, okubalabirira, okubabudaabuda. . . . Abantu abafiiriddwa okutumibwa kwaabwe okutumibwa kwaabwe obuwanguzi bw'abasumba baabwe babugeraageranya ku kigero kya busuubuzi: basitoma abayongerayongera, ssente ennyingi n'enju amatiribona ze babeeramu.” (Hammond and Cronshaw 2014: 33) Okukyusa endaba eyo kkanisa gy'erabibwamu, n'eya basumba, ne bannakkanisa bennyini, kyetaagamu ekipimo ekipya. “Okuva lwe kiri nti abantu baagala kukola nga bafuna empeera, okukola kaadi y'obubonero eraga enkulakulana mu buminsani kikulu nnyo. Kaadi eno eraga obubonero bw'ebaawo, esomesa abantu ku busoboozi obuggya, kino kireetawo enneeyisa empya ne omugendo okusingawo eri okwoolesa kw'Ekikulisitaayo.” (McNeal 2009: 37-38) McNeal agamba nti ebintu bino wammanga bisobola okukyusa omutindo oba “kaadi e'obubonero” eya ebikola ekkkanisa etuuse ku buwanguzi:

- Okussaamu n'okukulaakulanya obuvunaanyizibwa bw'obuweereza bw'ekitundu ng'ekitundu ku buli mulimu gw'obukulembezenaddala ogw'abakozi. Obuvunaanyizibwa buno bulina okusinzira ku bwagazi n'ekitone ky'omukulembeze. Okutuusa nga bammemba b'ekkanisa balabye abakulembeze b'ekkanisa nga beenyigira mu kuddamu okusidikibwa kuno, tebajja kukkiriza nti essira ery'ebweru kulu nnyo. . . . Saawo ekkomo ku muwendo gwa ofiisi z'ekkanisa n'emirimu abakulembeze gye bayinza okukola basobole okufuna obudde obukulu okubeera anbaminsani . . . fuula obudde abakozi n'abakulembeze bwe bamala mu kitundu (omuli n'enkolagana n'abakulembeze b'omukitundu) ekitundu ku kupima emirimu. Weewale endowooza egamba nti ekiseera ky'omala mu kitundu ng'oweereza n'abantu kuba kwegayaazaamu. Singa endowooza eyo takyusibwa, ojja okwekanga ng'ebyetaago by'ekitundu bikendeezebwa bw'ogeraageranya n'ebyetaago ebirala eby'amangu eby'ekibiina ky'ekkanisa.” (McNeal 2009: 75, 78)
- Kikkaatirize nti buli kibiina ky'essomero lya Ssande, ekibiina ekitono, ekibiina ky'abayimbi n'omulimu gw'obuweereza birina ekitundu ekimu eky'ebweru eky'okuweereza abantu. Okusalawo kuno kulina okuva mu kwagala n'ebintu ekibiina bye baagala (McNeal 2009: 75-76). Mu kkowe eryo, Coleman agamba nti “Tekimala abantu okubateeka obuteesi mu bibinja, ebiri mu kkanisa naye balina okuba nga bakola. Balina okuweebwa omwagaanya okulaga bye bayize. Abaweereza bwe bataweebwa mukisa gutuukako mu bantu, bakona nga bamativu nti basobola, n'ekivaamu kwe kufuuka abantu abali awo abataliiko kye baliko.” (Coleman 1964: 120)
- “Abakulembeze b'ekitundu baleete mu kkanisa basomesa abakulembeze bo ebyetaago by'ekitundu. Kino oyinza okukikola mu misomo ne mu kusinza, ne mu nkungaana ennene, ku butaambi ate ne ku mitimbaganu.” (McNeal 2009: 76)
- “Abakulembeze b'ekkanisa bateeke mu bifo ebirala ebitali bya ku kkanisa. Ebifo bino bisobola okukozesebwa mu ngeri ey'obukodyo okuzuula abantu abamu oba obuweereza obusoboka obw'engeri enddala. . . . Abakulembeze era basobozese okutuukako mu bitongole ebirala nga ekitundu ku buvunaanyibibwa bwaabwe. Abantu bo basobola okuweereza nga ababuulirizi, abatendesisi, abawabuzi

olw'enkulaakulana y'ebyenfuna ebitonotono, abakugu mu kutendeka abakulembeze, abasomesa ku buli kika ky'okutumbula obukugu bw'omuntu n'amaka." (McNeal 2009: 76)

- "Tandika okuteekateeka ekkansa ne kalenda y'ekitundu" (okugeza, ddi omwoleso gw'essaza lwe gubaayo, ddi amasomero lwe gali mu luutula ne mu luwummula), era okakase nti" emikolo gy'omukitundu giteekebwa ku kalendasu si bakozi bo bokka ab'omwaka gw'ekansa (McNeal 2009: 78). Mu kino, "obudde bwe mumala nga musinza ng'abantu b'ekitundu webali mubwetegereze. Muno mubaamu obudde bw'ekigambo, okusaba, okuwuliriza obujulizi, okwogeramu n'abakulembeze b'ekitundu," "n'okuyamba bannakkansa okwenyigira mu mirimo mu bitundu gye babeera, omuli emirimo egivaamu ssente, ng'ebisookerwako mu buweereza." (Ibid.: 79)
- Ensonga "y'okukulaakulanya abantu" mu kkanisa yeeyolekera mu bintu nga: enkolagana abantu ze bakola n'ebigendererwa; okuleka abantu baweereze; ekukulaakulana y'obulamu bw'omuntu; esaasanya y'ensimbi ku bantu, ekitundu, ku njiri okusinga lwe tuziteeka mu bizimbe n'okuddukanya emirimo; abaweereza okwenyigira mu kusomesa abantu eby'okwekulaakulanya n'okubatendeka okukuguka mu buweereza eyo gye babeera mu kitundu. Ebintu ng'ebiseera ebiteekebwa nga okola obannakyewa (biyigiriza engeri gye bapiima mu obudde bwe bamala nga bakola obannakyewa ne obuwereza bwabwe), embooji ekwata ku bannakkansa bye bakola n'ebitukiddwako, byetaaga okujagaanyizibwa buli Ssande ne ku nnaku endala, engeri abantu gye bayambamu bannaabwe byonna byetaaga okwogerebwako mu kubuulira (ng'abakwatibwako bamaze kukkiriza), era n'okwebaziibwa mu ngeri ey'enjawulo, mu buntu ne ku mikutu gy'ekansa, bwe gibawo. Okwogera ku bantu bye bakoze mu lujjudde n'okubasiima kiraga omulamwa ggwa kkanisa ne bye yettanira ne kizzaamu amaanyi abasiimiddwa n'abalala. (McNeal 2009: 77, 79, 112) McNeal awunzika n'ekirowoozo era nga alabula: "Singa ebitukiddwa ko awamu nga ekkansa byokka bye bisuutibwa, omulamwa guyinza obutavaayo. Okusobola okukiggyayo obulungi, kola buli ky'osobola okusiima obulamu n'obuweereza bw'abantu okusuuka ku kkanisa, okuva gye babeera, gye bakolera, gye basomera, ne gye basanyukira." (Ibid.: 53)

C. Okusobola okuba n'obutume obusingako obulungi, ebintu by'ekansa byetaaga kukozesebwa mu kubuulira njiri

Kkanisa zonna zirina ebikozesebwa eby'enjawulo: ebikalu (ng'ettaka, ebizimbe, n'ebikozesebwa ebirala); eby'ensimbi (omuli ssente n'ebivaamu ssente); eby'obuntu (abantu n'ebiseera byabwe, ebitone, n'ebikozesebwa ebirala). Ensonga enkulu esooka ye y'ebisoosowazibwa. Ebintu kkanisa by'ekola mu bugagga bwayo bye biraga by'etwalira ddala ng'ebikulu, ng'era Yesu bwe yagamba, "Obugagabwo gye bubeera, omutimaagwo gye gubeera" (Mat 6:21; Lukka 12:34). Ebirowoozo bino bikulu:

- Ebintu ebikalu. "Mu kkanisa embuulizi, ekibuuzo ekisooka ku bikozesebwa kiyinza okuba, 'Ssente zino ddala twetaaga okuzizimbamu, oba tuziteeke mu kukulaakulanya ekitundu n'okukola ku byetaago by'abantu?'" (McNeal 2009: 79) Ka tugambe waliwo omuntu azimba ekizimbe ky'ekansa, kkanisa erina okubuuza nti, "Tuyinza kuzimba tuya ebizimbe ne tubeerera omukisa mu kitundu awo ne tunoonya engeri kkanisa gy'eyinza okubikozesaamu?" (Ibid.: 80) Ekibuuzo eri amakanisa agalina ebikozesebwa kiri nti, Tukozeza tuya ebintu bye tulina tuya okuwa omukisa abantu mu kitundu? . . . Kkanisa yonna eri ku mulamwa ogw'enjiri efaayo nnyo ku ngeri gy'ekozesaamu ssente n'obugagga bwayo okuweereza abantu." (Ibid.) Kkanisa eyinza okweyambisibwa ng'ekifo awakolerwa obuweereza obulala oba emirimo gy'obwa nnakyewa; eyinza okukwatagana n'amasomero n'ebawa ekifo we gatuuliza enkiiko, ekifo awatenderwa abasomesa, ekifo awakolerwa ebivvulu, n'ebirala.; kkanisa esobola okuwaayo ekizimbe kyayo okukozesebwa kkanisa endala okusabiramu oba okutuulizaamu abantu b'ekitundu. "Waliwo kkanisa emu eyakizuula ng'esobola okugabulanga abaana abeetaaga ebyokulya akawungeezi ate n'okusomesaamu abazadde ku nsonga enkulu mu bulamu, kye baakola ne basalawo ekisenge eky'enkuŋjaana kikole emirimo egy'enjawulo okuva ku kuliiramu obuulizi emmere. Kkanisa endala efuudde ekisenge kyayo omuzannyirwa ensero ekifo ekikulu eky'okukunjaaniramu abantu ng'ekolagana n'ekitongole ky'eby'okwesanyusaamu mu kitundu. Eky'amazima, obusanduuko omuteekebwa essaala bukulu nnyo mu bikozesebwa, n'okuyisa ebirango buli lunaku ku bantu abaagala okusabirwa n'okubudaabudibwa." (Ibid.: 81) Kkanisa emu "yawaayo ebintu byayo eri abaweereza b'omu kitundu n'oluvannyuma gaafuuka maka g'Abasikawutu abalenzi, ekitongole ekya 4-H, ekifo we basomesa dduyiro, ekitongole ekiyamba ku balwadde ba ssukaali, ekitongole kya bamayumba kkumi, n'ettendero ly'abantu ba bulijjo ku nsonga z'ebyokwerinda. Newankubadde bannakkansa tebaali bakulembeze mu bitongole ebyo, kkanisa bwe yatuukirira abantu nayo n'eba ng'etuukirikika yafuuka ekifo abantu gye banoonya okubeerwa mu kitundu." (Minatrea 2004: 179) Ekirala kkanisa kye yafuna mu kuganya ebintu byayo okukozesebwa n'abantu b'ekitundu kyali nti "abantu bwe baagenda beeyongerera okujja ku mikolo gy'ekitundu mu bifo by'ekansa, baatandika mpola okukola emikwano n'abamu ku bannakkansa. Abamu baatandikanga okujja okusinza nga bannakkansa be babayise." (Ibid.)

Ekirowoozo ekirala kwe kunoonya ekyesuddeko akabanga ne mupangisaawo oba ne mugulawo nga we munaasisinkaniranga abantu b'ekitundu. N'ekirala, ekigendererwa kya Katonda si kuleeta bantu ku (bizimbe ebirungi, ebinene) eby'ekkanisa (wadde nga twagala nnyo ebintu ebyo) ayagala kuleeta ekkkanisa eri abantu.

Kkanisa nnyingi nnyo ezirina ettaka eritakozesebwa. Basobola okusimba emiti egy'ebibala oba ebirime ebirala ne batunda okuggyamu ssente oba ez'okukozesa oba ne bazigabira abeetaaga. Ettaka ly'ekkanisa era liyinda okukozesebwa, mu bitundu ng'abantu baayotebalina ttaka lya bwa nnannyini, ettaka erimu lisobola okukozesebwa nga "ennimiro y'ekitundu" ne lisalibwamu ebintu ne lipangisibwa abantu b'ekitundu. Kino kisobola okuleeta abantu b'ekitundu mu kkanisa. Musobola okutegekayo olunaku abalimi bonna mu kitundu lwe basisinkanirako.

Kkanisa entono nnyingi nga bapangisa ebizimbe ebitonotono oba okufunako ekisenge ne bateekamu ebyuma eby'amaanyi eby'ennyimba n'amaloboozi, emizindaalo gi gaboggola, n'emizindaalo emirala egiyuguumya n'ekizimbe ate weewuunye mu bizimbe ebitono awatetaaga bintu ng'ebyo. Ekirala, ebyuma bino ebiwuluguma biyinda "okubuutikira" oba okuwaawaaza oba okulemesa mu ngeri endala yonna abantu okuwuliriza n'okutegeera omuntu by'ayogera, naddala mu kasenge akatono. Mu mbeera ng'ezo, kisingako okwogererawo nga tekuli byuma oba mizindaalo. Era n'ebyuma by'ennyimba ebyo bigaboggola nabyo awafunda tebyetaagisa. Akuumaakatonotono akatawaawaaza matu kaba kamala, ate nga n'okikaseera baba tekaseera. Ekikulu kwe kukekkereza ssente z'omuntu. Newankubadde abasumba abamu mu East Africa bagamba nti abantu baagala nnyo ebyuma ebiggunda era bibasikiriza nnyo, naye ekyo si kituufu. Kyandibadde kituufu, naye Bayibuli si ky'esomesa. Abantu ba (teekwa buteekwa) okuba nga basikirizibwa maanyi ga njiri. Kkanisa bw'eba ng'eri ku mulamwa gwa njiri etuuka mu bantu era ng'ebayigiriza bulungi nga n'okukula bakulira mu Kristo, bo bajja kwereeta bokka ku kkanisa olw'ensonga eyo yokka.

- Ebiyaamu ensimbi. Kkanisa zonna ziteekwa okukuuma obulungi ebitabo ebikwata ku by'ensimbi nga balina n'emalirira ekkirizibwa empandiike obulungi; eyo ye nsonga ey'obuvunaanyixibwa bwa Bayibuli n'okulabirira eby'ensimbi byokka. Ekkkanisa mu bitundu n'eddiini ziyinda okutwalako emitendeera egiwerako okusobola okweyimirizawo. Kkanisa ziyinda okutandikawo emirimo egivaamu ssente ne zirema kwesigama ku ssente zaazo eziva mu biweebwaayo. Kkanisa nnyingi zirina ettaka naye tebalikozesa bulungi. Kkanisa zisobola okuteeka ennimiro ku ttaka lyazo n'oluvannyuma ne batunda ebikunguddwa. Kkanisa ezimu zisobola okusimba emiti, egisobola okugulibwa ab'amasannyalaze, abazimba, oba okwokebwa amanda. Okugeza, omusumba omu omunnakenya yagamba nti emiti gya kalittunsi wakati 200-250 gye gisobola okusimbibwaa ku yiika y'ettaka emu bw'eti. Bw'akula ayinda okutundibwa ssente z'e Kenya 10,000 Ksh. buli gumu. Omusumba omu munnayuganda n'abalirira nti ensawo y'obummonde obuzungu eyinda okugula wakati 120,000 Ush. (eza Uganda) buli nsawo. Awo nno, yiika y'obummonde ennamba ng'esimbiddwamu obumonde obuzungu esobola okugula wakati w'obukadde butaano oba kkumi (5-10) eza Uganda. Ebintu ng'ebyo (n'ennyigiza) bisoboka okuzza obuggya. Essaza erimu mu Kenya lyatandika okulunda embizzi, Omusumba n'alagira buli kisomesa okuba n'ente eyaakyo. Kkanisa zisobola okusolooza ssente okuva ku baagalana abaagala okukolera mu bizimbe by'ekkanisa n'abalala abaagala okubikozesa, amasannyalaze, n'ebirala. Kkanisa ezimu zifumba emmere n'okuba n'ebisulo eby'okupangisa byonna nga bya kuggyamu ssente. Emikutu gya ssente gyo tegiggwaayo, naye kisinziira ku muntu engeri gy'alabamu ebintu n'emikisa gy'alina, kisanye kijjukirwe nti, omulimo gwonna oguvaamu ensimbi *kkubo* omuyitwa okutuukiriza ebigengererwa n'ebiruubirirwa by'ekkanisa. Ate tegulina *kuggya* oba okubuzaaabuzi, omulimo gw'ekkanisa omukulu n'omulamwa. Ekitabo kyaffe kye twatuuma *Biblical Stewardship* (<http://www.eclia.net/courses.html#stewardship>) kirimu ekitundu ekikwata ku kkanisa n'ebyenfuna, omuli amakubo ag'okukuumamu ebitabo, okukola embalirira, n'okusobola okweyimirizaawo.

Ebintu bye tukola mu ssente zaffe bitegeeza kinene ku biki bye tusoosowaza mu bulamu, bye tutwala okuba eby'omuwendo, ne bye tutwala okuba eby'amakulu. Ensonga eno nkulu nnyo eri ekkkanisa n'omuntu ssekinoomu. McNeal agamba nti "ekitundu ekisingako obunene ku nsimbi ezisoloozebwa ziteekebwa mu mirimo gy'ekitundu okusinga ezisigala mu kkanisa" (McNeal 2009: 83). Okusobola okutuuka ku McNeal ky'agamba kyennyini kkanisa erina okukyusaamu mu nkola y'emirimo gyayo. Milfred Minatrea agamba nti, "Ku buli mulimo ogukolebwa, kikulu nnyo okubuuza nti: 'Omulimo guno oba omukolo gututuusa gutya ku kiruubirirwa n'ekigendererwa kyaffe?' 'Omulimo guno gwa bannakkanisa oba gutwaliramu n'abatannafuuka bannakanisa?' 'Singa omulimo guno tubadde tetunnagutandika, twandigutandiseeko kati, nga tusimbye ku mulamwa n'ekigendererwa kyaffe?'" (Minatrea 2004: 104) Ebibuuzo ebyo bikola ku mirimo n'emikolo gyonna egikolebwa ku kkanisa ne mu kukola embalirira y'ekkanisa. Minatrea agamba nti, "Tewali kitongole kisobola kusigala nga kiteeka ssente mu mirimo emipya ate ne kitaggalawo egimu. . . . Kkanisa embuulizi z'enjiri bwe zikola emirimo

gyazo nga zisinziira ku biruubirirwa byazo, emirimo gyonna egitali ku mulamwa gwazo ziba zirina kugireka bulesi.” (Ibid.: 106-07) Kino kiyinza okuba ekizibu, nga n’okuluma kiruma, okukola, naye kyetaagisiza ddala okwetegereza obulungi nga tonnasalawo ekiruubirirwa kya *Katonda* eri ekkansa bwe kiba kya kutuukirizibwa.

Ekirowoozo kya McNeal kisoboka okutuukirizibwa. Ekyokulabirako eky’enkukunala kiri mu kkanisa eyitibwa Antiyookiya Presbyterian Church of Chonju, mu nsi y’e Korea. Kkanisa bwe yaggulibwawo mu mwaka gwa 1983, emu ku nnono zaayo ezaagitandisa kwali kuwaayo ebitundu waakiri 60% ku ssente zaayo bikole ku kubuulira enjiri. “Kkanisa eno baagipatiikako erinnya erya ‘Tin Can Church’ (omukebe ogutereka emmere) kubanga abayizi ba b’essomero ly’oku Ssande baagamba nti efaanana ng’omukebe ogutereka emmere nga guuteereddwa awantu, ng’ekitundu kiziikiddwa mu ttaka. Mu kusooka, abantu abamu baali batidde nti ennono eno n’ekigendererwa mu yo eyinza okulobera kkanisa okukula. Ekyewuunyisa, okusinziira ku Rev. Lee, ssente ezaatekebwa mu kkanisa y’ekitundu tezaagikuza, naye zaayongerwa ku bungi bw’abantu mukkanisa ko n’ensimbi ze bawaaayo ku lw’enjiri. Abantu kaakano basukka mu 4,000. Mu mwaka gwa 2001, ekibiina kyawaayo ebiyitundu 75% okuva mu nnyingiza yaakyo ku lw’enjiri. Mu mwaka gwa 2002, ssente ezaaweewwayo zaali ebitundu 70% ate mu 2003 baawaayo ebitundu 72.3%. Mu kukkaatiriza, omu ku basumba yakakasa emiwendo egyo ng’agamba nti, ‘Mulina okukimanya nti. Mu 2002 ne 2003, twateekamu ebitundu 70% byokka ate ebitundu 72.3% okuva ku nnyingiza yonna ey’omwaka mu kuwaayoku lw’enjiri kubanga twazimba ekizimbe abavubuka mwe bakunnaanira n’ekisenge omuteesezebwa’ mu myaka egyo ebiri. Kye baakola, Rev. Lee ow’ekkanisa y’e Chonju Antiyookiya Presbyterian Church n’abasumba abalala okuva mu bantu, baakwatako mu ssente ne bagenda batandika obuweereza obuyitibwa The Paul Mission (Obuminsani bw’Obutume bwa Paulo) mu mwaka gwa 1986. We gwatuukira omwaka gwa of 2004, abaminsane 248 be baali bakasindikibwa okwetoolola ensi. Obuminsani bw’Obutume bwa Paulo babuulira enjiri, batandikawo kkanisa, basomesa eby’enzikiriza, okulambula abasibe mu makomera, okugirira abeetaaga ekisa, okutendeka abaweereza, enteekateeka z’abavubuka n’abaana, n’okusomesa ku nsonga z’okubuulirira amaka. Aba Obuminsani bw’Obutume bwa Paulo era balina n’enteekateeka ku Ladio e Thailand okusobola okutuuka obulungi ku bantu. . . . Kkanisa eno gye bakazaako erya omukebe ogutereka emmere yakizuula nti okwagala abantu ku lwa Kristo kyayongerwa ku miwendo gy’abantu ne bafuna n’omuzinzi.” (Ronsvalle 2004: “Ekkansa y’e Korea ewaayo ebitundu ku lw’enjiri 60%”

Okugatta kw’ekyo, kkanisa eyinza okukola emirimo egivaamu ssente mu kitundu nga bwe bakola ku bizimbe byabwe oba okulobola ku ssente eziva mu biwebwayo by’ekitundu okukola “munda”. McNeal ayogera ku mikutu emirala omuyinza okuva ssente okusobozesa kkanisa okutuusa enjiri ku bantu: “Bwe muba mukola embalirira yammwe, n’abakulembeze b’ekitundu mubayite babeewo. Babuuzze ebyetaago bye balaba n’emikutu egiyinza okuvaamu omusolo.” (McNeal 2009: 84); “Abatuuzze mubasomese ebikwata ku by’ensimbi n’okuteekateeka, nga n’ekikulu kwe kuyamba abantu abatamanyi bya nsimbi mu kitundu bayige okweteekeera ebiseera eby’omu maaso (Ibid.); “Tandikawo ebintu eby’okwekulaakulanya oyambe abantu okwetandikirawo emirimo ku lwabwe oba bakole egisangiddwawo” (McNeal 2009: 84); “Bannakkanisa bayambe okulondoola ensaasaanya yaabwe n’okugikendeeza. Ssente zonna ezifuluma ku bantu ba ssekinoomu ne mu lukale zironoolwe bulungi era n’eziterekeddwa nazo zimanyibwe bulungi. Jjukira nti kino kikolebwa mukulembeze, oba si kyo kkanisa tejja kubaako ky’egasa bammemba.” (Ibid.: 85); “Noonyaayo amagezi ag’okuddiza abantu b’ekitundu. Kkanisa emu yasalawo okuva ku bantu ssente nga kyenkana zenkana n’omusolo gwe yandiwadde ku lw’ebintu byayo singa yali ya kuguwa.” (Ibid.) “Kolagana n’ekkanisa endala. Mu biseera biri ebyasooka, abantu bavuganyanga okufuna ssente. Mu nsi omuli kkanisa embuulizi y’enjiri, ebizibu ebyogerwako biba binene okugonjoolwa omuntu omu oba ekibiina ekimu, nga kyetaagisa okukuutira abantu okukolaganira awamu.” (Ibid.: 84) Minatrea agenda mu maaso ng’agamba nti, “Ensonga eno nnyinza obutagikkaatiriza kimala: emirimu gy’obwa kabaka tegiyinza kuggwa nga kkanisa zikyesibye mu ntalo n’enjawukana zaazo mu kifo ky’okusoosowaza obwa kabaka” (Minatrea 2004: 127).);

- **Obugagga obw’abantu. Ekitundu IX.A. Okusobola okuba n’obutume ekkansa yeetaga okukyusa endowooza yaayo n’ekitundu IX.B. Okusobola okuba n’obutume ekkansa obusingako, kkanisa yeetaga okukyusa omutindo gwayo eri ekkansa etwalibwa okuba ey’omutindo,** waggulu awo, twogedde ku ngeri eziwerako abakulembeze ne bannakkanisa gye bayinza okwenyigira obutereevu mu kubuulira. Okugatta ko, kkanisa esobola okulondobayo ebyetaagao by’abantu n’enoonya n’engeri y’okuweerezaamu abantu mu kitundu ekyo. Abantu bangi baba bandiyagadde okuyamba bannaabwe, naye baba tebamanyi ngeri ya kubayambamu na byetaago bye balina. Abantu abatanegatta ku kkanisa nabo mubagatte ku mulimo gw’okutalaaza obuweereza bw’ekkanisa. Abantu abo balina obukugu obuyinza okwetaagisa mu buweereza, ate bwe beenyigiramu kibayamba, okuyingira mu kkanisa, mu

ngeri etabatiisatiisa. Basooka kubuulirwa njiri mu bikolwa, nga kino kibateekateeka okusembeza Yesu ng'omulokozi era Mukama w'obulamu bwabwe bwe banaabuulirwa enjiri.

D. Ebyokulabirako by'obutume mu ebitundu

Emikisa egiri mu njiri mingi era gya njawulo nga n'abantu bwe bali, ebyetaago, n'obugagga. Wano ka tulabe ebimu ku by'okulabirako by'enjiri ey'ebitundu kkanisa gy'ebuulira era ne gy'esobola okubuulira:

- Kkanisa emu ng'eri mu kibuga yasalawo okuyamba buli musibe ateebwa ne bababuulira n'okubabudaabuda ko n'okubayamba nga bwe baba bakava mu kkomera” (McNeal 2009: 1).
- “Okugaba abantu mu bizimbe by'amayumba, paaka za bikululana, ne mu bitundu by'abapangisa okuweereza ng'abaminsani abatuuze. Olwo babawagire n'abazirakisa, sente, n'ebirala byonna ebyetaagisa nga bwe babikkula ebyetaago n'okuweereza abantu. Ebitundu by'abantu abava mu bitundu by'amayumba g'ekibinja okugenda mu kkanisa bitono nnyo. Kino si nsonga oba Kkanisa ebali wala oba bussuka kkubo. Ekikulu kya kutuuka ku bantu eyo gye bali mu bifo ebikubyeko. Waliwo kkanisa emu eyamba abaagalana abato ng'ebasuzza, okubasasulayo ku nsimbi n'okukola ku byetaago Abaminsane bye baaba bazudde mu kawefube w'okuzimba enkolagana n'abantu be babeera nabo. Abayizi ba'essomero lya buli Ssande bafumbira abatuuze emmere ku Lwomukaaga lumu buli mwezi; abalala ne babalongooseza ennyumba.” (McNeal 2009: 77)
- Buli mwaka, wabaawo omukolo omunene mu, Wisconsin, awasangibwa ssettendekero w'e Wisconsin. Omukolo bwe guggwa, ekifo kyonna kiba kijjudde empapula, obucupa, ne kasasiro omulala. Olupapula lw'amawulire olumu mu kitundu lwawandiika nti, “Bannakkanisa ba Blackhawk, esangibwa mu bukiika kkono bw'e Madison, bazze ku ssaawa 6 a.m. ku Ssande okuyonja enguudo, ebbali n'omuddo gw'ekibuga. Guno mwaka gwa kubiri nga ekkkanisa eno eya Blackhawk eyambye okukendeeza ku mirimu gy'okuyonja abatuuze. . . . Wadde n'abatuuze ku luguudo lw'e Mifflin nabo baabadde bategesa okuyonja okw'awamu enkya ya leero . . . olw'okubanga bannakkanisa baakoze dda omulimo ogw'ettendo, okulongoosa okwa bano tekulina makulu ge kwandikoze. ‘Bangi ku ffe twabadde tukyebase, bannakkanisa eno bo baabadde bweru nga bayonja ate mu nkuba,’ [omukungu wa gavumenti Mike] Verveer bwe yagambye.” (Heidmann 2006: n.p.)
- Kkanisa emu ekyali ento yategeka okukanika eggaali okw'ekikungo mu kitundu. Abantu ne basomesebwa amateeka n'engeri y'okuzikumamu nga nnamu, ne bazikanika n'okuteekamu ebyuma ebyangungu, ne bagabulayo awo ne ku by'okunywa. Abantu bajja mu bungi era ensonga y'emu ejja kuddibwamu olumu mu biseera ebigere.
- “Waliwo abakyala abamu abakulu abeewaayo buli Lwakusatu ku makya okuyonja n'okulabirira abaana mu maka omuli abazadde abazaala abaana abataano olumu, nga babongera ku babiri be baba nabo. Abakyala bano balongoosa, ne basabika abaana, okufumba, ne bakola na buli mulimo gwonna ogwetaagisa, beeyama okukola bwe bati okutuusa abaana lwe bagenda ku ssomero. Abamu bwe basisinkana bannaabwe bwe bakola okuyitibwa kw'obuweereza obufaanagana, babeegattako bwegassi.” (McNeal 2009: 76)
- “Abantu bonna mu bitundu omuli enjiri be nnali ndabye balinawo ennaku ez'okuweereza mu bitundu byabwe mu ngeri ey'okusinza. Waliwo ekibiina ekimu kyo kyalondawo Ssande emu mu mwezi ng'eno ya kuweereza bantu mu kitundu. Abantu bwe bamala okusaba n'okugabana emirimo, batambulako mu kibuga okuwa abaamu omukisa. Abantu bonna mu maka bakolera wamu n'abamaka amalala emisana. Emirundi egimu ensonga ez'enkizo ziba zeetaaga abakyala n'abavubuka bonna okusitukiramu. Ekibiina kyonna oluvannyuma bakuŋŋaana ne balya emmere n'okunyumya bwe bigenze.” (McNeal 2009: 60-61)
- Okusaba nga mutambula: “okutambula nga musaba kusobola okukolebwa mu ngeri y'okugaziya ekkkanisa mu kiseera ekimu oba okukolebwa abantu mu budde bwabwe obutuufu. Enkola eno eyamba abantu okusimba essira ku kitundu Katonda ky'akola oba ky'ayagala okukolamu omulimo mu kitundu ekyo. . . . Kiba ky'amaanyi nnyo singa abantu mu kitundu ekyo baba bategedde ku kigenda mu maaso kubanga baba basobola okubuulira abasabi abalamazi ebyetaaga okusabira.” (McNeal 2009: 71) Ensiisira z'okusaba: “Wano abantu baba basaba mu lukale mu buweereza obutuuka eyo ku bantu ne boogera eby'okusabira byabwe n'ebibaluma. . . . Ebibiina ebimu bye nkozeeko nabyo bo bategeka ensiisira z'okusaba mu butale bwabwe oba mu myoleso wano ng'abantu bawayo eby'okusabira byabwe ne basabirwa ne mu kadde ako bwe baba baagala.” (Ibid.)
- Okukolagana n'abakulembeze b'ekitundu mu kusaba: “Amagezi mu kino kwe kubatuukirira, okubategeeza nti baloneddwayo okusaba nabo, ne baweebwa n'essimu kwe bayinza okukuba nga balina eky'okusabira. Olumu kiyamba okutanula abakulembeze bano nga tubabuulira nti basobola okuwandiika ebibasoomooza ne mubakakasa nti Mugenda kubasabira Katonda akole ku nsonga zaabwe kubanga

abaweereza bano baba n'ebibasoomooza bingi ddala. Tegereza bawulira batya okumanya nti waliwo abantu ababafaako!" (McNeal 2009: 72)

- "Kolagana n'essomero ... Tewali nkola ewanguza ng'eno okuyita abantu ab'ebitone okujja okuweereza mu kitundu kyabwe." (McNeal 2009: 77) Kkanisa emu mu kitundu ky'amambuka g'e United States yagamba nti, "Enkolagana y'amaanyi nnyo St. Paul gy'erina ne Norwalk International Academy ku Brien McMahon High School y'ekola ku byetaago by'abayizi abanoonyi b'obubudamo. Abaava ku by'okukozesa ebiragalalagala, ensi ezitaaguddwataaguddwa entalo nga Guatemala ne Honduras, abavubuka be tuisinkanye baawayo obulamu bwabwe okutereza embeera. Bangi balabyeko oba okukosebwa obutabanguko. Bannakkanisa mu St. Paul baweereza ng'abasomesa n'okuyambako abayizi okubasomesa Olungereza n'obukugu mu kubala. Ba nnakyewa tebeetaaga kumanya Lusipaana; era tebalina kuba nga baasoma obusomesa." ("Social Justice & Outreach" n.d.)
- Katonda yatonda ebimera bingi ebiriko eddagala eriwonya. Tusobola okusomesa abantu mu kkanisa ne mu kitundu emiddo gino ne tubayigiriza n'okugirima mu nnimiro zaffe. Bwe tukozesa eddagala lino tutangira endwadde nnyingi ate ne tuwona okusaasaanya ssente nga tugula eddagala, ate n'okuva ku lirimu ebintuntu. Twetaaga okukozesa omukisa gw'amasomero gaffe, ebitongole bya gavumenti, ebibiina bi nnakyewa, ebitongole eby'obwannannyini n'ebigabi by'obuyambi, n'amaterekero g'ebitabo okwongera ku kumanya kwaffe tusobole okukola buli kimu n'amagezi n'okwefumiitiriza nga bwe kisoboka tusobozese bannakkanisa n'abantu b'ekitundu nabo okukola n'amagezi n'okwefumiitiriza nga bwe kisoboka.
- Ebintu byonna ebyogeddwako mu kitundu **VII.C. Obuweereza mu kkanisa bulimu "obw'omubiri" ate era "n'obw'omwoyo"** kusobola era okukolebwa n'abantu b'ekitundu okutwalira awamu. Kkanisa eteekwa okubeera ekifo abantu we basomera ebikwata ku by'obulamu n'enteekateeka y'eb'ensimbi. Kkanisa bw'eba n'omusawo oba omujjanjabi nga y'omu ku bannakkanisa, basobola okukubayo oluusi ensiisira z'eb'obulamu ez'obwereere mu kitundu (bano omujjanjabi n'omusawo Abakulisitaayo ne baleeta abamu ku bannaabwe okubayambako, ne bwe bataba bakulisitaayo). Ababazzi Abakulisitaayo n'abalala abalina emirimo gye bakola basobola okutendeka Abakulisitaayo n'abakozi b'emirimo ne bafuna obukugu mu bye bakola. Ekitabo kyaffe kye twatuumama *Biblical Stewardship* (<http://www.eclia.net/courses.html#stewardship>) kirina ebyokulabirako bingi eby'omulamwa kkanisa by'eteekwa okusomesa n'okuteekesa mu nkola n'eyigiriza abantu baayo enkwata ya ssente n'eb'obugagga, omuli engri y'okukolamu enteekateeka, mu bitundu byayo ebikwata ku "buwanika bw'omubiri" ne "Bayibuli ky'esomesa ku ssente n'eb'obugagga."
- Obukulu bw'okutuusa obutume mu bantu bulabikira mu ngeri ey'obuteeganya abakazi abasiraamu gye batwaliramu abalwadde emmere buli lwakutaano mu malwaliro amanene agali e Kigali n'e Dar es Salaam. Bantegeezaako nti tewali kkanisa yali ekikozeeko. Abalwadde abo bwe basiibulwa, bwe bafuna ekyetaago, bazooka kugenda ku kkanisa oba ku muzikiti okunoonya okuyambibwa? Wadde abasumba abamu bayinza okugamba nti "kkanisa yange ntono nnyo tesobola kukola ekyo abasiraamu kye bakola," naye singa kkanisa A yegatta n'endala B, C, ate ne D, basobolera ddala okukola omulimo omunene kkanisa emu gw'etasobola ku lwayo.

Kkanisa eteekwa okuba ekifo ekisinga omugaso mu kitundu oba mu kyalo mw'eri. Eteekwa okuba ng'emanyiddwa abakulembeze mu kitundu n'abatuuze. Ekyo kisobola okubaawo singa kkanisa yeenyigira butereevu mu bikolebwa mu kitundu. Omukisa okwenyigira mu nsonga ng'ezo guyinza okubula olw'okuba kkanisa terengerera wala bigenda mu maaso ate n'abantu baayo nabo nga tebabiraba.

X. OBUMU (OKUKWATAGANA)

Obutume n'ekigendererwa ky'ekkanisa bisangibwa mu kulaga obumu n'obujjuvu. "Obumu mu kkanisa bukulu nnyo kubanga Endagaano Empya ebussaako nnyo omulaka okusinga n'eggulu oba aggeyeena. Katonda ayagala nnyo tube *n'obumu* n'emirembe ne bannaffe. Obumu gwe mutima gw'okukunjaana. Bwe mububulwa, omutima gw'omubiri gwa Kristo muba muguyuzizzaamu ebifi. Gwe mulamwa, ekinyusi, kya Katonda nga bw'ayagala tubeere mu bulamu wamu ffenna mu kkanisaye. Omusomesa waffe omukulu ow'obumu ye Tuliniita. Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu bo bali wamu nga kitole. Katonda yennyini kye ky'okulabirako ekisooka eky'okwagala okw'okwesadaaka, okwetowaliza abalala, n'emirembe egibukadde." (Warren 2002: 160) Okulaga obumu n' okukwatagana kabonero kakulu nnyo akalaga nti kkanisa esinza bulungi Katonda, efuula abantu baayo abayigirizwa, era mazima eri ku mulamwa gwa Katonda eri ensi. Kristo yayita ekkkanisa okulaga obumu mu ssaalaye enkulu ey'obwa kabona mu **Yok 17:18-21**: ¹⁸*Nga bwe wantuma mu nsi, nange bwe nnabatuma mu nsi.* ¹⁹*Era nze nneetukuza ku bwabwe, nabo bennyini batukuzibwe mu mazima.* ²⁰*Iso sibasabira bano bokka, naye n'abo*

abanzikiriza olw'ekigambao kyabwe; ²¹bonna babeerenga bumu; nga ggwe, kitenge, bw'oli mu nze, nange mu ggwe, era nabo babeerenga mu ffe: ensi ekkirize nga ggwe wantuma.”

A. Obumu n' okukwatagana mu kkanisa buva ku mbala zaayo

1. Kristo yasaba nti “bonna babeerenga bumu; nga ggwe, Kitenge, bw'oli mu nze nange mu ggwe, era nabo babeere nga mu ffe” (Yok 17:21; soma ne Yok 17:11). Pawulo yagamba nti okuva Yesu lw'atayawuddwamu, naffe tetuteekwa kweyawulamu (1 Kol 1:11-13). Yeegayirira abakkiriza *“okutambulanga nga bwe kusaanira okuyitibwa kwe mwayitibwa, n'obukakkamu bwonna n'obuwombeefu, n'okugumiikiriza, nga muzibiikirizagananga mu kwagalana, nga munyiikiranga okwekuuma obumu obw'omwoyo mu kusibibwa n'emirembe . . . okutuusa lwe tulituuka ffenna mu bumu obw'okukkiriza, n'obwokutegera omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba omuntu omukulu, mu kigera ky'obukulu obw'okutuukirira kwa Kristo” (Beef 4:1-3. 13).* Okulaga obumu kabonero ka kukula mu bulamu bw'ekkanisa obw'abakkiriza ba ssekinoomu ate kabonero kakulu nnyo ak'omulamwa ffenna gwe tuliko.

2. Obumu mu kkanisa ne mu kkanisa eziri mu kitundu kye kimu n'enzikiriza kuviira ddala ku bintu ebikulu ffenna bye tufaananya. Abakulisitaayo bonna, kkanisa zonna ez'omu kitundu, n'enzikiriza zonna tulina Mukama omu (Bar 10:12; Beef 4:5), omubiri gumu (Bar 12:4-5; Beef 4:4), n'ekigendererwa kimu (1 Kol 1:10; Baf 2:2), Kitaffe omu (1 Kol 8:6; Beef 4:6), Omwoyo omu (1 Kol 12:13; Beef 4:4), essuubi limu (Beef 4:4), okukkiriza kumu (Beef 4:5), okubaliza kumu (Beef 4:5), n'okwagala kumu (Baf 2:2). “Tulina obulokozi bwe bumu, obulamu bwe bumu, n'amagenda ge gamu—tunoonye ensonga enkulu tuzikoleko tuve ku bitwawula” (Warren 2002: 161).

Zino z'ensonga enkulu. “Ensonga enkulu” zeezo ezitambulizibwako enzikiriza era ng'Abakulisitaayo bonna bateekwa okuzikkaanyaako: Bayibuli ky'ekigambo kya Katonda; Katonda alimu basatu; omuntu yagwa mu kibi era tasobola kwerokola; Yesu Katonda ajjudde ate nga muntu ajjudde; Kristo yekka ly'ekkubo ery'obulokozi; tulokolebwa lwa kisa kya Katonda kyokka olw'okukkiriza Kristo; twayitibwa okubeera mu bulamu obw'okwagala. “Ensonga ezitali nkulu nnyo” bye bintu Bayibuli by'eyogerako naye nga tebirambulula bulungi. Mu nsonga zino mulimu ebintu nga: abaana abato basobola okubalizibwa oba abantu abakulu bokka abaayatula okukkiriza? Obukulembeze mu kkanisa bwandibadde butya? Kristo abeerawo mu ngeri ey'enjawulo nga tusembera oba nedda? Abakazi balina mulimo ki omukulu mu buweereza? “Ensonga ezaateekbwa abantu” zeezo bayibuli z'etayogerako wadde omulundi ogumu guti”, naye ng'abantu be beeterawo amateeka oba enkola ku lwabwe. Mu nsonga zino ezaagunjibwawo abantu mulimu ebintu nga: ennambika y'okusinza; ennyambala y'ebiyambala eby'enjawulo; bintu bya ngeri ki (okugeza, ennyimba, entambi, emmere n'ebiyokunywa) ebituufu eri Abakulisitaayo. Enjawulo eziri mu nsonga ze tugambye ezitali nkulu nnyo n'ensonga abantu ze beeterawo, tezisanyee kutulemesa bulokozi bwaffe oba okutuggya mu bumu bwe tulimu. Eky'embu, kyokka, enjawukana ezisinga mu ddiini ne mu Bakulisitayo zisinga kuva ku nsonga ezo ezitali nkulu nnyo n'ez'abantu obuntu—gamba, ebintu ebirabikanga *tebirina nnyo* makulu. Enkolagana yaffe n'abakkiriza ba ssekinoomu, ekkkanisa, n'enzikiriza Terina kumenyebwawo mbu kuba twawukanya ku nsonga ziri ezitali nkulu nnyo n'ez'abantu obuntu. Bingi ebitugatta okusinga ebitwawula. Twetaaga okuzimba obumu nga twesigama ku nsonga enkulu ate n'okufa ku bakkiriza abalala ku nsonga ziri ezisigadde.

3. Okugeraageranya Bayibuli kw'ekozesa okunnyonyola ekkkanisa kwe kulaga nti kkanisa etekwa okubaamu obumu n'obujjuvu.

a. *Kkanisa gwe mubiri gwa Kristo.* Kkanisa mubiri gumu ogulina omutwe ogumu (Kristo). Buli muntu wa mugaso, kubanga buli muntu “kitundu” ku mubiri. Bwe wabaawo akikosebwa, omubiri gwonna gukosebwa. Ebitundu byonna byetaagisa ate n'okukola obulungi omubiri okubeera omulamba ate n'obulungi (1 Kol 12; soma Bar 12:4-5; Beef 1:22-23; 4:1-6, 11-16; Bak 1:18, 24; 2:19; 3:15).

b. *Kkanisa nnyumba oba yeekaalu ya Katonda.* Ffenna tuli “mayinja amalamu” nga buli limu lirina ekifo ekituufu ku nnyumba y'emu. Ekitundu ky'ennyumba ekitali mu kifo kyakyo oba ekyamenyese kikyusa endanbika y'ennyumba gye baagenderera mu kusooka (soma 1 Kol 3:9-17; 2 Kol 6:16; Beef 2:19-22; 1 Peet 1:4-6).

c. *Kkanisa maka ga Katonda.* Amaka amalungi, agatambula tegabaamu busungu, nnyombo, na njawukana. Amaka amalungi, wagali ku mulamwa gabaamu okwagala, ekitiibwa, essanyu, obumu, n'okwegendereza okulala kungi ddala. Kkanisa yeetaaga okulaga mu yo, ne mu nsi, amaka amalungi, agatambula obulungi bwegafaanana (soma Makko 10:29-30; Bar 8:14-17; 2 Kol 6:18; Beef 1:5; 2:19; Bag 3:26-4:7; 1 Tim 3:15; 5:1-2).

B. Obumu n' okukwatagana mu kkanisa buva kw'ekyo Kristo kye yakola

1. Kristo ye yatutabaganya ne Kitaffe. N'olwekyo, tulina obuweereza obw'okutabaganya abalala (**Bar 5:10; 2 Kol 5:18-20; Beef 2:16; Bak 1:21-22; Beb 2:17**).
2. Kristo yamenyawo ekisenge ekyali kireeta enjawukana mu Ndagaano Enkadde (ekisenge ekyali kyawula Abayudaaya ku Bannamawanga). N'olwekyo, tetuteekeddwa kuzimbawo bisenge bipya bitwawula (**Yok 17:11, 20- 21; Bar 3:21-22; 1 Kol 12:12-13; Bag 3:26-28; Beef 2:11-3:6; Bak 3:9-11**).
3. Kristo yasinzaawo ne ku kumenya obumenya ekisenge ekyali kireeta enjawukana mu bantu: yatondawo "omuntu omuggya" ng'amuggya mu bali abaali beeyawuddemu. N'olwekyo, tuteekwa okulaga obumu n'okuba abaggya mu Kristo (**Beef 2:11-22**).
4. Kristo abantube yabagula okuva mu buli buwangwa, olulimi, abantu, n'eggwanga lyonna mu nsi nation. N'olwekyo tuteekwa okukulembeza Kristo mu kusooka ne tulema kweyawulamu olw'okuba langi, obuwangwa ennimi oba amawanga gaffe gaawukana (**Kub 5:9; 7:9**).

C. Obumu n'okukwatagana mu kkanisa bikulu nnyo eri obujulirwa bwayo mu nsi

1. Kristo yasaba tubere bumu "ensi ekkirize nti ggwe wantuma" (Yok 17:21). Obumu bwaffe, oba enjawukana n'okwesalamu ng'omubiri, bisalawo kinene oba ng'abantu ba kulaba Yesu ne ky'ali. Eky'amazima, akabonero akamu Kristo ke yatuwa nga "bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange," kali nti "mwagalane" (**Yok 13:34-35**). Bwe tuba n'okwagalana okwo kwannamaddala, ate ne tukulaga, awo *tujja kuba n'obumu n'obujjuvu*.
2. Abatume byombi baaabikola, baalina obumu ate naffe ne batukuutira okulaga obumu obwo n'okukwatagana (**Zab 133:1; Bik 1:14; 4:32; Bar 12:16; 15:5-6; 1 Kol 1:10; 12:24-25; 2 Kol 13:11; Beef 4:11-13; Baf 1:27; 2:1-5; Bak 3:14; 1 Peet 3:8**).

D. Obumu n'okukwatagana mu kkanisa birina okulagibwa ku mitendera gyonna—mu muntu ssekinnoomu; mu nkolagana munda mu Kkanisa y'omu kitundu; ne wakati w'amakanisa n'enzikiriza ez'enjawulo

1. Obumu butandikira mu muntu. Kristo alokola abantu okuva mu bibi byabwe era bw'atyo n'awonya n'okuwonya (**Mat 1:21; 8:16-17; 1 Peet 2:24**). Yasindika Omwoyo Omutukuvu okujja okutuula nga mu bakkiriza (**Yok 14:16- 18**). Atulunganya mu mazima (**Yok 14:26; 16:13**). Atuwa emirembe ate "n'ebibala eby'omwoyo" ebitutuusa mu bulamu obujjuvu (**Yok 14:27; Bag 5:22-23**). Tulina endowooza ya Kristo (**1 Kol 2:16**). Yatuyingiza mu maka ge (**Bar 8:14-17**). Kya mazima, Yesu yajja "abantu babeere n'obulamu, ate babe nabweo mu bujjuvu" (**Yok 10:10**). Nga Kristo bw'akola mu bulamu bwaffe, era nga ne bwe tumugondera n'okumugoberera twongera okumufaanana, buli muntu alina okulaga bulijjo obumu obusukiridde obwomunda.
2. Omulanga gw'abatume ogw'obumu okusinga gwali gugendereddawamu abantu abali mu kkanisa ez'ebyalo. Abatume bakkaatirizanga ebintu ng'okufaayo n'enkolagana ey'awamu mu mubiri gwa Kristo (soma **Bar 12:16; 15:5-6; 1 Kol 1:10; 12:24-25; 2 Kol 13:11; Beef.. 4:11-13; Baf 1:27; 2:1-5; 1 Peet 3:8**). Enkolagana eyo ey'awamu mu buttoned tebulawo era eba nnyangu ya kutuukikako singa kkanisa egondera ekiragiro kya Yesu "ekiggya" kye yawa abatume be mu kiro ekyaddirira okukomererwa kwe ku musaalaba, "mwagalane, nga nze bwe nnabaagala, nammwe mwagalane" (**Yok 13:34-35**). Kkanisa zaffe mwe tubeera bwe tuziraba ng'amaka, naffe ne tweraba ng'abooluganda, tuba tuteekwa buteekwa okulaga okwagala n'obumu eri bannaffe.
3. Ekintu ekirala ekikulu ku bumu n'okukwatagana mu kkanisa bwe bumu wakati w'ekkanisa ez'enjawulo mu kitundu ate n'obumu wakati w'enzikiriza ez'enjawulo. Enzikiriza n'ekkanisa ez'enjawulo zisobola okukozesa awamu obugagga bw'ekkanisa ey'awamu, nga bw'olaba obugagga bw'amaka amanene bwe bubeera nti abamu ku bantu baamwo babeera mu bibuga, abamu mu byalo, abalala bali mu bya busuubuzi, abanda balimi; naye jjukira nti, bonna bwe bakunjaana, basanyukira wamu ng'abooluganda, ab'enda emu.
 - a. Newankubadde ediini zaatandikawo luvannyuma nga Bayibuli emaze okuwandiikibwa, essala ya Yesu eri mu **Yokaana 17** n'omulang gwa Yesu n'abatume mu Ndagaano Empya yonna ogw'obumu eri ekkkanisa z'ebitundu n'enzikiriza gumala bumazi okunnyikiza obumu mu bantu.
 - b. Ebirala Yesu by'ayogera (**Mat 12:25, 30; Makko 3:24-25; 9:38-40; Lukka 9:49-50; 11:17, 23**) n'ebya Pawulo (**1 Kol 1:10-15; Baf 1:12-18**) nabyo bikkaatiriza bumu mu biwayi eby'enjawulo mu kkanisa.
 - c. *Obumu mu kkanisa oba mu nzikiriza ez'enjawulo tekitegeeza kuva ku ndowooza oba nnono zaffe ze tumanyi nga za mugaso gye tuli.* Twetaaga okwawula ensonga ezo ze tumanyi

nti z'ennonno enzikiriza kwe'esibidde (gamba nga, Bayibuli kigambo kya Katonda; embala ya Katonda; ekibi ky'omuntu eky'obuzaale n'obutasobola kwerikola; obw'omuntu n'omulimo gwa Yesu Kristo; ekkubo lyokka ery'obulokozi, olw'ekisa n'okukkiriza Kristo; etteeka ly'okwagala) n'ebyo ebitali. Obumu bulina kuzimbibwa ku nsonga enkulu ez'enzikiriza. Tuteekwa okukola, okugabana, n'okuzimba enkolagana ne bannaffe. Tetuteekwa kuganya ndowooza oba nkola ezitali nkulu kutwawulamu. Bwe tunaakola bwe tuti, tujja kukizuula nti bingi ebitugatta okusinga ebitwawula. Rick Warren afundikira agamba nti, "Katonda ayagala bumu, naye si kufaanagana. Naye ku lw'obulungi bw'obumu, enjawulo zaffe ziremenga kutwawukanya. Tuteekwa okusigala ku mulamwa omukulu—tweyigirize okwagalana nga Kristo bwe yatwagala, n'okutuukiriza ekigendrerwa kya Katonda . . .ky'alina eri buli omu ku ffe n'eri ekkansa ye." (Warren 2002: 161-62)

E. Obumu n'okukwatagana mu kkanisa birabikira mu ngeri nnyingiko

1. Okungaana awamu ku lw'okusinza (**Beb 10:23-25**).
2. Okwenyigira mu masakramentu awamu (soma **Mat 28:19; Bik 2:38; 1 Kol 10:17**). Newankubadde batisimu, terifanagana na kusembera, kuba lifunibwa omulundi gumu, enkola etuyambako okukuuma obumu kwe kuzzanga batisimu yaffe obuggya bulijjo. Engeru emu gye tukikolamu, bwe wabaawo abatizibwa, bannakkanisa abalala nabo baddamu okunyweza endagaano za batisimu zaabwe ne basuubiza n'okusabiranga eyakabatizibwa.
3. Okuliirako awamu n'okungana (Bik 2:42, 46-47). Okukunjaana kw'Abakulisitaayo mu kkanisa kuteekeddwa mu kigambo eky'Oluyoanaani *koinonia* ekitegeeza "okubeera awamu nga; obumu; enkola ey'okwagalizaganya eraga enkolagana ey'awamu." Okutabagana ng'okwo kuteekeddwa okubaamu obumu, okwagala, n'okusanyuka okurabikira ku buli muntu mu bantu ab'amaka agamu. Okukunjaana okw'awamu ng'ekkanisa n'ebibiina ebitonotono munda mu kkanisa bikulu nnyo mu kutumbula obumu.
4. Okuyambagana n'okugabana ebikozesebwa (Bik 2:44-45). Abantu mu maka bayambagana. Okuyamba abali mu bwetaavu kiraga nti ddala tuli baluganda (soma **Bag 6:10; Yak 2:14-26**).
5. Okukolera awamu we tusobodde. Enzikiriza zonna n'ekkanisa zirina ebizibu bye bimu, naddala ezo eziri mu kifo oba mu kitundu kye kimu. Abantu mu kitundu ekimu oba mu kifo ekimu—babe nga Bakulisitaayo oba nedda—nabo ebizibu balina bye bimu. Kkanisa y'eraga okubeerawo kwa Katonda mu kitundu ne mu nsi. Kkanisa n'enzikiriza ez'enjawulo, zirina kinene kye zisobola okukola mu bitundu ne bifo byazo bwe zisalawo okutandika okukolera awamu okusobola okugonjoola ebizibu byazo n'abantu baazo. Engeru ennyangu ey'okukitandikamu kwe kusooka kkanisa ez'enjawulo eziri mu nzikiriza y'emu okumanyagana, ne zizuula ebyetaago byazo n'eb'y'ekitundu ebikulu, ne zizuula amagezi ag'okukola ku byetaago ebyo, ne zikolera wamu okumalawo ebizibu ebyo. Engeru endala ennyangu ye y'ekkanisa ezigwa mu nzikiriza ez'enjawulo naye zirina bye zifaananya (ez'Abapentekote; azibuulira enjiri; abanaddini) ne zikola ekintu kye kimu. Bwe zikola kino kiziyamba okuggyawo enjawukana ne zitambulira wamu. Tekitegeeza nti kkanisa buli kimu zirina kukikolerawamu, naye waliwo ebimu bye ziyinza okukolera awamu. Bwe zikola zityo, zanguyirwa okusinga bwe zaasuubira, Katonda agenda alaga ebintu kkanisa bye ziyinza okukolera awamu, era bajja kulaba enkyukakyuka empya ey'obulamu mu Mwoyo.

F. Obumu n'okukwatagana mu kkanisa bisoboka singa kkanisa ekola ekyo ky'eteekeddwa okukola

1. Essaala ya Kristo "nti bonna babe kimu" (Yok 17:21) eri mu kiseera eky'obutakola. Kino kiraga nti okussa ekimu (obumu; okukolera awamu) kirina *ekintu ekirala* mwe kiva, naye si kintu kye tumala gatuukako". Ekintu "ekyo ekirala" bye bigendererwa n'ebiruubibirirwa by'ekkanisa biri ebikulu ebisatu: okusinza; okukula (okulera); n'okuweereza (okutuuka ku bantu).
2. Obumu n'okukwatagana kw'ekkanisa birabikira—mu ngeri—gy'eyolekamu obutume n'ebiruubibirirwa byayo biri ebikulu ebisatu.
 - a. Tetuli "bumu" bwe tubanga tetutambulidde ku mulamwa gwa kkanisa. Era mu ngeri eyo tuba twekubiddemu.
 - b. Nga Kkanisa esinza Katonda "mu mwoyo ne mu mazima" tesobola kuyamba kirala wabula okuba obumu ng'ekitole.
 - c. Nga Kkanisa eyisa abantu baayo ng'abooluganda ab'awamu abaagalana mu maka, abakkiriza bafuuka omu mu kulerwa, mu kukulaakulana, n'okutegekebwa.
 - d. *Nga Kkanisa eweereza n'etuuka ne ku bantu, abakkiriza baayo batandika okukozesa ebitone n'obusobozi bwabwe ebyabawebwa.* Baba bazimba "ebinywa eby'omwoyo" ng'okukola dduyiro bwe kuzimba ebinywa mu mubiri (soma **1 Tim 4:7-8**).

e. *Kkanisa bw'eweereza n'etuuka ne ku bantu, abantu b'etuuseeko bafuuka bakkiriza ne bayingira mu kkanisa.* Awo yo eba ekula.

f. *Abakkiriza abaggya be bafuukamu abasinza.* Abakkiriza abo abaggya bwe bafuuka abayigirizwa, ne bakuzibwa, ne batendekebwa, bafuuka muntu omu. Batandike okukozesa ebirabo n'obusobozi bwabwes okutuuka ate ku bannabwe. Enzulukanya eyo olwo ejja kweddingana. Awo omulimo guba gutambula.

XI. Kkanisa: Okufundikira

Mu kifaananyi kyayo eky'okungulu be mu kitundu, kkanisa kitongole. Kyokka ate era kkanisa kitonde: mubiri mulamba, maka, muti, muzabbibu, kizimbe ekyakolebwa "n'amayinja amalamu." Awo nno, bannakanisa bonna bali bumu; bateekwa bonna okukozesa ebirabo byabwe n'okukolera awamu. Nga Kristo bw'atayawuddwamu (**1 Kol 1:13**), ne mu kkanisa temulina kuba mu njawukana, "era ekitundu ekimu bwe kirumwa, ebitundu byonna ebirala birumwawamu naky; ekitundu ekimu bwe kisanyuka, n'ebisigadde byonna bisanyuka wamu naky" (**1 Kol 12:26**)

Mu ngeri y'emu, ebigendererwa by'ekkanisa n'ebiruubirirwa byayo byonna bye bimu, bikwatagana era by'amakulu. Tekuli kiruubirirwa na kigendererwa n'ekimu kyetengeredde. Okukola ebisatu ebisooka ku biruubirirwa n'ebigendererwa obulungi bivaamu obumu n'okukwatagana kino kye kyongeramu amaanyi mu kuzinza, enkulaakulana (obuyigirizwa), n'okukomaku bantu (obutume). N'ensonga eri nti, kkanisa ekola ekyo ky'eteekeddwa okukola. Eyo y'endowooza y'okusinza; eyo y'mbala y'okwagala. Kkanisa bw'ekola ekyo ky'eteekeddwa okukola tuba n'obukakafu nti, "Katonda alina ky'akola mu mmwe, ku lw'okwagala n'okusanyuka kwe" (**Baf 2:13**), okutuusa ku nkomerero nti "n'emiryango egy'emagombe tegirigiyanza [ekkanisa]" (**Mat 16:18**), era Kristo ayimusibwenga, leero ne bulijjo.

ENSENGEKA Y'EBITABO

Adeleye, Femi. *Preachers of a Different Gospel*. Kampala, Uganda: International Fellowship of Evangelical Students.

Alexander, T. Desmond. 2008. *From Eden to the New Jerusalem*. Nottingham: Inter-Varsity.

Ambassador Church. 2010a. *Transformational Discipleship-Part 1*. Online: <http://ambassadorchurch.com/wp-content/uploads/2010/01/Discipleship-Workbook.pdf>.

_____. 2010b. *Transformational Discipleship-Part 2*. Online: <http://ambassadorchurch.com/wp-content/uploads/2010/02/Discipleship-Workbook-2.pdf>.

_____. 2010c. *Transformational Discipleship-Part 3*. Online: <http://ambassadorchurch.com/wp-content/uploads/2010/10/Discipleship-Workbook-part-3-Jn.-15-211.pdf>.

Archer, Gleason. 1982. *Encyclopedia of Bible Difficulties*. Grand Rapids: Zondervan. Online: <http://sent2all.com/Archer-Introduction%20to%20Bible%20Difficulties.pdf>.

The Augsburg Confession. 1530. Online: <http://bookofconcord.org/augsburgconfession.php>.

"Baptism." Not dated. Online: <http://www.growingchristianresources.com/search/label/Baptism>.

Bearing Precious Seed Canada. Not dated. *Bible Basics for the new Believer*. Online: <http://www.bpscanada.org/docs/ADULTDiscipleshipPageStyle.pdf>.

The Belgic Confession. 1561. Online: <http://www.creeds.net/belgic/>.

Billy Graham Evangelistic Association. 1998. *Thirty Discipleship Exercises*. Online: noordwyk.sagemeente.com/Publisher/File.aspx?id=70779.

Blackaby, Henry, and Claude King. 1994. *Experiencing God*. Nashville, TN: Broadman & Holman. 2008 edition preview online: <https://www.google.com/search?tbo=p&tbm=bks&q=isbn:0805447539>.

Bonhoeffer, Dietrich. 1954. *Life Together*. Translated by John Doberstein. New York: Harper & Row. Online: bearsfc.tistory.com/attachment/cfile26.uf@213C214854ADB05A0CCBE3.pdf.

_____. 1963. *The Cost of Discipleship*. New York: Macmillan. Preview of another edition online: <https://books.google.com/books?isbn=0684815001>.

- _____. 1971. *Letters and Papers from Prison*, enlarged ed. Edited by Eberhard Bethge. New York: Touchstone. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1451650531>.
- Breen, Mike. 2011. *Building a Discipling Culture*, 2d ed. Pauleys Island, SC: 3 Dimension Ministries.
- The Bridge. 2013. *Discipleship Training Manual*. Online: <http://www.thebridgeonline.net/wp-content/uploads/2015/03/Discipleship-Training-Manual-All.pdf>.
- Calvin, John. 1960. *Institutes of the Christian Religion*. Two Volumes. Edited by John McNeill. Translated by Ford Battles. Philadelphia: Westminster. Another edition online: <http://www.ccel.org/ccel/calvin/institutes.i.html>.
- Carson, D. A. 1991. *The Gospel According to John* (PNTC). Leicester, England: Apollos. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0802836836>.
- Carter, Matt, Halim Suh, and Tyler David. 2014. *The Gospel & How the Gospel Relates to Sex, Money, & Work*. Online: <http://my.vergenetwork.org/wp-content/uploads/2014/03/TheGospelAndEbook.pdf>.
- Cheney, Tom, J. David Putnam, and Van Sanders, eds. 2003. *Seven Steps for Planting Churches*. Alpharetta, GA: North American Mission Board. Online: https://swbts.edu/sites/default/files/images/content/docs/Seven_Steps_for_Planting_Churches.pdf.
- Church Planting Movements: Best Practices from Across the Globe. 2015. Online: <http://www.churchplantingmovements.com/>.
- Churches Alive. 1996. *Build a 21st Century Disciplemaking Church*. San Jose, CA: Churches Alive.
- 1 Clement. 1989. In *The Apostolic Fathers*, 2nd ed., edited and revised by Michael Holmes, translated by J. B. Lightfoot and J. R. Harmer, 28-64. Grand Rapids: Baker. Online (another edition): <http://www.ccel.org/ccel/lightfoot/fathers.ii.i.html>.
- Clowney, Edmund. 1995. *The Church*. Downers Grove, IL: InterVarsity.
- Cole, Neil. 2011. "Can Groups be Missional & Make Disciples?" Online: <http://www.vergenetwork.org/2011/05/24/neil-cole-can-groups-be-missional-make-disciples/>; <http://cole-slaw.blogspot.com/2011/05/hanging-great-weight-on-thin-wires-can.html>.
- Coleman, Robert. 1964. *The Master Plan of Evangelism*. Old Tappan, NJ: Revell. Online: <http://campusministryunited.com/wp-content/uploads/2013/11/MasterPlanOfEvangelism.pdf>.
- Colson, Charles. 1992. *The Body*. Dallas: Word. Preview online: <https://www.google.com/search?tbo=p&tbm=bks&q=isbn:1418514586> (later edition).
- Core Discipleship. 2003. *Core Discipleship Group Workbook*. Online: <http://www.corediscipleship.com/Downloads/Core/coreworkbook2.pdf>.
- _____. Not dated. "Core 3 Strand Discipleship." Online: <http://www.corediscipleship.com/core-3-strand-discipleship/>.
- Daniel, C. J. 2010. "Meeting the Saviour Through the Quran." In *Where There Was No Church*, ed. E. J. Martin, 31-47. Learning Together.
- Danker, Frederick, ed. 2000. *A Greek-English Lexicon of the New Testament and Other Early Christian Literature*. Chicago: The University of Chicago Press.
- Demarest, Bruce. 1997. *The Cross and Salvation*. Wheaton, IL: Crossway. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1433519577>.
- The Didache*. 1989. In *The Apostolic Fathers*, 2nd ed., edited and revised by Michael Holmes, translated by J. B. Lightfoot and J. R. Harmer, 145-58. Grand Rapids: Baker. Online (another edition): <http://www.ccel.org/ccel/lightfoot/fathers.ii.xii.html>.
- Disciple Nations Alliance. 2009. *Lifework Bible Study*. Online: <http://www.disciplenations.org/media/Lifework-Small-Group-Bible-Study.pdf>.

- Discipleship Course. 2016. "The Lessons of the Discipleship Course." Online: <http://www.discipleshipcourse.org/material.html>.
- Discipleship Evangelism. Not dated. "Discipleship Evangelism 48-Lesson Condensed Version." Online: http://delessons.org/tools/de_program_condensed/index.jsp.
- Discipleship Ministries. 2017. "Church Planting Strategies." Online: <https://www.umcdiscipleship.org/new-church-starts/strategies>.
- Dodson, Jonathan. 2012. *Gospel-Centered Discipleship*. Wheaton, IL: Crossway. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1433530244>.
- e3 Partners Ministry. 2011. *First Steps: Mobilize your Church into God's Harvest Fields*. Plano, TX: e3 Partners Ministry. Online: <https://www.cmaresources.org/files/FirstSteps2011-e3PartnersCSergaent.pdf>.
- Earle, Ralph. 1978. "1 Timothy." In *Expositor's Bible Commentary*, vol.11, ed. Frank Gaebelin, 341-90. Grand Rapids, MI: Zondervan.
- The Epistle of Barnabas*. 1989. In *The Apostolic Fathers*, 2nd ed., edited and revised by Michael Holmes, translated by J. B. Lightfoot and J. R. Harmer, 162-88. Grand Rapids: Baker. Online (another edition): <http://www.ccel.org/ccel/lightfoot/fathers.ii.xiii.html>.
- Equip Disciples. 2007-2008. *Worldview Discipleship: Pictures*. Online: <http://equipdisciples.org/Theological/Worldviewpicsv2-English.pdf>.
- _____. 2007-2009a. *Inyigisho za Bibiliya zifasha Abantu Gukura mu Gakiza* [course]. Online: http://equipdisciples.org/Theological/TheologicalDiscipleship_Kinyarwanda.pdf.
- _____. 2007-2009b. *Inyigisho z'Imana zo Gufasha Abantu Gukura mu Gakiza* [pictures]. Online: http://equipdisciples.org/Theological/TheologicalDiscipleshipPictures_Kinyarwanda.pdf.
- _____. 2007-2009c. *Uanafunzi Unaozingatia Theologia* [course]. Online: http://equipdisciples.org/Theological/TheologicalDiscipleship_Kiswahili.pdf.
- _____. 2007-2009d. *Uanafunzi Unaozingatia Theologia* [pictures]. Online: http://equipdisciples.org/Theological/TheologicalDiscipleshipPictures_Kiswahili.pdf.
- _____. 2007-2010. *Theological Discipleship*. Online: http://equipdisciples.org/theological/TheologicalDiscipleship_English.pdf.
- Erickson, Millard. 1998. *Christian Theology*, 2nd ed. Grand Rapids: Baker. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0801021820>. First edition online: <http://media.sabda.org/alkitab-2/PDF%20Books/00031%20Erickson%20Christian%20Theology%20Part%201.pdf> (Part 1); <http://media.sabda.org/alkitab-2/PDF%20Books/00031%20Erickson%20Christian%20Theology%20Part%202.pdf> (Part 2); <http://media.sabda.org/alkitab-2/PDF%20Books/00031%20Erickson%20Christian%20Theology%20Part%203.pdf> (Part 3).
- "Eucharist in Lutheranism." 2017. *Wikipedia*. Online: https://en.wikipedia.org/wiki/Eucharist_in_Lutheranism.
- Exponential.org. 2017. "Resources." Online: <https://exponential.org/>.
- Followers. 2010. "Real-Life Discipleship: Building Churches That Make Disciples" chart. Online: <http://followers.org.nz/wordpress/wp-content/uploads/2012/11/App-A-Putman-RLD.pdf>.
- Garrison, David. 1999. *Church Planting Movements*. Richmond, VA: International Mission Board. Online: http://www.churchplantingmovements.com/images/stories/CPM_Profiles/cpm_booklet_standard_english.pdf.
- _____. 2004. *Church Planting Movements: How God is Redeeming a Lost World*. Midlothian, VA: WIGTake Resources. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0974756202>.
- _____. 2010. "Discipleship in Church Planting Movements." Online: <http://www.churchplantingmovements.com/index.php/vert5parts/vertdiscipleship/61-discipleship-in-church-planting-movements>.

- _____. Not dated. *Summary of Church Planting Movements*. Online: <http://christfellowshipslc.com/wp-content/uploads/2014/11/CF-church-planting-movement.pdf>.
- George, Timothy. 1998. "What I'd Like to Tell the Pope About the Church." *Christianity Today* (June 15): 41-44. Online: <http://www.christianitytoday.com/ct/1998/june15/8t7041.html>.
- Global University. 2008a. *21st Century Discipleship (Book 1): Getting Started*. Springfield, MO: Global University. Online: http://www.globalreach.org/english/images/da2101en_entire.pdf.
- _____. 2008b. *21st Century Discipleship (Book 2): Facing Issues*. Springfield, MO: Global University. Online: http://www.globalreach.org/english/images/da2102en_entire.pdf.
- _____. 2008c. *21st Century Discipleship (Book 3): Making a Difference*. Springfield, MO: Global University. Online: http://www.globalreach.org/english/images/DA2103EN_Entire.pdf.
- Green, Joel, and Scot McKnight, eds. 1992. *Dictionary of Jesus and the Gospels*. Downers Grove: InterVarsity. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0830817778>.
- Grudem, Wayne. 1994. *Systematic Theology*. Grand Rapids: Zondervan. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0310286700>.
- Guthrie, Donald. 1990 (reprinted 2000). *The Pastoral Epistles*, rev. ed. (TNTC). Leicester, England: Inter-Varsity.
- Hammond, Kim, and Darren Cronshaw. 2014. *Sentness*. Downers Grove, IL: IVP Books. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0830884068>.
- Harrington, Bobby, and Josh Patrick. 2014. *Discipleship Handbook: The Six Elements of a Personal Discipleship Lifestyle*. Online: <http://discipleship.org/wp-content/uploads/2014/06/Discipleship-Handbook-Final-REVISED-AND-REDUCED-PDF.pdf>.
- Heidmann, Lynn. 2006. "Mifflin volunteers aid quick cleanup." *The Badger Herald*. Online: <https://badgerherald.com/news/2006/05/01/mifflin-volunteers-a/>.
- Henrichsen, Walter. 1988. *Disciples are Made not Born*. Wheaton, IL: Victor. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1434704718>.
- Hodge, Charles. 1993 (reprint of 1886 edition). *Commentary on the Epistle to the Romans*. Grand Rapids: Eerdmans. Another edition online: <https://archive.org/details/commentaryon1873hodg>.
- Holmes, Michael, ed. *The Apostolic Fathers*, 2nd ed. Translated by J. B. Lightfoot and J. R. Harmer. Grand Rapids: Baker. Preview of third edition online: <https://books.google.com/books?isbn=0801031087>.
- Hunt, Dave. 1995. "Baptismal regeneration?" Online: <https://www.thebereancall.org/content/baptismal-regeneration>.
- Ignatius. 1989. "To the Smyrnaeans." In *The Apostolic Fathers*, 2nd ed., edited and revised by Michael Holmes, translated by J. B. Lightfoot and J. R. Harmer, 110-15. Grand Rapids: Baker. Online (another edition): <http://www.ccel.org/ccel/lightfoot/fathers.ii.viii.html>.
- Jadeed, Iskander. 1996-2015. *Did God Appear in the Flesh?* Rikon, Switzerland: The Good Way. Online: <http://www.the-good-way.com/eng/books>.
- Johnson, Dennis. 2007. *Him We Proclaim: Preaching Christ from All the Scriptures*. Phillipsburg, NJ: P&R.
- Johnson, Jeremiah. 2016. "Does Baptism Save You? (1 Peter 3:21; Acts 2:38)." Online: <https://www.gty.org/library/blog/B160815>.
- Justin Martyr. 1885. *First Apology*. In *The Ante-Nicene Fathers*, vol. 1, edited by Alexander Roberts and James Donaldson, revised by A. Cleveland Coxe, 159-87. New York: Christian Literature Publishing Company. Reprint, Peabody, MA: Hendrickson, 1994. Online (another edition): <http://www.ccel.org/ccel/schaff/anf01.viii.ii.html>.
- Kalinowski, Caesar, and Seth McBee. 2013. *Be the Church: Discipleship and Mission Made Simple*. Online: http://my.vergenetwork.org/wp-content/uploads/2014/03/0e916875_bethechurchpdf-1.pdf.

- Kell, J. Garrett. 2006. "Prophets on Trial: Judging 'Words from God' Today with the Model Found in 1 Corinthians 14:29-33." Master's thesis, Dallas Theological Seminary. Online: <http://grahambible.org/wp-content/uploads/2010/09/Garretts-Thesis-Final-Prophets-on-Trial-Judging-Words-From-God-Today-1-Cor-14.29-33.pdf>.
- Keller, Timothy. 2000. "The Centrality of the Gospel." Online: http://download.redeemer.com/pdf/learn/resources/Centrality_of_the_Gospel-Keller.pdf.
- _____. 2002. "Why Plant Churches?" Online: http://download.redeemer.com/pdf/learn/resources/Why_Plant_Churches-Keller.pdf.
- _____. 2008. *The Reason for God: Belief in an Age of Skepticism*. New York: Dutton. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0525950494>.
- _____. Not dated. "The Gospel—Key to Change." Online: https://www.cru.org/content/dam/cru/legacy/2013/01/Gospel_KeytoChange_TimKeller.pdf.
- Köstenberger, Andreas. 2006. "Baptism in the Gospels." In *Believer's Baptism: Sign of the New Covenant in Christ*, ed. Thomas Schreiner and Shawn Wright, 11-34. Nashville: B & H. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0805432493>.
- _____. 2006-2015. "Believer's Baptism and the New Covenant." Online: <http://www.biblicalfoundations.org/believers-baptism-and-the-new-covenant/>.
- Ladd, George Eldon. 1972. *A Commentary on the Revelation of John*. Grand Rapids: Eerdmans. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0802816843>.
- Lakein, Alan. 1989. *How to Get Control of Your Time and Your Life*. New York: Signet. Online: <http://credu.bookzip.co.kr/resource/englishbook/pdf/ae30183.pdf>.
- "The Lausanne Covenant." 1974. The Lausanne Congress on World Evangelization. Online: <https://www.lausanne.org/content/covenant/lausanne-covenant>.
- Leithart, Peter. 2012. "Sacraments are Rituals." *Credenda/Agenda* 16:1: no pages. Online: <http://www.credenda.org/archive/issues/16-1liturgia.php>.
- Lewis, Dhati. 2015. "The Church Is Not Like A Family." Online: http://www.vergenetwork.org/2017/03/14/the-church-is-not-like-family/?inf_contact_key=563a07f48051945f93bdc050b4bBeef.102519cd85d688856b793a9898205d2ff9.
- Liefeld, Walter. 1999. *1 and 2 Timothy/Titus* (NIVAC). Grand Rapids: Zondervan. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0310871190>.
- Lord's Supper in Reformed theology." 2017. *Wikipedia*. Online: https://en.wikipedia.org/wiki/Lord%27s_Supper_in_Reformed_theology.
- MacDonald, William. 1975. *True Discipleship*. Kansas City, KS: Walterick. Online: <http://www.plymouthbrethren.org/article/4000>.
- Mangalwadi, Vishal, and Ruth Mangalwadi. 1999. *The Legacy of William Carey: A Model for the Transformation of a Culture*. Wheaton, IL: Crossway. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1433517019>.
- McNeal, Reggie. 2009. *Missional Renaissance*. San Francisco: Jossey-Bass. Preview online: <https://www.google.com/search?tbo=p&tbn=bks&q=isbn:0470243449>.
- "Memorialism." 2016. *Wikipedia*. Online: <https://en.wikipedia.org/wiki/Memorialism>.
- Menn, Jonathan. 2009-2016. *Biblical Theology*. Online: <http://www.ecler.net/courses.html#theology>.
- Miller, Darrow. 2001. *Discipling Nations*, 2nd ed. Seattle: YWAM Publishing. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1576582485>.
- _____. 2002. *LifeWork: Developing a Biblical Theology of Vocation*. Phoenix: Disciple Nations Alliance. Online: <http://www.disciplenations.org/media/LifeWork-Biblical-Theology-of-Vocation.pdf>.

- Minatrea, Milfred. 2004. *Shaped By God's Heart*. San Francisco: Jossey-Bass. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1118429419>.
- Mosaic. 2016. "Discipleship Guide & Toolkit." Online: <http://thisismosaic.org/wp-content/uploads/2016/08/Discipleship-Guide.pdf>.
- Moyise, Steve. 2010. *Jesus and Scripture*. Grand Rapids: Baker Academic. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1441237496>.
- Navigators. 2004. "The Word Hand." Online: <https://www.navigators.org/Tools/Discipleship%20Resources/Tools/The%20Word%20Hand>.
- _____. 2006. "The Wheel." Online: <http://www.navigators.org/Tools/Discipleship%20Resources/Tools/The%20Wheel>.
- _____. 2011a. *Discipling by God's Design*. Online: http://www.disciplingfordevelopment.org/www_disciplingfordevelopment_org/media/Documents/Discipling-by-Gods-Design-Whole-Life-Discipling.pdf?ext=.pdf.
- _____. 2011b. *Responding Biblically to Poverty, Corruption, and Injustice*. Online: <http://www.respondingtopci.com/Resources/Documents/PCIBibleStudy4OnLine-6-10-11>.
- _____. 2016a. "Design for Discipleship." Online: <http://www.navigatorchurchministries.org/Resources/Bible-Studies/PageItems/Design-for-Discipleship-Series>.
- _____. 2016b. "Resources." Online: <http://www.respondingtopci.com/Resources>.
- _____. 2016c. "Tools." Online: <http://www.navigators.org/tools>.
- Ngundu, Onesimus. 2006. "Revelation." In *Africa Bible Commentary*, ed. Tokunboh Adeyemo, 1543-79. Nairobi: WordAlive. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=031087128X>.
- Ogden, Greg. 1998. *Discipleship Essentials*. Downers Grove, IL: InterVarsity. Preview online: <https://www.google.com/search?tbo=p&tbn=bks&q=isbn:0830811699>.
- _____. 2007. "Making Disciples Jesus Way: A Few at a Time." Online: <http://gregogden.com/PDFs/TransformingDiscipleshipSummary.pdf>.
- Ouedraogo, Adama. 2006. "Prophets and Apostles." In *Africa Bible Commentary*, ed. Tokunboh Adeyemo, 1434. Nairobi, Kenya: WordAlive.
- "Paedobaptism—Covenant Infant Baptism." 2013. Online: <https://www.monergism.com/topics/baptism/paedobaptism-covenant-infant-baptism>.
- Pipa, Joseph. 2003. "The Mode of Baptism." In *The Case for Covenantal Infant Baptism*, ed. Greg Strawbridge, 112-26. Phillipsburg, NJ: P & R.
- Piper, John. 2003. *Desiring God*. Colorado Springs: Multnomah. Preview of another edition online: <https://books.google.com/books?isbn=1601423918>.
- _____. 2009. *Finally Alive*. Geanies House, Fearn, Ross-shire, Scotland: Christian Focus. Online: <http://www.desiringgod.org/books/finally-alive>.
- _____. 2010. *Let the Nations be Glad!* 3rd ed. Grand Rapids: Baker Academic. Online: <http://www.desiringgod.org/books/let-the-nations-be-glad>.
- _____. 2013. *Brothers, We Are Not Professionals*. Nashville: B & H. Online: <https://document.desiringgod.org/brothers-we-are-not-professionals-en.pdf?1439242057>.
- Putnam, Jim. 2010. *Real-Life Discipleship*. Colorado Springs: NavPress. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1617472689>.
- Rapidly Advancing Disciples. 2011. *A Practical Implementation of Current Best Practices*. Online: [http://www.churchplantingmovements.com/images/stories/resources/Rapidily_Advancing_Disciples_\(RAD\)_](http://www.churchplantingmovements.com/images/stories/resources/Rapidily_Advancing_Disciples_(RAD)_)

Dec_2011.pdf.

- _____. 2014. *Learn. Teach. Do. (A Practical Old and New Testament Survey)*. Online: http://www.churchplantingmovements.com/images/stories/resources/Learn_Teach_Do_English_Booklet_A4_Final_April_2014.pdf.
- _____. 2016. *Basic Theology Booklet*. Online: http://www.churchplantingmovements.com/images/stories/resources/RAD_A4_Theology_Exercise_Booklet_May_2016.pdf.
- _____. 2016. *Healthy Church Planting Booklet*. Online: http://www.churchplantingmovements.com/images/stories/resources/Rapidly_Advancing_Disciples_8x11_Booklet_Sept_2016.pdf.
- Rees, Paul. 1964. "Introduction." In Robert Coleman, *The Master Plan of Evangelism*, 9-10. Old Tappan, NJ: Revell. Online: <http://campusministryunited.com/wp-content/uploads/2013/11/MasterPlanOfEvangelism.pdf>.
- Robinson, John A. T. 1976. *Redating the New Testament*. Philadelphia: Westminster. Online: <http://richardwaynegarganta.com/redating-testament.pdf>.
- Rock Church. Not dated. *Knowing God: New Believers' Study*. Online: <http://www.sdrock.com/files/docs/know-god/new-believer-study.pdf>.
- Ronsvalle, John, and Sylvia Ronsvalle. 2004. "Giving Research: The Potential of the Church." Online: <http://www.emptytomb.org/scg036Potential.php#Notes>.
- "The Sacraments." 2005. In *The Reformation Study Bible*, ed. R. C. Sproul, 1411. Orlando: Ligonier Ministries.
- Schillebeeckx, Edward. 1968. *God the Future of Man*. New York: Sheed and Ward. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1472558367>.
- Schreiner, Thomas, and Shawn Wright, ed. 2006. *Believer's Baptism: Sign of the New Covenant in Christ*. Nashville: B & H. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0805432493>.
- The Scots Confession. 1560. Online: <http://www.creeds.net/Scots/>.
- Serge. 2014. *The Gospel-Centered Life for Teens: Leader's Guide*. Online: http://www.wtsbooks.com/common/pdf_links/9781939946706-1-3.pdf.
- Stetzer, Ed. 2015. "Finding the Right Church Plant Model [6-part series]." *Christianity Today*. Online: <http://www.christianitytoday.com/edstetzer/2015/july/finding-right-church-plant-model-introduction-to-church-mod.html>.
- Setzer, Ed, and David Putman. 2006. *Breaking the Missional Code*. Nashville: Broadman & Holman. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=0805443592>.
- Shank, Nathan, and Kari Shank. 2014. *Four Fields of Kingdom Growth: Starting and Releasing Healthy Churches*. Online: http://www.churchplantingmovements.com/images/stories/pdf/4_Fields_Final_Oct_2014.pdf.
- The Shepherd of Hermas*. 1989. In *The Apostolic Fathers*, 2nd ed., edited and revised by Michael Holmes, translated by J. B. Lightfoot and J. R. Harmer, 194–290. Grand Rapids: Baker. Online (another edition): <http://www.ccel.org/ccel/lightfoot/fathers.ii.xiv.html>.
- Snyder, Howard. 1996. *Liberating the Church*. Eugene, OR: Wipf & Stock. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1579100139>.
- "Social Justice & Outreach." Not dated. *St. Paul's on the Green*. Online: <http://www.stpaulsnorwalk.org/social-justice-outreach/>.
- Sproul, R. C. 2002. *Saved from What?* Wheaton, IL: Crossway. Preview online: <https://books.google.com/books?isbn=1433515911>.
- Stark, Rodney. 1998. "Live Longer, Healthier, & Better." *Christian History* 57. Online:

<https://www.christianhistoryinstitute.org/magazine/article/live-longer-healthier-and-better/>.

Stott, John. 1986. *The Cross of Christ*. Downers Grove, IL: InterVarsity. Online:
<https://korycapps.files.wordpress.com/2012/11/j-stott-cross-of-christ.pdf>.

Strawbridge, Greg. 1998. "Covenantal Infant Baptism: An Outlined Defense." Online:
<http://www.wordmp3.com/baptism-outlined-defense>.

Strawbridge, Greg, ed. 2003. *The Case for Covenantal Infant Baptism*. Phillipsburg, NJ: P & R.

T4Tonline.org. 2017. "T4T Resources." Online: <http://t4tonline.org/>.

Theroux, Paul. 2003. *Dark Star Safari*. Boston: Houghton Mifflin. Preview online:
<https://books.google.com/books?isbn=0618446877>.

Travis, Stephen. 1982. *I Believe in the Second Coming of Jesus*. Grand Rapids, MI: Eerdmans. Preview of a later edition
online: <https://books.google.com/books?isbn=1894667336>.

Thirty-Nine Articles of Religion. 2015. Online: http://anglicansonline.org/basics/thirty-nine_articles.html.

"Transubstantiation." 2017. *Wikipedia*. Online: <https://en.wikipedia.org/wiki/Transubstantiation>.

Trinity Center for World Mission. 2014. *One to One Discipleship*. Online: <http://www.trinitycwm.org/wp-content/uploads/2013/09/one-to-one-discipleship.pdf>.

Vanderstelt, Jeff. Not dated. *Gospel Fluency: The Key to Effective Disciplemaking*. Online:
<http://my.vergenetwork.org/wp-content/uploads/2014/03/eBook-Gospel-Fluency-The-Key-to-Effective-Disciplemaking-Jeff-Vanderstelt.pdf>.

Wakeley, J. B. 1858. *Lost Chapters Recovered from the Early History of American Methodism*. New York: Carlton & Porter. Online: <https://babel.hathitrust.org/cgi/pt?id=mdp.39015064392726;view=1up;seq=1>.

Warren, Rick. 2002. *The Purpose Driven Life*. Grand Rapids: Zondervan. Preview online:
<https://books.google.com/books?isbn=0310332931>.

Welty, Greg. 1996. "A Critical Evaluation of Paedobaptism." Online:
<https://www.gracegems.org/C/baptism%20welty.htm>.

West Highland. Not dated. *Now That You Believe*. Online:
<http://www.westhighland.org/photos/custom/Student%20Ministries/Now%20that%20you%20believe%20-%20a%20basic%20discipleship%20series%20for%20the%20new%20Christian-2.pdf>.

White, James. 2005-2006. "A Brief Rebuttal of Baptismal Regeneration." Online: <http://vintage.aomin.org/bapreg.html>.

Westminster Confession of Faith. 1646. Online: http://www.reformed.org/documents/wcf_with_proofs/.

"William Carey." 2007. *Christian History & Biography*. Online: <http://www.wmcarey.edu/carey/electronic-books/ct/ct-wc.pdf>.

World Harvest Mission. 2009. *The Gospel-Centered Life: Participant's Guide*. Online:
http://www.cityviewchurch.cc/wp-content/uploads/2016/08/mcintosh_gcl_participantguide-2-1.pdf.

Zodhiates, Spiros. 1993. *The Complete Word Study Dictionary: New Testament*, rev. ed. Chatannooga, TN: AMG.

OMUWANDIISI



Jonathan Menn abeera mu Appleton, WI, Amerika. Yafuna diguli ya B.A. mu by'obufuzi okuva mu Yunivasite y'e Wisconsin-Madison, n'ebitiibwa, mu 1974, era n'ayingizibwa mu kibiina ky'ekitiibwa eky'a Phi Beta Kappa. Oluvannyuma yafuna diguli ya J.D. okuva mu Cornell Law School, magna cum laude, mu 1977, era n'ayingizibwa mu kibiina kya Order of the Coif legal honor society. Emyaka 28 egyaddirira yagimala ng'akola mu by'amateeka, nga munnamateeka w'emisango gy'amateeka, mu Chicago n'oluvannyuma ng'omukwanaganya mu Menn Law Firm e Appleton, WI. Yafuuka omukkiriza era omugoberenzi wa Yesu Kristo mu 1982. Okwagala okweyongera mu by'okutegera katonda n'obuweereza kwamuvirako okusoma Master of Divinity mu Trinity Evangelical Divinity School e Deerfield, IL. Yafuna diguli ye eya M.Div. okuva mu TEDS, summa cum laude, mu May 2007. Wakati wa 2007-2013 yali Dayirekita wa Equipping Pastors International mu buva njuba bwa Africa. Kati Jonathan ye Dayirekita wa Equipping church leaders-East Africa (www.eclea.net). Ebiwandiiiko bye ebingi eby'okusomesa ku nsonga za Bayibuli bisangibwa ku mukutu gwa www.eclea.net. Jonathan oyinza okumutuukirira ku: jonathanmenn@yahoo.com.

OKUFUNDIKIRA 1—EBYAFAAAYO BY'ENZIKIRIZA: EBIFA KU KKANISA

Bakitaffe mu Butume [*Barnabas, Hermas, Clement of Rome, Polycarp, Papias, Ignatius*] (Ekyasa eky'asooka) — okusaasaana kw'ebiwandiiko—obutaba na we babiggya, obuziba, okutegeerekeka n'okuba n'okulambulula (37-39).³¹

Obutonde bw'ekkanisa:

- Abakristaayo ababeera mu “kitundu eky'Abakulisitayo”—Obutonde bw'ensi eno obw'akaseera obuseera n'ekitiibwa ekitagwaawo eky'ensi ejja binywezebwa (41).
- Kkanisa yali etwalibwa nga “obumu bw'abatukuvu” Katonda be yeeroboza ng'omugabo gwe, era nga Yisirayeri omutuufu, naye akakwate kaayo ku Yisirayeri ow'edda kaali tekannamanyibwa (227).
- Ebirabo eby'ekika ky'omwoyo ebikyalinwa era nga bisanyukirwa mu (41).
- Okweyongera okussa ekitiibwa mu ofiisi z'ekkanisa—Omusumba oluusi alabika nga asinza abakadde ekitiibwa (41).

Amasakalamentu:

- *Batisimu*—etuwa obulamu obuggya n'okutusonyiyisa ebibi byonna oba (*Hermas and II Clement*) ebyayita byokka (40).
- *Eky'eggulo kya Mukama waffe*—engeri y'okuutusa eri omuntu omukisa gw'obulamu obutagwaawo (40).

Okukulaakulanya emigendo egy'enjawulo egy'enzikiriza (awo nga mu kyasa ekisooka okutuuka mu ky'okuna)

Emugendo gy'Abayudaaya mu kkanisa:

- *Abanzaleeti*—Baali bakkiririza mu kuzaalibwa kwa Kristo okw'embeerera n'obutayonoona, naye ate ne beesibira bokka mu mateeka nga bagagondera (naye nga tebakikaka bakkiriza bannamawanga) (44).
- *Ababayiti*—Baali tebakiriza kuzaalibwa kwa Yesu okw'embeerera; baawakanya Pawulo nti teyali Mutume, nti era Abakulisitaayo bonna balina okukomolebwa n'okugondera amateeka (44).
- *Elkesaites (Abalikasayiti)*—Baali tebakiriza nti Yesu yazaalibwa embeerera, baali bagamba nti yesu yali mwoyo oba malayika ow'oku ntikko. Baali bakola obulogo obw'amaanyi, nga bakwata Ssabiiti n'okukomolebwa mu kitiibwa, naye era balolanga obulogo okweraguza okw'emmunyenyene, okunaaba mu ngeri ey'obulogo era nga balina n'ennono enkusike ez'okukuuma amateeka butiribiri (44-45).
- *Gnosticism/Abagezegezi* (bano okusinga baali *tebalina nzikiriza/omugendo gw' abannamawanga*) — Baalina endowooza nti ebiriwo mu butonde bibi era nga by'atondebwa Katonda omutono ko (Demiurge, Katonda ow'Endagaano Enkadde); Kristo yali mubaka wa mwoyo ow'enjawulo eyawa okumanya okw'ekyama abantu abamu mwe bayinza okuyita okulokolebwa. Emikolo egy'enjawulo (okusiiga amafuta, amannya agekifuusa) byonna byakozesebwanga. Abagoberenzi beeraguzanga oba okwerowooleza. Enzikiriza eno ekyalabwako mu Bakatuliki Ab'e Rooma nga bawa amasakalamentu mu ngeri etali ya bulijjo, endowooza nti Katonda atuukibwako ate nga tuyise mu balala (abatuuukirivu, bamalayika, Maria, n'okwawulaayawula mu bantu aba waggulu n'abawansi, n'okulemera ku kweraguza (45-49).

Obmontana, Obnovata, Obudonanta (ekyasa eky'obubiri okutuusa mu ky'okuna)

- *Abamontana*—Omugendo ogw'ennongoosereza eky'aba ascetic, kyassa essira ku birabo eby'amaanyi. *Montanus* n'abagoberenze baali bagamba nti be bannabbi abasembayo, nga bakyogera lunye nti enkomerero y'ensi yali eri kumpi ddala. Nga bagobererera enjigiriza y'Abasoddokisi, nga banyiiikirira okukuuma empisa (obutawasa oba, okuwasa omuntu omu yekka); okusiiba; n'omutindo gw'empisa ogwa waggulu). Baagulumizanga nnyo abajulizi ate ne bavumirira eky'okudduka okuyigganyizibwa

³¹ Bwe kitaba kityo, okujuliza kwakolebwa ku kitabo kya Louis Berkhof, *The History of Christian Doctrines* (Carlisle, PA: Banner of Truth, 1937 [reprinted 2002]).

(54).

- *Abanovata n'Abadonanta*—Byali bibiina bya nkyukaakyuka nga bifaanana *Abamontana* (newankubadde baali tebesiba nnyo ku kya bunnabbi). Baalwanirira nnyo eky'empisa mu kkanisa, nga tebakkaanya na kigamba nti kkanisa teyalina maanyi okusonyiwa abo abaali bavudde ku kukkiriza mu biseera by'okuyigganyizibwa kwa Decius ne Diocletian, baagaana abasumba abataali balambulukufu nga baggumiza eky'empisa mu kkanisa (227-28).

Abawolereza [*Justin Martyr* (d.165), *Tatian*, *Athenagoras*, *Theophilus ow'e Antiyookiya*] (ekyasa ekyokubiri) ne **Abaali bawakanya enzikiriza enkadde**

[*Irenaeus*, *Hippolytus*, *Tertullian*] (eyo ng'ebyasa ekyokubirin'ekyokusatu biggwako)

Obutonde bw'ekkanisa:

- Kkanisa yali erina kubeeramu bantu ba Katonda, Yisirayeri omutuufu, n'omulembe gwa bakabona ba Katonda abakulu. Baafanga nnyo ku mpisa, okwagala okutukuvu, n'okusanyukira mu kubonaabona (59)
- Beesigama ku ndowooza y'Endagaano Enkadde egamba nti kkanisa kitundu ky'ebweru, naye ate era nga bakkiriza nti kkanisa kitundu kya mwoyo. Bakiikirira ekitongole ekirabika omuyita ekisa kya Katonda, ne baleka obulokozi okuba obw'abantu mu kkanisa erabika; abo abeeyawulanga ku bumu obw'ebweru nga beegaanye Kristo. Nga bakiggya mu Ndagaano Enkadde, enkola ey'okuba ne bakabona ab'enjawulo nayo yakkirizibwa (68).

Amasakalamentu:

- *Batisimu*
 - Batisimu yeyimirira mu enkolagana esinga okubeera ey'okumpi n'okuzaalibwa obuggya, era yentandikwa y obulamu obuggya (59).
 - Bannadiini abaasooka be baasomesa eky'okuzza obuggya batisimu; *Tertullian* yalabikanga alowooza nti omuntu bw'azza obuggya batisimuye, ebibibye byonna bimuggyibwako (248).
 - Abaana abato baali babatizibwa, naye Tertullian n'akiwakanya ng'agamba nti abaana bano baba babinikiddwa obuvunaanyizibwa obw'okubakozesa endagaano za batisimus nga tebannatuuka. (248)
 - Baabatizanga nga bannyika abantu mu mazzi, naye eno yokka si ye yali engeri, era yali tetwalibwa kuba ya nkomeredde (248).
- *Eky'eggulo kya Mukama waffe*—Mu kusooka yali kijjulo ekyawerekerwanga ko ekijjulo ekya bulijjo; gye byeyongera, amannya (ebiwewwayo, ssaddaaka, okwebaza) byonna byatandika okukolebwa ku ky'eggulo kya Mukama waffe; oluvannyuma essaala ey'okwebaza yafuulibwa ey'okutukuza omugaati n'evviinyo, awo eky'eggulo kyatwalibwa okuba ssaddaaka eweereddwayo kabona oba omusumba (251-52).

Bataata ab'ebuvanjuba (awo nga mu kyasa eky'okubiri n'eky'okuna (2nd-4th))

Obutonde bw'ekkanisa:

- *Origen* yagitwala ng'ekunjaaniro ly'abakkiriza, ng'ebweru waalyo obulokozi tebusuubirwa; kyokka, yayawula wakati w'ekkanisa entuufu n'ekkanisa ey'okugezesa. Eky'abakkiriza bonna okubeera ba kabona yakikkiriza, naye n'ayogera ku ba kabona abaawule abalinamu enkizo. *Clement* yayogera ku bawansi (okusinziira ku kutya n'essuubi) n'abawaggulu (okusinziira ku mukwano ogwa nnamaddala) ng'embeera z'obulamu bw'Abakulisitaayo (75).
- *Cyprian*—omuyigirizwa wa *Tertullian*, ye yagunjaawo ennono y'ekkanisa ez'ebigo:
 - *Abasumba* be basika b'abatume, era gwe musingi gw'ekkanisa. Be beewaayo okukola omulimo ogw'obwa kabona. Abasumba bonna benkana.
 - Abasumba be basalawo bannakkanisa n'abeetaaga okubudaabuda n'okuzza ku mugendo.
 - Bannakkanisa abatuufu baba bagonvu era tebava mu kkanisa, kubanga bakimanyi nti ebweru teri bulokozi.
 - Kkanisa ya bonna era erabika, esibiddwa wamu obumu obulabika era obw'ebweru (228-29).

Amasakalamentu:

- *Batisimu*
 - Batisimu yalaga entandikwa y'obulamu obuggya mu kkanisa era nga ereetawo n'okusonyiyisa ebibi. *Clement* yagamba nti Ukalisitiya yawa okwetaba mu bulamu obutaggwaawo, era oyo asemera n'ayingira mu kussa ekimu ne Kristo n'Omwoyo; *Origen* mu ngeri ey'omwoyo annyonyola nti amasakalamentu bubonero obw'emirimu gy'eggulo, naye era n'agamba nti galaga ebikolwa eby'ekisa eby'Omwoyo Omutuukirivu HS (75).
 - Omusumba w'e Rooma yakakasa nti okubatizibwa okukolebwa abajeemu kuyiza okutwalibwa ng'okutuufu; *Cyprian* kino yakigaana. Endowooza y'omusumba oyo yasinza amaanyi, n'efuukira ddala ennono obutaddamu ate kubatiza bantu abaaamala edda okubatizibwa nga bagoberera enkola eya Tuliniita\ Nnabasatwe (248).
- *Eky'eggulo kya Mukama waffe*—Endowooza egamba nti nako kabonero (*Origen*, *Eusebius*, *Basil*, *Gregory of Nazianzus*) yasikizibwa endala egamba nti omubiri n'omusaayi bya Kristo byali birabikira mu

mugaati n'evviinyo mu ngeri emu mu masakalamentu (*Cyril, Gregory of Nyssa, John Chrysostom, John of Damascus*) (252).

Augustine (354-430)

Obutonde bw'ekkanisa:

- Kkanisa kwe kussa ekimu okw'abalonde okulabika; buno bwe bwegassi bwennyini.
- Mu kiseera kye kimu, kino kiri mu Bakatuliki bokka, kkanisa erabika, kubanga eyo yokka omwoyo gy'atambulira n'okwagala okutuufu okuli mu bbo.
- *Per Cyprian*, obuyinza bw'abatume bukyagenda mu maaso mu basika baabwe, era awatali ekyo obulokozi mpaawo.
- Kkanisa n'okutuusa kaakano, bwe bwaKabaka obw'omu Ggulu. Ekibuga "kya Katonda" kyatwalibwanga nga kkanisa y'ekibuga, ate ekibuga "ky'abantu" nga y'ensi.
- Na buli yenna atalina [erabika] kkanisa nga nnyina, talina Katonda nga kitaawe (229-31).

Amasakalamentu:

- Si bubonero bubonero, naye galiko amaanyi ag'enjawulo agava mu ggulu (229).
- Bubonero obulabika obutegeeza ekisa ekitakabika. Yakyogeranga oluusu n'oluusi nti amasakalamentu okukola emirimu gyago geesigameye ku kukkiriza kw'oyo agafuna. (243).
- *Batisimu*
 - Katonda asonyiwa ebibi okuyita mu batisimu; batisimu eggyawo ekibi ekisikire n'okwesalila omusango, naye tekiggyawo kiri nti twasobya obutonde (229, 249).
 - Okukkiriza n'okwenyanya byetaago bikulu nnyo eri abantu abakulu okubatizibwa (248).
 - Okubatiza okukolebwa ku bana abato nakwo *kulina obukulu bwakwo (ex opere operato)* (gamba, kukola okusenziira ku bigendererwa mu bulung'amu bw'okuddukanya kwayo okw'ekigendererwa, awatali kulowooza ku mpisa za kabona oba okukkiriza kw'abatizibwa); okukkiriza kw'ekkanisa, nga kukiikiriddwa abajulizi, kusobola okukkirizibwa ng'okw'omwana (248).
 - Batisimu essa ku mwana empisa ezitasangulwa nga olw'eddembe lyayo eri kristo n'ekkanisa. (248).
 - Abaana abafa nga tebannabatizibwa babula (248).
- *Eky'eggulo kya Mukama waffe*
 - Eky'eggulo kya Mukama waffe kizza buggya emmeeme (229).
 - Yayawula akabonero ne kye kategeeza, n'akuuma omugaati n'evviinyo nga tebikyusiddwa, newankubadde nga yayogera ku ssakalamentu gakola nga mu ngeri emu omubiri gwa Kristo (252).
 - Yaggumiza ekitundu ky'okujjukira eky'omukolo guno, era n'anyweza nti ababi tebalya mubiri (252).

Obukatoliki obw'e Ruumi

Obwa Paapa:

- Ssaabasumba ow'e Ruumi yali yasukkulumizibwa ku basumba abalala era n'atongozebwa omufuzi Byzantine Emperor Justinian mu 533; n'aweabwa ekitiibw ekya "Omusumba wa bonna" ne kikkirizibwa Boniface III mu 607.
- *Olukiiko lw'e Trent* (1544) Ekelezia gwe "mubiri gw'abo bonna abeesigwa abaatuukiriza okutuuka ku kiseera kino ku nsi, n'omutwe gumu ogutalabika, Kristo, n'omutwe gumu ogulabika, omusika wa Peetero, atuula mu kifo kye Ruumi."
- *Olukiiko lw'e Vatican* (1870)—Papa tasobya bw'aba ayogera ayogeza *buyinza* (232-34, 240).

Obutonde bw'ekkanisa:

- Kelezia nga *obwa Kabaka bwa Katonda ku nsi*, yavaamu: (1) Emirimo n'obuvunaanyizibwa bw'ekelezia bwonna biteekwa kuba mu ngeri ya buweereza mu kelezia era – ebyo byonna ebitali wansi wa bufuzi bwa kkanisa bya nsi; okuboola eby'ensi mulimo mutongole ogw'eddiini (gamba, obugo bw'ekigo nga ekigendererwa); (2) Ekirabo eky'obulokozi kiva mu bikolebwa ebiragiro eby'ebweru eby'ekelezia; (3) Ng'obwa kabaka obw'ebweru, kelezia yalina okwennyonyola n'okwewozaako ku bwakabaka obulala bwonna mu nsi, ekyavaamuya okweyawula okunene okw'ekkanisa (232-33).
- *Essira eriggumiza endowooza y'Bar. ku ekelezia*: (1) Ekelezia erabikaera ku nkomerero y'egenda okufuuka omuntu; (2) Bannaddiini (abasomesa mu ekelezia) baawukana ku ba bulijjo (ekelezia ewuliriza) abeesigama ku ebyo eby'olubereberye era nga bafuna engeri ez'ekitiibwa ez'ekelezia mu ngeri ya kusibukira yokka; (3) Kelezia yakolebwa ng'omubiri n'emeeme-abantu bokka ababatizibwa be babalibwa okuba bannakelezia, naye abamu ku babatizibwa (abategekebwa okubatizibwa) tebatuukiriza, n'abamu bava ku mulamwa; (4) Kristo eby'ekisaakye byonna abigaba ayitira mu ekelezia, nga n'okusinga abiyisa mu bannaddiini –, olwo ebirabika ne biraga ebitalabika; (5) Ekelezia lye ttendekero lyokka ery'obulokozi, era ebeerawo okutambuzi ekigambo, okutukuza abantu okuyita mu masakalamentu, n'okukumaakuma abakkiriza okuyita mu mateeka g'eddiini (232-36).

Amasakalamentu

- *Peter Lombard* ye yasooka okutuuma amasakalamentu omusanvu ag'ekikatuliki (nga tegannaba gatyo, gaali galinga wakati wa 5-30); *Olukiiko lw'e Florence* (1439) lwe lw'agatongoza:

- (1) batisimu; (2) konfirmansiyo; (3) Ukalisitiya; (4) penetensiya; (5) olodiini; (6) matirimunyo; (7) okusiigibwa kw'abalwadde (243).
- Endowooza eyaliwo mu mirembe egy'omu masekkati (*Bonaventura* and *Duns Scotus*) yali nti amasakalamentu tegaliimu, naye bwali bubonero obukiikirira ekisa, newankubadde nga Katonda yasubiza okugirira ekisa abaweebwa amasakalamentu n'okukolza obuterevu ekisa kye mu meeme z'abagafuna (243).
- *Aquinas* yawagira eky'okutunuulira *omulimo gwe gakola*, gamba, galina obukulu bwe gafunibwa okusinziira ku bigagendererwamu, nga tetufudde ku mbeera za kabona agagaba n'oyo gwe bagawa (243-44).
- Olukiiko *lw'e Trent* lwasalawo nti: (1) amasakalamentu geetaagisa ku lw'obulokozi; (2) Galina omulimo *omukulu gwe gakola*; (3) Kabona agawa alina okuba omwenkanya, ng'agendera okukola kelezia ky'ekola (naye si kugwa mu nsobi gy'alaba naye); (4) Batisimu, kofilimansiyo ne olodiini gatuulira ddala ku meeme n'olweekyo tegaddibwamu; (5) Bakabona boka be bakkirizibwa okugawa (243-44).
- *Batisimu*
 - Mu kusooka abayizi baaimba ku ndowooza ya Augustine egamba nti okubatiza abakulu kwo kwetaaga okukkiriza, naye mpolampola baagenda batandika okutunuulira amasakalamentu okusinziira ku *mulimo gwe gakola* (249).
 - Kkanisa z'Abakatuliki zikozesa batisimu ng'essakalamentu ey'okuzza obuggya n'okuyingiza abantu mu kelezia.
 - Emirimo ekisa gye *kikola* mulimu: (1) Empisa *ezitayinza kukyuka* ezisimba omuntu mu buyinza bw'ekkanisa; (2) Okusumululwa okuva mu kusalirwa omusango ekibi ekisikire, okuva mu kusaabana kw'ekibi (newankubadde obukaba bwo busigalawo), okuva mu kibonerezo eky'olubeerera n'ebibonerezo byonna ebitali bya lubeerera (okuggyako ebiva mu kibi); (3) okuddizibwa obuggya okw'omwoyo okuva mu kutukuzibwa okw'ekisa n'amaanyi amasukkulumu ag'okukkiriza, essubi n'okwagala; (4) Okuyingizibwa mu kibiina ky'abatukuvu ne mu ekelezia y'abakkiriza erabika (249).
 - Olw'obukulu bwalyo, ssakalamentu lya batisimu lyetaaga kuweebwa mangu ddala ng abwe kisoboka, nga kikolebwa omuntu yenna ne bwaba si Mukulisitaayo bwe kiba nga kyetaagisizza (249).
- *Eky'eggulo kya Mukama waffe*
 - *Paschasius Radbert* (818) yaleetawo endowooza ey'omubiri n'omusaayi gwa Kristo, nti bikyuka okuva mu mugaati n'evviinyo kasita bitukuzibwa, ng'ekirabika kikiyikiridde ebitalabika.
 - Ekintu kino kyasooka okugaanibwa, naye oluvannyuma ne kikkirizibwa *olukiiko olwatuula e Lateran olw'okuna* mu 1215 (252-53).

Okukyusibwa

Bannankyukaakyuka ez'ekiramuzi

- Bonna boogera ku masakalamentu bagamba nti ekisa ekyateekebwa mu masakalamentu kye sonyiyisa ebibi; amasakalamentu bubonero era n'vumbi ebiteekebwa ku kigambo nga tebirina kisa kya ngeri yonna kye byogerako ekitali mu kigambo nga tebirina nnyo bukulu busingako awo; okukola n'ebibala by'essakalamentu kusinziira ku kukkiriza kw'oyo aliweereddwa olwo ne liryoka lireeeta ekisa ekirokola. Abantu bonna eky'Abakatuliki kye baali bagamba nti okusembera eba ssadaaka, baakigaana (245-47).
- *Luther* oluvannyuma yagamba nti obulungi bwaago bwesigamye ku kitongole kyago eky'obwakatonda, naye si kukkiriza kw'oyo agafuna; amaanyi ag'obwa Katonda wegali mu ssakalamentu ng'*Ekgambo ekirabika*, era ekyo nga bwe kiri kye kidduka ky'ekisa eky'obwakatonda.
- *Calvin* yagamba nti amasakalamentu bwali bubonero n'envumbo ez'ebisuubizo bya Katonda, n'ekyokubiri ng'ebikolwa eby'okwatula.
- *Zwingli* ye amasakalamentu yagalaba ng'obubonero mu kusooka obw'okukkiriza ate n'ekindi ng'engeri y'okunywezaamu okukkiriza; byali bijjukizo bujukizo eby'ekyakolebwa.

Abalusarani

- *Obutonde bw'ekkanisa:*
 - Yagaana ekya kkanisa etasobya, amasakalamentu agalimu engeri y'obufuusa, n'ekyokuba ne bakabona ab'enjawulo, n'azzaawo ekya "abakkiriza okubeera ba kabona."
 - Yaggumiza nti ebintu ebirabika n'ebitalabika eby'ekkanisa-ekkanisa *etarabika* yaweereza okwegaana nti omusingi gw'ekkanisa gwali kibiina eky'ebweru nga kiriko omutwe ogulabika; kkanisa *erabika* temanyiddwa, lwa mateeka g'abalabirizi, naye olw'okuddukanya Ekgambo n'amasakalamentu mu ngeri ennongoofu. Kkanisa ey'ebweru bulijjo tebulamu bannanfuusi (236-37).
- *Amasakalamentu:*
 - *Batisimu*—*Luther* yasooka kukakasa nti likolera ku kukkiriza, naye oluvannyuma n'agenda n'ekirowozebwa nti *lirina omulimo* gwe likola okuteeka okukkiriza mu baana abato. Abakkiriza mu *Luther* ebisinga eby'Obukatuliki Obuluumi baabisigalako.
 - *Okusembera*—*Luther* yesiba ku ndowooza y'okutukuzibwa kw'*omugaati n'evviinyo*—bino bibiri si ssadaaka, naye gwe mubiri n'omusaayi gwennyini mu buliwo "mu kifaananyi ekyo" omugaati n'evviinyo (245-46, 249-50, 254).

Batisimu ensukulumu

- *Obutonde bw'ekkanisa:*
 - Baali tebakkiriza kkanisa ey'Endagaano Enkadde okuba n'akakwate n'ekkanisa ey'Endagaano Empya.
 - Beesibanga ku kya kkanisa okuba ey'abakkiriza bokka (nga tosobola kugattamu baana bato abataneeyatulira).
 - Yaggumiza eky'ekkanisa etalabika; ne bakkaatiriza nnyo eky'okwawula kkanisa ku by'obufuzi (237).
- *Amasakalamentu:*
 - Baagendera ku ndowooza ya *Zwingli* nti amasakalamentu bubonero kye kyokka, naye si nvumbo; bubonero obulabika obulaga omukisa oguweebwa abakkiriza, naye nga tegategeeza kisa wabula ekikolwa eky'okwatula.
 - *Batisimu*—Tebakkirizanga mu kubatiza baana bato. Okubatiza okutuufu kulina kuva mu kukkiriza okw'okwesalirawo (250).
 - *Eky'eggulo kya Mukama waffe*—mukolo gwa kijjukizo; baagenda n'endowooza ya *Zwingli* egamba nti gukyikirira okubeerawo kwa Kristo (254-56).

Abarongooseddwa

- *Obutonde bw'ekkanisa:*
 - Baali bafaananako n'abagoberezi ba Luther, naye nga bo bino ebiteebwa eby'okungulu mu kkanisa tebabyesibako nnyo nti nsibuko ya bumu nga bannaabwe abalusarani.
 - Abamu baalwoozanga nti obusobozi bw'okulokoka bwasingangawo mu kkanisa eno erabika; omwoyo omutukuvu tali awo nti asibiddwa okozesa "ekisa eky'a bulijjo" okulokola.
 - Obubonero bw'ekkanisa entuufu kwe kuba n'obusobozi okubuulira ekigambo, okuwa amasakalamentu, n'okukwasisa empisa n'obwesimbu mu kkanisa (237-38).
- *Amasakalamentu:*
 - *Batisimu*
 - *Batisimu* baaliteerawo bakkiriza; n'olwekyo, terikola ku lwalyo, naye linye weza okukkiriza.
 - Okubatiza abaana kuteekwa okukolebwa ku ndagaano; baafuuka baana ab'endagaano era buli mukisa gwonna bagugabanako butereevu.
 - Abamu baagambanga nti, okubatizibwa abaana b'abazadde abakkiriza kubazza buggya okutuusa lwe beeyatulira; n'abandi nga bagamba nti, batisimu nkola ya kisa nga kino omuntu ayinza okukitambulira ebbanga okuva lw'abatizibwa, envumbo ey'okukkiriza okunajja; n'abamu ng bagamba nti, tekusukkannyo ku kuba akabonero ak'endagaano ey'okungulu (250-51).
 - *Eky'eggulo kya Mukama waffe:*
 - Kristo waali mu mwoyo mu kifaananyi eky'omugaati n'eky'evviinyo (obw'omuntu bwa Kristo obugulumiziddwa ge maanyi ag'omwoyo agakola; okulokola kuno abakkiriza abasembera omwoyo kw'abayamba okwefumiitirizaako mu kifaananyi eky'omugaati n'eky'evviinyo; omubiri gwa Kristo weguli mu kifaananyi kino era mulamu).
 - Okulya omubiri gwa Kristo kyo kya mwoyo, kikulwa kya kukkiriza, abatakkiriza tebalina kitundu mu kyo (255).

Abarminian

- *Obutonde bw'ekkanisa*
 - Baagiranga ne bawakanya eky'ekkanisa okuba obumu bw'abatuukirivu obutalabika, nga bagamba nti kibiina ekirabika.
 - Abamu baawaayo eddembe ly'okukangavvula eri gavumenti ne basigaza ekkanisa eddembe lyokka ery'okubuulira Enjiri n'okubuulirira bammemba baayo (238-39).
- *Amasakalamentu:*
 - *Batisimu*—Baagaana eky'okugamba nti batisimu nvumbo esiba ekisa kya Katonda; kikulwa bukolwa kya buntu (251).
 - *Eky'eggulo kya Mukama waffe* baagendera ku ndowooza ya *Zwingli* nti eky'eggulo kya Mukama waffe kijjukizo bujukizo, kikulwa kya buntu, nkola ya kwerongoosa mu nneeyisa (256).

Oluvannyuma-lw'okukyusibwa—Tewabaddewo nnyo byogerwa ku kkanisa n'amasakalamentu gaayo.

OKUFUNDIKIRA 2—EBIKOZESEBWA N'AMASOMO GY'OBUYIGIRIZWA

1. **Ebisomesebwa abayigirizwa.** Waliwo ebitabo by'abayigirizwa bingi ko, amasomo, n'ebintu ebirala bingi ebiri ku mutimbagano, ng'ebimu bya kugula ate n'ebindi nga bya bwereere.

- **The Navigators** kitongole kya kkanisa ng'amakanda kigasimbye ku kubuulira njiri n'obuyigirizwa. Kirina ebintu bingi eby'obwereere nga biri ku mutimbagano (Navigators 2016c: "Tools"). Mu bino mulimu "Eterebero Ly'ebitabo By'abayigirizwa" omuli obutambi n'ebiwandiiko ebikwata ku buyigirizwa (<http://www.discipleshiplibrary.com/>) n'nyinnyonnyola lye essomo ly'abayigirizwa lye basomesa (kino kitundibwa), ekitundu kya bulato musanvu obudiringana obw'omusomo nga kiyitibwa "Design for Discipleship" (Navigators 2016a: "Design"). (Endagiriro ekutuusa ku bitabo bino ebya ba Navigators eri mu kitundu kiri we ndagidde ebitabo bye nkozesezza.)
- **Verge Network** basimbye essira ku buyigirizwa n'obutume bw'enjiri. Kirina ebintu ebiwerako, entambi z'ebifaananyi, ebitabo by'emitimbagano, amasomo, emisomo gy'oku mutimbagano, n'ebintu ebirala bingi nga byonna bya bwereere (<http://www.vergenetwork.org/>). Okwewandiisa mu okufuuka munnaabwe kwa bwereere era nga kwe kusobozesa omuntu okufuna ebintu ebyo byonna bye tulabye waggulu.
- **Discipleship.org** kibiina kya abasajja n'abakazi abakolagana nga abeewaddeyo okubeera abayigirizwa ba Yesu ate n'okufuula bannaabwe abayigirizwa. Kirina ebitabo ku mutimbagano nga bya bwereere ebikwata ku kubuulira njiri n'obuyigirizwa n'ebintu ebirala bingi ku "kibanja kyabwe kino" (<http://discipleship.org/>).
- **Exponential.org**, basa essira ku ky'okutandikawo kkanisa naye n'eky'okufuula abantu abayigirizwa, balina ebitabo ku mutimbagano nga bya bwereere ebikwata ku nsonga y'okutandikawo kkanisa n'obuyigirizwa ku kibanja kyabwe kino" (<https://exponential.org/>).
- **The Discipleship Ministry** egaba ebitabo n'ebiny; okuyiga eby'obwereere eby'obuyigirizwa, amasomo ga Bayibuli, obutabo bw'enjiri efunziddwa, n'ebintu ebirala omuntu by'ayinza okukozesa, obuyigirizwa obwa muntu ku muntu, obuweereza bw'abavubuka, ebibiina by'abasomi ba Bayibuli ebitonotono, essomero lya Ssande, n'okubuulira (<http://www.biblestudy.cd.com/index.html>).
- **Jesus Walk Bible Study Series** balina amasomo ga Bayibuli ag'obwereere agasoba mu asattu mu ataano (35) omuli ebisomesebwa, ebiwandiko ebiweebwa abeetabye mu kutendekebwa n'ebibuuzo eby'okukubaganya ebiwoozo, byombi eby'ebitabo bya Bayibuli n'ensonga endala eza Bayibuli ezitegekeddwa okuzimba obuyigirizwa (<http://www.jesuwalk.com/>).
- **Global University** erina ebitabo n'amasomo mangi ag'obwereere ku mutimbagano, omuli na lino "21st Century Discipleship," n'ebikwata ku Bayibuli, njiri, okubuulira, okusinza, okutandikawo kkanisa empya, ebirabo eby'omwoyo, n'ebirala bingi ng'ogenda bugezi ku bibanja bino "Find God," "Christian Life," ne "Christian Service" icons (<http://www.globalreach.org/>).

2. **Amasomo g'abayigirizwa.** Gano wammanga kwe kunnyonnyola mu bufunze ebimu ku masomo ag'obwereere ag'abayigirizwa agalimu ebisomesebwa, eby'okusoma, n'ebibuuzo eby'okukubaganyaako ebiriwoozo agasobola okukozesebwa mu bibiina by'abayigirizwa ebitonotono. Osaanye okimanye nti, amasomo agasinga ku masomo gano gayinza okusomesa ebintu ebimu, naye si byonna, kkanisa by'eteekwa okusomesa abantu baayo nga bwe twalabirabye mu kusooka mu kitundu **IV.D. Ekinyusi ky'obuyigirizwa.** Kiba kitegeeza nti, omuyizi aba yeetaaga amasomo agawerako okunnyikira, oba okunonyo ku by'okusoma ebirala, Abakulisitaayo basobole okuyigirizibwa mu mbeera zonna ezoogeddwa waggulu. (Endagiriro ez'oku mutimbagano ezikutuusa ku masomo g'abayigirizwa agoogeddwa wammanga awo gali mu kitundu ky'ekitabo kino mu Ebitabo Ebikozeseddwa.)

- **The Navigators** kirina amasomo abiri ag'obwereere ku mutimbagano: **"Discipling by God's Design"** (Navigators 2011a: *Discipling*)—Essomo lino litunuulira engeri abantu ba Katonda gye baayigirizibwagamu mu Ndagaano Enkadde ate ne mu biseera bya Yesu nga n'esubi ery'okutulunganya okusobola ate okufuula abalala abayigirizwa; ne **"Responding Biblically to Poverty, Corruption, and Injustice"** (Navigators 2011b: *Responding*)—Lino lye limu ku masomo g'abayigirizwa amatono nga litunuulidde ensonga z'ebizibu enkulu mu mbeera z'abantu ebyolekedde Abakulisitaayo b' Afirika (ababiri ku bawandiisi Bafirika). Omukutu gwa Navigators' balina munywanyi w'omukutu ogulimu ebikozesebwa ebijjuliza ku ssomo lya **"Responding Biblically to Poverty, Corruption, and Injustice"**, omuli eby'okusoma n'ebibuuzo eby'okukubaganyaako ebiwoozo ebikwata ku maka, ebintu, okwetowaza, obugumiikiriza, obumu, n'obulamu (Navigators 2016b: "Resources").
- **Equip Disciples** lyatandikibwawo okuliikiriza njiri eyagendererwamu okuzimba n'okutendeka bakulembeze Abakulisitaayo nabo basobole okutendeka abalala. Kikolera mu Buvanjuba bwa Afirika ne Costa Rica. Lirimu essomo eriyigiriza abayigirizwa eriyitibwa **"Theological Discipleship"** (Equip Disciples 2007-2010: *Theological*; Equip Disciples 2007-2008: *Worldview*). Amasomo agamu agaliwo gali mu **Luswahili** (Equip Disciples 2007-2009c, d: *Uanafunzi*) ne mu **Kinnyarwanda** (Equip Disciples 2007-2009a, b: *Inyigisho*). Omusomo guno guyigiriza omuntu enteekateeka ya Katonda, okutandika ne Katonda ne bye yatonda n'okumaliriza n'obwakabaka obugenda okujja. Essomo lino lisomesa ku mateeka ga Katonda ag'obulamu, Yesu nga eky'okuddamu, okutabagana, okuzuula enzikiriza enkyamu, okukula n'okulwana mu mwoyo, okutambulira mu kkubo lya Katonda mu kitundu, n'ekisa kya Katonda n'obuwanika bwaffe. Ekifuula omusomo guno okusikiriza kwe kuba nti gugendereddwaamu abantu abatali basomi okusinga. Awo nno, buli kitundu kirimu ekifaananyi ekizibu ate n'ekyangu eby'okusomako. Ebisomesebwa bino birimu engeri ez'enjawulo ez'okusomesaamu, ekigendererwa mu

buli kitundu, ensonga z'okusomesaako, Nge za Bayibuli, n'ebyawandiikibwa ebigererako, naye omulimo gw'okutegeka amasomo ga Bayibuli ne gusigalira basomesa ba ssekinoomu.

- **Christ in Life Ministries** erina amasomo g'abayigirizwa agawerako, omuli agasookerwako nga **“Living a Transformed Life in Christ”**, lino lya bitundu bina ebyogera ku ntambula yaffe ne Kristo. Ekitongole kirina n'amasomo agakwata ku bufumbo (**“The Key to a Christ-Centered Marriage”**), **“Healing the Wounded Heart”** kano kaakolebwa kuzzaamu ssuubi ery'okuwonyezebwa mu Bakulisitaayo abakoseddwa n'okubawa entegeera ey'omwoyo ey'amakubo ga Katonda agawonya, **“Living as a REAL Man in Christ”** lino lyogera ku bizibu abasajja Abakulisitaayo bye bayitamu, **“The Battle of the Mind”** likwata ku bukulu bw'endowooza zaffe n'engeri setaani gy'azirumbamu, ne **“Living From Christ in the Workplace”** eryogera ku nneyisa y'Abakulisitaayo nga bali ku mirimo. Amasomo ago gona gasangibwa ku ndagiriro eno: <http://www.christislifeministries.com/D0-DiscipleshipSeries.html>. Ennamika y'enkujjaana z'abayigirizwa ezikwata ku “kutambulira mu bulamu obukyusiddwa Kristo,” obufumbo, “n'Okubeera Omusajja owa Ddala mu Kristo” byonna biri ku ndagiriro eno: <http://www.christislifeministries.com/D4-Discipleship-studies.html>.
- **Discipleship.org** balina akatabo **“Discipleship Handbook”** nga kalimu ebintu ebikulu mukaaga ebikwata ku bulamu bw'omuyigirizwa: Yesu, ekigendererwa, enkolagana, Bayibuli, olugendo, n'okukubisaamu (Harrington and Patrick 2014: *Discipleship*).
- **Josiah Mission School**, ttendekero ly'ababuulizi ba njiri erisangibwa mu maserengeta ge Germany, lirina essomo ly'abayigirizwa lye baatuuma **“Discipleship in the End Times”** (Discipleship Course 2016: “The Lessons”) ekyo kyoleka emitendera ena egy'abayigirizwa: *Essomo erisooka* lyogera ku njiri etaggwaawo n'obumanyirivu bw'obulokozi okusobola okufuna okutegeera okw'ebuziba ku kukyuka kye ki n'engeri gye kukola mu nkola mu muntu. Kino era kibayamba okugabana amawulire amalungi n'abalala. *Essomo ery'okubiri* liyamba abayigirizwa okukula mu mwoyo. Litandika n'amasomo abiri agakwata ku kujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Ne liddako okulaga ensoma ya Bayibuli ey'omu n'engeri y'okubeera n'obulamu obw'amakulu obw'okusaba. Amasomo amalala googera ku ngeri ez'enjawulo eziwanguza Omukulisitaayo mu bulamu. *Essomo eryokusatu* lisimba essira ku kusomesa ennono enkulu mu kubuulira enjiri n'engeri y'okugabana Yesu mu mbeera y'omukwano (okubuulira mikwano gyaffe engiri). N'ekirala, litendeka engeri gy'otandikamu ebibiina by'ababuulizi ebitonotono n'okuyigiriza omuntu okwesomera Bayibuli. *Essomo eryokuna* linnyonnyola engeri y'okutegeerera ddala obulungi ekkubo ly'abayigirizwa. Ekigendererwa ky'essomo lino kwe kutendeka abantu okuyiga okwekubisaamu nga batandikawo ekibinja ky'abayigirizwa n'ekigendererwa eky'okuyisa abantu mu mitendera gyonna ena egy'abayigirizwa.
- **Core Discipleship** buno buweereza obwedigamiziddwa ku makkansa okutandikawo “ebibiina by'abayigirizwa ebikulu” by'abantu nga basatu oba bana (Core Discipleship n.d.: “Core 3 Strand”). Ekitabo kyabwe kye baatuuma **“Core Discipleship Group Workbook”** (Core Discipleship 3003: *Core Discipleship*) kiwa okulambika ku bibiina bino, koogera ku mitendera gy'obulamu obw'omwoyo, era n'amasomo mangi agakwata ku bitabo by'Endagaano Empya. Mulimu Emirimu n'ennyiriri z'okujjikirira Ebyawandiikibwa kitundu ku kkoosi eno ey'okufuuka abayigirizwa.
- **The Bridge** ye Kkanisa erongooseddwa. ey'obuminsani, era ey'okubuulira enjiri mu Sacramento, California. Balina ekitabo **“Discipleship Training Manual”** (Bridge 2013: *Discipleship*) nga kirimu ebitundu bina buli kimu nga kirimu amasomo mukaaga mu buli lusoma: *Essomo erisooka*-okugoberera Kristo (omuli enjiri, okwenenya n'okukkiriza, okutambulira mu kigambo, n'okusaba); *Essomo eryokubiri*- Okwagala Katonda (nga mw'otwalidde n'engeri za Katonda, okugondera Yesu, okuwangula ebikemo, n'okutambulira mu Mwoyo); *Essomo eyokusatu*-okukula mu kutya Katonda (omuli okukuzesa ebiseera, ensimbi n'okuba n'ebintu, n'okusonyiwa); *Essomo eyokuna*- okufuula abantu abayigirizwa (omuli ebikwata ku kusiiba, ebirabo eby'omwoyo, okubuulira enjiri, n'omuwendo gw'abayigirizwa). Buli ssomo lirimu ennyanjula, essomo lya Bayibuli, emitendera egimu egiyitwamu, n'ebyawandiikibwa eby'okwejjukanya.
- **Ambassador Church** kkanisa Mbuulizi ya njiri ku Bwereere mu Los Angeles, California Amakanda bagasimbye ku kubuulira njiri, obutasosola mu mawanga, n'okukubisaamu. Balina essomo **“Transformational Discipleship”** course (Ambassador Church 2010a, b, c: *Transformational*), nga likulungama mu kuyiga mu ngeri gy'ogobereramu Yesu okuyita mu Njiri ya Yokaana.
- **“The Gospel-Centered Life”** yo ekusomesa mu bibinja ebitono eby'amasomo mwenda nga kugendereddawamu okukuyamba okutegeera engeri enjiri gy'ekola buli kitundu ky'obulamu, nga kikubiddwa mu bibinja okwetoolola emiramwa esatu: Enjiri kye ki? (ekisenge ky'enjiri, okwefuula n'okukola, n'okukkiriza enjiri); Enjiri kiki ky'etukolamu? (etteeka n'enjiri, okwenenya, n'okusinza ebitaliimu); ate era Enjiri ekola etya mu ffe? (Obutume bw'enjiri, okusonyiwa, n'obutakkaanya). Endagiriro y'omusomi “Participant's Guide” nayo gisange ku mutimbagano (World Harvest Mission 2009: *Gospel-Centered*). Okulambika abakulembeze n'ebiy'okusomako byonna bigulire ku mukutu guno: <http://stores.newgrowthpress.com/the-gospel-centered-life/>. Ne bwe wataba nnambika ya mukulembeze, omukulembeze w'ekibiina ekitonotono alina okuba n'obusobozi okumanya ebitundu ebyetaaga okwekkeneenya. N'ekirala, ennambika y'abakulembeze eyitibwa **“The Gospel-Centered Life for Teens”** nayo kweri ku mutimbagano (Serge 2014: *Gospel-Centered*).
- **“Fill-in-the-blank” discipleship books:** Waliwo emisomo emirala egy'abayigirizwa egiwerako egisangibwa mu mutimbagano egiyinzwa okukozesebwa mu kusoma okw'omuntu ssekinoomu oba mu bibinja ebitono. Emisomo gino geetaaga okusoma era girimu enkola eya “jjuzamu ekibulamu” oba ebibuuzo ebyetaaga okwanukula. Mu bino mulimu: **“Kaakano nga bw'okkiriza”** (West Highland n.d.: *Now That You Believe*);

“Obuyigirizwa obw’okubuulira enjiri” (Discipleship Evangelism n.d.: “Discipleship”); **“Okumanya Katonda : Enasomo g’abakkiriza abaggya”** (Rock Church n.d.: *Knowing*); **“Emisingi gya Bayibuli eri abakkiriza abapya”** (Bearing Precious Seed Canada n.d.: *Bible*); **“Eby’okwegeezamu oba dduyiro w’obuyigirizwa Amakumi asatu”** (Billy Graham 1998: *Thirty*); **“Obuyigirizwa bwa omu ku omu”** (Trinity Center 2014: *One to One*); **“Omulimu gw’Obulamu okuyiga Bayibuli”** (Disciple Nations Alliance 2009: *Lifework*); **“Obuyigirizwa mu kyaasa ky’abiri mw’ekumu”** (Global 2008a [“Okutandika”], 2008b [“Okukola ku nsonga”], 2008c [“Okukolawo enjawulo”]); **“Yiga. Ssomesa. Kola”** (Rapidly Advancing Disciples 2014); and **“Akatabo ka Enjigiriza ya Bayibuli**